‘Bbayibuli

Omuyiglrizwa Okuyigiriza

[Discipleship Evangelism]

48 Lesson course – 3 lessons

By Andrew Wommack & Don W Krow

Andrew Wommack Ministries

Woodland Park Colorado

Omutendera 1.
Essomo 1.

OBULAMU OBUTAGWAWO.

Bya Andrew Wommack.

Olumu ku nyiriri ezimanyidwa mu byawandikibwa ye **Yokaana 3:16.** Kilabika nga buli muntu amanyi olunyiriri olwo okuva obuto bwe kyoka nga nzikiriza mu butuufu lulabika lwategerebwa bulala era ne lukozzesebbwa bulala. **Yokaana 3:16.** *"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi n'okuwayo n'awayo omwanawe omu yekka, amukirizza aleme okubula naye abeere n'oblamu obutagwa."*

Bulijjo ekyawadikibwa kino kikozesebwa okusomesa nti Yesu yajja naafa ku lw'ebibi byaffe, ffe tuleme okuzikirila. Amazima g'akyo nga bwe kiri, olunyiriri luno lugamba nti omugaso gwenyini ogw'okujja kwa Yesu Kristo ku nsi eno n'okutufirila guli nti ffe tusobole okufuna obulamu obutagwawo. Kino kyabaawo lwa nsonga nti ebibi byaffe byali byafuuka omuziziko ogwayimililawo wakati waffe n'obulamu obutagwawo.

Kituufu nti Yesu yaffa ku lw'ebibi byafe ela kituufu nti bwe tukkiriza Yesu tetulizikilila, naye ate kirimu bingi okusinga kw'ekyo. Obubaka bwenyini obw'ejiri buli nti, Katonda ayagala okukuwa obulamu obutagwawo. Kati kanyinyonyole ekyo.

Ekiro kiri nga tannaba kukomerelwa, Yesu yali asaba n'ayogera bwati, "buno bwe bulamu obutagwawo, bakumanye gwe wekka Katonda ow'amazima, ne Yesu Kristo."

Kino kitegeeza nti obulamu obutagwawo kwe kumanya kitaffe Katonda ow'amazima yekka n'okumanya Yesu Kristo oyo gwe yaweereza. Obwo bwe bulamu obutagwawo. Abantu bangi balowoza nti obulamu obutagwawo kwe kuba omulamu emirembe n'emirembe. Omuntu bw'afa n'olowoza nti affiridde ddala takyaliwo, obera okitegedde bulala. Omwoyo n'emeeme biddayo eri Katonda. Omubiri guvundira mu ntaana. Amazima gali nti buli muntu eyali abaddeko ku bwenyi bw'ensi ajja kw'eyongera okuba omulamu munsi ey'omwoyo. N'ensonga eyo okugamba nti obulamu obutagwawo kwe kubeera omulamu emirembe gyonna si ge mazima ggonna. Bbuli muntu abeerela. Luno olunyiriri lukilambulula bulungi nti obulamu obutagwawo tebuweebwa buli omu.

Abantu abamu bayinza okugamba, "obulamu obutagwawo kwe kubera mu ggulu emirembe n'emirembe oba okubeera mu ggeyeena emirembe n'emirembe, " naye obulamu obutagwawo bw'ebwo Yesu bwe yayogerako mu **Yokaana 17:3** okumanya Katonda ne kristo we. Kino kissukkuluma ku kumanya okw'abagezigezi. Ekigambo kino "OKUMANYA" kikozesebwa mu byawandiikibwa okunyonyola enkolagana ey'omukago omuntu gy'ayinza okuba nayo ne munne.

Omugaso gw'obulokozi ddala si kwe kubeera mu ggulu emirembe n'emirembe, newankubade ekyo nakyo kiriba kikulu. Omugaso omukulu ogw'obulokozi kwe kubeera n'omukwano ogw'ensibo y'enkolagana yo ne mukama Katonda. Waliwo abantu banji

nyo abakaabiridde Katonda abasonyiwe ebibi byabwe naye nga tebabeeranga na kiruubililwa kya kubeera mu mukwano ne Katonda.

Bwe tutanyonyola mugaso gwa bulokozi, enjiri tuba tujijungulula. Bwe tulaga nti obulokozi ky'ekintu ekikwata ku bintu eby'omwoyo ebinatugasa mu biseera eby'omu maaso, eby'oluberera, tuba tetuyamba Bantu. Eriyo abantu abali mu mbera ya ggeyeena kati kunsi. Bangi banyigilizibwa nga bali mu bwavu, nga banyikaavu, baagaanibwa, balumizibwa n'okulemerelwa mu bufumbo. Abantu bagezaako bugeza okuba abalamu buli lunaku. Emitwe gyabwe bagikuumidde wagulu w'amazzi. Olw'okufuula obulokozi ekintu ekikwata ku by'omu maaaso, abantu bajja kuva ku kusalawo okwo kubanga bamalibwawo emirimu nga bagezaako okw'etaasa olwaleelo.

Amazima gali nti Yesu teyajja kukoma ku magenda gaffe ag'olubeerela nti tubere mu ggulu emirembe n'mirembe, mu mukisa, mukifo ky'ekibonerezo n'ekikolimo ekya ggeyeena, wabula Yesu yajja okutusumulula okuva mu nsi eno embi. (**Bagalatiya 1: 4**). Yesu Kristo yajja okutuwa omukwano awamu n'enkolagana ne Katonda kitaffe .

Yesu yajja okkukomyawo okumpi mu nkolagana naye. Yesu akwagala. Yesu ayagala okukumanya gwe nga ssekinoomu.Yesu ayagala okukuwa obulamu obulungi obusinga ekintu kyonna ky'oyinza okufuna mu makubo amalala gona.

Yesu yayogera bwati mu **Yokaana 10:10.** "*Omubbi [ng'ayogera ku setaani] tajja wabula okubba, okutta n'okuzikiriza: nzize zibeere n'obulamu, zibeere nabwo mu bujjuvu."* Katonda ayagala okukuwa obulamu obutagwawo. Katonda ayagala okukuwa obulamu mu bujjuvu ela nzikiriza nti ekyo okyetaaga leero era okyagala. Kristo yafa ssi kukusonyiwa bibi kyokka, naye n'okukusembeza gyali ye. Bw'oba nga tomanyi mukama, weetaaga okumumanya olw'ensonga eyo. Bw'oba obadde nga walokoka, weetaaga okussukuluma ku ky'okusonyiyibwa ebibi kyokka, oyingire mu bulamu obutagwawo ne kitaffe.

Ebikulu ebikwata kubulamu obutagwawo.

A. Omugaso gw'enjiri bwe bulamu obutagwawo.(Ykn3:16).
B. Obulamu obutagwawo kwe kumanya Katonda. (Ykn17:3).
C. Okumanya Katonda y'enkolagana ne Katonda ey'omukago. (1Bakkolinso 6:16-17)
D. Obulamu obutagwawo weebuli kati.(1Yokaana 5:12)
E. Katonta ayagala nyo okukolagana naawe gwe nga ssekinoomu.(kubikulilwa 3:20)

Ebibuuzo ebyobuyigirizwa.

1. Soma Yokkana 3:16. Kyali kigasaaki Katonda okuweereza Yesu munsi?

---.

2. Enkozesa y'ekigambo okumanya mu bayibuli kitegeeza okubeela n'enkolagana ey'omukago n'omuntu (Luberyeberye 4:1). Soma Yokaana 17:3. obulamu obutagwawo kyekiki okusinzila ku kyawandikibwa kino?----------
---
3. Soma Yokaana 5:11-12. Okusinziira ku nyiriri zino obulamu obutaggwawo butandika ddi?----------
---
4. Soma Yokaana 10:10. Bulamu kikaaki Yesu bweyaja okutuwa?----------
---

5. Nyonyola mu bigambo byo obulungi bw'obulamu obutagwawo. ----------
---

6. Okiriza nti Katonda yaweereza omwana we omu yekka munsi okufa ku lw'ebibi by'ensi, mungeri eyo ffe abakiriza ng'atuwa obulamu obutagwawo?----------
---

7. Kitegeerekeka gy'oli nti obulamu obutagwawo si buwanvu bwa kiseela wabula bulamu obusinga ate nga bungi?----------
---

Ebyawandikibwa ebyokukozesa mu bibuuzo.

1. *Yokaana 3:16 "katonda bwati bweyayagala ensi, n'okuwayo n'awayo omwanawe omu yekka, buli amukiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutagwawo."*
2. *Luberyeberye 4:1. "adamu n'manya mukaziwe Eva, n'aba olubuto, n'azaala Kayini naayogela nti mfunye omuntu okuva eri mukama."*
3. *1Yokaana5:11-12. "era , nti Katonda auno bwe bujulizi, nti Katonda yatuwa obulamu obutagwawo era obulamu buno buli mu mwana we. Oyo alina omwana alina obulamu, era n'oyo atalina mwana wa Katonda talina bulamu."*
4. *Yokaana 10"10. "Omubbi tajja wabula okubba ,n'okutta era n'okuzikiriza,naye nzize zibeere n'obulamu, zibeere nabwo mubujjuvu."*

Okuddamu ebibuuzo.

1. Soma Yokaana 3:16. Kyali kigasa ki Katonda okuweereza Yesu ku nsi?
   Kulokola nsi nga awa abo bonna abakiriza obulamu obutagwawo nga abajjako okubonerezebwa olw' ekibi.

2. Enkozesebwa y'ekigambo "kumanya" mu bayibuli kitegeeza okubeera n'enkolagana eya nammaddala n'omuntu.(Luberyeberye 4:1). Soma Yokaana 17:3. Obulamu obutagwawo kyeki, okusinzila kulunyiriri luno? **Obulamu obutagwawo kwe kumanya Katonda ow'amazima ne Kristo we (ssi bya kwelaga bwelazi naye omukwano ogwa namaddala.)**

3. Soma 1Yokaana 5:11-12, Okusinzila ku nyiriri zino obulamu obutagwawo butandika ddi? **Bwe twetwalila omwana (Yesu Kristo) mubulamu bwafe.**

4. Soma Yokaana 10:10. Yesu yajja kutuwa bulamu kika ki? **Obulamu mubujjuvu.**

5. Nyonyola mu bigambobyo ebilungi ebiva mubulamu obutagwawo. **Obulamu obujjuvu bwanjawulo nyo kw'ekyo omubbi kyeyajja okukola.**

6. Okurizza nti Katonda yaweereza Yesu ku nsi afirile ebibi by'ensi mu ngeri eyo ffe abakiriza atuwe obulamu obutagwawo? **Weewaawo.**

7. Kitegeerekeka gyoli nti obulamu obutagwawo ssi buwanvu bwa kiseera wabula bulamu obusinga ate nga bungi? **Wewawo**

Omutendera 1
Essomo 2.

OBULOKOZI OLW'EKISA.
Bya Don Krow.

Emirundi mingi Yesu yagereesanga oba yageranga engero, ezanyonyolanga amazima ag'Omwoyo. **Lukka 18:9-14** lutandika, "N'ayogela olugero luno eri abamu abaali beesiga obutuukirivu bwabwe bo ne banyooma abalala." Yesu yali asonze mu kabondo k'abantu abamu: abo abaali beesiga nti bbo baali batuukirivu ne banyooma era ne bayisa amaaso mu buli muntu yenna omulala. Olugero luno yalugamba abantu abo abeesiganga ebikolwa byabwe bbo. Tuyinza okukiyita obutuukirivu obwemanye, ekyo nga Yesu Kristo kye yali ayogerako bwe yagamba nti baayisangamu amaaso buli muntu yenna omulala nga bagamba, "Nze nkusinga!"

Mu lunyiriri 10, agamba, "Abasajja babiri baagenda mu yeekaalu okusaba; omu nga mufalisaayo omulala nga muwooza."olwaleelo tuyinza okugamba nti baagenda mu kkanisa okusaba, ng'omu mufalisaayo. Omufalisaayo ono yali munna diini nyo. Amakulu g'ekigambo kino ddala kitegeeza, "omwawule," omuntu eyali omutuukirivu enyo nga mw'ekyo yateegezanga bwati "tonyonoona! Tonsemberela nyo! Siringa bali abalala! Nsinga buli muntu yenna!" Omusajja omulala Yesu gwe yayogerako ye muwooza. Omuwooza yabanga mukuganya wa musolo ela yalabibwanga ng'omubi, omwonoonyi eyabbanga n'okulyanga enguzi ku bantu. Baakuganyanga omusolo mungeri yonna gye baasobolanga, ensawo zaabwe ne zibwegera ensimbi ela ezimu ne baziwanga abafuzi abakulu mu gavumenti ya Looma, n'ensonga eyo tebaaganja mu Bantu.

Olugero lweyongerayo mu lunyiriri 11, *"omufalisaayo naayimilila naasaba nga yeesabila; Katonda nkwebaza kubanga siringa bali abasajja abanyazi, aboonoonyi, abenzi oba nga n'ono omusjja omuwooza ali wano."* Njagala omanye kino. Yali asaba ani? Yali yeesaba ye yenyini newakubadde yayogera ekigambo "Katonda" ela n'akozesa ebigambo ebituufu. Katonda yali tafa na ku ssaala ye ela mu maaso tujja kulaba lwaki ekyo kyali bwekityo. Manya kino nti yasaba, "Katonda nkwebaza, siringa bali abalala." Omufalisaayo ono omunaddini yagamba nti siringa bali abasajja abalala. Ssiri mwononyi. siri munyazi, omukozi w'ebibi, siri mwenzi ela siri nga ono omuwooza ali wano eyazze okusaba." Okilaba, yanyoma n'ayisa amaaso mu muwooza kubanga yalowoza nti yaasiga.

Mu lunyiriri 12, Omufalisaayo yagamba, "*nsiiba emirundi ebiri mu wiiki, ela mpayo ekimu ekye kkumi ku buli kye ninna*." Yali agamba, "Omanyi by'enkola?" Omanyi kye kitegeeza okusiiba? Kitegeeza kw'esonyiwa mmere. Yawangayo ne sente mu kkanisa. Yali omu kw'abo abagamba, "Tonsumbuwa! Mpayo eri abeetaaga! Emanga ku kkanisa mpayo sente!"

Kati ate ne tujja tulaba omuwooza mu 13. " *Awo, omuwooza, ng'ayimiridde walako, nga tasobola na kuyimusa maaso ge eri eggulu naye ne yekuba mu kifuba ng'agamba, "ayi Katonda onsaasire nze omwonoonyi."* Kimanye nti omubirigwe gwogela: "ng'ayimiridde

wala." Teyayingila na munda nyo mu kkanisa. Yali aswala mu bulamubwe ate era n'olw'ebintu bye yali akoze n'atasobola na kuyingira munda nyo mu kanisa kyoka era n'atasobola kutunula waggulu, amaaso ge n'atagasitula eri eggulu, wabula ne yeekuba mu kifuba. Bayibuli bw'eyogela ku kwe kuba mukifuba mundagaano enkadde emirundi mingi n'engoye zaabwe baziyuzanga, mungeri eyo nga bagamba, "Gunsinze, Katonda nsonyiwa olw'ekyo kye nkoze!" Kaali kabonero ka kwenenya, omutima ogubooneredde, emeeme emenyese, ogwo Katonda gw'ataagayanga. "*Katonda onkwatilwe ekisa nze omwonoonyi!"*

Olwe 14 lugamba, *" omusajja ono yaddayo eri enju ye ng'ajjidwako ebibi bye okusinga oli omulala: kubanga oyo ey'egulumiza alitoowazibwa ate n'oyo eyetoowaza aligulumizibwa."* Omuwooza yaddayo nga ajjidwako ebibi era ng'aweredwa obutuukilivu mu maaso ga Katonda era ng'ewa Katonda akilizidwa okw'etuukila nga bwali, ng'asonyiyidwa Katonda. Lwaki yasonyiyibwa? Lwaki yaddayo ewakawe nga aweeredwa obutuukilivu mu maaso ga Katonda ekyo ne kitaweebwa munnaddini oli Omufalisaayo? Kubanga omufalisaayo y'egulumiza ng'agamba, "nze nsinga abantu abalala! Siri mwonoonyi! Siringa bali abasajja abalala," kyokka ate omuwooza yamanya nti simutuukirivu mu maaso ga Katonda, nga talina na ky'ayinza kumuwa. Yali mwononyi. Bayibuli eganba Yesu teyajja kulokola batuukirivu naye abonoonyi, era fenna twayonoona ne tuva mu kitiibwa kye. Omuwooza ono y'etowaza n'asonyiyibwa ebibi bye.

Twogera ku bulokozi bwe tufuna olw'ekisa. Ekisa kigambo kisufu ela ngenda kuwa enyinyonyola ekkilizibwa ey'ekyo kye kitegeeza, naye kitegeeza bingi n'okusingawo. Mu lulimi oluyonaani endagaano empya mwe yawandiikibwa, ekisa kye kigambo ***Charis***. Enyinyonyola ekilizibwa yeeno," ekisa kwe kuganja okw'obuwa(kwe tutakoleredde) Katonda kw'awa abantu nga te kubagwanila. Omuwooza yali talina ky'agwanira kufuna kuva eri Katonda, naye yafuna okuganja mu maaso ga Katonda kuba yeetoowaza. Waliwo ekigambo ekilala muluyonaani ***karisma (charisma)*** *nga kye kigambo karisi nga ky'ongedwako* ***ma*** ku nkomerelo. Kitegeeza nti ekisa kya Katonda eri omusajja ono omuwooza kirina engeri gye kyatekebwa mu nkola n'ajjibwako ebibi n'asanyizibwa mu maaso ga Katonda ng'ekilabo.

Baruumi 5:17 egamba, " *oba nga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwabuna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu tebalisingawo nyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"* Katonda gwe nange atuwa buwa okukirizibwa okugenda gy'ali nga bwe tuli ng'ekilabo ela okusinzila ku lugelo, omuwooza yafuna ekilabo eky'okujjibwako ekibi, ekilabo ekyo eky'obutuukilivu ekijja okuyita mu Yesu Kristo. Mu **Yokaana 1:17** egamba "*etteeka lyawebwa Musa naye ekisa n'amazima byajja lwa Kristo Yesu."* Ekisa kino kiweebwa ekika ky'omuntu omu - abo abeewombeka nga bamanyi tebatuukilidde mu maaso ga Katonda, abakaabirila ekisa kya Katonda. Abantu be balifuna okusasilwa kwa Katonda era ne basonyiyibwa.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma luka 18:9. Olugero lwa Yesu kye ki?----------
2. Soma Luka 18:9 Mu lugero luno Yesu yali asonze mu b,ani?----------
3. Soma Luka 18:9 (ekitundu ekisembayo eky,olunyiriri). Abantu abeemanyi obutuukilivu balina endowoza gye balaga eli abalala. Okusinziila ku Luka 18:9, endowoza eno yeeluwa (sazaako)
    a. baagala abalala.
    b. Banyooma banaabwe oba okubayisaamu amaaso.
    c. Baagala banaabwe.
4. SomaLuka 18:10. Abantu babiri baagenda okusaba; mu njogela ya leelo baagenda wa okusaba?----------
5. Soma Luka 18:10. Abantu bano bali baani?----------
6. Soma Luka 18:11. omufalisaayo yasaba saalaki?----------
7 Soma Luka 18:12. Okusiiba kitegeezaaki? ----------
8 Soma Luka 18:12. Okuwa ekimu eky'ekkumi kitegeezaaki?----------
9 Soma Luka 18:13. Omuwooza yali ayimiriddewa?-------- Lwaki?--------
10 Soma Luka 18:13. Lwaki omuwoza yatunuza omutwe gwe wansi n'atatunula waggulu? ----------
11 Soma Luka 18:13. Omuwooza ono esaalaye yali kki?----------
12 Soma Luka 18:14. Kubassajja bano bombi, ani yalangililwa okuba omutuukilivu ng'azzeyo eka.?----------
13 Soma Luka 18:14. Lwaki omuwooza yalangililwa okuba omutuukirivu ate ne kitaba bwe kityo eri omufalisaayo?----------
14 Soma Luke 18:14. Omusajja ono omuwooza, Katonda yamusonyiwa?------
15 Soma Baruumi 10:13. Singa saawa eno okka ku maviivi go n'osaba Katonda okuva ku mutimagwo, "Katonda onsaasire nze omwonoonyi." Katonda ayinza okukuyisa nga bwe yayisa omuwooza?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

1. Luka 18:9. *"N'ayogera olugero luno eri abo abaali beemanyi obutuukirivu, nga banyooma abalala."*
2. Luka 18:9. *"N'ayogera olugero luno eri abo abaali beemany obutuukirivu,*
   nga banyooma abalala."
3. Luka 18:9.(akatundu akasembayo mulunyiri luno)*"n'ayogera olugero luno eri abo abaali beemanyi obutuukirivu,nga banyooma abalala."*
4. Luka 18:10. " *Abasajja babiri baagenda mu yeekalu okusaba; omu Mufalisaayo omulala muwooza."*
5. Luka 18:10. " *Abasajja babiri baagenda mu yeekalu okusaba; omu mufalisaayo omulala muwooza."*
6. Luka 18:11. *"Omufalisaayo naayimirila naasaba nti Katonda nkwebaza kubanga siringa basajja balala, abanyazi,abakola ebibi,abenzi oba nga ono omuwooza.*
. 7. Luka 18:12. "*Nsiiba emirundi ebiri mu wiiki ,ku buli kyenfuna mpayo*

ekimu ekyekkumi."

8. Luka. 18:12. "*Nsiiba emirundi ebiri mu wiiki,ku buli kyenfuna mpayo ekimu ekyekkumi."*
9. Luka 18:13. "*N'omuwooza nga ayimiridde walako, nga tasobola kuyimusa maaso ge waggulu eri eggulu, naye neyeekuba mukifuba nga agamba , Katonda onsasire nze omwonoonyi."*
10. Luka 18:13. "*N'omuwooza nga ayimiridde walako, nga tasobola kuyimusa maaso ge waggulu eri eggulu, naye neyeekuba mukifuba nga agamba , Katonda onsasire nze omwonoonyi."*
11. .Luka 18:13. "*N'omuwooza nga ayimiridde walako, nga tasobola kuyimusa maaso ge waggulu eri eggulu, naye neyeekuba mukifuba nga agamba , Katonda onsasire nze omwonoonyi."*
12. Luke 18:14. *"Mbagamba nti omussajja ono yaddayo munjuye nga ajidwako ebibibye okusinga oli omulala: kubanga oyo eyegulumiza alitoowazibwa; n' oyo eyetowaza aligulumizibwa."*
13. Luke 18:14. *"Mbagamba nti omussajja ono yaddayo munjuye nga ajidwako ebibibye okusinga oli omulala: kubanga oyo eyegulumiza alitoowazibwa; n' oyo eyetowaza aligulumizibwa."*
14. Luke 18:14. *"Mbagamba nti omussajja ono yaddayo munjuye nga ajidwako ebibibye okusinga oli omulala: kubanga oyo eyegulumiza alitoowazibwa; n' oyo eyetowaza aligulumizibwa."*
15. Romans 10:13. *"Kubanga buli aliyita erinya lya mukama alilokolebwa." 1Yokaana 1:8-9"[8]bwetugamba nti tetulina kibi tuba twelimba fekka era nga n'mazima tegali muffe. [9] bwe twatula ebibi byaffe mwesigwa era waamazima okutusonyiwa ebibi byaffe, era n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwaffe."*

Okulungamizibwa mukuddamu ebibuuzo.

1. Soma luka 18:9. Olugelo lwa Yesu kye ki? **Olugero lwa bayibuli lwe lugero olulaga amazima agomwoyo.**
2. Soma Luka 18:9 Mulugelo luno Yesu yali asonze mu baani? **Eri abo abeesiga obulamu bwabwe bbo nti butuukilidde, mukyo nga obutuukilivu bwabwe babukoleledde.**
3. Soma Luka 18:9 (ekitundu ekisembayo eky'olunyiriri). Abantu abeemanyi obutuukilivu balina endowoza gye babikula eli abalala. Okusinziila ku Luka 18:9, endowoza eno yeeluwa (sazaako) **Banyooma banaabwe oba okubayisaamu amaaso.**
4. Soma Luka 18:10. Abantu babiri baagenda okusaba; munjogela ya leelo baagenda wa okusaba? **Mu kkanisa.**
5. Soma Luka 18:10. abantu bano bali baani? **Omufalisaayo n'omuwooza.**
6. Soma Luka 18:11. omufalisaayo yasaba saalaki? **Katonda, nkwebaza kuba siringa abasajja abalala(siri mwonoonyi). Siri munyazi, atali mwenkanya, omwenzi oba nga omuwooza ono.**

7. Soma Luka 18:12. Okusiiba kitegeezaaki? **Kwe kumala akabanga akaere nga tolidde mere nga oli mu kusaba.**

8. Soma Luka 18:12. Okuwa ekimu eky'ekkumi kitegeezaaki? **Kwe kuwa ekitundu kimu kya kkumi ku byofunye/amagoba.**
9. Soma Luka 18:13. omuwooza yali ayimiriddewa? **Walako** Lwaki? **Yali aswala okuyingila munda mu kkanisa (yeekaalu) kuba yali mwonoonyi lukulwe, yensonga lwaki yasigala wabweru.**
10. Soma Luka 18:13. lwaki omuwoza yatunuza omutwegwe wansi n'atatunula waggulu? **Yali aswadde. Wali okoze ensobi n'otayagala kutunula muntu mumaaso?**
11. Soma Luka 18:13. Omuwooza ono esaalaye yali kki? **Katonda onsaasire nze ndi mwonoonyi.**
12. Soma Luka 18:14. Kubassajja bano bombi, ani yalangililwa okuba omutuukilivu nga azzeyo eka.? **Omuwooza**
13. Soma Luka 18:14. Lwaki omuwooza yalangililwa okuba omutuukirivu ate nekitaba bwekityo eri omufalisaayo? **Kubanga yetowaza mu maaso ga Katonda. Omufalisaayo yali ajjudde amalala. Teyakilowooza nti yali yeetaaga omulokozi.**
14. Soma luke 18:14. Omusajja ono omuwooza, katonda yamusonyiwa? **Yye.**
15 Soma Baruumi 10:13. Singa essaawa eno okka ku maviiviigo n'osaba Katonda okuva ku mutimagwo, "Katonda onsaasire nze omwonoonyi." Katonda ayinza okkuyisa nga bwe yayisa omuwooza? **Weewaawo.**

Omutndela ogusooka
Essomo 3.

OBUTUUKIRIVU OLW'EKISA.

Olwaleelo tugenda kulaba ku ssomo eliyitibwa obutuukirivu ol'ekisa. **Baruumi 3:21-23** egamba, "*naye kaakano obutuukirivu bwa Katonda bumaze okulabisibwa awatali mateeka. Nga kya kakasibwa amateeka ne ba nnabbi: era n'obutuukirivu bwa Katonda obuli mu ku kkiriza Yesu Kristo kw'abo era neri bonna abakiriza.* [kino kikulu] kubanga bonna bayonoona, [ne bagwa] ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."

Kimanye nti ekyawandikibwa kino kigamba, "kaakano obutuukirivu bwa Katonda awatali mateeka bulabisidwa." Lumu nabuuza omussajja nti,"olowoza oyinza kukola ki okutuuka mu ggulu?" n'addamu nti atekwa okukuuma amateeka ekkumi, nga mwesigwa eri mukazi we, nga yeyisa bulungi mpozi n'ebilala bwatyo. Ne mugamba, "omanyi ky'olina okukola okusobola okugenda mu ggulu, mu kuberawo kwa Katonda, mu bwakabaka bwe? Walibadde obeera n'obutuukirivu obw'enkanankana n'obutuukirivu bwa Katonda." N'angamba, "damu mpulire? Teri muntu n'omu asobola kubeera na butuukirivu obwenkana n'obwa Katonda. Omusaja ali omu eyalina obutuukirivu obwo ela oyo yali Yesu Kristo!" Ne mugamba, "oli ku mulamwa! Ekyo kituufu ddala! Tewali n'omu kuffe eyali yeekuumye mateeka oba ebilagiro bya Katonda nga bwe kitugwanila ka wabe wabweeru wa bulamu bwaffe oba munda waffe, naye ate twetaaga obutuukirivu obwenkana n'obwa Katonda ffe tusobole okukkirizibwa gy'ali."

Bw'ekityo bwe kiri ddala mu nyriri 21-22, "*naye kaakano obutuukirivu bwa Katonda awatali mateeka bulabisidwa (butuweeredwa) era obutuukirivu bwa Katonda obwatuweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo eri bonna era ku bonna abakiriza…."* Ekika ky'obutuukirivu Katonda bw'atuwa gwe nange bwe butuukirivu okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo,"era kiweebwa abo bonna bonna abakkiriza. Waliwo obutuukirivu bwa bika bibiri—obutuukirivu obw'omuntu n'obutuukirivu obwa Katonda. Obutuukirivu obw'omuntu ye muntu okufuba okw'eyisa obulungi n'emirimu emirungi gy'akola, naye ebyo tebikuretera kukkirizibwa eri Katonda. Weetaaga obutuukirivu obwenkana n'obwa Katonda era kati abukuwa… obutuukirivu bwa Katonda awatali mateeka.

Mu Luyonaani, tewaliwo kilaga nti Katonda atuwa obutuukirivu bwe awatali mateeka. Obutuukirivu obusinziila ku mateeka bwe butuukirivu obw'okukola, okufuna n'okubaako ky'olaga osobole okukkirizibwa Katonda. Ensi yona erina endowoza ey'eddiini nti olina kukola, ofune ng'olina ky'olagawo olwo okirizibwe mu maaso ga Katonda. Ekigambo "njiri" kitegeza "amawulile amalungi."ate amawulire amalungi agali mu njiri ge gano nti Katonda awayo obutuukirivu bwe ye n'okukirizibwa eri abo abalikkiriza ekyo Yesu Kristo kye yabawa — okufa kwe kumusaalaba olw'ebibi byaffe n'atubalilako obutuukirivu bwe nga tatutaddeeko mateeka. Buno bwe butuukirivu bwa Katonda nga tekuli mateeka, nga tetulina kye tukoze, oba kye tufunye yadde ne kye tulagawo, era bujja lwa kukkiriza Yesu Kristo.

Mu lwa 22 kino kimanye nti buba butuukirivu bwa Katonda okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo eri bonna era kw'abo bonna. Lwaki Katonda obutuukirivu abuwa buli omu? " nti kubanga tewali njawulo kuba bonna baayonoona ne bagwa ne batatuuka ku kitibwa kya mukama. Wayonoona, nayonoona ne tugwa okuva ku mutindo n'okutuukirizibwa kwa Katonda. Olw'ekibi, ekintu ekisinga kye twetaaga kwe kukkirizibwa, enkolagana entuufu era n'okugenda eri Katonda nga bwe tuli… era Katonda kino akituwadde sikuyita mu bye tukola nga tugoberela amateeka naye okuyita mu ku kkiriza Yesu Kristo. Obutuukirivu bwa Katonda tebujja lwa kukola nyo, okugezaako oba olw'engeri gy'ogezaako okubako w'otuuka; kujja okuyita mu kukkiriza, okwesigama n'okuyimirila ku mukama waffe Yesu kristo.

Ibulayimu taata wa ba jjajja b'abayudaya yalokoka atya? Bayibuli egamba yakkiriza. Yakkiriza Katonda— yakkiriza ekisuubizo Katonda kye yamuwa—er'obutuukirivu ne bumubalilwako. Eky'okulangirila Ibulayimu okubeera omutuukirivu mu maaso ga Katonda okuyita mu kukkiriza kwe tekyali kikye yekka. Kye tusoma mu baruumi 3:21-23, nti omuntu alangilirwa okubeera omutuukirivu okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo. Bayibuli egamba nti olw'okusasula Kristo kwe yakola ku musaalaba bwe yayiwa omusayi gwe ku lwaffe, obutuukirivu (okuba nga bwe tuli) bunaatekebwa ku mbalilila y'oyo yenna akkiriza Kristo.

Baruumi 5:17 egamba, " *oba nga olw'omusango gw'omuntu omu okufa kw'afuga, abaweebwa ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekilabo ekyobutuukirivu tebalisingawo n'okufuga mubulamu obwabaweebwa Kristo omu yekka?"* Katonda okuwa ekilabo eky'obutuukirivu, ekirabo eky'okugenda gy'ali nga bw'oli. Ekirabo kisasulilwa naye si eri oyo akiweebwa. Bw'ompa ekirabo n'ongaba nkisasulile olwo ekyo tekiba kirabo, naye ate nga okisasulidde. Katonda yawayo obutuukirivu bwe kululwo nange ng'ekirabo era n'ekirabo kino eky'obutuukirivu, nga tugibwako omusango,n'okugenda eri Katonda nga bwe tuli bijja olw'okukkirizza Yesu Kristo.

Ebibuuzo ebyobuyigirizwa.

1. Soma Tito 3:5. Obutuukirivu bwe twetaaga bw'ebwo bwe twekolera?----------
   ----
2. Soma 2Bakkoliso 5:21. Twetaaga butuukirivu bwa kika ki?----------
   ----
3. Soma Baruumi 3:22. Obutuukirivu tubufuna tutya?----------
   ----
4. Soma Bafiripi 3:9. Obutuukirivu obw'amateeka kye kiki?----------
   ----
5. Soma Bagalatiya 2:21. Ngeri ki gye tufuula ekisa kya Katonda ekitagasa?---------
   ----
   --
6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bwa Katonda tubufuna nga ki?----------
   ----

Ebyawandikibwa ebykukozesa mubibuuzo.

1. Tito 3:5. *"n'atulokola ssi lwa bikolwa eby'omubutuukirivu bwaffewabula olw'okusaasila kwe mukunaazibwa mukunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubire n'okufuulibwa abajja olw'omwoyo omutukuvu."*
2. 2Bakkolinso 5:21. *"oyo ataamanya kibi yafuulibwa ekibi kulwaffe ffe tufuulibwe obutuukirivu bwakatonda mu yye."*
3. Baruumi 3:22. *"era n'obutuukirivu bwakatonda obutuwebwa olwokukkiriza yesu Kristo eri bonna era ne ku bonna abamukkiriza kuba tewali njawulo."*
4. Bafiripi 3:9. "*ndabikire mu yye ngasirina butuukirivu bwange kubwange,obuva mukukwata amateekawabula nga nnina obutuukiirivu obuva mu kukkirizza Yesu Kristo era obuva eri Katonda obwesigsmye kukukkiriza."*
5. Bagalatiya 2:21. *"ssidibya kisa kyakatonda, naye oba nga obutuukirivu buva mumateeka, nga kristo yafiila bwerere."*
6. Baruumi 5:17. *" oba nga olw'omusago gw'omusajja omu okuffa kwafuga wonna abaliweebwa ekisa kyakatonda mubujjuvu n'ekirabo ekyobutuukirivu tebalisinga nyomukufugira mubulamu olwomusajja omu Yesu Kristo?"*

Ebyokuddamu.

1. Soma Tito 3:5. Obutuukirivu bwe twetaaga bw'ebwo bwe tukoze? **Nedda.**
2. Soma 2Bakkoliso 5:21. Twetaaga butuukirivu bwa kika ki? **Obutuukirivu bwa Katonda(obujja okuyita mukukkiriza Yesu Kristo.)**
3. Soma Baruumi 3:22. Obutuukirivu tubufuna tutya? **Okuyita mukukkiriza Yesu Kristo.**
4. Soma Bafiripi 3:9. Obutuukirivu obw'amateeka kye kiki? **Obutukirivu obwange — emirimu gy'obutuukirivu gyenkola.**
5. Soma Bagalatiya 2:21. Ngeriki gye tudibya ekisa kya Katonda? **Tuyinza okudibya ekisa kyakatonda nga tugezaako okwelokola okuyita mu kukola kwaffe mukifo ky'okwesiga Kristom, okufaakwe kulwaffe tufune obulokozi.**
6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bwa Katonda tubufuna nga ki? **Nga kirabo.**

Omutendera ogusooka
Essomo 4.

ENKOLAGANA NE KATONDA.

Bya Andrew Wommack.

Ekimu ku bintu ebisinga obukulu mu nkolagana, kwe kutegeera omuntu gw'ogenda okubeera naye mu nkolagana eyo, weewaawo n'eri Katonda bw'ekityo bwe kiri. Weetaaga okutegeera embala ya Katonda okuva ku ntikko, osobole okubeera n'enkolagana ennamu naye. Obutategeera mbala ya Katonda ky'ekimu ku nsonga lwaki abantu bangi tebalina nkolagana nungi naye. Kino kyenyini kye kyaliwo mu lusuku lwa Edeni Adam ne Eva lwe baakemebwa omusota. Baayingila mu kikemo era oluvanyuma ne bajeemera Katonda era bw'ekityo, omuntu n'asuulibwa mu kibi. Mu butuufu kino kitundu ku kukemebwa.

Abantu abasinga bamanyi bulungi olugero oluli mu **Luberyeberye 3:1-5.** *"Naye kaakano omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zzonna ez'omunsiko Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi, "mpozi Katonda yagamba nti temulyanga ku muti gwonna ogw'omunnimiro? Omukazi n'agamba omusonta nti tulya ku buli muti oguli mu nnimiro naye Katonda yatugamba nti, "temulyanga ku kibala ky'omuti oguli wakati mu nnimiro wadde okugukwatako muleme okufa." Naye omusota ne gugamba omukazi nti temugenda kuffa. Kubanga Katonda amanyi nti lwe muligulyako amaaso gammwe lwe galizibuka, era mulifaanana nga yye, okumanya ekilungi n'ekibi,"*

Waliwo ebigambo ebizibu setaani by'akozesa wano nti Katonda mu butuufu si mulungi… nti yali alina ky'agezaako okulemesa Adamu ne Eva… nti teyayagala batuuke ku bujjuvu bwa busobozi bwabwe… nti teyayagala babeere nga ye…era nti ensonga eyabaganyisa okulya ku muti ogw'obulamu mu nnimiro kwali kubalumya oba kubaziyiza. Sitaani yayonoona embala ya Katonda bwe yasiiga Katonda enziro ng'agamba nti Katonda yali tayagala bafune ekisinga. Ekintu kye kimu ekyo kye kiri ku bantu olwaleero. Sitaani abagamba, "Bw'ogoberela Katonda n'otakola bintu ebikontana n'ekigambo kye telilaba ssanyu ttuufu. Obulamu tebulikunyumira… nga bufu." Eky'ennaku kiri nti, abantu bwe bamala okuyita mu bintu nga bino, okunywa omwenge obwenzi, obujeemu, okwetaba mu by'amasanyu, okubba n'omulimu omulungi n'ebirala bingi bye baakola naye ne bitabamatiza. Bagenda okukitegeera ng'obulamu bwabwe babwononye, ng'amaka gasaanyeewo era nga n'obulamu bwabwe tebuli mu mbeera nnungi.

Amazima gali nti Katonda mulungi era n'okwagala kwe gyetuli kulungi, naye setaani akozeza ebikemo by'ebimu olwaleelo ng'ebyajja eri Adamu ne Eva mu lusuku Edeni, ddala nga kino kilaga nti Katonda si mulungi n'akamu. Abo abategera bayibuli naye nga bagitegeerako kitono bayinza okufuna endowoza eyo kubanga waliwo ebilabilwako mu kigambo we yayisiza abantu obubi mu ngeri ey'obukambwe. Mu **Kubala 15:32-36**, omusajja yalonda obuku/obuti kku ssabiiti ne bamukuba ne bamutta n'amayinja olw'obutagoberela lunaku lwa ssabiiti. Ekyo kiwulikika nga kya bukambwe naye waaliwo omugaso emabega w'ekibonerezo ekyo, newankubadee nga tekilabika

ng'ensonga eri abantu abamu abasoma ebyawandikibwa mu ngeri ey'olusaago. Bw'ofaayo okusoma, obikkulilwa nti etteeka ery'endagaano enkadde lyatekebwawo okufuula ekibi kye tukoze kiberere ddala ekibi ekisukulumye, nga Paulo bw'agamba mu Baruumi 7:13. Ensonga yali nti abantu tebaategera bulabe bwa byonoono byabwe bwe bwali era nga bwe gwali omusango eri Katonda. Baakola ensobi ey'okwegerageranya n'abalala n'okupima ebikolwa byabwe nga basinziila ku balala bye bakola.

Omuntu bwe yakolanaga ekibi n'atattibwa n'mayinja, ekibi ekyo b'abanga bakilowozezza obutaba kibi nyo, era ne bakkakkanya omutindo gwabwe. Ekifaananyi ky'ekibi n'ekilungi baali bakisudde (nga tebakyamanyi kilungi na kibi, nga batankana olw'amateeka.) Katonda yalina okuddamu okuzimba omuntu ng'amuzza ku mutindo omutuufu ogw'okubeera mu bulamu obutuufu' basobole okuziyiza omulabe setaani n'ebikemo bye, n'okumanya ebiva mu bikolwa ebibi n'okusalawo okubi bwe byandibadde. Kati bwe yakola ekyo, yalina okukakasa etteeka lye yateekawo nti likola.

Amateeka g'endagaano enkadde Katonda teyagateekawo ng'agenderela okugamba nti, "okutuusa nga mukoze ebintu bino byonna, siyinza kubakkiriza oba kubaagala." Eyo si y'embala ye. Wabula, yatuwa amateeka okutusobozesa okumanya ekirungi n'ekibi tubeere nga tekusagasagana era atukomyewo eri amazima nti twetaaga omulokozi. Obuzibu obwaliwo buli nti abantu baalowooza nti Katonda yayagala batuukirize ebikolwa byabwe nga tanabaagala, ekyaleeta endowooza nti, Katonda okubaagala kyali kyenkanankana n'ebikolwa byabwe. Muli baawulila nti okutuusa nga bagezezzaako okukola ebintu mu butuufu bw'abyo, tebajja kukkirizibwa Katonda, naye obwo si bwe bubaka bwa Bayibuli.

Omutima gwa Katonda kwe kutabagana n'omuntu sso si kumusalila musango…si kubateekako bibi byabwe…si kubabalilako bibi byabwe. Ogwo gwe mutima gwa Katonda eri abantu mu Bayibuli era gwe mutima gwe gyetuli olwaleero. Twetaaga okutegeera omutima gwe ddala nti KATONDA KWAGALA. (**1Yokaana 4:8)**. Ky'anoonya kwe kujjawo ebibi byo na buli kimu ekiyinza okukwawula ku ye. Yamala dda okukikola mu Kristo Yesu era akuwa enkolagana olwaleero, nga teyesigamye ku bikolwa byo naye ku kukkiriza kwo, n'okukiriza Yesu nga omulokozi wo ey'ettikka ebibi byo. Osobola okubeera n'enkolagana ne Katonda nga tofudde ku kulemerelwa kwo mu bulamu. Ky'akusaba oddire okukkiriza kwo okuteeke mu mukama Yesu Kristo.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Luberyeberye 3:1. Kibuuzo ki setaani kye yabuuza Eva?----------
---
2. Soma Luberyeberye 2:17 ne Luberyeberye 3:3. Bigambo ki oba kigambo ki Eva Kye yayongera kw'ebyo Katonda bye yagamba Adamu?----------
---
3. Soma Luberyeberye 3:6. Setaani bwe yamala okuteeka obutakkiriza mu ndowoza ya Eva yakola ki mu Luberyeberye 3:6? ----------
---

4. Soma Luberyeberye 3:9-10. Oluvanyuma lwa Adamu ne Eva okwonoona, Katonda yeeyongera okuwuliziganya nabo awamu n'enkolagana ye nabo byagenda mu maaso?----------
5. Soma Luberyeberye 3:22-24. Lwaki Katonda yagoba Adamu ne Eva mu lusuku?----------
6. Okilaba nti kino kyali kikolwa kya kusaasira okuva eri Katonda nti tekyali kibonerezo?----------
7. Soma Baruumi 5:17. Tufuna tutya ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekilabo eky'obutuukurivu?
   A. Tukigula. B. Tukifuna nga tukoze. C.Tukitoola.
8. Soma Baruumi 6:23. Kiki ddala kye tugwanira nga twonoonye? ----------
   ----
9. Olw'ekisa Katonda atuwa ki? ----------
10. Soma Baruumi 10:3. Bwe tugezaako okukola obutuukirivu obwaffe mu maaso ga Katonda olwo tuba tulemedwa kukola ki?----------
    ----
11. Soma 1 Yokaana 1:9. Ne Baruumi 4:3. Katonda asuubiza kukolera ki ebibi byaffe BYONA n'ebyonoono byaffe singa tumukkiriza?----------
    ----
12. Kino kyogera ki ku mbala ya Katonda? ----------

Ebyawandikibwa ebyokukozesa mu bibuuzo.

1. **Luberyeberye 3:1** *"Naye omusota gwali mukalabakalaba okusinga ensolo zonna ez'omunsiko Mukama Katonda zeyali akoze. Ne gugamba omukazi nti ,Katonda yabagamba nti temulyanga ku muti ggwonna ogw'omulusuku?"*
2. **Liberyeberye 2:17**. "*Naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako kubanga lw'oligulyako tolilema kufa." Soma Luberyeberye 3:3. "Kyoka Katonda yatulagila nti 'temulyanga ku kibala ky'omuti oguli wakati mu nnimiro wadde okugukwatako muleme okufa."*
3. **Luberyeberye 3:6.** *"Awo omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi nga gusanyusa okutunuulako era gw'egombebwa okuleeta amagezi, n'anoga ekibala kyagwo n'alya; n'awako ne bba n'alya."*
4. **Luberyeberye 3:9-10.** *"Awo mukama Katonda n'ayita Adamu n'amugmba nti oli luddawa? N'addamu nti mpulidde eddboozilyo mu lusuku nentya kubanga mbadde bwerere , ne n'ekweka."*
5. **Luberyeberye 3:22-24.** *"Awo mukama Katonda n'agamba nti omuntu afuuse ng'omu ku ffe okumanyanga ekirungi n'ekibi; kale kaakano talwa kugolola mukono gwe n'anoga ku muti ogw'obulamu n'alya n'awangala emirembe gyonna. Bwatyo mukama Katonda n'agoba omuntu mu nnimiro Aden agende alimenga ettaka mwe yaggibwa. Bwe yamala okugobamu omuntu, n'atekamu Bakerubi n'ekitala ekimyansa eky'obwogi obubiri, okukuuma ekkubo erigenda ku muti ogw'obulamu.*

7 **Baruumi 5:17.** *"Oba nga olw'okwonoona okw'omuntu omu okufa kwabuna abaliweebwn ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu tebalisingawo nyo okufugira mubulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"*

8 **Baruumi 6:23.** *" Naye empera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutagwawo mu Kristo Yesu mukama wafe."*

10. **Baruumi 10:3.** *"mubutamanya butuukirivu bwa Katonda ne bagezaako okwekolera obutuukirivu obwabwe nebateewayo eri obutuukirivu bwa Katonda."*
11. **1Yokaana 1:9.** *"Bwe twatula ebibi byaffe ye wamazima era mwesigwa okutusonyiwa n'okutunaazako obutali butuukirivu bwaffe."* Baruumi 4:3. *"ebyawandikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalilwa okuba omutuukirivu."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Luberyeberye 3:1. Kibuuzo ki setaani kye yabuuza Eva? **Ddala Katonda yayogera….**
2. Soma Luberyeberye 2:17 ne Luberyeberye 3:3. Bigambo ki oba kigambo ki Eva kye yayongera kw' ebyo Katonda bye yagamba Adamu. **Nti tebateekedwa kugukwatako.**
3. Soma Luberyeberye 3:6 Setaani bwe yamala okuteeka obutakkiriza mu ndowoza ya Eva yakola ki mu Luberyeberye 3:6? **Yanoga n'alya kumuti.**
4. Soma Luberyeberye 3:9-10. Oluvanyuma lwa adamu ne Eva okwonoona, Katonda yeeyongera okuwuliziganya nabo awamu n'enkolagana ye nabo byagenda mu maaso? **Weewawo.**
5. Soma Luberyeberye 3:22-24. Lwaki Katonda yagoba Adamu ne Eva mu lusuku? **Baleme okulya ku muti ogw'obulamu ogwandibabezezaawo mu bulamu obw'okwonoona emirembe gyona.**
6. Okilaba nti kino kyali kikolwa kya kusaasira okuva eri Katonda nti tekyali
    i. Kibonerezo? **Weewawo.**
7. Soma Baruumi 5:17. Tufuna tutya ekisa kya Katonda mu bujjuvu n'ekilabo eky'obutuukirivu? **Tukitoola.**
8. Soma Baruumi 6:23. Kiki ddala kye tugwanira nga twonoonye? **Kufa.**
9. Olw'ekisa Katonda atuwamu ki? **Obulamu obutagwawo mu Yesu.**
10. Soma Baruumi 10:3. Bwe tugezaako okwekolera obutuukirivuo bwaffe mu maaso ga Katonda olwo tuba tulemedwa kukola ki? **Okwewaayo eri obutuukirivu bwa Katonda.**
11. Soma 1 Yokaana 1:9 ne Baruumi 4:3. Katonda asuubiza kukolaki n'ebibi BBYONA n'ebyonoono byaffe gyali singa tumukkiriza? **Abijjawo, abyelabira, abitusonyiwa.**
12. Kino kigamba kitya ku mbala ya Katonda? **Asaasira era alina okwagala.**

Omutendera 1
Essomo 5

EMBALA YA KATONDA
Bya Andrew Wommack

Okusobola okubeera n'enkolagana enuungi ne Mukama, tulina ddala okumanya embala ye. Munyivu olw'ekibi kyaffe, oba ye Katonda ajjudde okusaasira era ayagala okutuwa obulamu bwe n'omukisa ng'ebikolwa byaffe si bye bitweyimiridde? Mu butuufu ebyawandiikibwa bituwa ebifaananyi bibiri eby'enjawulo ebikwata ku Katonda, si lwa kuba nti yali akyuse oba nti ebintu abikola mu ngeri ey'ejawulo. Waaliwo ebiseera mu bayibuli nga waliwo ebigambo ebilaga nti Katonda yababalirako ekibi kyabwe.

Kino kiyinza okugeraageranyizibwa ku kukuza abaana. Bwe baba bakyali bato nyo kizibu okulowooleza awamu nabo, okubagamba esonga lwaki balina okweyisa obulungi oba lwaki tebalina kweyagaliza bokka ne bajja eby'okuzanyisa ku bannaabwe. Baba balina okuweebwa ebiragiro era singa basobya baweebwa ebibonerezo okubazzaamu empisa. Emateeka galina okuteekebwa mu nkola yadde ng'abaana abo tebamanyi Katonda oba setaani oba nti bwe beefaako bokka baba bawa setaani ebanga oba omwagaanya. Bayinza obutategeera kiri mw'ekyo, naye basobola okutegeera nti singa tunaamenya amateeka tugenda kubonerezebwa.

Mu ngeri eyo bw'atyo Katonda bwe yakola n'endagaano enkadde. Abantu bwe baali tebanaba kulokoka, baali tebalina kumanya kwa mwoyo nga kwe tulina mu ndagaano empya, n'ensonga eyo yali alina okubawa amateeka era ng'agakkaatiriza n'ebibonerezo, oluusi byabangamu n'okufa okusobola okubaziyiza okwonoona. Olwokuba setaani yali asaanyawo abantu okuyita mu kibi, ebilagiro byali bilina okukakanyala ku kibi era byali birina okuteekebwawo, amateeka gakolebwe. Newankubadde nga kino kyateekawo endowoza enkyamu nti Katonda yali tatwagala olw'ekibi, ekigambo kya Katonda ekyo si kye kisomesa. **Baruumi 5:3** agamba, *"Okutuusa ng'amateeka gazze, ekibi kyaliwo: naye ekibi tekyatubalilwako awataari mateeka."* "Okutuuka ku tteeka" kitegeeza nti okutuuka mu biseera bya Musa lwe yaweebwa amateeka ekkumi wamu n'amateeka amalala agaweebwa abayudaaya. Okutuuka mu kiseera ekyo, ekibi kyarimu mu nsi, naye nga tekibalilwa ku bantu. Ekigambo "okubalilwako" kigambo kya babazi ba bitabo eky'okulabirako singa ogenda mu dduuka n'obako ky'ogyayo, ow'edduuka omugamba "kiteeke ku mbalirira yange." Bwe kiteekebwa ku mbalirira yo kiwandiikibwa ne kikubalilwako era nga gw'olina okukisasulira. Bwe batakikubalirako kiba kitegeeza nti tekyawandiikibwa era nga tekikukwatako.

Ekyawandiikibwa kino kitegeeza nti okuva amateeka ekkumi lwe gajja, ekibi kyali tekibalirwa ku bantu. Ekyo kyewunyisa nyo. Soma mu **Luberyeberye 3 ne 4.** Abantu abasinga balowoza nti Adamu ne Kaawa bwe baayonoona mu maaso ga Katonda, kubanga yali mutukuvu ng'olwo omuntu mwonoonyi, yali talina kya kukolera kwonoona kwa muntu. Balowoza nti Katonda yagoba omuntu okuva mu lusuka amujje mu kubeerawo kwe kubanga Katonda omutukuvu yali takyasobola kukolagana na muntu atali mutukuvu. Beeyongera okulowooza nti okutuusa nga ebikolwa byaffe tubilongoosezza,

Katonda tasobola kuba na nkolagana nunji naffe. Kati awo ekyo kiba kikontana n'obubaka Yesu bwe yaleeta. **Baruumi 5:8** egamba nti Katonda yalaga okwagala kwe gyetuli nga tukyali boonoonyi, Kristo yatufiirira; n'olwekyo endagaano empya etuyigiriza nti Katonda yatwagala nga tukyali mu kibi, so si nga tumaze okulongoosa ebikolwa byaffe. Agamu ku mazima agasingira ddala obukulu agagenda okukyusa obulamu bwo kwe kutegeera nti Katonda akwagala nga bw'oli. Akwagala nyo nyini ddala nti bw'omala okufuna okwagala kwe tosobola kwagala kusigala nga bw'obadde. Ojja kukyuka, naye ojja kukyuka olw'okwagala kwa Katonda so si kusobola kufuna kwagala kwe.

Mu Luberyeberye 4 olaba nti Katonda yasigala assa kimu n'omuntu, nga akyayogera ne Adamu ne Kaawa oluvanyuma lw'okwonoona kwabwe. Yayogela ne Kaini mu ddboozi ery'omwanguka. Okusinzira ku ngeri gye baddangamu tulaba nti baali baamanyira okwogera ne Katonda era n'okuwulira eddoboozi lye era baali tebaliimu yadde okutya kwona. Bino byonna bilaga nti Katonda yali akyassa kimu n'omuntu era okukwatagana kuno kwali tekunamba kumenyebwawo ng'abantu abamu bwe balowooza. Yali tabalila kibi ku muntu. Ekyo tekitegeeza nti yakkiriza ekibi kyabwe oba nti tebaali mu nsobi? Nedda, eyo y'ensonga lwaki yateekawo amateeka. Katonda yalina okuteekawo amateeka asobole okutuzzayo ku mutindo ogusinga obulungi. Yalina okutulaga nti twetaaga omulokozi era nti tulina okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe ng'ekirabo. Eky'ennaku eddiini evumbyevumbye ebintu bino, n'ebikwaata n'esomesa nti etteeka lyateekebwawo osobole okulikuuma olwo nno olyoke osonyiyibwe era okkirizibwe. Nedda! Omugaso gw'endagaano enkadde gwali gwa kuzimbulukusa kibi kyo okutuusa nga oweddemu essuubi ly'okwelokola, ogambe "ayi Katonda guno bweguba nga gwe mutindo gw'obutukuvu, sisobola ku gutuukiriza. Nsonyiwa, onsaasire." Gy'ebuva ne gy'ebuda bulijjo, embala ya Katoda kwagala.

Ebibuuzo eby,obuyigirizwa.

1. Soma Baruumi 5:13. Ekigambo "kubalilwako" kitegeeza ki?----------
   ---
2. Soma Baruumi 7:7. Amateeka gaatekebwawo lwa kigendererwa ki?----------
   ---
3. Soma Bagalatiya 3:24. Okusinzira ku lunyiriri luno amateeka gaali gagasaa ki?----
   ---
4. Soam Yokaana 8:1-11. Omukazi eyakwatibwa mu bwenzi Yesu yamuyisa atya----
   ---
5. Ebikolwa bya Yesu n'ebigambo bye byalagira ddala embala ya Katonda?----------
   ---
   soma Yokaana 3:34.
6. Soma 1Yokaana 4:8. Okusinziira ku 1 Yokaana 4:8. Embala ya Katonda kye ki?--
   ---
   ---
7. Soma Baruumi 5:6. Katonda yatwagala nga tukyali bantu ba ngeri ki?----------
   ---

8. Soma Baruumi 5:8. Katonda yatwagala tuli tutya?----------
---
9. Soma Baruumi 5:10. Katonda yatwagala tuli tutya?----------
---
10. Singa osaba Yesu Kristo akusonyiwe ebibi byo era abeere mukama w'obulamu bwo era omulokozi wo, nga wesiga okwewaayo kwe olw'okusasula omutango ogw'ebibi byo, Katonda asobola okukulaga embala ye entuufu ey'okusaasira n'ekisa?----------

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

1. Baruumi 5:13. *"Ekibi kyaliwo ku nsi ng'amateeka teganabaawo, naye Katonda teyagamba nti beebalina okuvunanyizibwa olw'ebibi byabwe kubanga amateeka gaali teganabaawo."*
2. Baruumi 7:7. *"Kale tunayogera ki? Amateeka kye kibi? Kikafuuwe. Singa tewaali mateeka salitegedde kibi. N'okwegomba kw'omubiri sali kutegeeredde ddala singa amateeka tegagamba nti tewegombanga."*
3. Baggalatiya 3:24. "*Ge gaali gatukuuma amateeka galyoke gatutuuse eri Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'kukkiriza."*
4. Yokaana 8:1-11. "*[1]awo Yesu n'alaga ku lusozi olwa Zeyituuni. [2]kumakya ennyo n'akomawo mu yeekaalu, abantu bonna ne bajja gyali n'atuula n'abayigiriza.[3] Awo abawandiisi, n'abafalisaayo ne baleeta omukazi gwebaakwata ng'ayenda, ne bamuteeka wakati mu maaso g'ekibiina.[4] Nebagamba Yesu nti omuyigiriza omukazi ono akwatiddwa nga ayenda. [5] Amateeka Musa geyatulagira gatugamba kubakuba mayija abalinga ono. Noolwekyo ggwe ogamba otya ku nsonga ng'eno? [6] Ekyo baakyogera nga bamukema basobole okufuna kwebasinziirira okumuwawabira. Naye Yesu n'akutama wansi n'awandiika ku ttaka n'lunwe. [7] bwe beeyongera okumubuuza, n'akutaamulukuka, n'agamba nti mu mmwe atayonoongako yaaba asooka okumukuba ejjinja. [8] Naddamu n'akutama era n'awandiika ku ttaka n'olunwe. [9] Bwe baawulira ebyo, nebaseebulukuka kinnoomu abasing obukulu nga be basoose, okutuusa Yesu n'omukazi bwebasigalawo bokka mu maaso g'ekibiina. [10] Awo Yesu n'akutamulukuka ate n'abuza omukazi nti abakuwaabira baluwa? [11] Omukazi n'addamu n'amugamba nti mukama wange tewali n'omu. Yesu n'amugamba nti nange sikusalira musango kukusinga. Genda, naye toddangamu okwonoona."*
5. Yokaana 3:34. "*Kubanga oyo eyatumwa Katonda ategeeza ebigambo bya Katonda n'omwoyo gw'agaba tagerebwa."*
6. 1Yokaana 4:8. "*Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda kubanga Katonda kwagala."*
7. Baruumi 5:6. *"Bwe twali tukyali banafu wakati mu bibi, Kristo yatufiirira ffe abaali aboonoonyi abatatya Katonda."*
8. Baruumi 5:8. "*Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gyetuli mu ngeri eno; bwetwali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira."*

9. Baruumi 5:10. *"Kale oba nga twali tukyali balabe ba Katonda twatabaganyizibwa naye mu kufa kw'omwana we, bwe tutabagana naye, tetulisingawo nyo okulokolebwa olw'obulamu bwe?"*

Eby'okuddamu.

1. Soma Baruumi 5:13. Ekigambo "kubalilwako" kitegeeza ki? **Kuteeka ku mbalirira y'omuntu.**
2. Soma Baruumi 7:7. Amateeka gaatekebwawo lwa kigendererwa ki? **Kumanyisa kibi.**
3. Soma Bagalatiya 3:24. Okusinzira ku lunyiriri luno amateeka gaali gagasaaki? **Gaali gagasa olwokulaga omuntu nti yeetaaga omulokozi Yesu Kristo.**
4. Soam Yokaana 8:1-11. Omukazi eyakwatibwa mu bwenzi Yesu yamukolela ki? **Yamukwatirwa ekisa era yamusaasira.**
5. Ebikolwa bya Yesu n'ebigambo bye byalagira ddala embala ya Katonda? **Wewaawo.** soma Yokaana 3:34.
6. Soma 1Yokaana 4:8. Okusinziira ku 1 Yokaana 4:8. Embala ya Katonda ddala kye ki? **Katonda kwagala.**
7. Soma Baruumi 5:6. Katonda yatwagala nga tukyali bantu ba ngeri ki? **Twali tetulina maanyi. Nga tetutya Katonda.**
8. Soma Baruumi 5:8. Katonda yatwagala tuli tutya? **Nga tukyali boonoonyi.**
9. Soma Baruumi 5:10. Katonda yatwagala tuli tutya? **Twali balabe be.**
10. Singa osaba Yesu Kristo akusonyiwe ebibi byo era abeere mukama w'obulamu bwo era omulokozi wo, nga wesiga okwewaayo kwe olw'okusasula omutango ogw'ebibi byo, Katonda asobola okukulaga embala ye entuufu ey'okusaasira n'ekisa? **Wewaawo.**

Omutendera 1
Essomo 6

OKWENENYA
Bya Don Krow.

Abantu abamu okwenenya bakutegeera bulala. Okwenenya si kutuukiriza, wabula kuba kukyusa mugendo. Tugenda kwogera ku lugero lw'omwana eyazaawa. Yesu agera olugero luno ng'alagira ddala okwenenya kw'omuntu kye kutegeeza. Mu **Lukka 15:11-12** Yesu yagamba, *"Era n'agamba, omusajja omu yalina batabani be babairi: Era omuto ku bbo n'agamba kitaawe nti kitange nkusaba ompe omugabo gwange ku bintu byo ogusaanidde. Kitaawe n'abagabanyiza ebintu byabwe."*

Omutabani omuto yayagala omugabo gwe nga kitaawe tanaba kufa, ekitali kya bulijjo, naye kitaawe n'akkiriza okusaba kwe era n'abagabanyiza obusika bwabwe. Olunyiriri 13 lugamba, "*waayitawo ennaku ntono omwana omuto n'asibako ebintu bye byonna neyeetambulira n'agenda eyo munsi ey'ewala. Bwe yatuuka eyo n'asaasaanya ebintu bye ne y'emalila mu binyumu."* Omulenzi ono omuto yatwala obugagga bwe bwonna, ekitundu ky'obusika bwe, n'agenda mu nsi eyeewala n'asaasanyiza eyo ebibye mu bulamu obw'ebinyumu. Enzivuunula emu egamba nti *"mu binyumu nga asaasaanya sente ku ba Malaya."*

Enyirir 14-17 zisoma, *"Mu kiseera ekyo we yamalirawo ebintu bye byonna, n'ejala nyingi we yagwira mu nsi omwo mwe yali, n'asiibanga era n'asulanga ejala. N'agenda abeera ew'omwami omu mu nsi omwo mwe yali abeera, n'amusaba amuwe omulimu naye n'amusindika gye yalundiranga embizzi azirabirirenga. Omulenzi ne yeegombanga okulya ebikuta by'embizzi, naye ne watabaawo amuwa kantu konna. Naye bwe yeddamu, n'agamba nti, eka ewaffe abapakasi ba kitange bafuna emmere nyingi nyo ne balya ne balemwa naye nze ndi wano nfiira wano enjala!"* enzivunuula ezimu zigamba, *"naye bwe yeekuba mu kifuba."* Mu ngeri endala abapakasi ba kitaawe bafunanga emmere ebamala n'okusingawo, kyokka ate omwana nga ali eno afa njala gye twandiyise ani amuwadde akatebe.

Yasalawo; ne yenenya. Okwenenya kuba kukyusa mutima, kukyusa ndowooza ekiretera omuntu okukyuka okuva gy'abadde agenda n'adda ku mugendo omulala. Mu nyiriri 18-19 yagamba, "*naagenda eri kitange ne mugamba nti kitange, nyonoonye eri eggulu ne mu maaso go, era sikyasaanira kuyitibwa mwana wo. Nfuula omu ku baddu bo kitange."* Olwo n'asituka n'addyo ewa kitaawe. Okwenenya kisingawo ne ku kukyusa endowooza, ebiriwoozo era kisingawo nyo ku kukyusa omutima. Kivaayo eyo ne kidda mu kukola okusiziira kw'ekyo ky'okkiriza, n'okyuka n'odda mu mugendo omugya. Ffena twakyuka ne tuva ku kitaffe era ne tuva ku mugendo ogututuusa mu ggulu ewaka waffe. Bayibuli mu Isaaya 53:6 egamba, "ffenna twawaba nga endiga , buli omu ku ffe n'akwata ekkubo lye; mukama n'amuteekako obutali butuukirivu bwaffe ffenna." Katonda yaddira obutali butuukirivu bwaffe n'abuteeka ku Yesu Kristo omwana we.

Olugero lweyongerayo mu nyiriri 20-24, *"Bw'atyo n'asitula n'addayo ewa kitaawe. Naye bwe yali ng'akyaliko wala okuva ewaka, kitaawe n'amulengera ng'ajja n'amusaasira nyo. Kitaawe nga ajjudde amaziga, n'amusisinkana, n'amugwa mu kifuba n'amunywegera. Omwana n'agamba kitaawe nti kitange nyonoonye mu ggule era ne mu maaso go. Sikyasaana kuyitibwa mwana wo. Naye kitaawe n'alagira abaddu be nti, mw'anguwe mangu! Muleete ekkanzu esinga obulungi mugimwambaze. Mumunaanike empeta ku ngalo ye. Mumwambaze engatto! Era mugende mutte enyana eya ssava. Tufumbe embaga nene era tujaguze. Kubanga mutabani wange ono yali afudde kaakati mulamu, yali azaaye laba wuuno azaawuse. Embaga n'etandika."*

Lumu, kino nina omusaja gwe nakigamba era n'angamba nti, "Yesu ky'ayogerako nkiraba. Singa nkyukira Kitaffe ali mu ggulu ku lw'ekisa ne ngamba nti "Kitange nyonoonye gy'oli era sisaana kuyitibwa mwanawo, ajja kunzikiriza." Kitaffe ajja kubeera n'okusaasira, era tajja kukufuula muddu. Ajja kukuteekera ddala mu kifo eky'omwana owuwe. Katonda alinda. Okyuse? Lwaki tokyuka n'odda eri Katonda, kitaawo era n'eri eggulu nga ye wamwe?

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa

1. Nyonyola ekigambo kwenenya.----------
2. Soma Lukka 13:1-5. Tulina kukola tutya obutazikirira?----------
3. Soma 2 Peetero 3:9. Okuyayana kwa Katonda ku lw'abantu bona kwe kuliwa?----------
4. Soma Lukka 16:19-31. Mu Lukka 16:28. Lwaki omusajja omuggagga yayagala wabeewo omuntu akomawo okuva mu bafu ayogere ne baganda be abaali ku nsi?----------
5. Soma Lukka 16:30. Ab'oluganda bano balina kukola ki obutagenda mu kifo kino eky'okubonbona (geyeena)?----------
6. Soma Bikolwa by'aatume 26-18. Newankubadde tekilagibwa nti olunyiriri luno lwogera ku kwenenya. Kiki ekilituuka kw'abo abeenenya?----------
7. Soma Ebikolwa by'abatume 26:20. Mu katundu akasembayo mu lunyiriri luno waliwo ebintu bisatu eby'ogerwako bannamawanga bye baalina okukola. Ebintu bino bye biluwa?----------
8. Soma Matayo 7:21-23. Yesu yayogera ku kiki abantu bano kye baakola mu kifo ky'okukola okwagala kwa Katonda?----------
9. Kino kiraga ki ku mugaso gw'okwenenya okutuufu okusinga okwogera obwogezi eri Katonda.----------

10. Soma Isaaya 55:7. Omubi alina kukola ki?----------
    ----
11. Bintu ki ebibiri atali mutuukirivu by'alina okukola bye biruwa?----------
    ----
12. Katonda alikolera ki omuntu akoze ebintu ebyo by'omenye wagulu? ----------
    ----
13. Soma Lukka 15:7. Eggulu lyeyisa litya singa omuntu aba ng'alokose?----------
    ----
14. Soma Bikolwa by'abatume 3:19. Bw'omala okwenenya n'okyuka kiki ekikolerwa ebibi byo?----------
    ----

Ebyawandikibwa eby'okukuyamba mu kuddamu ebibuuzo.

Luka 13:1-5. *" Mukiseera ekyo newabaawo abategeeza Yesu nga Piraato bwe yatta Abagalilaaya, omusaayi gwanwe n'agutabula mu biweebwayo byabwe. Yesu n'abagamba nti mulowooza Abagalilaaya abo baali boonoonyi nyo okusinga Abagalilaaya abalala bonna balyoke baboneebone batyo? Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya namwe mugenda kuzikirira ng'abo bwe baazikirira. Ate bali ekkumu n'omunaana omunaala gwa Silowaamu be gwagwako ne gubatta, mulowooza be baali basing obwonoonyi akusinga abantu abalala bonna abaali babeera mu Yeelusaalemi bonna? Nedda! Mbagamba nti bwe muteenenya namwe bwemugenda okuzikirira bwe mutyo."*

2Peetero 3:9. "M*ukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabaguminkirazza nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye."*

Lukka 16:19-31. "*[19] Awo Yesu n'abagamba nti waaliwo omusajja omugagga enyo eyayambalanga engoye ez'effulungu era ne lineni era bulijjo ng'abeera mu masanyu era ng'alya ebya ssava. [20] Waaliwo n'omusajja omwavu erinya lye nga ye Laazaaro, nga mulwadde era ng'omubir gwe gujjudde amabwa, eya teekebwa nga ku mulyango gw'omusajja omugagga. [21]. Laazaalo ne yegombanga okulya ku bukunkumuka obwagwanga wansi nga buva ku mmeeza ya nnaggagga ono. N'ebwa zajjanga ne zikomberera amabwa ga Laazaalo.[22]. Ekiseera kyatuuka omusajja omwavu n'afa, bamalayika ne bamutwala mu kifuba kya Ibulayimu. Oluvanyuma n'omuggagga naye n'afa, n'azikibwa.[23]. Naye nga ali eyo mu magombe mu kubonaabona, n'atunula waggulu n'alaba Laazaalo ng'ali mu kifuba kya Ibulayimu. [24]. N'akoowoola nti kitange Ibulayimu, nsaasira ontumire Laazaalo oyo anyike olugalo lwe mu mazzi, nkombe ko naye olulimi lumbabuukirira nyo mu muliro guno ogumbonyabonya! [25]. Naye Ibulayimu n'amuddamu nti mwana wange, jjukira nga mu biseera byo ng'okyyali mulamu wafuna ebirungi bye weetaaganga, naye nga Laazaalo ye afuna bibi. Kaakano Laazaalo asanyusibwa gwe oli mu kubonaabona. [26]. Ate n'ekirara wkati waffe nammwe waliwo olukonko luwanvu nyo olutwawula omuntu ali eno bw'ayagala okuja eyo akoma ku mugo gwalwo, n'oyo ali eyo tasobola kujja eno. [27]. Awo naggagga*

n'ayazirana nti ayi kitangeIbulayimu, nkwegayiridde ntumira Laazaalo oyo mu maka ga kitange [28] kubanga ninayo aboolugandа batono, abandabulire, bwe balifa baleme okujja mu kifo kino ekirimu obulumi obwenkanidde wano. [29]. Naye Ibulayimu n'amugamba nti balina Musa ne ba nnabbi kale bawulire abo. [30]. Omuggagga n'addamu ng'agmba nti nedda kitange singa batumirwa omuntu ng'ava mu bafu, bajja kwnenya. [31]. Awo Ibulayimu n'amugamba nti oba nga ne ba nnabbi newankubadde alizuukira okuva mu bafu talibakkirizisa."

Lukka 16:30. "*Omuggagga n'addamu ng'agmba nti nedda kitange singa batumirwa omuntu ng'ava mu bafu, bajja kwnenya."*

Bikolwa by'abatume 26:18.*"Okuzibula amaaso gaabwe bave mu kizikiza bade eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa setaani bade eri Katonda, balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza.*
Bikolwa by'abatume 26:20. "*Naye n'ensookera ku b'omu Damasiko, n'enzizaako ab'omu Yeelusaalemi, ne mu Buyudaaya mwonna n'eri abaamawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

Matayo 7:21-23. "*Si bonna abampita nti mukama waffe mukama waffe be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo kitange al mu ggulu by'ayagala. Ku lunaku luli, bangi bali ngamba nti mukama waffe mukama waffe, twayogeranga eby'obunnabbi mu linya lyo era ne tugoba ne ba ddayimooni mu linya lyo, ne tukola n'ebyamagero bingi mu linya lyo. Ndibaddamu nti sibamanyi, muve mu maaso gange kubanga ebikolwa byamwe byali bibi."*

Isaaya 55:7. "*omubi aleke ekkubo lye n'atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye; leka adde eri mukama naye an'amusaasira , adde eri Katonda waffe kubanga anaamusonyiyira ddala."*

Isaaya 55:7. "*omubi aleke ekkubo lye n'atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye; leka adde eri mukama naye an'amusaasira , adde eri Katonda waffe kubanga anaamusonyiyira ddala."*

Lukka 15:7. *"Mu ngeri y'emu mbagamba nti mu ggullu walibayo essanyu linji nyo olw'omwonoonyi omu eyeenenyezza ukusinga ekyenda mu omwenda abatuukirivu abateetaaga kwenenya."*

Bikolwa by'abatume 3:19. *"Noolwekyo mwenenye, mukyuke mulyoke mujjibweko ebibi byamwe."*

Okuddamu.

1. Nyonyola ekigambo kwenenya.
   A). Kuba kukyusa bwenyi bwo nodda eri ekwewayo okujja.
   B). Kukyusa ndowooza.

C). kukyusa mutima nekivaamu okukyukira Katonda omulundi gumu, okuva mu makubo go n'odda mu ga mukama.

D). kukyusa mugendo. Si kutuukirira.

E). kwe kusalawo okukyusiza ddala olugendo lw'obulamu bwo.

F). kwe kuviira ddala mu makubo amakadde ne weweerayo ddala eri amakubo ga mukama.

2. Soma Lukka 13:1-5. Tulina kukola tutya obutazikirira? **Tulina kwenenya.**
3. Soma 2 Peetero 3:9. Okuyayana kwa Katonda ku lw'abantu bona kwe kutya? **Bonna batuuke ku kyenenya.**
4. Soma Lukka 16:19-31. Mu Lukka 16:28. Lwaki omusajja omuggagga yayagala wabeewo omuntu akomawo okuva mu bafu ayogere ne baganda be abaali ku nsi? **Baleme okujja eno mu kifo eky'okubonaabona.**
5. Soma Lukka 16:30. Ab'oluganda bano balina kukola ki obutagenda mu kifo kino eky'okubonbona (geyeena)? **Balina kwenenya.**
6. Soma Bikolwa by'aatume. Newankubadde tekilagibwa nti olunyiriri luno lwogera ku kwenenya. Kiki ekilituuka kw'abo abeenenya?

   a). amaaso gagya ku ggulwa.

   b). Balikyuka okuva mu kizikiza.

   c). Balikyuka okuva ewa setaani.

   d). Banaasonyiyibwa.

   e). Banaafuna obusika.
7. Soma Ebikolwa by'abatume 26:20. Mu katundu akasembayo mu lunyiriri luno waliwo ebintu bisatu eby'ogerwako abannamawanga bye balina okukola. Ebintu bino bye biluwa? **A). kwenenya. B). Kukyukira Katonda. C). Kukakasa kwenenya kwabwe mu bikolwa.**
8. Soma Matayo 7:21-23. Yesu yayogera ku kiki abantu bano kye baakola mu kifo ky'okukola okwagala kwa Katonda? **Yayogera ku bikolwa eb'obugyemu bye baakola.**
9. Kino kiraga ki ku mugaso gw'okwenenya okutuufu okusinga okwogera obwogezi eri Katonda. **Obulokozi buva mu mutima so si ku mumwa.**
10. Soma Isaaya 55:7. Omubi alina kukola ki? **Kuleka kubo lye.**
11. Ebintu ebibiri atali mutuukirivu by'alina okukola bye biruwa? **Ereke ebirowoozo bye adde eri mukama.**
12. Katonda alikolera ki omuntu akoze ebintu ebyo by'omenye wagulu?1) **Anaamusaasira 2) n'amusonyiyira ddala ebyonoono.**
13. Soma Lukka 15:7. Eggulu lyeyisa litya singa omuntu aba ng'alokose? **Mu ggulu wabaayo essanyu.**
14. Soma Bikolwa by'abatume 3:19. Bw'omala okwenenya n'okyuka kiki ekikolerwa ebibi byo? **Bikujibwako n'osonyiyibwa.**

Omutendera 1
Essomo 7

OKW'EWAAYO.
Bya Don Krow.

Lukka 14:25 "*Awo ebibiina by'abantu bingi nnyo bwe baali bagoberera, Yesu n'akyuka n'abagamba nti, omuntu bw'anajjanga gyendi n'atakyawa kitaawe, oba nyina, oba mukyala we n'abaana be, oba baganda be oba banyina, newankubadde obulamu bwe ye yenyini, taayinzenga kuba muyigirizwa wange."*

"Awo ebibiina by'abantu bingi ne bimugoberera, Yesu n'akyuka n'abagamba nti…" Lukka 14:25. Mu kiseera kino mu buweereza bwa Yesu waaliwo ebibiina by'abantu bingi nyo ebyali bigoberera Yesu. Olulimi olungereza terukigyayo bulungi kino, naye mu Luyonaani kinyonyolwa mu mbeera ya butakoma, nti bwe baatandika okumugoberera tebaakoma, kyafuuka kya buli lunaku, oba kya lutentezi. Osanga bakikolanga olw'ebyamagero bye yakolanga, oba kubanga yabaliisa, tetumanyidde ddala nsoga lwaki baamugobereranga. Wano Yesu we yakyukira n'agenderera okubaako ky'ababuulira ekyalabika nga ekyaletera abangi ku bbo okukyuka ne bataddamu kumugoberera nate.

"Omuntu yenna bw'ajja gyendi [Yesu – ekyo kitegeeza ng'ayagala okungoberera, nga ayagala okumperekela, nga ayagala okugenda nange] ,n'atakyawa kitaawe ne nyina, oba mukyala we n'abaana be, oba muganda we ne mwanyina, ye yenyini n'obulamu bwe bwonna, oyo taayinze kubeera muyigirizwa wange." (Lukka 14:26). Bwe natunuulira ekyawandiikibwa kino kinalowooza bwenti, *"Mukama tosobola kuba ng'otegeeza ekyo.* Ekigambo "*kukyawa*" kitegeeza ki? Oba oli awo kitegeeza kwagala kitono, oba ekyekuusa kw'ekyo." Bwe natandika okusoma, nakizuula nti ekigambo kitegeeza "kukyawa."

Yesu yakozesa ekigambo ekikyasinze obugumu okusobola okukkaatiriza ensonga. Yagamba nti okujjako nga okyaye kitaawo, nnyoko, muganda wo, mwannyoko, abaana bo era n'obulamu bwo ggwe, tosobola kubeera muyigirizwa we. Njagala okukubuuza kino: ku nsi olina nkolagana ki ekyasinze okubeera ey'oku mwanjo? Abeera maama wo oba kitaawo oba mukyala wo n'abaana bo. Kiki ekiyinza okubaawo singa mukazi wo anoba, oba kitawo ne maama wo bafa? Awo ani ayinza okuyimirira naawe? Bajja kubeera baganda bo ne bannyoko. Yesu yagamba nti okujjako ng'obakyaye tosobola kufuuka muyigirizwa we. Kiki kye yali ategeeza?????

Yesu ayogera ku nkolagana ezikyasinze okuba ez'okumwanjo ze twandibadde nazo. Asaba okwewaayo kwo gyali, abeere nga ye y'ali ku ntikko. Ayagala abeere nga y'alina ekifo ekisooka mu bulamu bwo. Agenda kugeraageranya enkolagana ye naawe ku nkolagana joolina ku nsi kuno ey'okumwanjo. "*Kyawa*" kigambo bugambo ekikozesebwa mu kugeraageranya. Era Yesu agamba nti ekolagana yange namwe nkulu nyo nti njagala ebeere nga esukkuluma ku nkolagana zonna ez'oku nsi na buli kintu kyona eky'oku nsi ky'olina. Waliwo omuntu omu gw'oyagala okusinga maama wo, taata wo, omwana wo, mukazi wo, muganda wo era ne mwannyoko. Omuntu oyo omumanyi?

Si Katonda…… ye ggwe. Weyagala nnyo n'okusinga enkolagana gy'olina n'abantu bo abasingira ddala okukubeera okumpi.

Lwaki abafumbo baawukana? Lwaki waliwo okunobanoba? Kubanga abantu beeyagala okusinga bwe baagala abagalwa baabwe. "Tokikola nga bwe njagala ne nsonga eyo nze ngenda."

Yesu yagamba waliwo enkolagana emu yokka, njagala mbeere ku ntikko – bulamu bwo obwa nakigwanyizi. Buno bwe buyigirizwa obutuufu. Tayogera ku buyigirizwa obutagasa. Atusaba tumugoberere. Atusaba tumuteeke mu kifo ekisooka mu bulamu bwaffe.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Lukka 9:57-62. Olugero luno luyigiriza ki ku kw'ewaayo okugoberera Yesu Kristo?----------
   ---
2. Soma Lukka 8:13-14. Lwakiki abantu abamu balabika nga bagwa okuva mu bulamu obw'ekikristaayo?----------
   ---
3. Soma Ezeekeri 16:8. Katonda akozesa eby'okulabirako eby'obufumbo okusobola okunyonyola enkolagana ye n'abantu. Omuntu afuuka w'ani mu nkolagana eno?-
   ---
   ---
4. Soma 1 Bakkolinso 6:19. Oli w'ani ggwe?----------
   ---
5. Soma 1 Bakkolinso 6:20. Omubiri gwo n'omyoyo gwo by'ani?----------
   ---
6. Soma Yakobo 4:4. Osobola okukola obwenzi obw'omwoyo ku Katonda?----------
   ---
7. Kiki ekiyinza okulabika nga obwenzi obw'omwoyo mu maaso ga Katonda? Baruumi 1:25----------
   ---
8. Soma Yakobo 2:23-25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu kwewaayo n'okukkiriza okuli mu lunyiriri luno?----------
   ---
9. Soma Lukka 14:28-30. Obaliridde omuwendo oguli mu kugoberera Yesu? Oyagala okumugoberera?

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

Lukka 9:57-62. *[57]. "Awo bwe baali bali mu kkubo omu ku bbo n'amugamba nti nnaakugabereranga wonna woonogendanga.[58]. Yesu n'amugamba nti ebibe birina*

webisula n'enyonyi zirina ebisusunku, naye omwana w'omuntu talina wassa mutwe gwe.[59]. Naagamba omusajja omulala nti ngoberera. Omusajja n'addamu nti kitange ndeka mmale okugenda nziike kitange. [60]. Yesu n'addamu n'amugamba nti leka abafu baziike bafu banaabwe, naye ggwe genda olangirire obwa kabaka bwa Katonda.[61]. N'omulala n'agamba Yesu nti nnaakugobereranga mukama wange, naye sooka ondeke mmale okusiibula ab'omu maka gange. [62]. Naye Yesu n'amuddamu nti omuntu yenna akwata ekyuma ekirima mu ngalo ze ate n'atunula emabega, tasaanira bwakabaka bwa Katonda."

Lukka 8:13-14. "*[13]Ezaagwa ku lwazi, be bawulira ne basanyukira ekigamba, kyokka ne kitaba na mmizzi. Be bakkiriza naye okugezesebwa bwe kujja ne bagwa. [14]. Ezaagwa mu maggwa be bawulira ekigambo naye okweraliikirira, n'obugagga, n'amasanyu g'omubulamu ne bibazisa, ne bataleeta bibala bikuze bulungi."*

Ezeekeeri 16:8. "*oluvanyuuma lw'ebbanga bwe nali nga mpitayita, nenkulengera ne ndaba ng'okuze era ng'otuuse okufumbirwa, ne nkwaliirako ekilenge kyange ne mbikka ku bwerere bwo; ne nkulayirira ne nkola nawe endagaano bwayogera mukama Katonda n'ofuuka wange."*

1 Bakkolinso 6:19. *"Oba temumanyi nga omubiri gwamwe ye yeekaalu ya mwoyo mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'omibiri gwammwe si gwammwe ku bwammwe?"*

1 Bakkolinso 6:20. "*kubanga mwagulibwa na muwendo, noolwekyo emibiri gyammwe gigulumizenga mukama."*

Yakobo 4:4. "*Mmwe abenzi, temumanyi nti okuba mikwano gy'ensi bulabe eri Katonda? Noolwekyo omuntu yenna bw'alondawo okuba mukwano gw'ensi, afuuka mulabe wa Katonda."*

Baruumi 1:25. "*Ne bafuula amazima ga Katonda okuba obulimba, ne basinza era ne baweereza ebitonde, mu kifo ky'okusinza eyabitonda eyeebazibwa emirembe n'emirembe. Amiina."*

Yokaana 2:23-25. "*[23]. Awo Yesu bweyali mu Yeerusaalemi mu kiseera eky'embaga ey'okuyitako, bangi baalaba obubonero bwe yakola ne bakkiriza erinya lye. [24]. Kyokka Yesu teyabeesiga kubanga amanyi abantu bonna, [25] kubanga yamanya bw'afaanana nga teyetaaga kubuulirwa muntu yenna."*

Lukka 14:28-30. "*[28]. Peetero n'amugamba nti ffe twalekawo ebyaffe byona ne tukugoberera! [29] Yesu n'addamu n'amugamba nti ddala ddala mbagamba nti, teri muntu n'omu eyalekawo amaka ge, oba mukazi we, oba abaana be, olw'obwakabaka bwa Katonda [30] atalifuna mirundi minji okusingawo mu mulembe guno, ate ne mu mulembe ogugenda okujja aweebwe obulamu obutaggwawo."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Lukka 9:57-62. Olugero luno luyigiriza ki ku kw'ewaayo okugoberera Yesu Kristo? **Luyigiriza ku kweweerayo ddala.**
2. Soma Lukka 8:13-14. Abantu kiki ekilabika okuba nga kibaleetera okugwa okuva mu bulamu obw'ekikristaayo? **Tebannaba kusimbira ddala mmizi mu kigambo kya Katonda. Ebizibu amasanyu n'ebinyumu by'ensi eno bye bibatwala.**
3. Soma Ezeekeri 16:8. Katonda akozesa eby'okulabirako eby'obufumbo okusobola okunyonyola enkolagana ye n'abantu. Omuntu abeera w'ani mu nkolagana eno? **Wa Katonda.**
4. Soma 1 Bakkolinso 6:19. Oli w'ani gwe? **Wa Katonda.**
5. Soma 1 Bakkolinso 6:20. Omubiri gwo n'omyoyo gwo byani? **Bya Katonda.**
6. Soma Yakobo 4:4. Osobola okukola obwenzi obw'omwoyo ku Katonda? **Wewaawo.**
7. Kiki ekiyinza okulabika nga obwenzi obw'omwoyo mu maaso ga Katonda? **Omutima oguba gukyuse okumuvaako ne gusinza ebibumbe (ebintu by'osinga okuwa ekifo ekisooka mu bulamu bwo)** Baruumi 1:25
8. Soma Yakobo 2:23-25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu kwewaayo n'okukkiriza okuli mu lunyiriri luno? **Tuyiga nti Yesu ayagala emitima gyaffe ffena.**
9. Soma Lukka 14:28-30. Obaliridde omuwendo oguli mu kugoberera Yesu? Oyagala okumugoberera? **Wewaawo.**

Omutendera 1
Essomo 8

OKUBATIZIBWA OKW'AMAZZI.
Bya Don Krow.

Ekibuuzo: Neetaaga okumayna oba weetaaga kubatizibwa osobole okuyingira eggulu. Njagala Katonda era nabatizibwa nga nina emyaka musanvu. Kati nina emyaka kumi na munaana era omuntu omu okuva mu kkanisa y'abakristaayo bonna yangamba nti tewali muntu ayinza kulokolebwa n'abatizibwa ku myaka emito bw'egityo. Era nate ne bangamba nti netaaga okubatizibwa nsobole okuyingira mu ggulu, naye mu maka mwenva ag'abaputisti, bangamba nti sikikola. Nze njagala kugenda mu ggulu. Mbeerawo mu ngeri yonna gye nsobola ku lwa Katonda, naye neetaaga okumanya oba nteekwa kubatizibwa mulundi gwakubiri nga bwe ntuusizza emyaka egy'okubatizibwa. Nsaba kunyamba. ASAP. Mukama abawe omukisa.

Okuddamu. Obulokozi n'okusonyiyibwa byatuweebwa buweebwa nga kirabo okuyita mu kukkiriza. **Bikolwa by'abatume 10:43** egamba, "*era ne bannabbi bonna baamuweerako obujulizi nti buli amukkiriza assonyiyibwa ebibi mu linya lye."* Obulokozi bujja okuyita mu kukkiriza, kwe kugamba kwesiga na kwesigama ku Yesu ne ku musaayi gwe ogwayiika okusobola okukuwa okuyimirira obulungi ne Katonda. Mu **Bikolwa by'abatume 10:44-48.** Omwoyo omutukuvu yaweebwa abakkiriza (ng'akakasa obulokozi bwabwe) nga tebannaba kubatizibwa.

Newankubadde kituufu emiruundi egimu kirabika nga okusonyiyibwa kw'ebibi kwaliwo mu kiseera eky'okubatizibwa. Kino kiri bw'ekiti kubanga okubatizibwa kye kiraga oba kikolwa kya kukkiriza ekyakolebwanga oluvanyuma lw'omuntu okudda eri Yesu Kristo mu kwenenya ne mu kukkiriza. **Makko 16:16.** "*Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balilokolebwa naye abo abatakkiriza barisalilwa omusango ne gubasinga."* Era nate y'engeri eyayitibwangamu mu kukowoola mukama n'olw'okweyisa obulungi. **(Bikolwa by'abatume 22:16; ne 1Petero 3:21).**

Bw,oba nga wakyukira ddala n'odda eri Yesu okuva ku ntobo y'omutima gwo, ku myaka musanvu era n'obatizibwa, Katonda akkiriza okukkirizakwo okw'omu buto bwo. Okubatizibwa kulina eby'etaagisa. Ekyetaagisa ekimu ku byo kwe kwenenya. Omutima gwo wagukyusa era n'endowooza yo, ne bivaamu okukyuka okuva mu kibi n'odda eri Yesu wamu n'okusonyiyibwa ebibi? (**Bikolwa by'abatume 2: 38, 20:21** ne 17:30). Okukkiriza wakuteeka mu nkola okuyita mu Yesu ng'omulokozi wo era mukama wo? **Makko 16:16, Yokaana 3:16** wamu ne Baruumi 10:9-10.) bw'oba tokikolanga dda eri Yesu kaakano, weenenye okuva mu bibi byo, kyuka odde eri ekisa kye akusonyiwe, okusalawo kwo akuteekeko envuumbo okuyita mu kubatzibwa n'amazzi.

Okubatizibwa kye kikolwa ekiraga nti omuntu akkiriza Yesu. Awatali kukkiriza okwo ekikolwa kiba kya busa. Abantu abaakyuka ne badda eri Yesu baali beeteefuteefu okuteeka mu nkola okukkiriza okwo era ne baatula Yesu Kristo mu lujjudde. Abantu

abagamba nti "nedda" eri ebilagiro bya Yesu mu ngeri emu baba bafu mu kukkiriza. **Okukkiruza kuba kufu singa abantu bagaana okukukola.** (Yakobo 2:18-19). Okukkiriza kwokka kulokola, naye okukkiriza okulokola tekubeera kwokka. **Okubatiza si kwe kulokola, Yesu y'alokola. Amazzi te ganaazawo bibi, omusaayi gwa Yesu gwe gunaaza.** Naye okukkiriza kukozesa omusaayi gwe gy'oli era oluusi okukkiriza okwo kwateekebwanga mu nkola ng'omuntu abatizibwa (Bikolwa by'abatume 22:16) ekibuuzo kiri nti wenenyezza? Omukkiririzaamu (Yesu)? Bwe kiba bwe kityo lwaki olwawo, zuukuka obatizibwe!

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Omuvubuka ono abuuza kibuuzo ki?----------
2. Okusinziira ku Bikolwa by'abatume 10:43 obulokozi bujja butya mu bulamu bwaffe?----------
3. Okubatizibwa kye kikolwa eky'okukkiriza ekibeerawo mu kulokoka. Bikolwa by'abatume 2:38 elaga ki okusinziila ku kyawandiikibwa kino?----------
4. Makko 16:16 Amazima gano ekyawandiikibwa kino kigajjayo kitya?----------
5. Okubatizibwa y'engeri y'okuyita mukama. Bikolwa by'abatume 22:16 eyogera etya ku mazima gano?----------
6. Okubatizibwa y'engeri y'okuyita Katonda ku lw'obulambulukufu bw'okulowoza kwaffe. Amazima gano 1Peetero 3:21 agakakasa?
7. Okusinziira ku Bikolwa by'abatume 2:38, biki ebyetaagisa mu kubatizibwa?----------
8. Biki ebyetagisa mu kubatizibwa okusinziira ku Makko 16:16?----------
9. Omwana omuto asobola okwenenya?
10. Omwana omuto asobola okulokoka?
11. Soma Bikolwa by'abatume 10:43-48. Oluvanyuma lw'omukristaayo okukkiriza kristo kiki ekiba kiddako?----------

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

Bikolwa by'abatume 10:43. "*Era ne bannabbi bonna bamuwera obujulizi nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linya lye."*

Bikolwa by'abatume 2:38. "*Peetero n'agamba nti mwenenye buli omu kumwe abatizibwe mu linya lya Yesu Kristo, musonyiyibwe ebibi byamwe olwo namwe mujja kufuna omwyo omutukuvu."*

Makko 16:16. *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balilokolebwa naye abo abattakkiriza balisaalilwa omusango ne gubasinga."*

Bikolwa by'abatume 22:16. "*Kaakano olinda ki? Situka obatizibwe, onaazibweko ebibi byo nga bwoyatudde erinya lye."*

1Peetero 3:21. *"Amazzi ago gaali kabonero ak'okubatizibwa mulyoke mulokolebwe kaakano. Kubanga okubatizibwa tekitegeeza kunaazibwako kko lya mubiri wabula kitegeeza kwewaayo eri Katonda nga tumaliridde okukola by'ayagala, ng'atuwadde omutima omulongoofu olw'okukkiriza kwa Yesu Kristo."*

Bikolwa by'abatume 10:44-48. *"[44]. Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo omwoyo omutukuvu nakka kw'abo bonna abaali bawuliriza ekigambo. [45]. Abakkiriza abakomole bangi abawerekera ku Peetero ne beewunya nyo okulaba nga ekirabo eky'omwoyo omutukuvu kifukibwa ne ku baamawanga. [46]. Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala, nga batendereza Katonda. Awo Peetero n'agamba nti [47] waliwo omutu yenna ayinza okuziyiza abantu bano okubatizibwa n'amazzi abafunye omwoyo omutukuvu nga ffe bwe twamufuna? [48]. Bwatyo n'alagira babatizibwe mu linya lya mukama waffe Yesu Kristo. Ne basaba Peetero agira abeera nabo okumala ennaku ntonotono."*

Eby'okuddamu.

1. Omuvubuka ono abuuza kibuuzo ki? **Ayagala kumanya oba okugenda mu ggulu yetaaga kusooka kubatizibwa.**
2. Okusinziira ku Bikolwa by'abatume 10:43 obulokozi bujja butya mu bulamu bwaffe? **Bujja nga bwa buwa ng'ekirabo okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo.**
3. Okubatizibwa kye kikolwa eky'okukkiriza ekibeerawo mu kulokoka. Bikolwa by'abatume 2:38 elaga ki okusinziila ku kyawandiikibwa kino? **Peetero yagamba "mwenenye era mubatizibwe."**
4. Makko 16:16 Amazima gano ekyawandiikibwa kigajjayo etya? **Yesu yagamba oyo akkiriza n'abatizibwa alilokoka" nga ky'ategeeza kiri nti kisoboka okubaawo mu kiseera kye kimu.**
5. Okubatizibwa y'engeri y'okuyita mukama. Bikolwa by'abatume 22:16 ayogera etya ku mazima gano? **Ekyawandiikibwa kigamba nti bwokowoola erinya lya Mukama ebibibyo bijja kunaazibwa. Kirabika nga okukoowola erinya lya**

mukama kyatulwa (Lukka 18:13) oba okuyita mu kubatizibwa nga ekyawandiikibwa bwe kitulaga.

6. Okubatiziba y'engeri y'okuyita Katonda ku lw'obulambulukufu bw'okulowoza kwaffe. Amazima gano 1Peetero 3:21 egakakasa? **Wewaawo.**
7. Okusinziira ku Bikolwa by'abatume 2:38, biki ebyetaagisa mu kubatizibwa? **Kwenenya.**
8. Biki ebyetagisa mu kubatizibwa okusinziira ku Makko 16:16? **Oteekwa okukkiriza.**
9. Omwana omuto asobola okwenenya? **Nedda.**
10. Omwana omuto asobola okulokoka? **Nedda.**
11. Soma Bikolwa by'abatume. Oluvanyuma lw'omukristaayo okukkiriza kristo kiki ekiba kiddako? **Kubatizibwa mu mazzi.**

Omutendera 1
Essomo 9

BWE TUFAANANA MU KRISTO
Bya Andrew Wommack.

2Bakkolinso 5:17. *" N'olwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, abeera kitonde kigya, eby'edda nga biweddewo (bigenze) laba ng'afuuse mugya nate."* Emboozi eno "mu Kristo" ye njogera ekozesebwa emirundi nga 300 mu ndagaano empya, bulijjo nga etulaga enkwatagana enkulu mu nkolagana yaffe ne Katonda. Ekyo kavuna kibeerawo, tufuuka kitonde kiggya.

Kino kiteekawo embeera gye nzikiriza nti nkulu nyo mu kutegeera ky'oli mu Kristo. Ekyo tekyaliwo mu mubiri. Tekyogera ku mubiri gwo nga kitegeeza okukyuka kwagwo, nti endabika yo ekyuka. Omuntu bw'aba yali munene nga tanaba kulokoka, ne bw'anamala okulokoka ajja kusigala nga munene okujjako ng'akyusizza mu by'alya. Ate era tekyogera ku kitundu kyo eky'endowooza oba obwongo bwo – abantu abasinga mwe baloworeza nti mw'ebyo baba be "bbo." Bw'oba nga tewali mugezi nga tonalokoka, tojja kuba mugezi nyo ng'omaze okulokoka, naye era ojja kubeera n'endowooza y'emu era ne by'ojjukira nga bye bimu.

Waliwo ekitundu eky'okusatu, era okusinziira ku kyawandiikibwa kino, mu nkola ey'okwawulamu, kilina okubeera nga kye kitundu kyaffe ekikyusibwa – omuntu waffe ow'omwoyo. Ekyawandiikibwa ekikakasa kino kiri mu **1Basessalonika 5:23.** Pawulo ng'asabira Abasessalonika, "*Katonda ow'emirembe abatukulize ddala era omwoyo gwamwe gwona, n'emmeeme yamwe, n'omubiri gwammwe, bikuumibwenga nga tebiriiko kunenyezebwa okutuusa ku lunaku olw'okujja kwa mukama waffe Yesu Kristo."* Ekyawandiikibwa ekyo kiraga nti tulina omubiri, emmeeme n'omwoyo. Omubiri gwo gulabibwako era twagumanyira, kye kitundu kyange ky'olabako, eky'ebweru. Ffenna tukimanyi nti waliwo ekitundu ekilala ekisukka kw'ekyo, ekitundu eky'ebirowoozo, obusimu oba ekyeneewulira yaffe ebyawandiikibwa bye kiyita emmeeme. Tukimanyi nti omuntu ne bw'aba nga takutte ku mubiri gwo, naye asobola okukwata ku ndowoza yo okuyita mu bigambo, oba birungi , oba bibi. Abantu abasinga bakwasaganya nyo omubiri n'emmeeme, naye okusinziira ku byawandiikibwa waliyo ekitundu ekilala era nga kino gwe mwoyo.

Omwoyo kye kitundu ku ffe ekikyusibwa era ne kiba ekigya oluvanyuma lw'okulokoka. Mu butuufu kye kitundu ekituwa obulamu. **Yakobo 2:26** etugamba, *"Ng'omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutabaamu, n'okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyongera ko bikolwa."* Ekyo kitegeeza nti omwoyo y'atuteekamu oba y'atussizaamu omuka ogw'obulamu mu bulamu bwafe obw'omubiri. Awo obulamu bwaffe we buva. Mu Luberyeberye 2 Katonda bwe yatonda Adamu ne Kaawa, omubiri gwa Adamu gwali gujjudde, naye ate Katonda n'assa omukka ogw'obulamu mu mubirigwe. Ekigambo "mukka" mu Lw'ebulaaniya olw'endagaano enkadde kye kigambo kye kimu naffe kyetukozesa okutegeeza omukka. Era kivuunulwa nti "omwoyo" mu bifo ebirara. Katonda yatonda omubiri, wamu n'ekitundu eky'emmeeme mu Adamu, naye ate n'assa

omuka ogw'obulamu mu bulamu bwe n'alyoka afuuka emmeeme ennamu. Omwoyo kye kitundu kku ffe ekituwa obulamu.

Obulokozi nga tebunaba kubaawo, omuntu okweweerayo ddala, era ne mukama okujja mu bulamu bwe, omwoyo munda mu muntu oyo yali mufu. **Befeeso 2:1**, egamba, *"Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe, ne mu bibi byammwe."* Tukimanyi nti twali balamu nga tetunnaba kulokoka, naye kino kyogera ku bya mwoyo. Ekyo tekitegeeza nti okufa mu bayibuli kwakendeera ng'abantu abamu bwe bakilowooza okuba. Kino kitegeeza "kwawukana." Omuntu bw'amala okufa tekitegeeza nti aweddewo takyaliwo. Bayibuli esomesa nti omuntu oyo agenderawo butereevu okusisinkana Katonda oba okusisinkana ggeyeena. Emmeeme n'omwoyo bisigala bilamu, naye ne byawulwa okuva ku mubiri ogufa era ne guvunda.

Luberyeberye 2:17 bw'egamba nti "olunaku lw'oligulyako tolilema kufa." Tekyategeeza nti balifa okufa okw'omubiri wabula mu mwoyo, baliyawulwa ku Katonda wabwe. Omwoyo, nga gwe mukka Katonda gw'assa mu bulamu bwaffe era ne gutuwa enbavu, gwa yawulwa ku Katonda … ku bulamu bwe obujjuvu era obutukuvu…bayibuli bw;eyita "Zoe" "obulamu" oba obulamu mu butukuvu era ne mu bujjuvu. Olw'omuntu n'atandika okuva ku mulamwa. Wewaawo beeyongerayo n'obulamu, naye nga beetengeredde, nga baawuddwa ku Katonda. Eyo y'ensibuko ya buli kizibu mu bulamu bwaffe…mu neewulila yaffe.

Omuntu bw'ajja eri mukama, afuna omwoyo omujja era n'afuka omulokole, eyo nga y'ejogera Yesu gye yakozesa mu **Yokaana 3:5**. Mu ngeri y'emu omuntu bw'atyo bw'azaalwa mu mwoyo, mu mmeeme, era ne mu mubiri ng'amaze okulokoka, bw'alokoka afuna omwoyo wa Kristo. **Bagalatiya 4:6**. *" Era kubanga tuli baana, Katonda yatuwa omwoyo w'omwana we okubeera mu mitima gyaffe, era kaakano tuyinza okwogera n'eddoboozi ery'omwanguka nti aba kitaffe."* Katonda akikola ng'ateeka omwoyo we munda mu bulamu bwaffe era tulina obulamu obujja ate nga bulungi, enfaanana yaffe mpya, era nga mu mwoyo gwaffe tuli bajja.

Obulamu obw'ekikristaayo obusigadde kuba kuyiga ku mmeeme, endowoza yaffe, era na kiki ekiba kituuseewo mu mwoyo gwaffe. Amazima gali nti kimu kyakusatu ku bulokozi bwo kiba kiwedde bw'omala okufuna Kristo nga mukamawo. Omwoyo gwo gukyukira ddala. Oyo ye mwoyo yenyini gw'ojja okubeera naye emirembe gyonna. Alina okwagala, essanyu n'emirembe, era ajjudde okubeerawo kwa Katonda. Tewali kubulwa oba obutamala mu mwoyo gwo, naye olina okukimanya eyo nga y'ensonga lwaki okusoma ekigambo kya Katonda kikulu nyo eri obulamu obw'ekikristaayo. Oli muntu mujja, naye okutuusa ng'ofunye okumanya, tosobola kukyuka. Obuwanguzi bujja mu bulamu obw'ekikristaayo ng'osobola okusoma ekigambo kya Katonda, bwe bulamu era n'omwoyo, olabe ky'oli, olabe ne mukama ky'akoze, otandike okukikkiriza.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma 2Bakkolinso 5:17. Omuntu bwaba mu Kristo aba afuuse ki?----------
2. Soma 2Bakkolinso 5:17. Biki ebiba bifuuse ebijja?----------
3. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Kiki ekyatuuka ku bintu ebikadde?----------
4. Soma Abaefeeso 2:1. Bwe wali tonaba kulokoka embeerayo yali etya?----------
5. Soma Abaefeeso 2:1. Ng'omuntu ataali mukkiriza , watambulanga otya era wabeeranga otya?----------
6. Soma Befeeso 2:3-5. Katonda muggagga mu ki?----------
7. Soma Befeeso 2:4. Lwaki Katonda musaasizi?----------
8. Soma Befeeso 2:5. Katonda yatukoleraki bwe twali tukyali bafu mu bibi n'ebyonoono byaffe?----------
9. Soma Befeeso 2:5. Katonda yatulokola atya?----------
10. Soma 1 Bakkolinso 6:9-10. Osobola okukwanaganya ebinyonyolwa mu lukalala luno.----------
11. Soma 1Bakkolinso 6:11. Ekigambo "mwali" kya kiseera kya kaakano, ekyayita, oba eky' mu maaso.----------
12. Soma Bakkolinso 6:11. Bwe twalokoka waliwo ebintu bisatu ebyabaawo. Ebitu ebyo bye biluwa?----------
13. Soma Bakkolinso 6:11. Embeera eno yayita ya kaakano oba ya mu maaso? **--------**
14. Soma 1 Bakkolinso 6:17. "Oyo eyegatta ne mukama abeera---------- naye."

Ebyawandiikibwa ebikuyamba mu kuddamu ebibuuzo.

2 Bakkolinso 5:17. "*N'olwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo aba kitonde kijja, ebyedda nga biweddewo laba nga ye afuuse mujja."*

Befeeso 2:1. "*Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe."*

Befeeso 2:2. *"Ebyo byemwatambulilangamu ng'emrembe gy'ensi bwe giri nga mufugibwa omwoyo ogw'omukulu ow'obuyinza mu bbanga, omwoyo gwa setaani, ogufuga abajeemu bonna."*

Befeeso 2:3-5. "*[3]Edda naffe twatambuliranga mu kwegomba kw'emibiri gyaffe, nga tukola ebyo eby'okwegoomba kw'omubiri n'ebirowoozo era okufaanana ko ng'abantu abalala bonna.[4] Kyokka olw'okwagala kwe okungi nekisa kye ekingi [5] ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu nga tuli wamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa."*

1Bakkolinso 6:9-10. "*Oba temumanyi nga abatali batuukirivu tebaliyingira bwa kabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga. Abakaba, newaankubadde abasinza ba katonda abalala, newaankubadde abenzi, newaankubadde abasajja abeeyisa nga abakazi, newaankubadde abalya ebisiyaga, newaankubadde ababbi newaankubadde ab'omululu, newaankubadde abatamiivu, newaankubadde abajerega, newankubadde abanyazi, tebaliyingira mu bwakabaka bwa Katonda."*

1 Bakkolinso 6:11. *"Era abamu ku mmwe mwalinga bo, naye ebibi byammwe byanaazibwa era mwatukuzibwa era mwaweebwa obutuukirivu mu linya lya mukama waffe Yesu Kristo n'Omwoyo wa Katonda waffe."*

1 Bakkolinso 6:17. "*Naye eyeegatta ne mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo."*

Eby'okuddamu.

1. Soma 2Bakkolinso 5:17. Omuntu bwaba mu Kristo aba afuuse ki? **Kitonde kigya.**
2. Soma 2Bakkolinso 5:17. Kiki ekyatuka ku bintu ebikadde? **Byagwawo.**
3. Soma 2 Bakkolinso 5:17. Bintu ki ebyafuuka ebijja? **Byonna.**
4. Soma Abaefeeso 2:1. Bwe wali tonaba kulokoka embeerayo yali etya? **Nnali mufu mu byonoono byange era ne mu bibi byange.**
5. Soma Abaefeeso 2:1. Ng'omuntu ataali mukkiriza , watambulanga otya era wabeeranga otya? **Nagobereranga amakubo ag'ensi, nga mpeereza setaani (omulangira w'ekizikiza) era nabeeranga mu bulamu obw'obujeemu.**
6. Soma Befeeso 2:3-5. Katonda muggagga mu ki? **Mu kusaasira.**
7. Soma Befeeso 2:4. Lwaki Katonda musaasizi? **Olw'okwagala kwe okungi gyetuli.**
8. Soma Befeeso 2:5. Katonda yakola ki bwetwali tukyali bafu mu bibi n'ebyonoono byaffe? **Yatufuula abalamu wamu ne Kristo.**
9. Soma Befeeso 2:5. Katonda yatulokola atya? **Yatulokola lwa kisaakye.**
10. Soma 1 Bakkolinso 6:9-10. Osobola okukwanaganya ebinyonyolwa mu lukalala luno. **Wewaawo.**
11. Soma 1Bakkolinso 6:11. Ekigambo "mwali" kya kiseera kya kaakano, ekyayita, oba ekyo mu maaso. **Kiseera ekyayita.**
12. Soma Bakkolinso 6:11. Bwe twalokoka waliwo ebintu bisatu ebyabaawo. Ebitu ebyo byebiluwa? **Twanaazibwa, twatukuzibwa, twagibwaako omusango mu maaso ga Katonda.**
13. Soma Bakkolinso 6:11. Embeera eno yayita ya kaakano oba ya mu maaso? **Kiseera kya kaakano.**
14. Soma 1 Bakkolinso 6:17. "Oyo eyegatta ku mukama abeera **mwoyo gumu** naye."

Omutendera 1
Essomo 10

BWE TUFAANANA MU KRISTO. (Ekitundu 2).
Bya Andrew Wommack.

Mu ssomo lyaffe eryayita twayogera ku makulu g'okubeera omulokole, nti mu mwoyo gwaffe gukyusibwa. Twakozesa **2 Bakkolinso 5:17**, ekigamba "*N'olwekyo omuntu bwaba mu Kristo nga afuuse ekitinde ekijja; laba ng'ebyedda byona nga bifuuse bijja."* Twatandika okulaba nti omuntu bw'afuuka omulokole, afuna ekyukakyuka eya nnamaddala mu mwoyo gwe era engeri yokka gy'ayinza okuyitamu okumanya ekibaddewo mu mwoyo gwe ayita mu kigambo kya Katonda. Tosobola ku kitegeera kuyita mu bintu ebiri ku ngulu, era tosobola ku kitegeera kuyita mu neewulira yo kubanga ate ekyo kiri mu mmeeme yo, naye nga mu mwoyo gwo waliwo enkyukakyuka ya maanyi nyo.

Leka mbeeko ebyawandiikibwa bye nkuwa ebyaliwo ng'omuntu amaze okutwala Yesu ng'omulokozi we. **Befeeso 4:24** egamba "*era mwambale omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda, mu butuukirivu ne mu kutukuzibwa okw'amazima."* Omuntu bw'amala okulokoka, omwoyo gwe gufuuka mutuukirivu era ne gubeerera ddala mutukuvu. Bayibuli eyogera ku butuukirivu bwa mirundi ebiri.

Waliwo obutuukirivu bwe twekolela okuyita mu bikolwa byaffe, era oteekwa okukuuma obutuukirivu obwo ng'okolagana ne banno. Bw'otakola bulungi era butuufu mukama wo asobola okukugoba ku mulimu, oba muyinza okwawukana n'omwagalwa wo, n'olwekyo oteekwa okuba n'obutuukirivu bwe weekumira. Kati ate Katonda tayagala butuukirivu bwo obwesigame ko. Katonda yakuwa obutuukirivu bwe ye.

2 Bakkolinso 5:21. Egamba nti Katonda kitaffe yafuula omwana ekibi ku lwaffe, ffe tusobole okubeera obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu ye. N'ensonga eyo waliwo obutuukirivu obusukuluma ku buno obw'okungulu bwe tulabako, era nga bwesigamye kw'ekyo Katonda kye yatukolera. Mu mazima twafuna obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu kukkiriza Kristo. Twatondebwa mu butuukirivu era ne mu butukuvu obw'amazima. Tetukulira mu butuukirivu buno wabula tuli batuukirivu. Enyinyonyola enyangu eri nti tuyimiridde bulungi ne Katonda. (tugenda gyali nga bwetuli.)

Katonda atusanyukira nga yeesigama ku Yesu Kristo, awatali kintu kilala kyonna. Omwoyo gwaffe guli awo enkyukakyuka we yali. Twatondebwa mu butuukirivu, mu butukuvu ddala era tuli bitonde biggya. Okusinziira ku **Befeeso 2:10**, *"tuli mulimu gwa Katonda abaatondebwa mu Kristo Yesu okukolanga ebikolwa ebirungi nga Katonda bwe yatuteekerateekera."* Mu mwoyo gwaffe twatuukirira era tetulina kitubulako. Tewaliwo kibi yadde okulemelerwa. **Befeeso 1:13.** Egamba ,"bwe mwamala okukkiriza, mwateekebwako envumbo n'omwoyo oyo eyasuubizibwa."

Abamu ku mmwe muyinza okulowooza, " wewaawo bwe nasooka okulokoka nakkiriza nti nsonyiyidwa ebibi era nti ntukuzidwa era nga buli kimu kiri bulungi, naye okuva

kw'olwo nyonoonye era Katonda mulemeddwa nate." Bwoba nga walemererwa, walemererwa mu bikolwa mu birowoozo naye omwoyo gwo tegwayonoona. Gwateekebwako envuumbo nga bw'olaba omukazi ateeka obutunda mu bbinika n'agisiba n'amala n'ateekako amafuta waleme okubaawo obuwuka obuyingira mu. Katonda yakussaako envuumbo era bwe walokoka wafuna omwoyo omuggya, era ekibi tekiyingila mu mwoyo gwo. Oli mu kifaananyi kipya. Ggwe okusobola okubeera n'enkolagana ne Katonda olina kussa kimu naye era n'omusinza nga weesigamye kw'ekyo kyoli mu mwoyo, so si kyoli mu mubiri.

Kuno kwe kukyusibwa okunene (okukulu) mu bulamu obw'ekikristaayo; nti omuntu alina okukyusa enfanana ye. Weetaaga okukolagana ne Katonda nga teweesigamye ku ky'oli kungulu, era si ku ky'olowooza mu birowoozo byo wabula nga weesigamye kw'ekyo ky'oli mu mwoyo okusinziira ku kiki kye yakukolera. Ogwo gwe mulimu ogwagwa ogutakyukakyuka. Watondebwa mu butuukirivu era mu butukuvu awatali kubuusabuusa. Ekyo kye kitundu kyo eky'omwoyo era okussa ekimu ne Katonda, olina kumusinza mu mazima era ne mu mwoyo. Olina okuyimirira mu kifaananyi kino kyoli okuyita mu Kristo Yesu.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma 1Bakkolinso 6:17 Engeri yokka gye tuyinza okutegeererako nti waliwo enkyukakyuka mu mwoyo gwaffe eri mu kigambo kya Katonda. 1Bakkolinso 6:17 egamba nti kiki ekiba kibaddewo?----------
2. Soma Abaefeeso 3:17. Kristo atuula wa kati?----------
3. Soma Abaefeeso 3:17. Kino kibeerawo kitya?----------
4. Soma 1 Yokaana 5:12. Ani gwe tulina okuba naye tusobole okufuna obulokozi?----------
5. Soma Bakolosayi 1:26-27. Kyama ki ekyali kyakwekebwa emirembe gyona, naye nga kati kimanyidwa.?----------
6. Soma Abaefeeso 4:23-24. Kiki ekyatondebwa mu butuukirivu ne mu butukuvu?----------
7. Soma 2 Bakkolinso 5:21. Tulina butuukirivu bw'ani?----------
8. Soma Abaefeeso 1:4. Omukiriza abeera ayimiridde atya mu maaso ga Katonda?----------

9. Soma Abaefeso 1:9. Tukirizibwa tutya?----------

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

1Bakkoliso 6:17. "*Naye eyeegatta ne mukama waffe bafuuka omwoyo omu."*

Befeeso 3:17. *"Kristo alyoke abeere mu mitima gyammwe, olw'okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu."*

Bakolosayi 11 :26-27. "*[27] Ekyama ekyakwekebwa okuva edda nedda lyona, n'emirembe n'emiremba kaakano kibikulidwa abantu be, be batukuvu be.[27]. Katonda bwatyo bwe yasiima alyoke amanyise abaamawanga obugagga obw'ekitiibwa ky'ekyama ekyo. Ekyama ekyo ye Kristo abeera mu mwe era lye ssuubi ery'ekitiibwa."*

Befeeso 4:23-24. "*[23]Mufuuke baggya olw'omwoyo afuga ebirowoozo byammwe, [24] era mwambale omuntu omuggya eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mu kutukuzibwa okw'amazima."*

2 Bakkolinso 5:21. *"Kubanga oyo ataamanya kibi, yafuuka ekibi ku lwaffe, tulyoke tufune obutuukirivu obuva eri Katonda okuyita mu Yesu."*

Befeeso 1:4. *"Yatulonda okubeera mu Kristo ng'ensi tenatondebwa ffe tubeera batukuvu, abataliiko kya kunenyezebwa mu maaso ge, olw'okwagala kwe."*

Befeeso 1:6. *"Katonda atenderezebwe olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu mwana, gw'ayagala enyo."*

Eby'okuddamu.

1. Soma 1Bakkolinso 6:17 Engeri yokka gye tuyinza okutegererako nti waliwo enkyukakyuka mu mwoyo gwaffe eri mu kigambo kya Katonda. 1Bakkolinso 6:17 egamba nti kiki ekiba kibaddewo? **Omwoyo gwaffe guba gwegasse ne mukama.**
2. Soma Abaefeeso 3:17. Kristo atuula wa? **Atuula mu mutima gwange.**
3. Soma Abaefeeso 3:17. Kino kibeerawo kitya? **Lwa kukkiriza.**
4. Soma 1 Yokaana 5:12. Ani gwe tulina okuba naye tusobole okufuna obulokozi? **Tulina kuba na Yesu omwana wa Katonda.**
5. Soma Bakolosayi 1:26-27. Kyama ki ekyali kyakwekebwa emirembe gyona, naye nga kati kimanyidwa.? **Kristo atuula mu nze oyo nga lye ssuubi eddamu.**
6. Soma Abaefeeso 4:23-24. Kiki ekyatondebwa mu butuukirivu ne mu butukuvu? **Omwoya gwaffe. (Omuntu omuggya ow'omunda.)**

7. Soma 2 Bakkolinso 5:21. Tulina butuukirivu bwani? **Bwa Katonda okuyita mu Kristo Yesu.**
8. Soma Abaefeeso 1:4. Omukiriza abeera ayimiridde atya mu maaso ga Katonda? **Mutukuvu era nga taliiko kunenyezebwa kyonna.**
9. Soma Abaefeso 1:9. Tukirizibwa tutya? **Twakirizibwa okuyita mu mwagalwa wa Katonda Yesu Kristo.**

Omutendera 1
Essomo 11

KIKI EKIBEERAWO NGA OMUKRISTAAYO AYONOONYE.
Bya Don Krow

Olwaleero twagala okulaba ku mutwe ogugamba nti "kiki ekibaawo nga omukristaayo ayonoonye?" Bayibuli etugamba mu **1 Yokana 1:8-9**, *" Bwe twogera nti tetulina kibi twerimba ffekka,era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe tw'atula ebibi byaffe, ye mwesigwa era waamazima okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna."* Ng'abakristaayo bulijjo tuyuugayuuga era twonoona. Ekitufuula eb'enjawulo okuva ku kiri kye twali nga tetunaba kukyuka kiri nti kati twafuna embala empya. Okwonoona kutunakuwaza. Saagala kwonoona. Njagala kubeera mu bulamu obutuukirivu, naye kiki ekibaawo nga nyonoonye? Neetaaga kuddamu kwatula bulokozi? Ekyo bayibuli ky'esomesa? Kale nno mu mbeera eyo, sirina kya kw'ewolereza ate oluusi ndi mubi nyo okusinga ne ku nsi. Kubanga waakiri ensi tebonaabona na kwerariikirira kibi. Nga omukkiriza, ekibi tetuteekedwa kubeera nga tukirowoozaako era nga tukitaddeko essira. **Abaebulaaniya 10:2** ayogera nti okuyita mu kiweebwayo eky'omwana Yesu Kristo, omukkiriza tateekedwa kulowoza ku kibi nate. Mungeri endala ekibi kireme okubeera ekiluubirirwa kyaffe.

Baruumi 4:2 egamba, *"Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa, yaly'enyumirizza, naye si eri Katonda."* Singa obulokozi bwali businziira ku birungi bye tukoze, awo twalibadde twewana n'okujerega ne tujerega. Twalibadde tugamba, "owange Mukama, mubutuufu nsiima bye wakola ku musaalaba, naye nange jjukira ebintu bye nkoze!" kale nno emirembe gyonna tuneekwata ku Yesu ate nga bwe tw'ekwata ne kw'ebyo bye tukoze? Nedda! Katonda yateekateeka obulokozi mu ngeri nti tewali muntu n'omu ateekedwa kw'egulumiza na ku bw'ewaanira mu. Ekitiibwa n'okwenyumiriza bilina kubeera mu mukama waffe Yesu Kristo. (Baruumi 6:23).

Baruumi 4:2 egamba nti singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa bye ye, yalibadde n'ensonga y'okwenyumiriza, naye ekyo si bwe kyali. Ebyawandiikibwa byogera bitya ku ngeri omuntu gy'alokoka? Lwa bikolwa bye? Ibulaimu yabalilwako atya obutuukirivu oba yalangirilwa atya okuba omutuukirivu? Kyava ku bintu bye yakola oba by'ataakola oba kyali nti yakkiriza, yeesiga era ne yesigama ku Katonda okuyita mu kukkiruza? Bayibuli egamba mu Baruumi 4:3. "*Ibulayimu yakkiriza Katonda, era ne kimubalilwako okubeera omutuukirivu."*

Kiki ekindeetera okutereera mu kifo kyange era ne kinkuuma obutazikirira, newankubadde nga waliwo oluusi lwe nemererwa ne ngwa mu kibi? Kiri nti Yesu yeetikka ebibi byange byonna ku musaalaba, era okuyita mu kumukkiriza (si kuyita mu bikolwa byange) najjibwaako omusango. (nafuulibwa mutuukirivu mu maaso ga Katonda.)

Baruumi 4:6 egamba "*Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu ku muntu ono katonda gw'awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye."* Dawudi ow'endagaano enkadde agamba nti walibaawo olunaku okuyita mu ndagaano empya, Katonda walibalila obutuukirivu, okuyimirira obulungi nga teyesigamye ku bikolwa bya muntu. Mu lunyiriri 7 neyeyongera okugamba, "*baweereddwa omukisa abasonyiddwa ebyonoono byabwe, ne baggyibwako ebibi byabwe."* Kino kimala: wa mukisa omuntu oyo Katonda gwatabalilako kibi.**(Baruumi4:7)**. Tekigamba nti atayinza, oluusi taasobole, oluusi anaasobola. Kigamba "wamukisa oyo omuntu Katonda gw'atabalilako bibi bye." Mu lulimi oluyonaani ekyo kitegeeza nti kikakasiddwa, tekikyukakyuka. Kitegeeza taliteeka kibi ku mbalirira yaffe oba ku mutwe gwaffe. Gano ge mawulire amalungi ag'endagaano empya. **Abaebulaaniya 10:16** egamba, "*Eno y'endagaano ggye ndikola nabo, oluvanyuma lw'enaku ezo bw'ayogera Mukama. Nditeeka amateeka gange ku mitima gyabwe era ndiwandiika amateeka gange mu myoyo gyabwe."* Era ekitundu ku kyawandiikibwa ekyo mu lunyiriri 17 kigamba: " *era ebyonoono byo n'ebibi byo siribijjukira nate."*

Kiki ekikukuumira mu kifo kyo, ng'oyimiridde bulungi, newankubadde nga wayonoonye ate n'otafuna budde bwa kwatula kibi ekyo? Okukkiriza kwo mu Yesu kwe kukukuumye. Erinya lye ye Yesu alokola abantu okuva mu bibi bya bwe. (Matayo 1:21).

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Baruumi 4:5. Bantu ba ngeri ki Katonda b'awa obutuukirivu?----------
   ---
2. Soma Baruumi 4:2-3. Katonda alina kye yateeka ku mbalirira ya Ibrayimu nga tannaba kumukkiriza. Kyali kiki ekyo?----------
   ---
3. Soma Baruumi 4:22-24. Singa tukkiriza nga Ibulaimu bwe yakkiriza kiki Katonda ky'ayinza okutubalilako?----------
   ---
4. Soma Baruumi 4:6. Katonda ateeka obutuukirivu (oba okuyimirira obulungi) ku muntu. Londako eky'okuddamu kimu.
   a. Okusinziira ku bikolwa byabwe.
   b. Awatali bikolwa byabwe.
   c. Okusinziira ku ngeri gye bali abalungi.
5. Soma Baebulaniya 10:14. Okutuukirizibwa kw'omukiriza mu maaso ga Katonda kumala bbanga ki?----------
   ---
6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu bufunibwa butya?----------
   a. Mu kubukolerera.
   b. Nga ekirabo.
   c. Mu ku fubira.

7. Ekigambo “kirabo” kitegeeza ki?----------
   ----
8. Okwesiga Yesu ng’omulokozi w’obulamu bwo, olina kumwesiga akutwale wa?
   a. Ku kkanisa.
   b. Mu ggulu.
   c. E Tanzaniya.

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

Baruumi 4:5. “*Katonda tayinza kukusembeza olw’ebikolwa byo. Katonada asembeza aboonoonyi olw’okukkiriza kwebalina mu ye.”*

Baruumi 4:2-3. “ *[2] Singa Ibulayimu yaweebwa obutuukirivu lwa bikolwa yandyenyumirizza, naye si eri Katonda. [3]. Ebyawandiikibwa bitugamba bitya? Ibulayimu yakkiriza Katonda ne kimubalirwa okuba omutuukirivu.”*

Baruumi 4:22-24. “[22]*Era bwekityo ne kimubalirwa okuba omutuukirivu, [23]naye tekyawandiikibwa ku lulwe yekka nti, kyamubalirw okuba obutuukirivu.”*

Baruumi 4:6. “*Kabaka Dawudi naye yayogera kyekimu ku muntu ono gw’awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye.”*

Abaebulaniya 10:14. “*Kubanga olw’ekiweebwayo ekyo ekimu abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw’emireembe gyonna.”*

Baruumi 5:17. “*Oba nga olw’okwonoona kw’omuntu omu okufa kwabuna wonna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n’ekirabo eky’obutuukirivu, tebalisingawo nyo okufugira mu bulamu olw’omuntu omu Yesu Kristo.”*

Eby’okuddamu.

1. Soma Baruumi 4:5. Bantu ba ngeri ki Katonda b’awa obutuukirivu? **Abatamanyi katonda.**

2. Soma Baruumi 4:2-3. Katonda alina kye yateeka ku mbalirira ya Ibrayimu nga tannaba kumukkiriza. Kyali kiki ekyo? **Butuukirivu.**

3. Soma Baruumi 4:22-24. Singa tukkiriza nga Ibulaimu bwe yakkiriza kiki Katonda ky’ayinza okutubalilako? **Butuukirivu.**

4. Soma Baruumi 4:6. Katonda ateeka obutuukirivu (oba okuyimirira obulungi) ku muntu. Londako eky’okuddamu kimu. **B. Awatali bikolwa byabwe.**

5. Soma Baebulaniya 10:14. Okutuukirizibwa kw'omukiriza mu maaso ga Katonda kumala bbanga ki? **Banga lyonna.**
6. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu butoolebwa **Nga ekirabo.**
7. Ekigambo "kirabo" kitegeeza ki? **Ekintu ekikuweebwa nga tokisasulidde.**
8. Okwesiga Yesu ng'omulokozi w'obulamu bwo, olina kumwesiga akutwale

   d. Mu ggulu.

Omutendera 1

Essomo 12.

AMAZIMA AGALI MU KIGAMBO KYA KATONDA.

Bya Andrew Wommack.

Makko 4 ye ssuula esinga okulaga amazima ekigambo kya Katonda kyegalina – amaanyi, embala n'okukkiriza okukirimu. Waaliwo engero nga 10 ezayogerwa ku lunaku lumu. Olina okugerageranya Makko 4 ne Matayo 13 wamu ne Lukka 8 okusobola okukiggyayo obulungi. Mwalimu engero nyinji era ng'olumu kuzzo lwe lw'omusizi n'ensigo. Bayibuli egamba mu Makko 4:26-27, "*Awo yesu n'abagamba nti obwakabaka bwa Katonda bufaananyizibwa n'omusizi asiga ensigo mu ttaka."* Jjukira nti mulunyiriri 14 lugamba nti ensigo eno kye kigambo kya Katonda. Mu mazima Katonda aba takutendeka kubeera mulimi mulungi, naye akozesa obutonde okusobola okukulaga amazima ag'omwoyo. "*Bwe kityo n'obwakabaka bwa Katonda bulinga nga omuntu bw'ateeka ensigo ze mu ttaka n'amala ne yeebaka ne buba ekiro era n'emisana, era ensigo n'emeruka era n'ekula nga tamanyi na kumanya bwe kibaawo."* Kati nzikiriza nti ekyo kikulu nyo. Kigamba nti omuntu ono takitegeera . tamanyi ngeri ki kino gye kibeerawo.

Abantu abamu bagamba ," ky'oyogerako si kitegeera. Okusoma obusomi ekigambo kya Katonda kiyinza kitya okunkyusa, ne kireetera obulamu bwa Katonda okubeera nga bukolera mu nze?" nange si kitegeera, naye mmanyi kimu nti kikola. Siyinza kwesiga kya kuteeka kasigo katono mu ttaka, n'ofunamu omunwe gwa kasooli omunene nga guliko empeke za kasoli ezisoba mu kikumi. Tewali akitegeerera ddala naye kikola era nkubuulira nti bwe kityo bwe kikola. Okusoma ekigambo kya Katonda n'okikkiriza kikole enkyukakyuka mu ndowooza yo, embeera n'okusalawo kwo.

Olunyiriri 28 lugamba, "*Kubwalyo ettaka lireeta ekibala kya lyo."* Ettaka lyakolebwa okukuza ensigo, okumerusa n'okusumulula obulamu obwo. Omutima gwo gwakolebwa lwa kigambo kya Katonda. Okukwata obukwasi bayibuli n'ogyezizika, n'ogiteeka ku meeza yo, oba n'otambulanga nayo tekiriimu makulu. Ekyo tekisumulula maanyi mu bulamu bwo. Olina okutoola ekigambo, okifuule ensigo, kisimbe mu mutima gwo. Bw'okola bw'otyo omutima gwo guteekebwa teekebwa okubala ebibala by'agwo. Kino buteerevu kiggya kukyusa engeri ebintu gye by'ekolamu mu bulamu bwo. Olunyirir lweyongera yo, "*ensigo zisooka okusindika obulimi lwaazo okuva mu ttaka, amatabi ne gaggyako ebirimba bye ngano."* Kino kitegeeza nti waliwo emitendera egiyitibwamu okukula. Abantu baggya gyendi buli kiseera nga bagamba nti bakkiriza Katonda okusobola okufuna ekintu ekirungi, eky'obwaKatonda kye nsobola okukiriziganya nakyo. Naye bwe baba nga tebalina kye baali bakoze, nga tebabuuliranga ku muntu

n'omu njiri ya bulokozi, nkukakasa nti abo abafaanana bwe batyo tebasobola na kubeera ku reediyo oba telefayina nga baweereza.

Ebintu olina kubikolera mu mitendera. Okufuna okuva eri mukama kulimu emitendera, era olugero luno ekyo kye lulaga. Ekisookera ddala olina okutandika, esuubi nerijja, okwo gattako okukkiriza, olwo nno n'olyoka olaba ebibala. Okutuuka ku buwanguzi era oyita mu mitendera. Tewali adduka mbiro n'abuuka kutuuka ku mita 1000, wabula bonna batandikira ku zero. Newankubadde okuyayaana kuno kwa bwa Katonda eyo si y'ebeera enkola. Ekyawandiikibwa kiraga nti ekigambo kya Katonda kiringa ensigo. Ekigambo kirina okusimbibwa mu mutima gwo, olwo ne kitandika okukula mu mitendera: Okusooka n'omutunsi, amatu, olw'ebirimba ne bilyoka bijja. Olunyiriri oluddako lugamba nti "*eggaano bw'eyengera omusizi ayanguwa mangu n'akwata akayuuyo kubanga amakungula gatuuse."* Wabaawo emitendera naye ekiseera kituuka n'okungula mu ngeri ey'ekikulu.

Mu lunyiriri 35 amakulu gavaayo, "*ku lunaku olwo ng'obudde buwuungedde, Yesu n'agamba abayigirizwa nti tuwunguke tugende emitala."* Olunaku lwona Yesu yali abasomesa ku maanyi agali mu kigambo, ng'ekigambo bwe kiringa ensigo, nga bwe kiyinza okusumulula obulamu bwa Katonda mu bulamu bwo. Yali amaze olunaku ng'asomesa ku kino mu ngero kkumi era wano abawa ekigezo. Abagamba nti "kale ekigambo kiikino – tusomoke tugende ku mutala omulala." Teyabagamba nti "tulinye mu lyato tugende tubbire wakati mu Nyanja," wabula yagamba "tuwunguke tugende emitala." Awo n'ayingira mu lyato, neyeebaka. Ekigambo kigamba nti omuyaga ogw'amaanyi ne gujja ne gukuba eryato. Olina okujjukira nti eryato lino teryalina kayumba ka kwebakamu wansi walyo nti Yesu gye yali yeebase n'atatoba alyoke aleme okuwulila ebyali bigenda mu maaso. Eryato lyali lya kyangaala era Yesu yali yeebase, ng'atengejjera mu mazzi. Ensonga lwaki kino kikulu eri, nti yali amanyi ekyali kigenda mu maaso, naye yali akyagezaako kwebaka. Abayigirizwa ne kibatawanya obwongo, ne bajja gyali ne bamugamba nti, "mukama waffe tofaayo nga tufa" mu ngeri endala, "baako ky'okola, funa akalobo nawe osenemu amazzi, baako ky'okola. Tuli mu kukendeeza buzito."

Emirundi mingi abantu bakola ekintu kye kimu ku Katonda nga bagamba nti, "ayi Katonda lwaki tolina kye wakozewo?" Katonda alina ky'akozeewo – atuwadde buli kimu kye twetaaga okuyita mu mutango ogwa Yesu Kristo. Ataddewo ekigambo kye n'atuwa ensigo zino zonna. Mulimu gwaffe okubisiga mu mitima gyaffe. Atuwadde ekyawandiikibwa ekyo, era mulimu gwaffe okutwala ensigo, tugiteeke mu mitima gyaffe, tugifumintirizeeko okutuusa nga kisumuludde obulamu. Wabula abayigirizwa baayagala okuzuukusa Yesu nga bagamba, "lwaki tobaako ky'otukolera?" yazuukuka n'alagira empewo n'embuyaga okukoma era ne bikoma. N'akyukira abayigirizwa n'abagamba, "lwaki mutya bwe mutyo? Lwaki temulina kukkiriza?" teyagamba nti, "banange! Munsonyiwe! Mbadde nina okubaako kye nkola." Nedda. Omulimugwe gwali gwa

kubasomesa kigambo na kubawa bisuubizo, era kye baali balina okukola kya kutwala kigambo kino, era bakkirize ebisuubizo. Katonda yateekawo buli kimu ku nsi eno okuyita mu Yesu Kristo. Yakuwa buli ekyetaagisa okukulaakulana, mu buli kitundu kya bulamu bwo mu ngeri ey'ensigo era nga kye kigambo. Gwe ky'olina okukola kwe kutwala ensigo ey'ekigambo kya Katonda, ozisimbe mu mutima gwo okuyita mu ku kisoma, okukifumiitirizaako, okukilowoozaako, era okileke kisimbe emmizi munda mu ggwe. Bwe tunaakola tutyo, tuggya kusobola okuyimirila tuziyize omuyaga mu bulamu bwaffe.

Nzikiriza nti Katonda kye yali ayagaliza abayigirizwa kwe kutwala okuyigirizibwa kwa Yesu kwe yabawa ku lunaku olwo bagambe nti, "ka tuwunguke tugende emitala." Baaligambye nti, "okusinziira ku by'atusomesezza olwaleero, kino kisuubizo. Ono eyayogera bino nti tuwunguke tugende emitala w'eri, ye mutonzi w'ensi yonna so teyagamba tugende wakati mu nyanjja tubbire. Baalitutte ebigambo bino, ne babitabula n'okukkiriza ne bagoba omuyaga n'empewo. Ekyo Yesu kye yayogerera ddala: Mwe abalina okukkiriza okutono, lwaki mwabuusabuusizza?" Mumanyi? Tulina okukkiriza ekigambo kya Katonda.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Matayo13:19. Bwe tutasiga kigambo kya Katonda mu mitima gyaffe, kiki ekinabaawo?----------
   ---
2. Soma Yoswa 1:8. Ddi lwe tulina okufumintiriza ku kigambo kya Katonda?--------
   ---
3. Okusinziira mu Yokaana 6:63. Okusinziira ku lunyiriri luno ekigambo kya Katonda kye ki?----------
   ---
4. Soma Matayo 4:4. Omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka wabula na kiki?----
   ---
5. Soma Befeeso 6:17. Ekigambo kya Katonda kiringa kya kulwanyisa ki?----------
   ---
6. Ekitala kiyinza okukosa omulabe? **----------**
7. Soma Baruumi 8:6. Tufuna ki nga tuwadde ekigambo kya Katonda ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe?----------
   ---

8. Soma 2Bakkolinso 3:18. Ekyo kye tuteekako ebirowoozo byaffe enyo kye kijjula mu bulamu bwaffe. Kiki kye tulina okuteekakao ebirowoozo?----------
---

Ebyawandiikibwa ebikuyamba mu kuddamu ebibuuzo.

Matayo 13:19. "*Ensigo eyagwa ku mabali g'ekkubo efaanana ng'omuntu n'atakitegeera omulabe setaani n'ajja n'akimubbako okuva kumutima."*

Yoswa 1:8. "*Ekitabo kino eky'amateeka tekikuvanga mu kamwa, on'okifumintirizangako emisana n'ekiro, olyoke oteekenga mu nkola ebyo bye kikulagira era bwotyo bw'oneefuniranga obuwanguzi n'okukulakulana."*

Yokaana 6:63. "*Myoyo Mutukuvu y'awa obulamu, omubiri teguliiko kye gugasa. Ebigambo bye njogedde gye muli gwe Mwoyo era bwe bulamu."*

Matayo 4:4. "*Naye Yesu n'adamu nti kyawandiikibwa nti omuntu tabeera mulamu na mmere yokka wabula na buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."*

Befeeso 6:17. "*Obulokozi bubafuukire enkoofiira gye mwanbadde, n'ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky'omwoyo."*

Baruumi 8:6. *"Okulowooleza mu by'omubiri kwe kufa, bwe bulamu n'emirembe."*

2 Bakkolinso 3:18. "*Kaakano ffe ffenna amaaso gaffa nga gabikkudwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaakayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusibwa okumufaanana okuva mu kitiibwa okutuuka mu kitiibwa, ekiva eri mukama waffe mwoyo."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Matayo13:19. Bwe tutasiga kigambo kya Katonda mu mitima gyaffe, kiki ekinabaawo? **Omubi asobola okukitwala ne kitabaako kye kikola mu bulamu bwaffe.**

2. Soma Yoswa 1:8. Ddi lwe tulina okufumintiriza ku kigambo kya Katonda? **Emisana n'ekiro.**

3. Okusinziira mu Yokaana 6:63. Okusinziira ku lunyiriri luno ekigambo kya Katonda kye ki? **bulamu era mwoyo.**

4. Soma Matayo 4:4. Omuntu tabeera mulamu lwa mmere yokka wabula na kiki? **Buli kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda.**

5. Soma Befeeso 6:17. Ekigambo kya Katonda kiringa kya kulwanyisa ki? **Kitala.**

6. Ekitala kiyinza okukosa omulabe? **Wewaawo.**

7. Soma Baruumi 8:6. Tufuna ki nga tuwadde ekigambo kya Katonda ekifo ekisooka mu bulamu bwaffe? **Tufuna obulamu n'emirembe.**

8. Soma 2Bakkolinso 3:18. Ekyo kye tuteekako ebirowoozo byaffe enyo kye kijjula mu bulamu bwaffe. Kiki kye tulina okuteekakao ebirowoozo? **Mukama wamu n'ekigambo kye.**

Omutendera 1

Essomo 13

KATONDA TALINA MUSANGO.

Bya Andrew Wommack.

Olwaleero njagala okugabana ku kimu ku bintu ebisinga obukulu Katonda bye yali akoze mu bulamu bwange. Kirabika nti buli kintu ekibaawo mu bulamu bw'abantu balowooza nti kiva wa Katonda, nti buli kimu kitambulira ku ye. Ensonga ereeta kino ye y'okuba nti Katonda asukulumye mu maanyi, balowoza nti buli kimu ekituuka ku bulamu bwaffe y'akifuga oba kiva ku ye. N'abatali balokole bwe batyo bwe bakkiriza. Waliwo abakristaayo bangi abasaasanya enjigiriza eno n'enywerera dalla mu bulamu bwabwe. Nzikiriza nti ebyawandiikibwa kye biyigiriza kikontana ne kino, era kikulu gwe oyige ku kino. Yakobo 1:13-17, bayibuli egamba, "*Omuntu yenna bw'akemebwanga aleme okugamba nti Katonda ye yamukemye, kubanga Katonda takemebwa era naye yenyini takema muntu n'omu na bubi. Naye buli muntu akemebwa ng'okwegomba kwe okubi bwe kuli, n'asendebwasendebwa. Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi n'ekibi bwe kikula, ne kizaala okufa. Noolwekyo ab'oluganda abagalwa, temulimbibwalimbibwanga. Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri kitaffe, eyatonda eby'omubbanga ebyaka, atakyukakyuka okwefuula ekirara."*

Ebyawandiikibwa bino bikirambulula bulungi nti Katonda ye nsibuko y'ebintu byonna ebirungi. Yesu yagamba mu **Yokaana 10:10,** " *Omubbi kyajirira, kwe kubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu era zibe nabwo mu bujjuvu."* Bwe kiba ekirungi kya Katonda, bwekiba ekibi ekyo kya setaani. Eyo njigiriza nyangu. Ensonga lwaki kino kya kya bulabe eri mu **Yakobo 4:7.** "*Kale mugondere Katonda era muziyize setaani, naye an'abadduka."* Kino kitegeeza nti tulina kw'ewaayo eri Katonda abe nga yafuga era tuziyize setaani. Ekigambo kuziyiza mu butuufu kitegeeza kulwanyisa oba kulemesa.critical

Abantu bwe bakkirirza nti buli kimu ekibatuukako kiva wa Katonda – eky'okulabirako, obulwadde, okulemererwa mu bbizineesi, okufiirwa omulimu, abaana abajeemu, oba okwawukana mu maka, ekyo ne kibaleetera okugwamu amaanyi. Bwebaba nga bakkiriza nti Katonda y'ali emabega w'embeera era nga akikozesa okulaba ng'ababonereza basobole okukyuka, bayinza okuba nga bamulwanyisa era nga gwe baziyiza. So ng'ate yakobo 4:7 atugambye kuziyiza setaani naye anaabadduka. Olina kugondera mukama. Kino kiraga nti ebintu ebimu bya Katonda ate ebirara biva wa setaani. Mu nsi muno mulimu amaanyi g'ekibi, era si buli ekibeerawo mu bulamu bwo nti kiva eri Katonda. Ekyo bw'otakitegeera oyinza okumaliriza nga ogondedde setaani era nga mu mazima gw'owa amaanyi.

Waliwo ekyawandiikibwa kye njagala okukulaga okuva mu Baruumi, kubanga emirundi mingi kikozeseddwa bubi. Mu butuufu mbadde nyo mu kuziika, gye nsanze abantu abatamanyi Katonda, tebagenda na mu kkanisa kusaba, nga okumanya kwabwe ku byawandiikibwa kutono nyo nyini, naye nga kino bakimanyi. Baruumi 8:28 egamba, "*Era tumanyi nga eri abo abagala Katonda era abo abaayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi."* Kati kino kivuunudwa mu ngeri nti buli kintu ekikutuukako, Katonda akikoze olw'obulungi mu ngeri emu oba endala. Nagendako mu kuziika okumu ng'abagenzi, omuwala n'omulenzi baali bakozesezza ebitamiiza n'ebilagalalagala, ne bayingira emmotoka ne bavuga ku luguudo oluseerera emisinde emiyitirivu, era emmotoka yabwe yaseerera mu kkoona n'etomera omuti gw'esimu bombi ne bafa. Omubuulizi yagyayo ekyawandiikibwa kino "tumanyi nga buli kimu kigya olwo bulungi." N'alyoka agamba nti Katonda alina ensonga lwaki yakoze kino. Katonda si ye yatta abavubuka bano mu butuufu at'era setaani si ye yabatta. Bbo be betta. Nkakasa nti setaani ye yabasendasenda okuva ku bilagiro bya bakadde baabwe n'ebirara bye baabayigiriza, naye ne kiba nga bwe batyo bwe baasalawo. Bbo benyini beebasalawo okunywa omwenge, n'ebilagalalagala, beebaatomera omuti gw'esimu. Ekyo kyali kintu kyabutonde era Katonda si ye yabileeta.

Ekigambo bwe kiganba nti " tukimanyi nti byona bibatuukako olw'obulungi," ekisookera ddala tekigambye nti byona biva wa Katonda era bibakolera olw'obulungi. Kigambye nti bibakolera olw'obulungi era ne kigattako ebigenderako:… "eri abo abagala Katonda." Ekyo ky'elaga kyoka nti tekirina kugenda nga kyeyogerako, naye kyewunyisa engeri abantu gyebakikozesa mu mbeera nga eno ey'abavubuuka bano abaali bakozesa ebilagala n'omwenge nga bali mu bugyemu bwenyini eri Katonda n'ennono ze, kyoka ne bagamba nti Katonda y'akikoze. Kino kitugamba nti kikola olw'obulungi eri abo abagala Katonda, n'eri abo abaayitibwa olw'omulimu gwe.

Mu **1Yokaana 3:8**, egamba, *"naye buli akola ekibi wa setaani kubanga okuva oluberyeberye setaani akola bibi, omwana wa Katonda kye yava alabisibwa azikirize ebikolwa bya setaani."* Katonda yatweyoleka alyoke amalewo emirimu gya setaani. Ekyo kye kigendererwa kye era kigya kkola olw'obulungi eri abo abamwagala era abayitibwa olw'okumuweereza, kwe kugamba abo abakolera mu kuyitibwa kuno, abaziyiza setaani, era abamaliridde okuzikiriza emirimu gya setaani. Abo abaziyiza setaani era nga babeerawo ku lwa Katonda be basobola okugamba nti kyona setaani kyayinza okukola mu bulamu bwabwe, Katonda asobola okukikyusa ne kifuuka ekirungi.

Tulina okutandika okwawula nti Katonada si y'ali emabega wa buli kintu mu bulamu bwaffe. Waliwo omulabe ajja okutta, okubba, n'okuzikiriza, naye Yesu yajja okutuwa obulamu. Tulina kusalawo kutwala bulamu era tulina okukimanya nti Katonda talina musango gwa kubeera mabega wa buli kintu ekitulumba.

Katonda singa yali muntu owa bulijjo, akola ebintu ebimuteekebwako nga, okuleeta kansa, obulemu, okunyigirizibwa, ennaku, n'obunyiikaavu, nkukakasa tewali gavumenti kunsi kuno etaalimukutte kumuteeka mu kkomera oba okumuziyiza. So nga ate tulowooza nti Katonda alina okusaasira okussukkiridde okusinga okw'omuntu omulala yenna, gwe twali tulabye oba gwe twali tuwulidde mu bulamu bwaffe bwona, y'agenda ng'akuba abantu era ng'akola ebyo byonna. Waliwo ebintu ebimu ebireetebwa emizimu ate n'ebimu nga bya butoonde, kale no si buli ekizikiriza nti kiva wa Katonda. Ebitongole ebya yinsuwa birina engombo egamba, " ebikolwa bya Katonda nga musisi, n'ebiwuka bi nnamuzisa." Nedda! Katonda tali mabega wa bino byonna.

Ebibuuzo by'obuyigiriza.

1. Soma Yakobo 1:13. Katonda y'aleetera abantu okukemebwa?----------
2. Soma Yakobo 1:17. Ebirabo ebirungi bivaa wa?----------
3. Soma Yokaana 10:10. Omubbi y'ani?----------
   ---
4. Soma Yokaana 10:10. Ebigendererwa bye by'ebiruwa?----------
   ---
5. Soma Yokaana 10:10. Nsonga ki eyaleeta Yesu?----------
   ---
6. Soma Yakobo 4:17. Kiki ekiva mu kugondera Katonda n'oziyiza setaani?----------
   ---
7. Baruumi 8:28. Egamba etya? Nti ebintu byona biva wa Katonda?
8. Soma Bikolwa by'abatume 10:38. Obulwadde buva eri Katonda?
9. Soma 1 Yokaana 3:8. Omwana wa Katonda yalabisibwa lwa nsonga ki?----------
   ---

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Yakobo 1:13. "*Omuntu yenna bw'akemebwanga tagamba nti Katonda ye yankemye. Kubanga Katonda takemebwa era naye yenyini takema muntu n'omu na bubi."*

Yakobo 1:17. "*Bili kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri kitaffe, eyatonda eby'omubbanga ebyaka, atakyukakyuka newankubadde okwefuula."*

Yokaana 10:10. "*omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu era zibe nabwo mu bujjuvu."*

Yakobo 4:7. "*Kale mugondere Katonda era muziyize setaani, naye an'abadduka."*

Baruumi 8:28. "*Era tumanyi nti eri abo abagala Katonda, era abo abayitibwa nga okuteesa kwe bwekuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi."*

Bikolwa by'abatume 10:38. "*Era tumanyi bulungi Yesu omunazaaleesi, nga Katonda bwe yamufukaako amafuta ag'omwoyo omutukuvu, n'amaanyi, eyatambulanga ng'agenda akola ebirungi ng'awonya abaanyigirizibwanga setaani kubanga Katonda yali naye."*

1 Yokaana 3:8. *"Omwana wa Katonda kye yava ajja mu nsi azikirize ebikolwa bya setaani."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Yakobo 1:13. Katonda y'aleetera abantu okukemebwa? **Nedda.**
2. Soma Yakobo 1:17. Ebirabo ebirungi biva wa? **Biva wa kitaffe Katonda.**
3. Soma Yokaana 10:10. Omubbi y'ani? **Setaani.**
4. Soma Yokaana 10:10. Ebigendererwa bye by'ebiruwa? **Kubba, kutta, n'okuzikiriza.**
5. Soma Yokaana 10:10. Nsonga ki eyaleeta Yesu? **Yajja okutuwa obulamu mu bujjuvu.**
6. Soma Yakobo 4:17. Kiki ekiva mu kugondera Katonda n'oziyiza setaani? **Setaani akudduka.**
7. Baruumi 8:28. Egamba etya? Nti ebintu byona biva wa Katonda? **Nedda.**
8. Soma Bikolwa by'abatume 10:38. Obulwadde buva eri Katonda? **Nedda.**
9. Soma 1 Yokaana 3:8. Omwana wa Katonda yalabisibwa lwa nsonga ki? **Okuzikiriza emirimu gya setaani.**

Omutendera 1

Essomo 14.

AMAANYI G'OBULAMU OBWAJJUZIBWA OMWOYO OMUTUKUVU.

Makko 16:15-16 emanyidwa nga **eddimu eddene**. Yesu yagamba abayigirizwa be, *"Kale mugende mu nsi yona mubuulire enjiri eri buli kitonde kyona. Akkiriza n'abatizibwa alilokolebwa; naye oyo atakkiriza alisalilwa omusango era guli musinga."* Mu **Bikolwa by'abatume 8:5** ne 12 tulaba engeri omulimu guno gye gwa kolebwamu okuyita mu kubuulira kwa Firipo ng'ali mu Samalia. *"awo Firipo n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya, n'abuulira abantu enjiri ya Kristo…. Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinya lya Yesu Kristo, abasajja n'abakazi ne babatizibwa."*

Ekibuuzo kiri nti abantu bano aba Samaliya baafuuka abakristaayo okusisnzira ku makko 16:15-16? Wewaawo. Firipo yagenda mu kibuga kya Samaliya, ng'abuulira Kristo era okuyita mu kukkiriza Kristo abakazi n'abasajja baabatizibwa. Kati okusinziira ku mulimu omunene tuyinza okugamba nti abantu baalokoka, naye baali bafunye okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu? commission

Bayibuli eyogera ku Yokaana ng'abatiza n'amazzi, naye Yesu Kristo yekka ye yali asobola okubatiza n'omwoyo omutukuvu. Okusinziira ku byawandiikibwa abantu bakkiriza, baalokoka, era ne babatizibwa n'amazzi, naye tebaafunanga kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. **Bikolwa by'abatume 8:14-17** egamba, "*awo abatume abaali mu Yeerusaalemi bwe baawulira ng'abantu mu Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana. Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bonna abaggya, bafune omwoyo omutukuvu; kubanga yali tanaba kubakkako kubanga baali baabatizibwa mu linya lya mukama waffe Yesu kyokka. Awo Peetero ne Yokaana ne bassa emikono gyabwe ku bakkiriza abo ne bafuna Omwoyo Omutukuvu."*

Tusobola okukiraba mu byawandiikibwa nti kubanga omuntu akkiriza, abatizidwa, era n'alokoka, tekitegeeza nti aba abatizidwa n'omwoyo omutukuvu. Omwoyo omutukuvu abeera azze mu bulamu bwabwe – mu **Yokaana 20:22** tulaba nga Omwoyo omutukuvu yazza buggya abayigirizwa – naye ku lunaku lwa Pentekoote lwe baabatizibwa n'Omwoyo Mutukuvu, era Katonda kwe yabajjuliza amaanyi. Waliwo enjawulo wakati w'okwanguyirizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'okubatizibwa Omwoyo Omutkuvu ng'aze ku muntu. Wabaawo okunyikibwa mu Mwoyo Omutukuvu ajja ku muntu era n'amujjuza amaanyi. Newankubadde omuntu aba amaze okulokoka, tekitegeeza nti abeera amaze okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

Ekigambo kya Katonda kigamba mu Bikolwa by'abatume 19:1-2 nti "*awo Apolo ng'ali mu Kkolinso, Pawulo n'atambula ng'ayita ku lukalu n'alaga mu Efeso. N'asanga yo*

abayigirizwa bangiko, n'ababuuza nti bwe mwakkiriza mwafuna Omwoyo Omutukuvu? Ne bamuddamu nti nedda tetuwuliranga nti waliyo Mwoyo Mutukuvu." Pawulo n'agamba, "Bwe muba nga temwabatizibwa na Mwoyo Mutukuvu bwe mwalokoka, olwo mwabatizibwa na ki?" Ne bamuddamu nti, "twabatizibwa okubatiza kwa Yokaana omubatiza." Nzikiriza nti Pawulo yali yayigiriza bulungi nyo ku kya Yesu okubeera nga ye Kristo era abakristaayo bano ne beezula mu Kristo okuyita mu kubatizibwa. Mu nyirir 6-7 zigamba, "*Pawulo bwe yabasaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi empya era n'okuwa obunnabbi. Bonna baali abantu nga kkumi na babiri."*

Newankubadde ng'abantu bano baali abayigirizwa abaali bakiriza Masiya eyali ow'okujja, baali tebabatizibwanga na Mwoyo Mutukuvu. Omuntu asobola okubeera omulokole, era n'abatizibwa n'amazzi, nga tabatizidwa na mwoyo mutukuvu. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kya njawulo ku kukyusibwa.

Newankubadde nga nsobola okubatiza omuntu mu mazzi, sisobola kumubatiza na Mwoyo mutukuvu, Yesu yekka y'asobola okukola ekyo. Bw'oba tosabanga Yesu kukubatiza na Mwoyo Mutukuvu, lwaki tomusaba kaakano? **Lukka 11:13** egamba, *"Kale oba nga mmwe ababi muuwa abaana bamwe ebirungi, kitammwe ali mu ggulu talisingawo nyo okubawa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba?"* lwaki tomusaba olwaleero?

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Makko 16:16. Era osome Bikolwa by'abatume 8:5 ne 12. Abantu ab'ogedwako mu bikolwa 8:12 baalokoka? ----------
2. Soma Bikolwa by'abatume 8:14-16. Abantu bano baali baabatizibwa n'Omwo Omutukuvu? ----------
3. Soma Bikolwa by'abatume 19:1-5. Abantu bano bakkiriza? ----------
   ----
4. Soma Bikolwa by'abatume 19:6-7. Baali bamaze okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu?----------
5. Lukka 11:13. Etugamba ki kye tulina okukola okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu?----------
6. Soma 1Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?--
   ----
7. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?----------
8. Soma 1 Bakkolinso 14:16-17. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki?----------

9. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. Omuntu bw'aba ng'ayogera mu nnimi, mwoyo omutukuvu yaba ayogera oba ye yenyini y'abeera ayogera? ----------
---
10. Some Bikolwa by'abatume 2:4. Ani awa omuntu okwatula?----------
---

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Makko 16:16. *"Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balilokolebwa, naye abo abatakirizza balisalirwa omusango ne gubasinga."*

Bikolwa by'abatume8:5, 12. "*[5] Awo Firirpo n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya, n'abuulira abantu enjiri ya Kristo. [12] Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinya lya Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa."*

Bikolwa by'abatume 8:14-16. *"[14]Awo abatume abaali mu Yeelusaalemi bwe bawulira ng'abantu mu Samaliya bakkiriza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana. [15] Bwe baatuuka ne basabira abakkiriza bonna abggya bafune Omwoyo Omutukuvu[16] kubanga yali tannaba kubakkako kubanga baali baabatizibwa mu linya lya mukama waffe Yesu kyokka."*

Bikolwa by'abatume 19:1-5. *"[1]. Awo Apolo ng'ali mu Kkolinso, Pawulo n'atambula ng'ayita ku lukalu n'alaga mu Efeso.n'asanga yo abayigirizwa bangiko, [2] n'ababuuza nti bwe mwakkiriza mwafuna Omwoyo Omutukuvu? Ne bamuddamu nti nedda tetuwulira nga nti waliyo Mwoyo Mutukuvu. [3]. N'ababuuza nti kale mwabatizibwa kuyingira mu ki? Twakkiriza ebyo Yokaana omubatiza bye yatuyigiriza. [4]. N'agamba nti Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya eri abantu ng'agamba nti agenda okujja oluvanyuma lwe bamukkirize. Kino kitegeeza nti ye Yesu. [5]. Bwe baawulira ebyo ne babatizibwa mu linya lya mukama waffe Yesu."*

Bokolwa by'abatume 19:6-7. *"[6]Paulo bwe yabassaako emikono, Omwoyo omtukuvu n'ajja ku bbo, ne boogera ennimi ne balagula [7] abantu bonna baali nga kumi na babiri."*

Lukka 11:13. "*Kale oba nga mwe ababi muwa abaana bammwe ebirungi, kitammwe ali mu ggulu talisinga nyo okubawa omwoyo omutukuvu abo abamusaba?"*

1 Bakkolinso 14:2. "*Kubanga ayogera mu nnimi tayogera na bantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanmga tewali n'omu ategeera by'agamba."*

1 Bakkolinso 14:14. *"Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera omwoyo gwange gusaba naye okutegeera kyange tekubala bibala."*

1 Bakkolinso 14:16-17. *"Kubanga bw'otendereza Katonda mu mwoyo gwo, omuntu atategeera kyogamba ayinza atya okuddamu nti Amiina! Ng'omalirizza okwebaza nga ebigambo eby'ebaziddwa tabiteedde? Wewaawo oyinza okuba nga weebaziza Katonda naye nga omulala tagasibwa."*

Bikolwa by'abatume 2:4. "*Bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwgera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Makko 16:16. Era osome Bikolwa by'abatume 8:5 ne 12. Abantu ab'ogedwako mu bikolwa 8:12 baalokoka? **Wewaawo.**
2. Soma Bikolwa by'abatume 8:14-16. Abantu bano baali baabatibwa n'Omwo Omutukuvu? **Nedda.**
3. Soma Bikolwa by'abatume 19:1-5. Abantu bano bakkiriza? **Wewaawo.**
4. Soma Bikolwa by'abatume 19:6-7. Baali bamaze okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu? **Nedda.**
5. Lukka 11:13. Etugamba ki kye tulina okukola okusobola okufuna Omwoyo Omutukuvu? **Kumusaba.**
6. Soma 1Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki? **Aba ayogera buterevu ne Katonda era ng'ayogera byama.**
7. Soma 1 Bakkolinso 14:14. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki? **Omwoyo guba gusaba Katonda.**
8. Soma 1 Bakkolinso 14:16-17. Omuntu bw'ayogera mu nnimi empya abeera akola ki? **aba awa Katonda omukisa era nga yeebaza.**
9. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. Omuntu bw'abeera ng'ayogera mu nnimi, mwoyo omutukuvu yaba ayogera oba ye yenyini yaba ayogera? **Omuntu yenyini.**
10. Some Bikolwa by'abatume 2:4. Ani awa omuntu okwatula? **Mwoyo mutukuvu.**

Omtendera 1.
Essomo 15.

EGERI GY'OKUFUNAMU OMWOYO OMUTUKUVU.
Bya Don Krow.

Olwaleero tugenda kwogera ku ngeri gy'ofuna omwoyo omutukuvu. **Bikolwa by'abatume 10:1.** "*Awo mu kibuga Kayisaliya mwalimu omusajja omuserikale erinya lye Koluneeriyo, eyakuliranga ekitongole ky'abaserikale ekimu ekyayitibwanga ekitaliyano."* Kino kyali kitiibwa kya buserikale gamba nga Kapiteeni atwala ekibinja. Olunyiriri 2 lweyongera okugamba, *"Yali ayagala nnyo Katonda era ng'amussamu nnyo ekitiibwa ye n'ab'omumaka ge bonna, ng'agabira nnyo abaavu era ng'asaba Katonda bulijjo."* Yali mutuukirivu, yakolanga ebintu ebituufu, yawanga abeetaaga sente nyingi nnyo, era bayibuli egamba nti yasabanga Katonda bulijjo. Naye tugenda kukizuula era kijja kutwewunyisa nti newankubadde nga yakolanga bulungi, newankubadde yali atya Katonda era nga musabi nnyo, teyalina nkolagana na Katonda okuyita mu Yesu Kristo.

Mu nyiriri 3-6 bayibuli egamba, *"Lwali lumu ku ssawa nga mwenda ez'olweggulo, n'ayolesebwa n'alabira ddala malayika wa Katonda ng'ajja gyali, n'amuyita nti Koluneeriyo! Koluneeriyo n'amutunuulira enkaliriza ng'atidde nnyo. N'amubuuza nti mukama wange ogamba ki? Malayika n'amuddamu nti, Katonda awulidde okusaba kwo era n'okugaba kwo eri abaavu akulabye, bwatyo n'akujjukira. Kale nno tuma basajja bo e Yopa bakimeyo omuntu erinya lye Simooni era ayitibwa Peetero ajje akukyalire. Abeera wa Simooni omuwazi w'amaliba era enju ye eri ku lubalama lw'enynja. Oyo an'akubulira ky'olina okukola."*

Wadde nga omusajja ono yali atya Katonda, mutuukirivu mu kukola ebintu ebituufu era nga mu maaso ga Katonda yali musabi nyo, yaweerezebwa malayika eyamutuma okuyita Simooni Peetero, eyali alina okumuwa eky'okukola. Tulaba mu **Bikolwa by'abatume 10:43** ekituufu Peetero kye yalagirwa okugamba omusajja ono: *"era ne bannabbi bonna baamuwera obujulizi nti buli amukkiriza asonyiyibwa ebibi mu linya lye. [okuyita mu linya lya Yesu.]"* Kino tekyewunyisa? Omusajja ono eyalina bino byona nga birunji, teyalina nkolagana na Katonda okuyita mu Yesu Kristo. Katonda yagamba nti " wewaawo by'okola birungi nnyo, biyitirivu era siyinza kubyelabira, naye kankubuulire kye ngenda okukola, nkuwerezza malayika akulagire okuyita Peetero oyo no anakuwa eky'okukola. Mu Bikolwa 10:43, Peetero nga agenze ewa Koluneeriyo, yagamba, "buli amukkiriza [mukama waffe Yesu Kristo] an'asonyiyibwa ebibi bye."

Kati laba ekyaliwo. "*Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu n'akka ku bonna abaali bawuliriza ekigambo."* (Bikolwa by'abatume 10:44). Koluneeriyo yali atoola wakati mu kuwulira ku kukkiriza Kristo, era n'ateeka okukkiriza kwe mu Yesu Kristo olw'okusonyiyibwa ebibi bye. Ekyo olwamala okukikola, Omwoyo

Omutukuvu n'amukka ko wamu n'abo abaali mu nyumba. Mu lunyiriri 45 wagamba, "*abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewunya nnyo okulaba nga Ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu kifukibwa ne ku baamawanga."* Ekyo baakimanya batya? *"Kubanga babawulira nga boogera mu nnimi endala, nga batendereza Katonda."* (46).

Buli Omwoyo Omutukuvu lw'agwa ku muntu mu ndagaano empya ng'amubatiza, ekilabo eky'Omwoyo Omutukuvu kilabisibwa era ne kiwa obukakafu nti omuntu ajjuzidwa omwoyo Omutukuvu. Mu ndagaano empya baayogeranga ennimi empya oba ne bawa obunnabbi. Lumu nafukamira ku maviivi gange akawungeezi nga ndi mu kasaawe k'Edalasi, Texas, ne ngaba, "I Katonda sirina kye manyi ku bikwata ku kwogera eninimi enpya n'okubatizibwa n'Omwyo Omutukuvu abantu bye boogera ko, naye bwe wabaawo engeri gye nyinza okkusinza, okkutendereza, okkugulumiza, oba engeri gye nyinza okusukuluma ku lulimi lwange olungereza, ekyo nkyagala." Natandika okusinza Katonda era wakati mu kumusinza, Omwoyo Omutukuvu yampa olulimi, okwatula ebigambo bye nnali siyigirizibwanga ko. Bayibuli egamba mu Bikolwa by'abatume 2:4, "*Bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera enimi empya nga Omwoyo bwe yabawa okwatula."* Ani yayogera? Be baayogera. Ani yawa okwatula? Omwoyo Omutukuvu ye Yawa okwatula.

Luka 11:13 egamba, "*kale mwe ababi oba nga mumanyi okuwa abaana bammwe ebirungi, kitamwe ali mu ggulu talisingawo nyo okubawa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba?"* Ky'olina okukola kiri kimu kya kusaba, omale okkirize weeweeyo eri Katonda, tandika okusinza mukama, era ajja kkuwa okwatula mu lulimi lw'otawulilanga ko.

Ebibuuzo aby'obuyigirizwa.

1. Nyonyola ebimu ku bigambo bayibuli by'ekozesa okulaga obulokozi.----------
   ----
2. Bikolwa by'abatume 11:15. Olunyiriri olwo lunyonyola lutya ku kibeerawo mu kubatizibwa n'Omwyo omutukuvu? ----------
   ----
3. Abayigirizwa ba Yesu baafuna Omwoyo Omutukuvu (Yokaana 20:22) naye ate oluvanyuma lw'ennaku entono ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu (Bikolwa 2:1-4.) tunuulira obukakafu buno obugeraageranye.----------
   ----
4. Soma Bikolwa by'abatume 1:8. Omugaso gw'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu gweguliwa?----------
   ----

5. Soma Bikolwa by'abatume 2:38-39 ne 1Bakkolinso 1:7.Olwaleero okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu kwaffe? ----------
6. Soma Lukka 11:13. Bw'oba nga tonaba kufuna kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu, olina kukola ki kati? ----------
---
7. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. On'osaba, n'oyogera, n'osinza Katonda mu lulimi olw'okusaba Katonda lw'akuwa?

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Yokaana 3:3. *"Yesu n'adamu nti ddaladdala nkugamba nti,omuntu bwatazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwa kabaka bwa Katonda."*

Bikolwa by'abatume 3:19. "*N'olwekyo mwenenye, mulokoke, mukyuke mulyoke mugibweko ebibi byammwe,"*

Makko 16:16. *"Abo bonna abakkiriza nebabatizibwa balilokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalilwa omusango ne gubasinga."*

Bakolosayi 2:13. "*Mwali mufudde olwebynoono byammwa ne mu butakomolebwa bwammwe olw'okwegomba kw'omubiri, Katonda n'abafuula abalmu wamu ne Kristo, fenna bwe yaatusonyiwa ebyonono byaffe byonna."*

Baruumi 8:9. "*Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe, era omuntu yenna bwataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo."*

Mataayo 25:46. "*Abo baligenda ku kibonerezo eky'emirembe n'emiremba, naye abatuukirivu baliyingira mu bulamu obutaggwawo."*

Biklwa by'abatume 11:15. "*Awo bwe nnali nga naakatadika okubabuulira enjiri, omwoyo omutukuvu n'abakkako nga naffe bwe yatukkako ku kusookera ddala."*

Yokaana 20:22. *"Bwe yamala okwogera ebyo, n'abassiza omuka n'abagamba nti mufune Omwoyo Omutukuvu."*

Bikolwa by'abtume 2:1-4. "*[1]. Awo olunaku lwa pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali bakungaanidde mu kisenge ekimu waggulu. [2]. Amangwago okuwuuma nga kulinga empewo ey'amaanyi enyo ekunta, ne kuva mu ggulu ne kujjula enyumba yonna mwe baali batudde. [3]. Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro [4]. Bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ezenjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa."*

Bikolwa by'abatume 1:8. *"Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bwalimala okubakkako, era munaabeera bajulirwa bange mu Yelusaalemi, ne mu Buyudaya yona, ne mu Samaliya okutuukira dala ku nkomerero z'ensi."*

Bikolwa by'abatume 2:38-39. "[38]. *Peetero n'abagamba nti mwenenye buli omu abatizibwe mu linya lya mukama waffe Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byamwe olwo nammwe, mujja kufuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. [39]. Kubanga ekisuubizo kiri eri mwe n'abana bamwe, n'eri bonna abali munsi ezeewala, abali kowoola mukama Katonda waffe."*

1 Bakkolinso 1:7. *Muleme kubaako kye mwetaaga, mu kirabo kyona, nga mulindirira okubikkulirwa kwa mukama waffe Yesu Kristo.*

Luka 11:13. *"Kale oba nga mmwe ababi muwa abaana bamwe ebirungi, kitammwe ali mu ggulu talisingawo nyo okubawa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba?*

Bikolwa 2:4. *"Bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ezenjawulo nga mwoyo mutukuvu bwe yabasobozesa."*

Eby'okuddamu.

1. Nyonyola ebimu ku bigambo bayibuli by'ekozesa mu bulokozi. **Okuzaalibwa omulundi ogwokubiri (Yokaana 3:3), okukyusibwa (Biokolwa by'abatume 3:19), okukkiriza era n'okubatizibwa (Makko 16:16), okubeera nga twasonyiyibwa (Bakolosayi 2:13), okubeera nga twafuna Omwoyo wa Kristo (Baruumi 8:9) era n'obulamu obutaggwawo, (Matayo 25:46.)**
2. Bikolwa by'abatume 11:15 Olunyiriri olwo lunyonyola lutya ku kibeerawo mu kubatizibwa n'Omwyo omutukuvu ? **Omwoyo mutukuvu okukka ku muntu**
3. Abayigirizwa ba Yesu baafuna Omwoyo Omutukuvu (Yokaana 20:22) naye ate oluvanyuma lw'ennaku entono ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu (Bikolwa 2:1-4.) tunuulira obukakafu buno obugeraageranye. **Mu Yokaana 20:22 abayigirizwa baafuna omwoyo omutukuvu, kyoka mu Bikolwa by'abatume 2:1-4, abayigirizwa b'ebamu bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.**
4. Soma Bikolwa by'abatume 1:8. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kigasaaki? **Mu kkwo tuweebwa amaanyi okusobola okuweereza.**
5. Soma Bikolwa by'abatume 2:38-39 ne 1Bakkolinso 1:7.Olwaleero okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kwaffe? **Wewaawo.**
6. Soma Lukka 11:13. Bw'oba nga tonaba kufuna kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu, olina kukola ki kati? **Kusaba.**
7. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. On'osaba, n'oyogera, n'osinza Katonda mu lulimi olw'okusaba Katonda lwakuwa? **Wewaawo.**

Omutendera 1
Essomo 16

EMIGANYULO GY'OKWOGERA MU NNIMI.
Bya Andrew Wommack.

Ekimu ku bintu ebyabaawo nga okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kumaze okujja, kyali nti baayogera mu nnimi empya. **Bikolwa by'abatume 2:4**, egamba nti ku lunaku lwa pentekoote bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera mu nnimi empya nga Omwoyo bwe yabasobozesa okwatula. Bwe tw'eyongera okusoma ekitabo kya Bikolwa by'abatume entakera, tulaba nga waaliwo okubeerawo kwa Katonda ng'abantu bamaze okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

Kya mazima waliwo ebintu ebilala bingi ng'ogyeko okwogera mu nnimi, naye nga ekyo kye kisinga okubeera ekikulu. **1 Bakkolinso 14:13-14** egamba, "*Kale buli ayogera mu lulimi asabe Katonda amusobozese okuluvvuunula. Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo gwange gusaba, naye okutegeera kwange* ***(endowooza yange)*** *tekubala bibala."* Bw'osaba mu nnimi, omwoyo gwo guba gusaba. Bw'oyogera mu nnimi, saba mukama osobole okuzivvuunula olwo endowoza yo esobole okubala bibala.

Nyinza okukuwa obujulizi bwange nze nti bwe namala okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, ne ntadika okwogera mu nnimi empya, kyakyusa obulamu bwange mu ngeri ey'olusaago. Nzikiriza nti bwe nalokoka, Kristo yajja n'abeera munda mu nze era buli kimu n'akinteekamu, naye ate Omwoyo bwe yanzikaako, yatandika okubaako by'akola ate nga n'abalala abibakolera. Waaliwo ebintu binjiko ebyabaawo. Bwe nsabira mu nnimi, buba busirusiru mu ndowooza yange. Omwaka gwe nasooka okusabira mu nnimi ebirowoozo byange bya ngamba nti kyali kya butabufu bwa mutwe, kwali kumala budde. Kyantwalila kukkiriza nze okusaba mu nnimi, eyo nga y'ensonga Yuda 20 gy'ayogera ko nti nga mwezimba mu kukkiriza kwammwe okutukuvu. Kikujja mu kutegeera okw'obutonde era n'okulowoza, ne kikuteeka mu kukkiriza okusukkuluma okutegeera kwona mu mwoyo.

Ekintu ekilala kye nafuna kyali nti bwe nasabanga mu nnimi, waliwo abantu be najjukira nga emyaka gyali giyise abantu abo nga mbeerabidde. Natandika okubasabira era waayintawo olunaku nga lumu nagenda okulaba nga bankubira ku kasimu oba okumpandiikira, awo nenkizuula nti waliwo ekyamagero mukama ky'akoze. Kino nakilaba emirundi mingi nga kibaawo era ne ntandika okubigattagatta nenkizuula nti bwenasabanga mu nnimi, nali nsabira mu magezi agasukulumye ku kutegera kwange.

Lumu nali nsabira mu nnimi – nga bwe nagambye nti kyantwalila okukkiriza nze okusabira mu nnimi – era nali nina kye nwana nakyo mu bilowoozo byange nga, "walibadde oyogera olulimi olungereza n'obako ky'okola, naye kati bino by'oliko obereegabubereezi." Nalina okukola ku birowoozo bino, ne mbiteeka wabbali nze ne ngenda mu maaso n'okusaba. Omuvubuka gwe nali maze emyaka ena nga siraba yakonkona ewange. N'ayingira, teyambuuza nakumbuuza yadde okubaako ky'ayogera, n'atuula n'atandika okukaaba nga bw'afuka omutima gwe kubanga yalina ebizibu bingi nyo. Nange natuula ne ndowoza, "muvubuka, nalibadde nsaba mu lungereza." Ekirowoozo ekilala ne kinzigira nti, "nalitegede ntya okumusabira ng'okumala emyaka ena mbadde simulaba?" oluvanyuma ne kinzijira nti mbadde nsaba era Katonda abadde anteekateeka. Namusabiranga mu ngeri nti singa nali nsabidde mu lulimi lwe ntegeera salimusabidde. Mbagirawo, okubikulilwa kwanzijira ne ntadika okumugamba nti, "nsobola okkugamba ebizibu by'olina." Namaliriza olugero lwe era ne muwa eky'okuddamu.

Olina okukitegeera nti kino kyakomawo bwenali nga ndi mu kkanisa ey'abantu abangi. Teyamanya kyali kyantuuka ko, saalina bukakafu, era fembi kya tutiisa. Naye gaali manyi ga Katonda agaali gateekebwa mu nkola era yagagozesa mu ngeri ey'enjawulo (agatali ga bulijjo). Ekyo kye kitegeza: Bw'osabira mu nnimi omwoyo gwo gwe guba gusaba. Omwoyo gwo gwalokoka, gulina endowooza ya Kristo, era gumanyidde ddala eky'okukola. Gulina amafuta gonna agava eri Katonda ogakusobozesa okumanya ebintu byonna, era mu mwoyo gwo tewaliwo kkomo. Singa on'otambulira mu maanyi, n'okubikkulilwa okuli mu mwoyo gwo, obulamu bwo obw'omubiri bujja kukyuka. Engeri emu ey'okukolamu ekyo newankubadde si ye yokka, kwe kutandika okwogera mu nnimi. Kitegeere era okikkirize nti bw'okola bw'otyo obeera weezimba mu kukkiriza kwo okw'omunda, nti omwoyo gwo guba gusaba mu magezi ga Katonda ag'ebuziba, era okubikulilwa kwa Katonda okutuukiridde kuba kujja mu gwe. Okusinziira ku 1 Bakkolinso 14:13, okusaba kw'osobola okuvvuunula. Ekyo tekitegeeza nti olina okukoma okusaba mu nnimi, osabe mu lulimi lwo lw'osobola okuvvuunula; kitegeeza nti okuteegera kwo kubale ebibala.

Singa otandika okubuulira mu nnimi nga oli mu kkanisa, awo olekelawo n'ovvuunula by'oyogedde. Bw'oba nga wesabira, nze kye nkola nsabira mu nnimi ne neesiga Katonda okumpa okubikulirwa. Oluusi endowooza yange ekyuka. Sibeera na kigambo kiri awo naye ate ebintu mba nbiraba bulungi era nga nfuna ebifaananyi eby'enjawulo. Kiyinza okutwala wiiki nga sifuna kubikkulirwa, naye nzikiriza ekiseera kye maze nga nsaba mu nnimi era nga nzikiriza nti okuzivvuunula kitundu ku kyo.

Okwogera mu nnimi kikulu olw'ensonga eziwerako, oba oli awo n'okusinga okukakasa nti wajjuzibwa omwoyo. Kilina kubeera kitundu ku bulamu bwo. Ye ngeri gy'oyogeramu

buterevu ne kitaawo mu ggulu okuva ku mutima gwo, obwongo bwo n'oba nga obutadde ku bbali obujjudde okubuusabuusa n'okutya. Kizimba okukkiriza kwo okw'omunda era ne kusumulula amagezi ga Katonda ag'ebuziba gy'oli. Kwe kusaba kwange nti mwenna mube nga mutambulira mu kino, musumulule okukkiriza mufune emiganyulo gy'okwogera mu nnimi.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Yuda 20. Biki bye tuganyulwa mu kusabira mu mwoyo?----------
2. Soma Bikolwa by'abatume 2:4 Abantu abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu baali bameka?----------
3. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. Baakola ki bwe bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu?----------
4. Soma 1Bakkolinso 14:14. Bwoba ng'osabira mu nnimi empya, kitunduki ku ggwe ekiba kisaba?----------
5. Soma 1Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu lulimi olupya aba ayogera n'ani?----------
6. Soma 1 Bakolinso 14:2. Omuntu nga ayogera mu lulimi olupya, abantu bategeera by'abeera ayogera?----------
7. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Bw'oba ng'osabira mu lulimi olupya omwoyo gwo guba gusaba ki?----------
8. Soma 1 Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi obeera okola ki?----------
9. Soma 1Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi, obeera okola ki? ----------

Ebyawandiikibwa ebikuyamba mu kuddamu ebibuuzo

Yuda 20. "*Naye mmwe abaagalwa musaana okuzimba obulamu bwammwe nga bweyongera okuba obw'amaany,i nga mubuzimbira ku musingi ogw'okukkiriza kwamwe okutukuvu, era nga musaba mu Mwoyo Omutukuvu."*

Bikolwa by'abatume 2:4. *"Bonna nebajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo ng'omwoyo bwe yabasobozesa."*

1 Bakkolinso 14:14. *"Kubanga bwe nsaba Katonda mu lulimi lwe sitegeera, omwoyo gwange gusaba, naye okutegeera kwange tekubala bibala."*

1 Bakkolinso 14:2. *"Kubanga ayogera mu nnimi, tayogera na bantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategeera by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo."*

1 Bakkolinso 14:4. "*Ayogera mu nnimi, yeezimba yekka, naye oyo ayogera obunnabbi, azimba ekibiina kyonna eky'abakkiriza."*

Bakkolinso 14:16. *"Kubanga bw'otendereza Katonda mu Mwoyo gwo, omuntu atategeera ky'ogamba ayinza atya okuddamu nti Amiina! Ng'omalirizza okwebaza ng'ebigambo ebyebazizza tabitegedde?"*

Eby'okuddamu.

1. Soma Yuda 20. Biki bye tuganyulwa mu kusabira mu mwoyo? **Tuba twezimba.**
2. Soma Bikolwa by'abatume 2:4 Abantu abajjuzibwa omwoyo omutukuvu baali bameka? **Bonna bajjuzibwa.**
3. Soma Bikolwa by'abatume 2:4. Baakola ki bwe bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu? ? **Baayogera mu nnimi empya.**
4. Soma 1Bakkolinso 14:14. Bwoba nga osabira mu nnimi empya, kitunduki ku ggwe ekiba kisaba? **Omwoyo gwo gwe guba gusaba.**
5. Soma 1Bakkolinso 14:2. Omuntu bw'ayogera mu lulimi olupya aba ayogera n'ani? **Aba ayogera ne Katonda.**
6. Soma 1 Bakolinso 14:2. Omuntu nga ayogera mu lulimi olupya, abantu bategeera by'aba ayogera? **Nedda.**
7. Soma 1 Bakkolinso 14:2. Bwoba nga osabira mu lulimi olupya omwoyo gwo guba gusaba ki? **guba gusaba byama, ebintu eby,omunda ebiri wakati wo ne Katonda.**
8. Soma 1 Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi obeera okola ki? **Yeezimba.**
9. Soma 1Bakkolinso 14:4. Bw'osabira mu nnimi, obeera okola ki? **Obeera osaba omukisa era nga weebaza Katonda.**

'

OMUTENDERA 2

ESSOMO 1

OKWEFAAKO WEKKA/ OBWA NAKIGWANYIZI.

Bya Andrew Wommack

Okwefaako wekka y'ensibuko y'ebyo byonna bye tuyitamu. Waliwo olunyiriri mu Ngero 13 lwe weetaaga okusoma kubanga bw'otalwesomera okuva mu bayibuli yo, oyinza obutalukkiriza. Olunyiriri olw'ekkumi (10) lugamba, "*Amalala gajja olw'empaka naye abo ababuulirirwa baba n'amagezi"*. Abantu bangi bayinza okusooka okuwakana nga bagamba nti, "lindako'. Amalala si ge gokka agavaako empaka oba obukuubagano. Engero 17:14 lugamba nti empaka y'entandikwa y'obukuubagano n'olw'ekyo, obukuubagano bulina okuba nga buleetebwa ekintu ekisinga ku malala. Kiva mu muntu kyaba ankoze". Abalala bayinza okugamba, "ggwe tobitegera; nze ekyo kye kikula kyange." Nedda, ebyawandiikibwa biraga nti amalala gokka gegaleeta empaka. Si kye kimu ku bikulembera okuleeta empaka naye ge gokka agazileeta. Nate abalala bayinza okuwakana ne bagamba, "Nina buli kika kya kikizibu, naye amalala si kye kimu ku byo, kye nnerabamu kyokka bwe butekkiririzaamu, era tewali muntu w'asinziira kunvunaana kubera namalala.

Tulina okuddamu okunyonyola amalala kye kiki. Si kulowooza bulowooza nti olina omuntu omulala gw'osinga, naye mu njogera enyangu, kwe kweraba nga buli kimu kyetooloolera ku ggwe. Okwerowoozaakko wekka, ddala ye nsibuko y'amalala gonna. Mu Kubala 12:2 Miriyamu ne Alooni, baganda ba Musa, baamugolokokerako, ne bamukolokota olw'okuwasa mu ggwanga eddala nga bagamba , "*Ddala Mukama ayogera na Musa yekka? Ffe tasobola kwogera naffe"?* olunyiriri olw'okusatu (3) lunyonyola nti, Musa ye muntu eyali asinga obuwombeefu mu nsi yonna. Mukifo ky'okubanyigira olw'ebigamba bye baamwogerako, yatandiika kusaba era n'okubasabira.

Bwe kigamba nti Musa ye muntu eyali asinga obuwombefu mu nsi yonna, siriikiriramu olowooze kw'ekyo. Tetumanyi ddala bungi bw'abantu abaali kunsi mu kiseera ekyo, naye mu mazima bateekwa okuba nga baali mu bukadde na bukadde kyokka nga bonna Musa y'abasinga obuwombeefu. Ekisinga okufuula ebigambo bino eby'ewuunyisa kwe kuba nti Musa yennyini yeyabiwandiika. Abantu abamu balowooza nti bw'obera omuntu omukkakamu oba omwetoowaze omutuufu, mbu toyinza na kukimanya. Eyo endowooza nkyamu eraga okweraga n'okwewulira? Amalala si kwetwala kuba nti ggwe osinga abalala bonna − kuba kwerowoozako. Kiba ng'okubeera n'omuntu ng'okwefuula ky'otali kuli ku ludda olumu n'okwenyoma ku lulala. Ezo ndowooza zanjawulo naye nga zooleka ekintu ky'ekimu, wabula nga zoombi bbiri ziri ku muti gwe gumu. Kuba kwerowoozako wekka. Ssi nsonga oba wetwala okusinga abalala bonna okuba obulungi oba okuba obubi, awatali kubuusabuusa kwona, oba weerowoozaako wekka. Buli kintu kisengejjebwa kuyita mw'ekyo. Omuntu omutiitizi era ow'ensonyi abeera nnyo namalala era y'erowoozako yekka.

Ensonga enkulu eri nti okwerowoozako wekka ye nsibuko y'amalala gonna era ekyo bw'okizaayo mu Ngero 13:10, "*Amalala galeeta empaka"*,kino kye kitegeeza, nti okw'erowoozaako fekka kye kireeta obusungu so si abantu bye batukola. Ffe okweroozaako ffeka kwe kutuleetera okwanukula (okuzzaayo omuliro) ebyo abantu bye baba batukozze. Toyinza kusobola kuziyiza Bantu ku kwe kuusaako mungeri embi; ekyo tekisoboka. Okukkiriza tekubeera kwa kufuga bantu balala wabula kukuyamba kwekolako wekka awamu n'ebyo ebiri munda muggwe. N'olwekyo abantu bye bakukola ssi bye bikulu.

Yesu, mu kukomererwa kwe yasobola okukyukira abo bennyini abaali bamukomeerera nagamba, "Kitange, basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola". Teyagezako kufuga bantu abo naye yeefuga yekka. Okw'erowoozako kwe kutuleetera okusunguwala. Yesu teyajja kunsi kululwe naye yayagala nnyo ensi n'okujja najja kunsi ku lwaffe. Yalowooza ku nyina ng'ali ku musalaba n'agamba omu ku bayigirizwaabe amulabirire. Ekyasobozesa Yesu okusonyiwa n'okukolera mu kwagala − ate ng'ali mubulumi obw'ekitalo, mu butali bwenkanya n'ebyo byonna ebyamutuukako− bwali buterowozaako yekka.

Okw'efaako fekka kwe kutuleetera okunyiga naye ate nga ebyawandiikibwa bigamba nti tulina okufa eri emibiri gyaffe. Bwe mbeera okumpi n'omulambo gw'omuntu, nyinza okuguvuma, ne ngusamba, ne nguwandulila amalusu oba ne ssigufaako, naye bwe gubeera nga ddala mulambo, teguyinza kunyega yadde okubaako kye gukola. Ensonga ekwanukuza bwotyo eri ebintu ebikujjira, tebyesigama ku bintu ebyo ebiri ebweru, wabula kw'ebyo ebiri munda mugwe. Toliyinza kufuuka w'amaanyi nnyo mu kukkiriza, n'okuyinza noyinza okujjawo ebyesittaza n'ebyo ebikulumya, naye osobola okw'ekolako wekka. Osobola okutuuka ku ddala w'ofuulira Yesu okuba Mukama w'obulamu bwo era n'omwagala wekka, n'obwakabaka bwe era n'abantu abalala okusinga bwe weeyagala wekka. Ojja ku kizuula nti bw'okola ekyo era ne weekolako wekka, obukuubagano n'empaka bigya kukendeera era n'okukoma bikome mu bulamu bwo.

Ekimu ku bisumuluzo ebikulu by'oyinza okukozesa okkuyamba okussa mu nkola ebyo byonna Katonda by'akoze mu bulamu bwo, kwe kutegeera nti teyakuwa bwakabaka bwe oganyulwemu ggwe wekka. Ebyo teyabikola kusisinkana ebyo byonna bye weetaaga. Olina okuyiga nti mu kwegaana obulamu bwo n'okwefiiriza, mw'otandikira okumanya ekigendererwa ky'obulamu bwo. Bwonoyagala Katonda n'abantu abalala okusinga bwe weyagala wekka, obusungu n'obulumi, nga byonna biri munda mu ggwe, lwe bigya okutandika okusaanawo.

Kwe kusaba kwange nti Katonda akozese ebigambo ebyo ebitonotono bye njogedde aggulewo omutima gwo otegeere nti okw'erowoozaako kwaffe kwe kutuleetera okunyiga. Mukifo ky'okunenya abalala, kitwetaagisa okukkiriza obuvunanyizibwa tubwolekele twetoowaze mu maaso ga Katonda, tumusabe ayingire mu bulamu bwaffe abeere nga ye munene. Eyo y'engiri yokka gy'oyinza okutambulila mu buwanguzi.

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Makko 9:33, 34 Kiki ekyali kikayanya abayigirizwa nga bali ku luguudo nga bagenda e Kaperunawumu?
2. Kino kirina engeri gye ky'olesaamu okw'efaako fekka okuli muffe fena?
3. Soma Makko 9:35 Okusinziira ku kyawandiikibwa kino. Kiki omuntu ayagala okubeera ow'olubereberye kyalina okusooka okufuuka?
4. Okuyingiriza kwa Yesu mu Lukka 22:24-27 kunnyonyole mu bujjuvu?
5. Soma Engero 13:10. Kintu ki ekireeta empaka?
6. Soma Abagalatiya 2:20. Obulamu bwaffe tulina kubutambuza tutya?
7. Soma Matayo 7:12. Eddagala ly'okwefaako wekka lye liluwa?

EBYAWANDIIKIBWA EBINAKUYAMBA OKUDDAMU EBIBUUZO

Makko 9:33, 34 – "*Natuuka e Kaperunawumu: awo bweyali ng'ali mu nnyumba n'ababuza nti, mubadde muwakanira mu kubo? (34) Naye nebasirika kubanga baali bawakana bokka na bokka mu kubo nti omukulu mu bona?"*

Makka 9:35 – "*natuula n'ayita ekumi n'ababiri, nabamba nti omuntu bwayagala okuba ow'olubereberye, anaabanga ku nkomerero ya bonna era omuweereza wa bonna".*

Lukka 22:24-27 (24) – "*Newabaawo nempaka mu bbo nti ani ku bbo alowoozebwa okuba omukkulu. (25) Nagamba nti bakabaka b'ab'amawanga babafuga, n'abo balina obuyinza ku bbo bayitibwa abakola obulungi. (26) Naye mmwe si bw'emuto, naye omukulu mum we abeere nga omuto n'oyo akulembera abe ng'awereeza.* (27) *Kubanga omukulu y'ani, atuula ku mmere oba aweereza? Si oyo atuula ku mmere naye nze wakati mu mmwe ninga aweereza".*

Engero 13:10 – *"amalala galeeta okuwakana okwereere. Naye amagezi gaba n'abo abateesa obulungi".*

Abaggalatiya 2:20 – *"Nakomererwa wamu ne Kristo, naye ndi mulamu, si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze, era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwakuukiriza omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange".*

7. Matayo 7:12 – *"Kale byonna bye mwagala abantu okubakolonga mmwe, nammwe mubakolenga bo bwemutyo: kubanga ekyo ge mateeka ne bannabbi"*

EBY'OKUDDAMU.

1. Soma Makko 9:33 – 34, Kiki ekyali kiwakanya abayigirizwa bwe baali ku luguudo olugenda e Kaperinawumu? **Baali bawakana ku ani eyali asinga obukulu mu bo.**

Kino kirina engeri gye kyolekamu okwefaako fekka okuli muffe ffenna? **Wewaawo**.

2. Soma Makko 9:35, Okusinziira ku kyawandiikibwa kino, omuntu ayagala okubeera ow'olubereberye kiki ky'alina okusooka okufuuka? **Omuddu (omuweereza) wa bonna.**

3. Okuyigiriza kwa Yesu mu Lukka 22:24 – 27 kunnyonnyole mu bujjuvu. (24) Newabaawo nempaka mu bo, nti ani: ku bo alowozebwa okuba omukulu. 25 nabagamba nti bakabaka b'ab'amawanga babafuga, n'abo abalina obuyinza ku bo bayitibwa abakola obulungi. (26) Naye mmwe bwe mutyo naye omukulu mu mmwe abeere omuto, n'oyo akulembera, abe ng'aweereza. (27) Kubanga omukulu yani, atuula ku mmere oba aweereza? **Atuula ku mmere? Naye nze wakati mumwe ninga aweereza'**

4. Soma Engero 13:10 kintu ki ekireeta empaka? **Malala**

5. Soma Abaggalatiya 2:20 obulamu bwaffe tulina kubutambuza tutya? **Mu kukkiriza Kwa Krisyo (oba okukiririza mu Kristo), nga tatusa ssira ku maanti oba ku bunafu bwaffe.**

6. Soma Matayo 7:12 ekiggyawo okwerowoozaako wekka? Kwekulowooza ku Katonda n'abantu abalala. **Abantu abalala bayise nga ggwe bwewalyadagge bakuyise.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 2

ENGERI Y'OKUFUMITINRIZA KU KIGAMBO KYA KATONDA

By Don Krow

Ekigambo *okufumintiriza* kitegeeza "okusirikirira ne webuuza, n'olowooza, okutegekera mu birowoozo, oba okuluubirira." Ekigambo eky'Oluyonaani kitegeeza "okwetooloola ekintu mu birowoozo" era kivvunulwa nga okukuba obufaananyi munda mu bilowoozo.

Ensonga ebbiri eziri emabega w'okufumintiriza ku Bayibuli ze zino: "okutwala ekiseera okulowooza ku kumanya okutuufu, era ky'ogerwako nga okuzza obugya ebirowoozo era n'okutuukirira Katonda ng'okulemberwa ekigambo kye" okuyita mu kusaba, okutendereza n'okufumintiriza ekitegeeza okutwala ekiseera okulowooza ku Katonda.

Okufumintiriza kusobola okukolebwa okuva ku mulamwa oguyigibwako. Olonda omulamwa gw'onotwala ekiseera okulowoozako. Eky'okulabirako: Okubatiza: Nyonyola ekigamba ng'ekyo mu Luyoonaani, Oluebulaniya oba ekitabo ekinyonyola ebigambo mu lungereza ekirungi (dictionary). Zuula ekigambo eky'ekikolo ky'ofumintirizaako mwe kiva. Lowooza era otwale ekiseera ng'ofumintiriza ku nnyiriri ezigenderako, ezijja okukutuusa ku by'okuyigako ebirala ng'okuggyibwako ebibi (Bikolwa 2:38), Okwenenya (Bikolwa 2:38), okukkiriza (Makko 16:16) entegeera (1 Peter 3:21) okukowoola Mukama (Bikolwa 22:16), n'ebirala.

Weetaaga okulowooza ku bibuuzo by'olina oba ebiva mu byawandiikibwa nga: Waliwo ebisaanyizo ebirina okutuukirizibwa ng'okubatizibwa tekunabawo? Okubatizibwa kugasaaki? Kwakolebwanga ddi? Mu biseera ki?

Okufumintiriza kuyinza okukozesebwa ku masomo ag'okuvumbula, kwe kugamba ng'oliko ekitabo ky'omu bayibuli ky'oyiga, ng'ova lunyiriri ku lunyiriri. Ekisumuluzo kwe ku fumiitiriza n'okulowooza ku kitabo okumala ebbanga eddene ennyo n'otuuka okumanyiira byona ebikirimu (enyiriri n'essuula)

Okufumintiriza kusobola okukolebwa ng'oyiga ebigambo. Ebigambo ebimu bitegeeza ki? Okukkiriza kitegeeza ki? Ekigambo Mukama kitegeeza ki? Ekigambo Yesu kiteegeza ki? Ekigambo Kristo kitegeeza ki? Okujibwako omusango kitegeeza ki? N'ebirala.

Osobola okufumintiriza ku nnyingo ez'omu bayibuli. Ennyingo kye'kitole eky'ebirowoozo mu buwandiike nga kitera okuberamu ennyiriri eziwerako. Omuwandiise bw'akyusa omulamwa gw'abadde assako essira mu kuwandiika kwe, ebiseera ebisinga atandika ennyingo empya.

Ng'ofumintiriza ku byawandiikibwa, faayo ku bubonero nga obubuuza lwaki ekibuuzo kino kibuuziddwa? Kikwatagana kitya n'ebigambo mwe kiri n'ebirala?

Okufumintiriza si kutunuulira bigambo byokka wabula Katonda ali emabega w'ekigambo.

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Ekigambo kufumintiriza kitegeeza ki?
2. Nsonga ki ebbiri eziri mu kufumintiriza okwa bayibuli?
3. Okuyiga ku mulamwa kye ki?
4. Okuyiga ebyawandiikibwa mu ngeri y'okuvumbula kye ki?
5. Soma Luka 6:46 Olowooza ekigambo Mukama kitegeeza ki?
6. Soma Matayo 1:21 Olowooza ekigambo "Yesu" kitegeeza ki?
7. Soma Lukka 23:1-2 Olowooza ekigambo "Kristo kitegeeza ki?
8. Ennyingo kye ki?
9. Okufumintiriza ku bayibuli si kulaba bigambo byokka naye

EBYAWANDIIKIBWA EBINAKUYAMBA OKUDDAMU EBIBUUZO

Lukka 6:46 – "*Lwaki mumpita Mukama waffe, Mukama waffe naye nga temukola byembagamba?"*

Matayo 1:21 – *"naye alizaala omwana wa bulenzi, naawe olimutuuma erinnya lye Yesu, kubanga ye y'alirokola abantu be mu bibi byabwe."*

Lukka 23:1-2 – *"ekibiina kyonn ne kigolokoka ne kimutwala ewa Pirato (2) ne bazooka okumuloopa nga bagamba nti ono twamulaba ng'akyamya eggwanga lyaffe, ng'abagaana okuwa kayisaali omusolo, nga yennyini okuba Kristo, Kabaka."*

Eby'okuddamu:

1. Ekigambo "okufumintiriza kitegeez ki? **Okuloowooza ku kintu nga tofaayo ku bikwetolodde, okutwala ekiseera nga olowooza oba okwetoololeza ebirowoozo ku kintu.**

2. Nsonga ki, ebbiri okwetololera okufumintiriza ku bayibuli?
   a. **Okutwala ekiseera nga olowooza ku kumanya okutuufu (okuzza obugya ebirowoozo byo) n'okutuukirira Katonda nga okulemberwa ekigambo kye (nga okirowoozaako nga tofaayo ku bikwetoloodde, nga otwala ekisera nga okirowoozaako era nga okyetoloolezaako ebirowoozo byo.**

b. 3.Okkuyiga ku mutwe kye ki? **Kwekubaako omutwe gwolonda mu bayibuli okuguyigako n'okugulowoozaako.**

3. Okuyiga okwokuvumbula mu byawandiikibwa kye ki? **Kwekubaako ekitabo mu Bayibuli kyoyiga lunyiriri ku lunyiriri.**
4. Soma Lukka 6:46 olowooza ekigambo "Mukama"kitegeeza ki? **Ye muntu gwetugondera (nga omukozesa)**
5. Soma Matayo 1:21 Olowooza ekigambo "Yesu" kitegeeza ki? **Omulokozi, alokola abalala okuva mu bibi byabwe**.
6. Soma Lukka 23: 1 – 2 Olowooza ekigambo "Kristo" kitegeezki". **Oyo afukiddwako amafuta**

OMUTENDERA 2

ESSOMO 3

OKUZZA OBUGGYA ENDOWOOZA
By Don Krow

Leero twagala okwogera ku kuzza obuggya endowooza. Njagala okusomayo ebyawandiikibwa bibiri. Ekisooka kiva mu Bafiripi 4:8 kigamba, *"ebisigaddeyo ab'oluganda, eby'amazima byonna ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirirvu byonna, ebirongoofu byonna, ebyagalibwa byonna, ebisiimibwa byonna, oba nga waliwo obulungi, era oba nga waliwo ettendo, ebyo mubirowoozengako."* Kino kyeraga lwatu nti omutume Pawulo atugamba nti waliwo ebintu byetusaanidde okulowoozaako. Mu ngeri endala, tusobola okusengejja ebirowoozo byaffe. Nkimayi nti oluusi fenna tubeera n'ebirowoozo ebikontana n'ekigamba kya Katonda okusinziira ku Baruumi esuula 7 enyiriri 22 ne 23. Etteeka ly'ekibi erilwanira mu ffe lilumba ndowooza yaffe. Naye bayibuli etutegeeza mu Bafiripi nti tetulina kutuula awo ne tuleka ebirowoozo byaffe okusimba ekissu, nti tusobola okweroboza ebintu bye tulowoozako. Bayibuli etutegeeza nti ng'omuntu bw'alowooza mu mutima gwe bw'atyo bw'abeera (Engero 23:7). N'olwekyo bye tulowoozaako biba bikulu nnyo.

Mu Baruumi 12:1 ne 2 bayibuli egamba *"Kkyenvudde mbeegayirira, aboluganda, olw'okusaasira Kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyamwe ssaddaaka enamu entukuvu essanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi. So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino, naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amagya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda byayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebituufu".* Bayibuli egamba nti tusobola okukyusibwa olw'okuzzibwa obuggya okw'ebirowoozo byaffe. Obadde okimanyi nti ekizungirizi Apollo bwe kyagenda mu bwengula, baalina okutereezanga entambula yaakyo buli dakiika kkumi? Nga bagenda ku mwezi, bageenda bawetaaweta. Baamala ne batonnya ku mwezi nga balina ekibangirizi kya mairo 500 naye nga baakiyingiramu efuuti ntono yadde nga olugenda lwabwe lwali lulungi. Twetaaga okulabika obulungi mu lugendo lwaffe n'okweweerayo ddala eri Mukama waffe Yesu Kristo nga tubeera saddaka ennamu. Ekizibu ku saddaka ennamu kwe kuba nti oluusi eyagala okwewalula okuva ku Kyoto, n'olwekyo tuteekwa okutereeza engeri gye tulowoozaamu buli kiseera. Tulina okubeera n'omutima ogugamba, "Ayi Katonda, nkwetaaga era njagala n'ekkubo lyo".

Tetwetaaga bwetaazi kweweerayo ddala kyoka, naye ekitundu ku bulamu bwaffe obw'ekikristaayo obw'obuwanguzi, kyetaagisa okutwala eddaala eddala ne tukyusibwa olw'okufuula ebirowoozo byaffe ebijja. Tetuyinza kulowooza ng'ensi bwe tuba tetwagala bibala byansi. Nga tusoma Abafiripi 4:8, tusobola okweroboza eby'okulowoozaako. Byonna ebyagalibwa, eby'obutukirivu, ebisiimibwa, mubirowoozengako. Kyebaakolanga mu ndagaano enkadde kwe kuteeka ekigambo kya Katonda ku mifuubeeto gy'enzigi zaabwe ne ku byambalo byabwe, kyabeeranga mu maaso gaabwe bulijjo. Katonda yabalagira okwogeranga ku kigambo kye, emisana n'ekiro era n'okwekuumanga okukola bye kigamba. Bino byonna baali balina okubitegeeza abaana baabwe. Ekintu kye tulowoozako kikulu nnyo. Kikulu nnyo ffe okukuumira

ekigambo kya Katonda mu maaso gaffe buli kiseera, kitusobozese okuba n'obulamu obw'obuwanguzi. Ekikontana n'okulowooza ku byagalibwa, ebyobutukirivu, n'ebisiimibwa kwe kulowooza ku bintu ebitali bya Katonda n'eby'omwoyo. Abaruumi 8:6 kigamba *"kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa"* ekitunda ky'olunyiriri ekiddako kigamba *"naye okulowooza kw'Omwoyo bwe bulamu n'emirembe.*" Bubeera bulamu era giba mirembe okulowooza ku bintu by'Omwoyo wa Katonda. Omanyi ekinabaawo mu bulamu bwaffe singa tutandika okulowooza ku bwenzi, ebintu eby'ensi, sente, okwegomba ebintu, n'ebirala? Omuntu nga bw'alowooza mu mutima gwe, bw'atyo bw'abeera. Tujja kutandika okukola ebintu ebyo era kino kijja kuzikirizza obulamu bwaffe. Omanyi olutalo lwennyini olw'omukkiriza olw'omwoyo si kuziyiza oba okuboggolera setaani buli kiseera newankubadde nga waliwo ekiseera mwe tulina okukikolera. Wabula olutalo olw'omwoyo lukwata ku bye tulowoozaako n'ekyo kye tussaako ennyo ebirowoozo.

Bayibuli egamba mu Isaaya 26:3 nti Katonda an'akuumiranga mu mirembe egituukiiridde buli yenna anywereza ebirowoozo bye ku ye. Wabaawo ekiseera mu lunaku fenna nga twetaaga okutereeza mu lugendo lwaffe nga bwe kigambibwa mu Baruumi 12. Twetaaga okugamba, " Katonda, ebirowoozo ebyo bikyamu. Netaaga okukyuka, nzize bugya endowooza yange ntandike okulowooza ku bintu ebyagalibwa, eby'obwenkanya n'ebisiimibwa."

N'olwekyo, bw'obeera ng'olina ebigo eby'amaanyi, ebikoligo, bwe wesanga ng'olowooza ebintu by'otolina kulowooza, wetaaga okwekebera mu bwangu ddala. Bayibuli egamba nti singa tusemberera Katonda naye anatusemberera. Bwe tuziyiza omulabe anatuddukanga. Wabaddewo ebiseera mu bulamu bwange lwe neesanze nga ndese ebinti okunseererako, okwennyika kw'emmeme yange ne kweyongera. Mubiseera ng'ebyo, kiba kizibu okwata bayibuli n'otuula wansi n'osoma ekyawandiikibwa n'ogamba, ayi Katonda kino ky'onjogerako? Kino ky'ogamba nti kyendi? Oli maanyi gange." Obadde okimanyi nti obuwanguzi bwaffe bwangu bwe butyo? Kitwetaagisa okugamba, "Kati ngenda kuziyiza byona byembadde ndese omulabe okunkola. Ngenda kutuula wansi mbikkule bayibuli era sigenda kusoma busomi bigambo ebiri ku mpapula zino naye ngenda kweyunga ku Katonda ali emabega waabyo. Ngenda kunywereza ebirowoozo byange ku ye. Mukama bino by'onjogerako. Oyogera nti nasonyiyibwa. Oyogera nti nalongoosebwa. Oyogera nti tewali kiyinza kunjawukanya ku kwagala kwo." Singa otuula wansi n'olowooza ku byonna Katonda by'akukoledde, mu kaseera akatono ennyo bwekatyo, ojja kwerabira ebintu ebirala byonna.

Ka nkozese eky'okulabirako. Olumu nawulira omusajja ng'agamba, "kati, mbakubiriza obutalowooza ku njovu eza kakobe mu ddakiika ekumi ezidako" Omanyi ekyabaawo? Mu ddakiika ekkumi ezaddako kye twakola kwe kulowooza ku njovu eza kakobe? Era n'abuuza, "ekibumbe eky'eddembe kiri mu langi ki?" Newabaawo eyagamba, kilagala. Era n'agamba, "Mukono ki eikibumbe eky'eddembe gwe kiwanise?" Ne wabaawo eyaddamu gwali mukono gwa ddyo. Era n'addamu n'abuuza, " Ekibumbe eky'eddembe kirina ki mu mukono?" Ne wabaawo eyagamba, gwali mumuli. Omusajja n'alyoka abuuza nti, "kiki ekyatuuse ku njovu eza kakobe mu birowoozo byamwe? Nga byagenze dda. Okilaba, si kya kugamba bugambi, "Kaakati tolowoza bilowoozo bino" kubanga okimanyi nti ojja kulowooza ebilowoozo ebyo. Mubutuufu ekyawandikibwa kitugamba nti twetaaga okuwanyisa ebilowoozo ebyo n'ebilowoozo bya Katonda era bwetulaba ebintu ng'ebyo nga bitulumba, era nga tulowooza ebintu bye tutateekedwa kulowooza, amangu ago twetaaga okudda mw'ekyo kyetuli ekijja. Twetaaga

mangu nyo okudda eri mukama, tukwatagane naye, nga tetuli bubeezi ku bigambo ebiri ku mpapula naye nga tuli ne Katonda ali emabega waabyo. Era bayibuli etugamba mu Baruumi 8:6 nga bwe tukola tutyo, tujja kulaba okukyusibwa, obulamu n'emirembe gya Katonda gy'agaba, ng'endowooza zaffe ziri ku ye era n'ebintu by'omwoyo. Mulowooze ku bintu bino ab'oluganda era mutambulire mu ddembe Kristo lye yabasasulira.

EBIBUUZO EBY'OBUYIGIRIZWA.

1. Soma Baruumi 12:1. Emibiri gyaffe tulina ku gikozesa ki?----------
   ----
2. Soma Baruumi 12:2. Ekyawandiikibwa kino kitugamba nti tuteekedwa kuba banjawulo okuva ku----------
3. Soma Bikolwa by'abatume 17:11. Endowoza yaffe eteekedwa kuba nga yeesigamye ku?-
   ----
4. Soma Baruumi 8:5-6. Endowozayo okubeera nga ya mwoyo kye----------
   ----
5. Baruumi 12:1-2. Okusinziila ku nyiriri zino ebintu ebibiri bye twetaaga okukola bye biruwa.----------
6. Soma Isaaya 26:3. Tubeera tutya mu mirembe egituukiridde?----------
   ----
7. Soma yisaaya 23:3. Ngeriki eziriwo eziyinza okutuyamba okukuumira endowooza zaffe ku mukama.----------
   ----

EBYAWANDIIKIBWA EBY'OKUKOZESA MU BIBUUZO.

Baruumi 12:1 – *"Aboluganda mbegayirira, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwanga yo emibiri gyamwe, saddaaka ennamu, entukuvu, ekkirizibwa mu maaso ga Katonda, kwe kuweereza kwamwe okw'amagezi*."
Baruumi 12:2 – *" So temutwalibwanga nsi eno: naye mukyusibwenga olw'okuzza obugya endowooza zamwe, mulyoke mukakase okwagala kwa Katonda bwe kuli okulungi, okusaanidde era okutuukiridde*."
Bikolwa by'abatume 17:11 – *" era abakungu baliyo bangi okusinga abaali mu Sessalonika, ne bafuna ekigambo, n'okwagala mu ndowooza zaabwe, ne bekenenyanga ekigambo buli lunaku okulaba oba ebintu ebyo byali bituufu.*"
Baruumi 8:5-6 – *"[5]. Kubanga abo abagoberera omubiri balowooza ku bya mubiri; naye abo abagoberera omwoyo, bakola bya mwoyo. [6]. Kubanga okulowooreza mu mubiri kufa; naye okulowooleza mu mwoyo gye mirembe.*"
Baaruumi 12:1-2 – *"[1]Kkyenvudde mbeegayirira, aboluganda, olwokusaasira Kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyamwe ssaddaaka enamu entukuvu essanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okwamagezi.[2]. So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino, naye mukkyusibwe nga olw'okufuula amagezi gammwe amagya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda byayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebituufu"*
Yisaaya 26:3 – *" Ana mukuuma nga mu mirembe, oyo amutaddeko edowoza ye, kubanga amwesiga."*

Yisaaya 26:4 – " *Weesige mukama emirembe gyona: kubanga mukama Yakuwa amaanyi ge gabeerera emirembe gyona."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Baruumi 12:1. Emibiri gyaffe tulina ku gikozesa ki? **Tulina kugiwaayo eri mukama.**
2. Soma Baruumi 12:2. Ekyawandikibwa kino kitugamba nti tuteekedwa kuba banjawulo okuva ku **nsi oba abatakkiriza.**
3. Soma Bikolwa by'abatume 17:11. Endowoza yaffe eteekedwa kuba nga yeesigamye ku? **Byawandikibwa oba ekigambo kya Katonda.**
4. Soma Baruumi 8:5-6. Endowozayo okubeera nga ya mwoyo kye ki? **Bwe bulamu era gye mirembe.**
5. Baruumi 12:1-2. Okusinziila ku nyiriri zino ebintu ebibiri bye twetaaga okukola bye biruwa? **Tweweeyo eri mukama nga saddaaka enamu era tuze bugya endowooza zaffe.**
6. Soma Isaaya 26:3. Tubeera tutya mu mirembe egituukiridde. **Bwe tuteeka ebirowoozo byaffe ku mukama.**
7. Soma yisaaya 23:3. Ngeriki eziriwo eziyinza okutuyamba okukuumira endowooza zaffe ku mukama? **Okusaba, okufimintiriza ku kigambo kya Katonda, okwebaza n'ebirara.**

OMUTENDERA 2

ESSOMO 4

OMUGASO GW'EKKANISA YA KRISTO
By Don Krow

Olwaleero twagala kwogera ku mugaso gw'ekkanisa ya Kristo. Njagala okusoma ekyawandiikibwa okuva mu Baebbulaniya10:25 kigamba, *"obutalekangayo kukungaana wamu nga abalala bwe beeyisa naye nga tubuulirira, era nga tweyongeranga okukola ebyo bwetutyo, nga bwe mulaba olunaku luli nga lunaatera okutuuka*" Nga tutunuulira omugaso gw'ekkanisa ya Kristo, ekibuuzo kyange kiri nti, "Ekkanisa kye ki?"

Gyebuvuddeko natwala omusomo ogw'entegeka ey'okubuulira enjiri ey'okufuula abantu abayigirizwa mu kkanisa ey'omukitundu wano mu Colorado springs. Twatendeka abantu b'omu kkanisa ku ngeri y'okukozesa entegeka eno, era ne tugikozesa wamu nabo ebweru. Mu wiiki nga mukaaga nga tukolera wamu n'ekkanisa twali tumaze okutandikawo amasomo ga bayibuli okuva mu banna kkanisa abo. Twamala emyezi egiwerako nga tukola n'abantu bano mu kuyiga bayibuli. Lwali lumu omusumba yantambula bwe yayogera bwati, "okimanyi nti bayibuli egamba nti Mukama n'ayongeranga ku kkanisa abo abaalokokanga. Lwaki tetulaba ku bava mu bifo omuyigirwa bayibuli nga bajja mu kkanisa yaffe?"

Bwe twalinga ebweru eyo, abantu baalokonga, bafuulibwanga abayigirizwa era nga bawerezebwa. Naye omusumba kye yali ategeereza ddala kyali nti, "Lwaki ku sande tebajja kukungaanira wamu mu kizimbe kino? Entegeera yange ku kiki ekkanisa kyeli, nayo yali tekwatagana bulungi. Omusumba kye yagogera kyansumbuwa nnyo era nga simanyi na kya kukola. Ne nebuuza, "*Ddala, enteekateeka eno* eyokubuulira engiri n'okufuula abantu abayigirizwa *eneekola? Era mu mazima obulamu bw'abantu tulina engeri gye tubukomako?* Nali nkimanyi nti tukoma ku Bantu bangi naye ekyali kintabula ye nsonga y'abantu obuttajja mu lukungaana lw'oku sande kumakya.

Nasalawo okunoonyereza n'okuyiga ku kigambo, "Kkanisa." Ekiri mu ssomo lino, ekyo kyenavumbula: Mu Baruumi 16:3, 1Abakkolinso 16:19, Abakolisaayi 4:15, Felemooni 2, Ebikolwa by'Abatume 5:42 n'ebikolwa by'Abatume 20:20, okusookera ddala Bayibuli eyogera nnyo ku kkanisa ey'endagaano empya eyasooka ng'ekungaanira mu maka g'abantu. Nkimanyi bulungi nti waliwo ekkanisa ez'engeri ezitali zimu. Waliwo akkanisa ez'omumaka, akkanisa ezirina abantu abatono n'abangi, n'ekkanisa ennene ennyo ziluva okwaya. Ekintu kimu ekyasinga okutwala ennyo ebirowoozo byange mu byawandikibwa kyali nti ekkanisa ey'endagaano empya elabika yakungaaniranga mu kibiina kitono mu maka g'abantu.

Ekitabo ekinnyonnyola obulungi ennyo ebigambo bya bayibuli ekyawandiikibwa Lawrence O. Richard (ku muzingo gw'epapula 164) kigamba, "Omuntu yenna ayinza okusonyiyibwa olwo'obutafuna bulungi makulu ga kigambo . 'Kkanisa' ekigambo ekyo tukikozesa mu ngeri nnyingi. Kitegeeza ekizimbe ekyenkukunala (Eky'okyokulabirako, ekkanisa eli ku mailo mukaaga ku lugudo lwe Jinja, nga Miracle Centre Church oba [akkanisa ya Baptist) era n'olukungaana olw'okusande (eky'okulabirako, wagenze ku kkanisa olwaleero? Tewali n'emu

ku nkozesa y'ekigambo kkanisa mu bigambo ebyo waggulu eggyibwa mu bayibuli." Ne ndowooza munda yange, nti *"kino ddala kitegeza ki?" Ekigambo 'kkanisa' ddala kitegeeza ki?* Ngenda kwongera okuwa bwino okuva mu katabo ka O. Richards. Agamba, "Ng'abantu abasinga bwe balowooza nti ekkanisa kiba kizimbe ekibeeramu enkungaana z'eddini mukifo eky'okukitwala okubeera abantu abakungaanye era nga b'enyigidde mu kusinza, enkozesa y'ekigambo kkanisa eyinza okuwabisa abantu." Ekigambo eky'oluyonaani ekitegeeza 'ekkanisa' kiri "Ekeleziya." Nga kye kitegeereza ddala, be Bantu abakungaanye awamu olw'ekigendererwa eky'okusinza, okusaba, okutendereza oba okulindirila Katonda. Waliwo n'ebirala byenjagala okusoma nga bigamba, "Ekeleziya mu ndagaano empya kizingiramu buli muwendo (obungi) ogw'abakkiriza. Kiyinza okukozesebwa ku bibinja ebitono ebyakungaaniranga mu maka (Abarumi 16:5). Kyazingirangamu abakkiriza bonna abaabeeranga mu bibuga ebinene (Ebikolwa by'abatume 11:22), oba ebintundu ebinene nga Asiya oba Galatia." Kyeyongera ne kigamba "Olukungaana olutuufu olw'ekkanisa lwabeeranga mu maka. Ebibiina nga ekyo bwe byakungaananga, 'buli omu yalinanga oluyimba, ekigambo eky'okulungamya, okubikulirwa, olulimi oba akkuuvvunula' (Abakkoliso 14:26) Abantu kinn'omu baagabananga abalala nga bakema ebyogeddwa okulaba nga bituufu. (1 Abakkoliso 14:29)… okugabana ng'okwo kusigala nga kwa mugaso nnyo olw'okubeerawo kw'ekkanisa ng'abantu abalina okukkiriza... Buli muntu yalinga assubirwa okubaako ky'akola era n'okuweereza abalala ng'akozesa abirabo eby'omwoyo.

Abaebulaaniya 10:25 agamba, *"obutalekangayo ku kungaana*" Ekkanisa be Bantu abakungaanye awamu n'ekigendererwa eky'okutunuulira Yesu, okutendereza Mukama, okufuna okulungamizibwa okuva eri Mukama n'okumugoberera nga basinziira ku kulungamizibwa okwo. Ekigendererwa ekikulu eky'ekkanisa ey'endagaano empya eyasooka kyali kya kuzimba. Baakungaananga olwe'kigendererwa eky'okuzimbagana mu kukiriza.

Ekkanisa eyasooka yali mbuulizi ya njiri. Abantu baali baabuna wonna nga bagabana okukkiriza kwabwe mu Yesu Kristo, era mu kukola bwebatyo, mukama yayongera ku kkanisa – si ku bizimbe – naye ku bantu ba Katonda, nga beeyongera okwenenya era n'okukkiriza. Baakungaaniranga awamu, okuzzinganamu amaanyi, okukozesa ebirabo byabwe eby'omwyo, okuweerezangana n,okufuna ekiseera eky'okusa ekimu nga bagabana eky'okulya. Bwe baabeeranga awamu, baakozesanga ebirabo byabwe eby'omwoyo, okulaba ensobi zaabwe ne bazitereeza. Awo ne balyoka bafuluma okugenda okubuulira enjiri, olwo omuzingo gwonna ne gutandika buto. Bakiriza mukama waffe Yesu Kristo, era ne bakunganiranga wamu. Ekifo we baakunganiranga si kye kyali ekikulu. Kyalibadde ng'ekizimbe oba amaka g'omuntu. Oba baali nga bantu bangi nyo ab'akabinja k'abantu batono, naye nga baasisinkananga. Eky'obungi oba obutono tekyabakosanga bo kavuna basisinkananga mu linya lya mukama waffe Yesu olw'ekigendererwa eky'okukozesa ebilabo byabwe, okusobola okuzzinganamu amaanyi, n'okussa ekimu ng'oluvanyuma bajakuba nga batereeza amakubo gaabwe oba nga bazimbagana.

Nakizuula nga kye twali tukola mu nteekateeka ey'okubuulira engiri ey'obuyigirizwa mu kkanisa yaffe eka gye nayogerako okusooka, nga tusisinkana ebibiina ebiyiga bayibuli, yali nti twasisinkananga mu makanisa. Tegaalinga makanisa nga bwe tumanyi olwaleero, naye twasisinkananga ng'ekkanisa buli wiiki, kubanga twasisinkananga mu linya lya mukama waffe Yesu okusobola okuzinganamu amaanyi, okuteeka amaaso gaffe ku mukama, okubeera nga

tuweebwa ebiragiro okuva mu kigambo kya Katonda, era n'okukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo.

Ekkanisa gy'osabilamu si kye kikulu – oba oli mukanisa emanyidwa oba etamanyidwa, oba okungaanira mu kkanisa luva okwaya oba mu maka ng'akabinja – ekyawandikibwa kigamba nti nga bw'olaba, olunaku lunaatera okutuuka, ara ng'ekibi kyeyongera, n'ekisa kya Katonda nakyo kyeyongera okufuga. Ekisa kigenda kweyongera okufuga mu nkungaana z'abantu ba Katonda zino. Mu kkanisa nga buli mukkiriza alina eky'okukola mu buweereza bwa Yesu Kristo, musobola okweweereza mwekka na mwekka, musobola okuyambagana, era n'okuzzinganamu amaanyi wakati mu kukozesa ebirabo byamwe eby'omwoyo.

Ffena tusobola okuganyulwa singa tusisinkana ekibinja ky'abakiriza mu ngeri eno. Ne bwetuba babiri oba basatu nga tusisinkanye mu linya lya mukama waffe Yesu Kristo, twetaaga okukungaana era ebeere empisa yaffe. Kirungi okukungaananga, tusobole okukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo, okuyimusangana, era n'okuzzinganamu amaanyi, okuteeka amaaso gaffe ku Yesu nga tuli wamu, era n'okusabiragana. Waliwo ebintu bingi bye tulina okukola mu kkanisa. Tuyinza okwogera ku bakadde b'ekkanisa n'obukulembeze bw'ekkanisa, naye ogwo si gwe mugaso gw'amasomo gaffe olwaleero. Omugaso gw'amasomo gaffe kwe kumanya omugaso gw'ekkanisa n'okumanya nti tetuteekedwa kweyawulayawula. Tetusobola kuberawo bwetutyo. Bwe tumala okufuna obulokozi, Katonda y'atuteeka mu mubiri gwa Kristo – omubiri ogugatta abakkiriza. Buli muntu yeetaaga munne era twetaaga okukungaana ng'ekkanisa ya Kristo tusobole okuzzinganamu amaanyi, n'okuweerezagana nga tukozesa ebirabo byaffe eby'omwoyo Katonda by'atuwadde. Nkukubiriza okukungaana n'abatu ba Katonda olwaleero.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Abaebulaniya 10:25. Kiki kyetutalina kuleka yo?----------
   ----
2. Soma Bikolwa by'abtume 5:42. Buli lunakyu mu yeekaalu na mu buli maka Yesu---------
   era ----------
3. Soma Bikolwa by'abatume 2:42. Ebintu ebina ekkanisa eyasooka bye yakolanga bye biluwa?----------
   ----
4. Soma Bikolwa by'abatume 2:44-45. Ekkanisa eyasooka yasonda sente ez'okuzimba ekkanisa. Kituufu oba sikituufu?
5. Soma 1 Bakkolinso 12:28. Wandiika ebilabo ebyenjawulo Katonda bye yassa mu kkanisa.----------
6. Soma 1 Abakkolinso 14:26. Abantu ba Katonda bwe baakungananga ng'ekkanisa wabangawo eddembe okukozesa ebirabo byabwe. Wandiika ebintu bitaano

ebyabangawo.----------
---

7. Soma Bikolwa by'abatume 6:1. Ekkanisa ey'endagaano empya emmere yagigabananga ne baani?----------
---

8. Soma Yakobo 1:27. Eddiini yokka Katonda gy'afaako y'eyo ekola----------
---

9. Soma Timoseewo 5:9-11. Ba namwandu abayambibwanga mu kkanisa eyasooka ey'endagaano empya, bayita nga mu mitendera ki?----------
---

10. Soma Abakkolinso 9:14. Ng'ogyeko okuyamba ba namwandu, ba mulekwa n'abeetaaga ekkanisa yawagira ki ekilala?----------
---

11. Soma Matayo 25:35-40. Lwaki abantu balowooza nti okuwaayo sente mu kibbo ye ngeri yokka ey'okuwa Katonda?----------

12. Soma Bikolwa by'abatume 4:32-35 ne Ngero 3:9-10. Mu kkanisa eyasooka, abakadde b'ekkanisa n'abasumba, ensimbi baazikozesa ki?----------
---

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Abaebulaniya 10:25 – "*tuleme kulekayo kukungaana nga abamu bwebakola, naye buli muntu agumye munne, naddala nga bwe mulaba nti, olunaku lwa mukama waffe okudda lutuuse*."

Bikolwa by'batume 5:42 – *" awo ne bayigirizanga mu yeekaalu buli lunaku era ne mu maka g'abantu nga babuulira Yesu*."

Bikolwa by'abatume 2:42 – "*ne banyiikira nga okuyigirizibwa kw'abatume, ne mu kussa ekimu, ne mu kumenya omugaati, era ne mu kusaba.*"

Bikolwa by'abatume 2:44-45 – *"[44]. Abakkiriza ne bakungaananga bulijjo mu kifo kimu,ne baba nga bassa kimu mu byonna. [45]. Eby'obugaga bwabwe n'ebintu bye baalina ne babituunda ne bagabira buli muntu ng'okwetaaga kwe bwe kwabanga.*"

1 Abakkolinso 12:28. – *" Era abamu Katonda yabateekawo mu kkanisa: abasooka be batume, ab'okubiri be bannabbi, ab'okusatu be bayigiriza, ne kuddako abakola ebyamagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonya endwadde, n,okuyamba abali mu kwetaaga, abakulembeze era n'abogezi b'nnimi."*

1 Abakkolinso 14:26 – *"kale ab'oluganda tugambe tutya? Bwe mukungaana buli omu oba ne Zabbuli, oba eky'okuyigiriza, oba ekyo Katonda ky'amubikulidde, oba okwogera mu nnimi, oba okuvvunuula. Ebyo bynna bisaana bikolebwe olw'okuzimba ekkanisa ya Kristo*."

Bikolwa by'abatuume 6:1 – *"awo mu biseera ebyo abakkiriza bwe baagenda beeyongera obungi, ne wabaawo okwemulugunyamu bakerenisiti ku Baebulaaniya nti banamwandu babwe basosolwa, ne bataweebwa kyenkanyi.*"

Yakobo 1:27 – *"eddiini entuufu etaliiko bbala mu maaso ga kitaffe, y'eyo ey'omuntu alabirira bamulekwa ne banamwandu era nga y'ekuuma esi gy'alimu ereme kumuleetako bbala*."

1 Timoseewo 5:9-11 – *"[9]. Namwandu awezezza emyka enkaaga yeyeka anaawandikibwanga ku lukalala lwa ba namwandu. Era eteekwa kuba nga yafumbirwa omusajja omu, [10] nga yakolanga ebikolwa ebirungi, oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nyo okukola obulungi mu buli ngeri. [11]. Naye bannamwamdu abakyali abato, tokkirizanga okubateeka ku lukalala lwa banamwandu kubanga omubiri bwe gulibalemesa okweweerayo ddala eri Kristo balyagala okufumbirwa.*"

1 Abakkolinso 9:14 – *" Mu ngeri y'emu mukama wafe yalonda abo ababuulira ejiri baliisibwenga olw'ejiri."*

Matayo 25: 35-40 – *"[35]Kubanga nali muyala ne mundiisa, nnali muyonta ne mumpa eky'okunywa, nali mugenyi ne munyaniriza, [36] nnali bwerere ne munnyambaza, nali mulwadde ne munnambula, nnali mu kkomera ne mujja okundaba.[37]. Abatuukirivu ne bamubuuza nti mukama waffe, twakulaba ddi ng'oli muyala ne tukuliisa? Oba nga olina enyonta ne tukuwa eky'okunywa? [38]. Oba nga oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba ng'oli bwerere ne tukwambaza? [39]. Twakulaba ddi ng'oli mulwadde oba ng'oli mu kkomera na tukulambula? [40]. Kabaka alibaddamu nti ddala ddala mbagamba anti, bwe mwabikolera baganda bange abo abasembayo wansi kyekimu mwabikolera nze."*

Bikolwa by'abatume 4:32-35 – *"[32]. Abakkiriza bonna baalina omwoyo gumu n'omutima gumu; nga tewali agamba nti kino kyenina kyange kubwange, wazira nga bonna bagabanira wamu. [33]. Awo abatume ne ba buulira nnyo n'amaanyi mangi ku kuzuukira kwa mukama waffe Yesu, era* bonna *ne bajjula ekisa kingi. [34]. Mu bbo temwali baali mu kwetaaga kubanga abo abaalina ettaka oba amayumba baabitundanga ensimbi ezivudde mu byebatunze [35] ne bazireeta ku bigere by'abatume bagabireko buli muntu ng'okwetaagakwe bwe kwali."*

Ngero 3:9-10 – "[9]. *Mukama mugulumizenga n'ebybugagga byo; n'ebibala ebisooka eby'ebintu byo byonna eby'omunnimiro yo, [10] olwo amaterekero go lwe ganajjulanga ebintu enkumu, era n'amasenero go ne gajjula ne gabooga omwenge omusu."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Abaebulaniya 10:25. Kiki kyetutalina kuleka yo? **Okukungaananga nga abakkiriza.**

2. Soma Bikolwa by'abtume 5:42. Buli lunakyu mu yeekaalu na mu buli maka Yesu **yayigirizanga** era **n'abuulira enjiri.**

3. Soma Bikolwa by'abatume 2:42. Ebintu ebina ekkanisa eyasooka bye yakolanga bye biluwa? **Beeyongeranga kuyigirizibwa, okussa ekimu, ne mukumenya omugaati (okuliira awamu n'kugabana mu kusembera) ne mukusaba.**

4. Soma Bikolwa by'abatume 2:44-45. Ekkanisa eyasooka yasonda sente ez'okuzimba ekkanisa. **Sikituufu?**

5. Soma 1 Bakkolinso 12:28. Wandiika ebilabo ebyenjawulo katonda bye yassa mu kkanisa. **Abatume, abasomesa, abo abakola ebyamagero, abo abalina ekilabo eky'okuwonya abalwadde, n'okuyamba abali mu kwetaaga, n'abo aboogera mu nnimi empya.**

6. Soma 1 Abakkolinso 14:26. Abantu ba Katonda bwe baakungananga ng'ekkanisa wabangawo eddembe okukozesa ebirabo byabwe. Wandiika ebintu bitaano ebyabangawo. **Omuntu omu yalina oluyimba, omulala okusomesa, omulala n'aleeta okubikkulilwa Katonda kwe yali amuwadde, omulala n'ayogera mu nnimi empya, n'omulala okuzivuunula.**

7. Soma Bikolwa by'abatume 6:1. Ekkanisa ey'endagaano empya yagabananga emmere ne baani? **Ba nnamwandu.**

8. Soma Yakobo 1:27. Eddiini yokka Katonda gyafaako yeeyo **efaayo ku ba nnamwandu ne bamulekwa era n'abo abeetaaga.**

9. Soma Timoseewo 5:9-11. Ba namwandu abaayambibwanga mu kkanisa eyasooka ey'endagaano empya, bayita nga mu mitendera ki? **Namwandu awezezza emyka enkaaga yeyeka anaawandikibwanga ku lukalala lwa ba namwandu. Era eteekwa kuba nga yafumbirwa omusajja omu, nga yakolanga ebikolwa ebirungi, oba nga yaleranga abaana, oba nga yayanirizanga abagenyi, oba nyo okukola obulungi mu buli ngeri. Naye bannamwamdu abakyali abato, tokkirizanga okubateeka ku lukalala lwa banamwandu kubanga omubiri bwe gulibalemesa okweweerayo ddala eri Kristo balyagala okufumbirwa."**
10. Soma Abakkolinso 9:14. Nga ogyeko okuyamba ba namwandu, ba mulekwa n'abeetaaga ekkanisa yawagira ki ekilala? **Yawagira okubuulira enjiri.**

11. Soma Matayo 25:35-40. Lwaki abantu balowooza okuwaayo sente mu kibbo yengeri yokka ey'okuwa Katonda? **Kubanga bwebatyo bwe bayigirizidwa.**

12. Soma bikolwa by’abatume 4:32-35 ne Ngero 3:9-10. Mu kkanisa eyasooka, abakadde b’ekkanisa n’abasumba, ensimbi baazikozesa ki? **Baagabira abali mu bwetaavu, nga bawa Katonda ekitiibwa mu kiwaayo.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 5

OKUSUMULULWA
By Don Krow

Olwaleero tugenda kwogera ku ssomo ly'emizimu. Mu buweereza bwa Yesu kunsi, yagobanga emizimu, yawonyanga abalwadde, yazuukinzanga abafu, n'ebyamagero ebirala. Kumpi kimu kyakuna eky'obuwereza bwe yakimala ng'agoba mizimu mu Bantu. Bayibuli etutegeza mu Bikolwa by'abatume 10:38 nti *"Yesu omunazaleesi, Katonda bwe yamufukaako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi, eyatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya bonna abaajoogebwanga setaani kubanga Katonda yali naye"* ne 1 Yakaana 3:8 kigamba nti, *"omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani"*. Nalinanga endowooza yanjawulo nnyo ku ssomo ly'emizimu nti emizimu, ba dayimooni, emyoyo emibi, emyoyo egitali mirongoofu oba kyona ky'oyagala okugiyita, gyalabikiranga mu Buyindi oba munsi ezikyakula yokka, abantu gyebatansinza Katonda omulamu wabula ebifananyi. Nali mukyamu.

Ka mbabuulire ku kye nnalaba mu kkanisa emu mu Dallas, Texas, emyaka mitono egiyise, abantu bonna bwe baali bayimba, mbagirawo omuwala naagwa wansi. Yalabika ng'eyali agudde ensimbu. Eky'omukisa, waliwo omusawo eyali ayitibwa Dr. Rice. Mu kkanisa mwalimu abantu abaalina amaka ewalako n'ekkanisa, naalagira bamutwaleyo amwekebejje. Bwetwamutuusa mu maka ago, omuwala ono yataama ng'engo efumitiddwa. Amaaso gaamukanuka, eddoboozi eddene ery'ekisajja ne lyogera mu muwala ono omuto ow'emyaka 18 oba 19 egy'obukulu, eyali taweza nabuzito bwa kilo 30. Amangu ago, ekintu kino ne kitandinka okunnumba mu bigambo nga kigambi nti, "OGENDA MU GGEYEENA! Ne ngiddamu nti, "nedda sijja kugenda yo". Natya nnyo kubanga kino nali sikirabangako. Ne giddamu nti "WEWAAWO OGENDA MU GGEYEENA", nange nenziramu nti nedda, sijja kugenda. Gyalabika ng'egininako amaanyi oba obuyiza, era nali simanyi kye nyinza kukolera kintu ekyo ekyali mu muwala ono.

Omu ku mikwano gyange nfiira bulago ye yatya nnyo nabulawo mangu nnyo ne nsigala awo nzekka. Ne neebuuza, "*munsi ya Mukama eno, nkole ki nze?* Omuwala yalina amaanyi agasusse ku g'abantu n'atandika okwogera ebigambo abyawulikikanga eby'olujamani naye nga taluyigangako n'ebikolwa ebirala bingi eby'ekilalu ebya setaani nebirabikira mu ye. Yalimu emizimu era newankubadde nga nali simanyi kya kukola, nateranga okkukkiriza nti bayibuli erina amaanyi. Nga kiringa nti oli mwana muto n'olaba film ezirimu agantuntu agatisa. Ng'oguntu ogulya abantu gugenda eri omuntu, amangu ago omuntu oyo n'atekayo omusalaba oguntu neguleekaana, ARRRGH!!! Bwentyo bwe nalowoozanga ku bayibuli, nali mmanyi nti bayibuli erina amaanyi naye nga simanyi ngeri gye nyinza kugaggyamu. Ekisa kya Katonda kyannyamba, kubanga nali sirabanga ku mbeera ey'engeri eno. Nabikkula bayibuli yange mu ndagaano empya negenda mu kitabo ky'Abafiripi. Natandika okusoma esuula 2 enyiriri 8-11. *"ne yeetowaza naaba muwulize n'okutuukira ddala ku kufa okw'okukomererwa ku musaalaba. Katonda kye yava amugulumiza n'amuwa erinya erisinga amanya gonna, buli viivi ery'abo abali kunsi, era n'abali wansi w'ensi, era buli lulimi lwatulenga nti Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda kitaffe aweebwe ekitibwa."*

Bwe namala dayimooni n'engamba nti, toyogera bwotyo, "ebigambo ebyo siyinza kubigumikiriza! Toyogera bwotyo! Munda yange ne ngamba nti, "*nga gw'ekyanze*", bwentyo negamba nti, "wewaawo buli vvivi lifukaamirirenga erinya lya Yesu – ebintu ebiri mu ggulu n'eby'okunsi n'ebya wansi w'ensi. "Toyogera bwotyo! Sisobola kuguminkiriza bigambo ebyo! Toyogera bwotyo! N'aleekaana." Muli nendowooza, *"omuzimu guno gutabukidde mu muwala ono era kye ngenda okukola kyokka kwe kusoma ekigambo kya Katonda!* Bwentyo nenziramu nate okusoma mu suula 2 Okuva lunyiriri 8-11, *"Era bwe yalabikira mu kifaananyi eky'omuntu, neyeetoowaza nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'okumusaalaba. Era Katonda kye yava amugulumiza ennyo, n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna, buli vvivi lifukaamirirenga erinya ery'eby'omuggulu n'eby'okunsi n'ebya wansi wensi, na buli lulimi lwatulenga nti Yesu Kristo ye MUKAMA waffe, Katonda kitaffe aweebwe ekitiibwa".* Nate era ne gwekyanga mu ngeri y'emu, "Toyogera bwotyo, siyinza ku bigumiikiriza ebyo! Olwo dayimooni n'etandika okusika amatu g'omuwala n'agamba nti "toyogera bwotyo! Siyinza kugumiikiriza bigambo ebyo, toyogera bwotyo! Dayimooni n'asuula omuwala wansi mu maaso gange n'atandika okuvvunnamira erinya lya Yesu, ne ngamba nti "buli vvivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu eby'omuggulu n'eby'okunsi n'ebya wansi w'ensi.

Ebiseera eby'emabegako setaani yalina obuyinza n'amaanyi ku bulamu bwange. Nalowooza nti agenda kunkubamu obuswanyu, anzigunde amale ansuule okuva awo – nali sikimanyi! Kyenali manyi kiri nti bayibuli erina amaanyi era nagibikkula nentadika okugisoma. Mu befeeso 6:17, bayibuli egamba, *"Era mutwale n'ekitala eky'omwoyo nga ekyo kye kigambo kya Katonda."* Olaba, waliwo eky'okulwanyisa ekirumba kye tulina okukozesa okusobola okusalaasala omulabe era n'okumulumya. Kye kitala eky'omwoyo, ekigambo kya Katonda. Ojjukira olunaku Yesu lwe yakemebwa? Setaani yajja gyali n'amugamba nti, *"Njakuwa obwakabaka bwonna obuli kunsi singa on'ovunama n'onsinza."* Yesu naddamu n'amugamba, *" nva mu maaso gwe setaani: kubanga kyawandiikibwa on'osinzanga Katonda omu yekka era oyo gw,onowerezanga."* (Matayo 4:10). Setaani n'ayongera okumukema emirundi egiwerako, naye ne Yesu n'amugamba nti "kyawandikibwa…kyawandikibwa," era n'ajayo ebyawandikibwa oba ekigambo kya Katonda. Yakozesa ekitala eky'omwoyo era setaani n'adduka n'muleka mu kiseera kyonna.

Eky'okulwanyisa kyokka kyetulina ekisobola okuwangula omulabe kye kitala eky'omwoyo era nga kye kigambo kya Katonda. Kye nayiga mw'ekyo okimanyi? Kye kino: buli lwenjagla okuyiga ekigambo, ndowooza ku ngeri enjala gy'ennumamu era nga nnina okunoonya eky'okulya, oba ndowooza ku bintu bye saakoze olunaku olwo. Nkimanyi nti abo abali mu kibiina ky'obuyigirizwa kino bayinza okufuna okwewolereza okutali kwa ngeri zimu ku nsonga lwaki tebasobola kubaawo. Oluvanyuma nateeberezaamu wano, ensonga lwaki tebazze. Waliwo ebintu mu bayibuli Katonda by'ayagala tumanye nga setaani tayagala tubimanye. N'olwekyo, buli lwojja okuyiga ekigambo kya Katonda, aba okusomesa mu kibina ky'abayigirizwa, wabaawo ekintu mu kigambo kya Katonda omulabe ky'atayagala omanye – tayagala omanye Katonda ali emabega w'ebigambo bino.

Waliwo obwakabaka obw'ekizikiza n'obwakabaka obw'omwana wa Katonda omwagalwa. Mu Bakolosaayi 1:13 Paulo agamba, *"eyatulokola okuva mu maanyi agekizikiza n'atutwala mu bwakabaka abw'omwana we omwagalwa"* Oli mu bwakabaka ki? Obwakabaka kye kifo omuntu wafugira era walina obuyinza. Yesu Kristo ye Kabaka. Wali omuwadde obulamu bwo? Omugoberera leero aba olese ebintu ebilala okutwala ekifo eky'okumwanjo mu bulamu bwo?

Yesu yagamba bwati mu Lukka 6:46, "*Era lwaki mumpita Mukama waffe, Mukama waffe nga temukola bye ngamba?"* ayagala abeere nga yasinga byonna mu bulamu bwo, nga ye nnamba emu. Waliwo obwakabaka obw'ekizikiza obwagala okumugya mu kifo ekyo, ekifo ekyo eky'okubeera nga y'akifugiramu. Kubanga omulabe ayagala okwegulumiza atuuke mu kifo ekyo ekisooka mu bulamu bwo. Jjangu eri Yesu leero n'omutima gwo gwonna okitegeere nti waliwo omulabe. Erinnya lye ye setaani alina amanyi ga badayimooni naye bayibuli etutegeeza nti tumulinako obuyinza.

Yesu agamba mu Matayo 10:8 nti, "muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe emizimu: mwaweebwa buwa nammwe muwe buwa. "buulira enjiri y'obwakabaka bwa Katonda era laba mugenda nga mulina obuyinza ku mulabe. Temukkiriza omulabe okujjako ekigambo Katonda ky'abasibiridde ng'entanda mu bulamu bwamwe. Leka Yesu abeere namba emu mu bulamu bwo, toja kwejjusa.

EBIBUUZO EBY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Ab'afeeso 6:12, Olutalo lwaffe olw'omwoyo n'ensi ey'emizimu lunnyonyolwa lutya?----------

2. Soma Makko 16:17 Kituyigiriza ki ku buyinza bw'omukkiriza?----------
   ----

3. Soma Yakobo 4:7 Omuntu anoonya okusumululwa okuva mu ba dayimooni alina kukola ki?----------

4. Soma Yakobo 1:14, Ngeri ki setaani gy'atulimbalimba ekintu ekibi n'akifuula eky'egombesa?----------
   ----

5. Soma Abariimi 6:13 Omuntu singa ajjuza obulamu bwe n'ebintu bya Kristo, emizimu gisobola okumuvaamu gyoka. Abaruumi 16:13 kitugamba kukola ki?----------
   ----

6. Soma Abaruumi 13:14, Badayimooni baliisibwa ebikolwa eby'omubiri, n'olwekyo balumise enjala ng'otambulira mu makubo aga Katonda ag'okwagala n'obulongoofu. Tetulina kuwa bbanga eri omubiri.

7. Soma Lukka 10:17 – 19 Yesu tatugambangako kusaba ye agobe ba dayimooni. Atuwa obuyinza, Lukka 10:19 kitugamba nti tulina obuyinza ku maanyi gonna ag'omulabe.

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Abefeeso 6:12 – "*Kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi wabula n'abamasaza, n'amaanyi, n'abafuzi abafugira mu kizikiza ab'enso eno, n'amaanyi ag'emyoyo emibi mu bbanga."*

Makko 16:17 – "*Era obubonero buno bunaagenda n'abo abakkiriza banaagobanga emizimu mu linya lyange, banaayongeranga ennimi empya."*

Yakobo 4:7 – *"Kale mweje eri Katonda, naye mulwanenga ne setaani, naye anaabaddukanga."*

Yakobo 1:14 – " *Naye buli muntu akemebwa nga okwegomba kwe okubi bwekuli, n'asendebwasendebwa."*

Abaruumi 6:13 –*"So temuwengayo bitundu byammwe eri ekibi kubanga eby'okuko obutali butukiririvu, naye mwewengayo eri Katonda ng'abalumu abaavu mu bafu, n'ebitundu byammwe okubanga eby'okukozesa obutukirivu eri Katonda."*

Abaruumi 13:14 – *"Naye mwambale Mukama waffe Yesu Krsito, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba."*

6. Lukka 10:17 – 19 – *"Awo aba ensanvu ne bakomawo n'essanyu nga bagamba nti Mukama waffe ne badayimooni batuwuliera mu linya lyo. (18) N'agamba nti nnalaba setaani ngavudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa laba."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Ab'afeeso 6:12, Olutalo lwaffe olw'omwoyo n'ensi ey'emizimu lunnyonyolwa lutya? **Lunyonyolwa nga okumeggana.**

2. Soma Makko 16:17 Kituyigiriza ki ku buyinza bw'omukkiriza? **Tulina obuyinza okugoba emizimu mu linya lya Yesu.**

3. Soma Yakobo 4:7 Omuntu anoonya okusumululwa okuva mu ba dayimooni alina kukola ki? **Alina kwewaayo eri Katonda, aziyize ne setaani.**

4. Soma Yakobo 1:14, Ngeri ki setaani gy'atulimbalimba ekintu ekibi nakifuula ekyegombesa? **Akozesa okwaka kwaffe. (ekibi akifuula ekibalagavu.)**

5. Soma Abariimi 6:13 Omuntu singa ajjuza obulamu bwe n'ebintu bya Kristo, emizimu gisobola okumuvaamu gyoka Abaruumi 16:13 kitugamba kukola ki? **Tobala bibala bya mubi wabula ebyo eby'bwa Katonda.**

6. Soma Abaruumi 13:14, Ba dayimooni baliisibwa ebikolwa eby'omubiri, n'olwekyo balumye enjala nga otambulira mu makubo ago Katonda ag'okwagala n'obulongoofu. Tetulina kuwa **bbanga** eri omubiri.

7. Soma Lukka 10:17 – 19 Yesu tatugambangako kusaba ye agobe badayimooni. Atuwa obuyinza, Lukka 10:19 kitugamba nti tulina obuyinza **ku maanyi gonna ag'omulabe.**

OMUTENDERA 2

ESSOMO 6

OBUYINZA BW'OMUKKIRIZA
By Andrew Wommack

Mu somo ly'olwaleero, njagala kwogera ku buyinza Katonda bwe yatuwa ffe ng'abakkiriza. Kino okusobola okukyogerako obulungi, tetugenda kwogera ku buyinza bwe tulina bwokka naye n'obwa setaani. Yakubibwa n'alekebwa mu kubiro n'asigala nga takyategeerekeka. Abakristaayo abamu babuzaabuzibwa ne babakkirizisa nti tulwanyisa ekitonde ekitusinga amaanyi era netuba nga tusobola okumuguminkiriza ne tumumanyiira. Ebyo ebyawandiikibwa si bwe biyigiriza n'akatono. Ebyawandiikibwa bigamba mu B'efeeso 6:12 nti, *" kubanga tetumeggana na mubiri wadde omusaayi wabula n'abafuzi, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino n'emyoyo egy'omubi mu bifo ebya waggulu."* N'olwekyo setaani wa ddala era waali.
Alina emitendera gy'abamasaza n'ab'obuyinza betwolekera naye olunyiriri olusooka waggulu lugamba nti tulina okuyimirira ne tuziyiza enkwe za setaani. Amaanyi gokka setaani gaayinza okutwolekeza bwe bulimba. Talina maanyi gasobola kumala gatuwangula gatyo.

Mu lubereberye 3 tulaba nti ekikemo ekyasooka bwe kyajja eri Adam ne Kaawa, setaani teyajja na maanyi gassukiridde. Eky'okulabirako mu kifo ky'okuyingirawo ng'ogusolo ogunene, oba ng'enjovu, n'essa ogugere gwayo ku mutwe gwa Adam gumutiisetiise nga gumugamba nti "mpeereza oba si kyo ogwe ku kyokya," yayingira mu musota, ekitonde ekisinga olukujjukujju kw'ebyo Katonda bye yatonda. Ekigambo "olukujjukujju" kitegeeza "okusendasenda, okulimbalimba oba obukalabakalaba". Ensonga lwaki setaani yayita mu musota eri nti teyayina maanyi ga waliriza Adam ne Kaawa okukola ekintu kyonna, yalina kulimba bulimbi. Yalimba embala ya Katonda n'atandika okumukolokota ng'agamba, "mazima Katonda tabaagala – laba yabakweka buli kimu." Yakozesa bulimba okukema Adam ne Kaawa ne bajeemera Katonda. Bbo beebaalina obuyinza era ensonga lwaki setaani yalina ku kikola mu ngeri eyo, yali nti teyalina maanyi kulumbagana Katonda.

Ekyaliyo bingi bye sirina nyo budde bubyogerako naye nga, emu ku nsonga enkulu gye njagala otegeere y'eno nti bwe twogera ku buyinza bw'omukkiriza, olina okukitegeea nti setaani takulinaako maanyi n'obuyinza yadde n'akatono. Ye mulabe eyawangulwa edda. Amaanyi gokka g'alina gy'oli kwe kujja gy'oli n'obulimba era n'okusendasenda. Obulamu bwo singa busaanawo, oyinza okugamba nti, "setaani y'ankuba amasasi gano" naye ate nga ggwe wennyini gw'omuwa eby'okulwanyisa." Ggwe wennyini gw'olina okwolekera **obulimba bwe n'okusendasenda kwe**. Singa tetwewaayo eri setaani tayinza kufuna w'ayingirira yadde okuba n'amaanyi agatulwanyisa. Mu 2 Bakkolinso 10:3–5 kigamba nti, *"kuba newankubadde tutambulira mu mubiri, tetulwana kugoberera mubiri (kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya muburi naye bya maanyi eri Katonda olwo kumenya ebigo) nga tumenya empaka na buli kintu ekigulumivu ekikulumbaziddwa okulwana n'okutegera kwa Katonda era nga tujeemulula buli kirowoozo okuwulira Kristo."* Ebyawandiikibwa bino byogera ku by'okulwanyisa eby'entalo zaffe, era nga buli kya kulwanyisa ekikooneddwako kyogera ku birowoozo byaffe, nga kikola ku ndowooza. Setaani talina ky'asobola kukukola okujjako nga ayise mukukulimba.

Waliwo bye njagala okufunzafunza mubwangu. Kuluberyeberye, awatali kubusabuusa kwona, Katonda yalina obuyinza bwonna. Obuyinza bwonna n'amaanyi gonna birina kuva eri Katonda kubanga ye yekka y'alina amaanyi. Ebirala byonna bitusigirwa ngabiva gyali. We yatondera eggulu n'ensi, yalina amaanyi gonna n'obuyinza bwonna. Mu luberyeberye 1:26 ng'amaze okutonda Adam ne Kaawa yagamba "*ka bafugenga .....Wonna ku nsi*". Ekyo kigatteko Zabuli 115:16 ekigamba, "*eggulu lye, ggulu lya Mukama, naye ensi yagiwa abaana b'abantu."* Olw'obutonzibwe, Katonda yalina obwannanyini ku buli kintu naye naawa omuntu alina omubiri obuyinza obw'okubifuga. Setaani tafunanga lukkusa na buyinza kufuga nsi wabula, yabutwala ng'ayita mu kulimbalimba, omuntu nayonoona. Amaanyi ago Katonda yagawa muntu naye omuntu bwe yagwa nawaayo obuyinza Katonda bwe yamuwa eri setaani. Katonda tawanga setaani maanyi kutulugunya bantu oba okufuga kunsi.

Ekyawandiikibwa kigamba nti setaani ye katonda wensi eno, naye si lwakuba nti Katonda ye yamufuula, katonda w'ensi eno. Katonda tassanga setaani mu kifo ekiri waggulu w'omuntu. Yawa omuntu okufuga n'obuyinza ku nsi. Ensonga yokka eleteera setaani okusobola okututulugunya, okufuga oba okuleeta ebizibu by'aleeta eri nti abantu baamuwa obuyinza Katonda bwe yali abawadde. Kino kyaleetera Katonda obuzibu kubanga ye mwoyo era nga obuyinza obw'okufuga ensi yali abuwadde omuntu alina omubiri. Abantu abalina omubiri be bokka abaalina obuyinza n'amaanyi okufuga n'okukoma ku nsi. Setaani yalina kujja gyetuli naatuletera okuwaayo obuyinza bwaffe gyali. Eyo y'ensonga lwaki ayagala nnyo okubeera mu mubiri. Mu byawandiikibwa, ba dayimooni baalinanga okufuna omubiri ogwokubeeramu kubanga setaani talina ky'ayinza kukola okujjako nga akola kuyita mu mubiri ogw'omuntu. Olw'ensonga nti Katonda mwoyo ate nga yali awadde abantu abalina omubiri obuyiza, kyalabika ng'emikono gye egyali gisibiddwa. Si lwakuba nti Katonda teyalina maanyi na buyinza naye olw'obwesimbu bwe. Yawa abantu abaalina omubiri obuyinza era olw'okubera ow'amazima eri ekigambo kye yali tasobola kumala gabweddiza nga bwagamba nti, "si bwetyo bwe nali njagala kibeere, obudde bwammwe buweddeko, mukome awo tujja kubiddamu buto". Nedda Katonda yeesiba yekka olw'ekigambo kye. Okuyita mu byafaayo byonna Katonda yali anoonya omuntu gwayinza okukulukutiramu oba okukoleramu, naye obuzibu bwali nti abantu bonna baali boonoonese nga beewaddeyo eri setaani. Olwo yalina ku kola ki?

Eky'enkomerero Katonda kye yakola kwe kujja ku nsi ye kenyini naafuuka omuntu. Kino kya kitalo bw'okitegeera, kubanga kati setaani yali mu buzibu bwa maanyi. Yali akozesa buyinza bwa muntu era Katonda yali tayinza kuyingirawo butereevu aggyewo ebizibu bino kubanga omuntu mu kweyagalira yali yawaayo obuyinza bwe Katonda bwe yamuwa eri setaani. Setaani yali mukyamu olw'ekyo kye yakola naye omuntu yamuwa obuyinza n'amanyi ye'bye yali ayinza okukozesa. Naye kati Katonda yali aze nga takyali mwoyo gwokka, naye ng'ayambadde omubiri ogukwatibwako. Kino kyassa setaani mu mbeera enzibu ennyo kubanga Katonda teyalina buyinza mu ggulu mwoka naye okufuuka omuntu kwamuwa obuyinza ne kunsi. Yesu yagamba mu Yokaana 5:26 – 27 nti "*kubanga nga kitawe w'omwana bwalina obulamu mu ye, bwatyo bweyawa omwana okuba n'obulamu mu ye, era yamuwa obuyinza okusalira abantu emisango kubanga ye mwana we omuto."* yali ayogera ku mubiri gwe ogukwatibwako.

Yesu yajja n'akozesa obuyinza obwamuweebwa Katonda. Setaani yamukema naye Yesu teyeewayo gyali. Mu buli lutalo setaani yalemererwa.Yesu yettikka ebibi byaffe, n'abiffirira, n'agenda mu ggeyeena, n'azuukira nate era n'ayongera mu Matayo 28:18 nti, "*Mpeeredwa*

obuyinza bwona mu ggulu ne ku nsi". Yawangula n'akomyawo obuyinza Katonda bwe yali awadde omuntu, omuntu bwe yali takozeseza bulungi era nga Katonda mu mubiri,Yesu kaakano yalina obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi. Mu lunyiriri oluddako yagamba nti, "kale mugende era mukole ebintu bino: byona bw'obigatta awamu yali agamba nti, "kati nina obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi era mbugabana namwe." Weewaawo, ku mulundi guno waliwo enjawulo mubuyinza Katonda bw'atuddiza ng'abakkiriza. Bwe buyinza obw'awamu nga tubugabana ne Mukama wafe Yesu Kristo. Tebikyatuweebwa bulambilira nga bwe kyali ku Adam ne Kaawa. Baali basobola okuwaayo obuyinza, ne bakkiriza setaani okubatulugunya, ne basigala nga tebakyalina suubi, naye leero obuyinza bwaffe tubugabana ne Mukama waffe Kristo. Kifaanana nga abantu ababiri, nga balina banka akawunti ey'awamu, nga beetaaga okuteeka omikono gyabwe bombi ku ceeke sente zilyoke zifunibwe. Obuyinza bwaffe tubugabana ne Mukama waffe Yesu era nga naye obuyinza bwe abugabana n'ekkanisa.

Wadde nga tuyinza okulemererwa, Katonda takyayinza kukkiriza kuteera setaani buyinza buno nate. Setaani talina maanyi, yadde n'akatono. Talina busobozi bwa kubaako ky'akola mu bulamu bwo okujjako ebyo by'akulimbalimbamu naawe bye weewaayo gye biri nga weyagalidde. Oyinza okumuwa obuyinza mu bulamu bwo, era ggwe wenyini n'obonaabona olw'ekyo naye obuyinza Katonda bwe yawa omuntu tebugenda kudamu kuweebwa setaani mu bulamba bwabwo. Kaakati bugabaniddwa wakati waffe ne Mukama waffe Yesu era ye bulijjo asigala mwesigwa ne bwe kiba kki. Olina okukitegeera nti kati ggw'olina obuyinza n'amaanyi. Setaani akulwanyisa na birowoozo naye eby'okulwanyisa by'olina bikusobozesa okuwamba ebirowoozo bino. Osobola okutegeera nti kiba kikyamu setaani okukutulugunya mu mubiri gwo era n'ozuula ki ebyawandiikibwa kye byogera kukuwonyezebwa. Yokaana 8:32 agamba, "*Mulimanya amazima n'amazima galibafuula ba ddembe."* Ggwe wennyini gw'olina obuyinza n'amaanyi. Katonda abikuwadde era ensonga yokka ekugaana okubikozesa kwe kuba nti tonabba kuwamba birowoozo byo. Tonnaba kukozesa bya kulwanyisa bino eby'omwoyo okuzza obuggya ebirowoozo byo n'okutegeerera ddala ky'olina. Kizzaamu amaanyi okukizuula nti gw'olina obuyinza n'amaanyi.

Nkusabira kino okitwale, okifumintirizeeko ne Katonda ajja kukuwa okubikkulirwa nti setaani ggwe gw'akankanira. Ggwe tolina kukankanira setaani kubanga gwe Katonda gwe yawa amaanyi n'obuyinza. Bw'onooziyiza setaani, ajja ku kudduke (Yakobo 4:7)

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Luberyeberye 3:1 Setaani waali naye amaanyi ge aga ddala gali mu busobozibwe obw'okutulimba. Kiki omusota (setaani) kye gwali gugezaako okuleetera kaawa okubuusabuusa?----------
2. Soma Luberyeberye 3:1 Olowooza lwaki setaani yakozesa obulimba?----------
3. Soma Luberyeberye 1:26, 28 Ani yawa omuntu obuyinza bwe yalina?----------

4. Soma Zabbuli 8:4-8, Katonda yatonda atya omuntu?----------
   ----
5. Soma 2 Bakkolinso 4:4 Kiki ekiraga ekyaliwo?----------

   -
6. Soma Matayo 4:8, Alina amaanyi g'ayongera mu nsonga eno?----------
   ----
7. Soma Matayo 28:18 Oluvanyuma lw'okufa n'okuzukira kwa Yesu, kati ani alina amaanyi gonna n'obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi?----------
   ----
8. Soma Matayo 28:18, 19 Ani agabanyiziddwako ku buyinza?----------
   ----
9. Soma Ab'efeeso 1:19, obukulu obw'amaanyi ga Katonda obusukkiridde buli kw'ani?----------
   ----

EBYAWANDIIKIBWA EBY'OKUKOZESA NGA ODDAMU EBIBUUZO.

Oluberyeberye 3:1 – *"Kale kaakano omusota gwali mukalabakalaba okukira ensolo zonna ez'omunsiko, Mukama Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, "nkazi Katonda yabagamba nti temulyanga ku muti gwona ogw'omnnimiro?"*

Luberyeberye 1:26 – *" Awo Katonda n'agamba nti tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe, mu zzonna, n'ensi yonna, era bafugenga na buli ekyewalulira ku nsi kyona."* Luberyeberye 1:28 *"Katonda n'abawa omukisa , n'abagamba nti mwale mujjuze ensi mugifugenga. Mufugenga ebynyanja ebiri mu Nyanja, n'ebinyonyi eby'omubbanga, na buli kilamu eky'okunsi."*

Zabbuli 8:4-8 – *"[4] Omuntu kye ki ggwe okumujjikira, omuntu obuntu ggwe okumufaako? [5] kubanga wamukola n'abulako katono okuba nga katonda n'omusako engule ey'obukulu n'ekitiibwa. [6]. Wamukwasa okufuga ebintu byona bye wakola n'emikono gyo: byonna wabissa wansi w'ebigere bye, [7] ebisibo n'amagana ag'ebisolo bynna eby'omunsiko, [8] n'enyonyi ez'omu bbanga n'ebyenyanja eby'omunynja era na buli kilamu kyona ekiyita mu Nyanja."*

2 Abakkolinso 4:4 – *"Katonda w'emirembe yazibikira ebirowoozo by'abatakkiriza obutabamulisa njiri ey'ekitiibwa kya Kristo ye nga kye kifaananyi kya Katonda."*

Matayo 4:8-9 – *"[8] Nate setaani n'amutwala ku lusozi oluwanvu n'amulengeza ensi zonna n'obwakabaka bwamu n'ekitiibwa kyabwo kyonna, [9] n'amugamba nti bino byonna nnaabikuwa bw'onoovunama n'onsinza."*

Matayo 28:18 – *"Awo Yesu n'asemberera abayigirizwa be n'abagamba nti, mperedwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi."*

Matayo 28:19 – *" Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna abayigirizwa nga mubabatiza mulinya lya kitaffe, n'omwana era n'omwoyo omutukuvu."*

Befeeso 1:19 – *"kubanga mmanyi nti olw'okusabira n'olw'amaanyi ag'omwoyo wa Yesu Kristo, ndifuna okulokolebwa kwange."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Luberyeberye 3:1 Setaani waali naye amaanyi ge aga ddala gali mu busobozibwe obw'okutulimba. Kiki omusota (setaani) kye gwali gugezaako okuleetera Kaawa okubuusabuusa? **Ekigambo kya Katonda. (ddala Katonda yayogera)**

2. Soma Luberyeberye 3:1 Olowooza lwaki setaani yakozesa bulimba? **Yali tasobola ku bagyemesa ku mpaka. Yalina kubalimbalimba basobole okumuwa obuyinza.**

3. Soma Luberyeberye 1:26, 28 Ani yawa omuntu obuyinza bwe yalina? **Katonda.**

4. Soma Zabbuli 8:4-8, Katonda yatonda atya omuntu? **N'obufuzi ku buli kintu kye yatonda.**

5. Soma 2 Bakkolinso 4:4 Kiki ekiraga ekyaliwo? **Nti setaani yatwala obuyinza bw'omuntu, naafuuka katonda w'okunsi.**

6. Soma Matayo 4:8, Alina amaanyi g'ayongera mu nsonga eno? **Wewaawo.**

7. Soma Matayo 28:18 Oluvanyuma lw'okufa n'okuzukira kwa Yesu, kati ani alina amaanyi gonna n'obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi? **Yesu.**

8. Soma Matayo 28:18, 19 Ani agabanyiziddwako ku buyinza? **Abakkiriza.**

9. Soma Ab'efeeso 1:19, Obukulu obw'amaanyi ga Katonda obusukkiridde buli kw'ani? **Eri ffe abakkiriza.**

OMUTENDERA 2.
ESSOMO 7

OKUWONYEZEBWA KULI MU MUTANGO.

By Andrew Wommack

Essomo lya leero likwata ku kuwonyezebwa n'engeri gye kuli ekitundu kw'ebyo Yesu bye yatugulira. Mu Makko 2: ne mu Lukka 5, Yesu yali ayigiriza mu nju eyali ejjudde ennyo abantu, mikwano gy'omusajja eyali akoozimbye ne batuuka n'okumuyisa waggulu mu kasolya k'enju okusobola okumutuusa Yesu we yali atudde era n'amuwonya mu ngeri ey'ekyamagero.
Mu Matayo 8:14–16 Bwe yali ng'awonya abantu, bayibuli egamba, *"awo Yesu bwe yayingira mu nnyumba ya Petero, n'alaba nnyina wa mukaziwe ng'agalamidde alwadde omusujja. N'amukwata ku mukono, omusujja ne gumuwonako, n'agolokoka n'amuweereza. Obudde bwali buwungedde ne bamuleetera bangi abakwatiddwa dayimooni, n'agoba dayimooni n'ekigambo n'awonya bonna abaali balwadde"*. Kati olunyiriri 17 lugamba nti, "kiryoke kituukirire ekyayogerwa Isaaya nnabbi, *nti "ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe".* Mu mbeera eno, Yesu yali awonya abantu bangi, naye okusingira ddala kyongera ne kinokolayo Isaaya 53:3 – 5: *"Yannyomebwa n'agaanibwa abantu* (buno obunnabbi bwogera ku Mukama waffe Yesu Kristo), *omuntu ow'ennaku era eyagumira ennaku n'obuyinike, era n'omuntu abantu gwe ba kweka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bwatyo ne tutamuyitamu ka buntu. Mazima yeetikka obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe naye twamulowooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda n'abonyabonyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe. Okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye, era emiggo gye gyegituwonya".*

Enyiriri z'ebyawandikibwa zino, z'amaanyi: abantu abamu boogera ne bagamba nti, "lindako katono, wano twogera ku mbeera ya mwoyo". Nze ekkanisa gye nakuliramu yali tekiririza mu kuwonyezebwa okw,omubiri. Baafunanga ekyawandiikibwa nga kino ne bakifuula kya mwoyo – ne bakikozesa okugamba nti ebirowoozo byaffe byafuna ebiwundi naye bwe tuwaayo obulamu bwaffe eri Yesu atuwonya. Wabula, singa tugatta wamu ebyawandiikibwa bye twasookeddeko, bikomeza ddala enkozesa ey'ebyawandiikibwa ey'engeri eno, emirembe n'emirembe. Kituufu nti Yesu ajja kuwonya ebirowoozo byo ne mungeri endala zonna, naye ebyawandiikibwa bino byogera ku kuwonyezebwa okw'omubiri gwe nnyini. Eky'osobola okukikakasa kubanga Matayo 8:17 agamba nti okuwonyezebwa kuno okwaliwo kwali kutuukiriza obunnabi obwayogerwa Isaaya bwe twakasomako, "*olw'emiggo gye yakubibwa tuwonyezebwa"* Kitegeeza nti kino kyali kituukiriza kiri nti ye yennyini yatwala obunafu bwaffe ne yeetikka endwadde zaffe. Kino kyogera ku ndwadde, ebiwundu n'obulumi obw'omubiri. Yesu yawonya abantu mu mubiri atuukirize ekyawandiikibwa ekigamba nti tuwonyezebwa olw'emiggo gye yakubibwa.

Bayibuli eyongera negamba mu 1 Peter 2:24 nti. "*Eyettikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti ffe nga tumaze okufa ku kibi tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu, okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya"* kino kyaggwa dda. Yesu yajja era ekimu kw'ebyo bye yajja okukola kwali ku wonya mubiri gwo.

Ensonga ey'okuba nga era yajja n'okusonyiwa ebibi byo sigiggyawo. Kino kikulu nnyo era okusonyiyibwa ebibi gwe mulyango, gwe mukutu ogututuusa ku buli kimu naye teyakka

kusonyiwa bibi byo byokka, yajja n'okuwonya omubiri gwo. Mu lulimi oluyonaani, ekigambo ekikozesebwa nga boogera ku bulokozi mu ndagaana empya kiri '*sozo*' nga kizingiramu bingi era nga kikozesebwa mu bintu bingi eby'enjawulo. Bw'oyongera okukyekkenneenya kivvunulwa nga, "okuwonya" Yakobo 5:14 kigamba nti, "*waliwo mu mmwe omuntu alwadde? Ayitenga abakadde b'ekkanisa bamusabirenga, nga bamusiiga amafuta mu linya lya Mukama waffe, n'okusaba okw'okukiriza kulirokola omulwadde abeera ng'awonyezebwa mu mubirigwe."* Ekigambo 'kulokola' waliwo n'ekigambo sozo ate era kyogera ku kuwonyezebwa emibiri gyabwe. Ekigambo kino kye kimu ekyavvunulwa nga, "okusonyiyibwa ebibi" emirundi bikumi na bikumi mundagaano empya era kivvunulwa nga "okuwonyezebwa"

Yesu bwe yatuma abayigirizwa mu Matayo 10, ekiragiro kye yabawa kyali kya kuwonya balwadde, okulongoosa abagenge, okuzuukiza abafu, okugoba dayimooni n'okubuulira enjiri.
Mu kiseera kye kimu mwe yabagambira okubuulira enjiri, era mwe yabagambira n'okuwonya abalwadde, okulongoosa abagenge n'okugoba emizimu. Okuwonyezebwa nakwo kitundu kw'ebyo Yesu bye yajja okutuukiriza nga n'okusonyiyibwa ebibi bwe kuli.

Mungeri y'emu nga bw'otayinza n'akatono kulowooza nti Mukama waffe yaliyagade akole ekibi alyoke akusomese nti waliwo ky'oyinza okuyiga ng'oyita mu kibi kyo, bw'atyo bw'atayagala ggwe okubeera mu bulwadde. Katonda si ye mutandisi w'endwadde mu bulamu bwo. Olusi abantu boogera ebigambo nga, "kale obulwadde buno mukisa oguva eri Katonda kubanga bwankyusa okudda gyali". Kituufu nti mu biseera ebizibu abantu bakyuka ne badda eri Katonda naye takusindikira bulwadde alyoke akusomese. Tayinza kukola ekyo era nga bw'atayinza kuyita mu kibi? Oyinza okubako ky'oyiga mu kukola ekibi? Singa otambulira mu bulamu obw'obwenzi oba okulya ebisiyaga n'ofuna obulwadde, oyinza okuyiga nti obulamu obw'engeri eyo bukyamu? Mazima ddala osobola, naye Katonda si ye yakuleetera okutambulira mu bulamu obw'engeri eyo. Si ye yateeka ekibi mu bulamu bwo naye osobola okubaako kyoyiga nga okoze ekibi. Omutwe gwo osobola okugutomeza ku kisenge era n'oyiga nti ekyo si kirungi okukikola naye ate era osobola okuyiga ekyo nga tosoose kutomeza mutwe gwo ku kisenge. Tolina kuyiga bintu ng'oyita mu bulamu buzibu. Katonda tassa bulwadde mu bulamu bwo alyoke akutoowaze n'okubaako by'akuyigiriza. Yesu yafa osonyiyibwe ebibi byo era owonyezebwe endwade zo. Yeetikka edwadde zaffe mu mubiri gwe era olw'emiggo gye yakubibwa, twawonyezebwa.

Okuwonyezebwa okw'obwa Katonda weekuli ku lwaffe fenna era kuli kimu ku mutango ogwatwala Yesu mu kufa. Bw'obeera nga tonnafuna kuwonyezebwa kwo, tekitegeeza nti Katonda akwenyiyidwa. Okwagala Katonda, tolina kusooka kuwonyezebwa. Osobola okwagala Katonda n'omutima gwo gwona, nga tokkiriza kuwona era n'ogenda mu ggulu. Ate ng'amazima gali nti ojja nakutuukayo mangu nnyo kubanga engeri gy'oyinza okutambulira mu bulamu obulungi, togimanyi. Naye omanyi, osobola okufuna okuwonyezebwa kubanga weekuli. Yesu yafa okuwonyezebwa kubeerewo. Katonda ayagala obeere bulungi.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa

1. Soma Matayo 8:16-17. Yesu yawonya abantu bameka?----------
   ----
2. Soma Yisaaya 53:3-5. Enyiriri zino z'ogera ku kuwonyezebwa kika ki?----------
   ----

3. Soma Matayo 8:17. Kiki ekyatuuka ku ndwade zaffe n'obuyinike bwaffe?----------
---
4. Soma 1 Peetero 2:24. Ebintu ebibiri mu lunyiriri luno Yesu bye yatukolera bye biluwa?---
---
5. Soma Yakobo 5:14-15. Ekigambo 'kulokoka' mu lunyiriri 15 kiteegeza sozo mu Luyonaani, ekivuunulwa nti "kusumululwa, kukuumibwa, kuwonya, kwe kubeera nga tolina kikubulako" Kyekigambo bayibuli kyeyita 'obulokozi.' Okusinziira ku nyiriri zino, n'ezivuunula ey'oluyonaani, kiki ekiri mu bulokozi?----------
---
6. Soma Matayo 10:7. Yesu bwe yatuma abayigirizwa be kiki kye yabagamba okwogera?---
---
7. Soma Matayo 10:8. Yesu yabagamba kukola ki?----------
---
8. Soma Makko 16:15. Abayigirizwa Yesu yabalagira kukolaki?----------
---
9. Soma Makko 16:16. Abo ab'ewayo okubuulira enjiri balikola ki?----------
---
10. Soma Makko 16:17. Bubonero ki obuligoberera abakkiriza?----------
---
11. Soma Makko 16:18. Buboneroki obulala obugoberera abakkiriza?----------
---

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Matayo 8:16 – 17 – *"[16]Obudde bwali buwungedde, ne bamuletera bangi abakwatiddwa dayimooni. N'agoba dayimooni n'ekigambo n'awonya bonna abaali balwadde. [17] ekigambo kituukirire, ekyayogerwa nnabi Isaaya, ng'agamba nti ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe."*
Isaaya 53:3-5 – *"[3]Yanyoomebwa n'agaanibwa abantu, omuntu eyagumira ennaku era n'obuyinike; era ng'omuntu abantu gwe bakweka amaaso gaabwe yanyoomebwa bwatyo ne tutamulabamu ka buntu. [4] mazima yeetika obuyinike bwaffe n'asitula ennaku zaffe, naye nabonyaabonyezebwa. [5] Naye yafumitibbwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu, bwaffe: okubunorezebwa okw'emirembe gyaffe kwali ku ye, era emiggo gye gye gituwonya."*
Matayo 8:17 – *"Ekigambo ekyayogerwa nnabi Isaaya, ng'agamba nti ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe."*
1 Petero 2:24 – "*eyeetikka ye yennyini ebibi byafe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu, okukubibwa kwoyo kwe kwabawonya."*
Yakobo 5:14 –15 – *"[14], Waliwo mu mwe omuntu alwadde? Ayitenga abakadde b'ekkanisa, bamusabirenga, nga bamusiigako amafuta mu linya lya Mukama waffe, [15]so n'okusabanga kwomukkiriza kuliwonya omulwadde, ne mukamwa waffe alimuyimusa era oba nga yakola ebibi, birimuggibwako."*
6. Matayo 10:17 – *"Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti obwakabaka bw'omuggulu bunaatera okutuuka."*

7. Matayo 10:8 – *"Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobe nga dayimooni, mwaweebwa buwa, namwe muwenga buwa."*
8. Makko 16:15 – *"Nagamba nti mugende mu nsi zonna, mubulire enjiri eri ebitonde byona."*
9. Makko 16:16 – "*Akiiriza n'abatizibwa, alirokoka naye atakiriza omusango guli musinga."*
10. Makko 16:17 – "*era obubonero buno bunagendanga n'abo abakkiriza, banaagobanga emizimu mu linnya lyange, banaayogeranga ennimi empya."*
11. Makko 16:18 – *"Banaakwatanga ku misota, bwe banaanywanga ekintu ekitta tekiibakolenga kabi n'akatono, banassangako emikono abalwadde nebawonanga."*

EBY'OKUDDAMU

1. Soma Matayo 8:16 – 17, Abantu bameka Yesu beyawonya? **Bonna abajjanga gyali.**
2. Soma Isaaya 53: 3 – 5, Kuwonyezebwa kwangeri ki ennyiriri zino kwe z'ogerako? **Okuwonyezebwa okw'engeri zonna**.
3. Soma Matayo 8:17, Kiki ekyatuuka ku ndwadde n'obunafu bwaffe? **Yesu yabyetiikka.**
4. Soma 1 Petero 2:24 Bintu ki ebibiri, 1 Petero Yesu bye yatukolera? **Yettika ebibi byaffe mu mubirigwe n'akubibwa olw'okuwonyezebwa**.
5. Soma Yakobo 5:14, 15 Ekigambo "kulokoka" mu lunyiriri olwe 15 kye kigambo "sozo" mu Luyonaani ekivuunulwa nga "okununulwa, okukuuma, okuwonya, okuziyiza okwonooneka, okubeera omulamba" ekigambo ekyo ky'ekimu ne Baibuli kyeyogerako nga "obulokozi" okusinzira ku nyiriri zino n'amakulu mu luyonaani ag'ekigambo obulokozo biki obulokozi bye bizingiramu? **Okuwonyezebwa**
6. Soma Matayo 10:17, Yesu bwe yatuma abayigirizwa okugenda okubuulira, kiki kye yabagamba okwogera? **Obwakabaka bw'omuggulu bunaatera okutuuka**.
7. Soma Makko 16:15 Kiki Yesu kye yagamba abayigirizwabe okukola? **Yabagamba okugenda mu nsi yonna era babuulire enjirir eri ebitonde byonna.**
8. Soma Makko 16:15 Abo abaanukula omulanga gw'enjiriri biki bye balina okukola? **Baalina okkiriza ne babatizibwa.**
9. Soma Makko 16:17 Bubonero ki obunaagobereranga abakkiriza? **Banaagobanga ba dayimooni**
10. Soma Makko 16:17. Bubonero ki obuligoberera abakkiriza? **Okugenda mu mawanga gonna babuulire enjiri eri buli omu.**
11. Soma Makko 16:18. Buboneroki obulala obugoberera abakkiriza? **Okuteeka emikono ku balwadde era balabe nga bawona.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 8

EBIZIYIZA OKUWONYEZEBWA

Bya Andrew Wommack

Mu ssomo lyaffe eryayita, nayogera ku mazima nti okuwonya kwagala kwa Katonda era nga okuwonya kitundu ku mutango. Bingi nnyo ebiyinza okw'ogerwa kubanga ne bw'obeera nga okikkiriza era nga okirabye ne mu byawandiikibwa, era kireeta ebibuuzo bingi nga, "obanga kwagala kwa Katonda okutuwonya, lwaki buli muntu tawona?" ensonga nnyingi nnyo era nsunako busunyi kw'ebyo bye mmanyi. Waliwo ebigambo bingi nnyo era nga sisobola kubigenderamu wano, naye njagala kwogerako katono ku nsonga lwaki abantu tebawonyezebwa bwe kuba nga kwe kwagala kwa Katonda okuwonya. Emu ku nsonga bwe butamanya. Toyinza kukolera mu kintu ky'otomanyi oba ky'otategeera era mu bulamu bwange ekyo kyali kituufu nnyo.

Natendekebwa okukkiriza nti okwagala Kwa Katonda kutuukirira kwokka era nti sirina buyinza, maanyi oba kyennyinza kwogera yadde okubaako kye nkukolako. Mu butamanya bwange, ebintu bingi ebyabaawo. Taata wange yafa nina emyaka kumi n'ebiri egy'obukulu era mu kiseera kyenawerezaamu emyaka abiri mu gumu egy'obukulu abantu nga babiri oba basatu baali bafudde nga mbalaba. Bonna nali mbasabira bawonyezebwe naye saalaba kuwonyezebwa nga kulabisibwa si lwakuba nti tewaali kwagala Kwa Katonda okubawonya naye nze nali ntambulira mu butamanya. Obutamanya ye songa lwaki ebintu tebibaawo naye ate tekifuuka kya kwewolereza. Kiringa etteeka erisika ebintu okuva mu bbanga okubisuula wansi: omuntu ayinza okugamba nti, "owange, nabadde simanyi nti bwe ntambulira waggulu ku kizimbe ekya kkalina ekkumi ne nninya mu bbanga nti nnyinza okugwa wansi n'enfa." Teweetaaga kuritegeera lilyoke libeeko kye likola gyoli. Amateeka ga Katonda agamu abantu tebagamanyi. Tebamanyi nkola ye ey'okuwonya bwekola n'olwekyo obutamanya butta abantu bangi.

Ekintu ekirala ekiyinza okutuziyiza okufuna okuwonyezebwa ky'ekibi. Kinyiiza abantu singa ogamba bwotyo kubanga babeera bakufuna ng'agamba nti obulwadde bwonna bujja lwa kibi kye tuba tukoze, ate nga si bwe kiri. Ekyo si kye ngamba. Mu Yokaana essula 9, Yesu yali afuluma mu yeekaalu, abayigirizwa be ne balaba omusajja eyazaalibwa nga muzibe wa maaso. Mu lunyiriri 2, abayigirizwa be ne bamubuza nti, "*Mukama waffe, ani eyayonoona, musajja ono oba bazadde be bebaayonoona alyoke azaalibwe nga muzibe w'amaaso?"* Mungeri endala, baali bagezaako okukwataganya ekirwadde kye butereevu n'ekibi nga beebuuza nti, obulwadde buno bwava ku kibi kye oba kya bazadde be? Okuddamu kwa Yesu kwali nti tewali n'omu kubo eyayonoona. Kino tekitegeeza nti omusajja on bazadde be tebayonoonangako naye nti ebibi byabwe si bye byaleetera omusajja ono okuziba amaaso. Sikituufu okugamba nti obulwadde bwonna buleetebwa kibi naye ate era si kituufu okugamba nti ekibi si ky'ekimu ku bintu ebireeta endwadde.

Mu Yokaana essula 5, Yesu yali ku kidiba eky'Ebesusaida n'awonya omusajja n'amaanyi ga Katonda. Waaliwo abantu bangi mu kifo ekyo naye omu yekka ye yawonyezebwa. Oluvanyuma tulaba mu suula eno nti omusajja ono teyamanya muntu eyamuwonya Abayudaaya bwe baamubuuza mu lunyiriri olwe 12 nti, *"musajja ki oyo eyakugambye nti weettikke ekitanda kyo otambule?"* olunyiriri lwe 13 ne 14 zongera ne zigamba nti *"y'oyo eyali awonyezeddwa teyamumanya kubanga Yesu yavaawo n'agenda, kubanga abantu baali bangi mu kifo ekyo. Oluvanyuma Yesu yamusanga mu yeekaalu namugamba nti, "baba wawonyezebwa, toddangamu kwonoona ekisinga awo obubi kireme okukutuukako".* Wano Yesu yakyogerera ddala nti ekibi kiyinza okumuleetako ekintu ekisinga obugongobavu okubeera ekibi. Yagatta ekireeta obulwadde ku kibi. Era yagamba mu Yokaana essula 9, nti omusajja oyo okuzaalibwa nga muzibe w'amaaso tekyava ku kibi kya muntu yenna.

Ebintu ebimu bijja buzzi byokka naye ate waliwo ebiseera ebimu obulwadde, okulumwa oba ebizibu lwebiba nga bireetebwa kibi butereevu. Ne bwe kiba bwe kityo, kiba tekitegeeza nti Katonda y'akola ebyo. Twala eky'okulabirako eky'omuntu omuli w'ebisiyaga, ekintu ekiwaanyisa obutonde. Omubiri gw'omuntu tegwatondebwa kukozesebwa mu ngeri eyo. Endwadde ez'obukaba ziva mu bulamu obw'engeri ng'eyo. Katonda si y'aleeta endwade ezo – okwo kujeema kwa butonde kubanga tebwakolebwa kukozesebwa bwe butyo. Eky'okkulabirako singa ogenda n'olya emmere embi, omubiri gwo gujja kw'ekyanga era Katonda si y'anaaba akikukoze. Wano waba waliwo amateeka n'ensonga z'obutonde. N'olwekyo, emu ku nsonga lwaki abantu tebawona eyinza kubeera ya kibi.

Bwe wabaawo ekibi ekimanyiddwa mu bulamu bwo ate nga okkiriza Katonda okukuwonya, olina okukomya ekibi ekyo kubanga okuyita mu kyo butereevu oba owa setaani ebbanga mu bulamu bwo ne kikuviirako obutafuna ekyo Katonda ky'akola mu bulamu bwo. Abaruumi 6:16 agamba, *"temumanyi nga muli baweereza b'oyo gwe muwulira? Muyinza ekwewaayo eri ekibi ne kibaleetera okuffa, oba muyinza okuba abaweereza abawulira Katonda n'abawa obutuukirivu."* Ekyo tekitegeeza nti setaani afuuka Mukama wo era n'ofiirwa obulokozibwo era nti ogenda mu ggeyeena, naye kitegeeza nti oba oli mukristaayo oba nedda, bw'oba nga obeera mu kibi, setaani obeera omugguliddewo ekubo eriyingira mu bulamu bwo.Yokaana 10:10 agamba nti omubbi tajja lwa nsonga ndala yonna wabula okubba, okutta n'okuzikiriza naye Yesu yajja okukuwa obulamu. Kati, olina Yesu ng'agezaako okuleeta obulamu bwe, n'obutwala mu ggwe naye era waliwo ne setaani ng'agezaako okukulwaza. Bw'obeera nga weewaayo eri setaani okuyita mu kibi, obeera omuwa amaanyi n'omwaganya mu bulamu bwo. Oyinza okusaba Katonda akuwonye byonna by'oyagala naye ebikolwa byo bileetera setaani okujja mu bulamu bwo okuleeta endwadde. N'olwekyo bw'oba nga okyali mu kibi, olina okukikomya.

Kineetaagisa n'okwongerako kino nti oyinza okw'etunuulira n'ogamba nti, "naye nze ntera obutatuuka kw'ekyo kyennina okubeera," n'otuuka ne mu mbeera nga newankubadde nga okkiriza nti Katonda asobola okuwonya, okkiriza nti tajja ku kuwonya kubanga tekikugwanira. Ekyo nakyo kikyamu. Tewali n'omu kuffe agenda kufuna kuwonyezebwa okuva eri Katonda kubanga asaanidde. Katonda tafunayo muntu asaanidde kumuweereza, n'olw'ekyo tokwataganya kukola kwa Katonda mu bulamu bwo na kuba nti okola bulungi nnyo oba obutuukirivu bwo. Kirina kwesigamizibwa kw'ekyo Yesu kye yakukolera n'okukkirizakwo mu ye. Mu kiseera ky'ekimu, toyinza kulagajjalira bikolwa byo ne weewaayo eri setaani n'atakuziyiza. Ojja kulaba

ng'okuwonyezebwa kukola mangu nnyo era, bulungi nnyo mu bulamu bwo singa wenenya era n'oleka buli kintu ekiyinza okuteerawo setaani ekkubo eriyingira mu bulamu bwo.

Ekintu ekirala ekikwata ku kuwonyezebwa abantu abamu kye batalowoozako nnyo kwe kuba nti obutakkiriza obw'abantu abalala buyinza okubbako engeri gye bubakomako. Ekimu ku by'okulabirako ekirungi ku nsonga eno kiri mu Makko essula 6. Yesu bwe yali mu kibuga ky'ewaabwe naye abantu ne batamussaamu kitiibwa kubanga baali bamujjukira ng'akyali mulenzi muto. Baali bamanyi kitaawe ne nyina, baganda be bannyina era nga tebamusaamu kitiibwa ng'abantu abamu bwe baakimussangamu. Baamuwakanya ne bamukolokota, Makko 6:4 – 6 agamba nti, *"Yesu n'bagamba nti nabbi tabulwa kitiibwa wabula mu nsi y'ewaabwe, ne mu kika kye ne mu nnyumba ye. So teyayinza kukolelayo ky'amagero kyonna, naye yassa emikono gye ku balwadde batono n'abawonya. Ne yeewuunya olw'obutakkiriza bwabwe".* Kino tekitegeza nti Yesu yali tayinza, naye teyasobola ku kolerayo by'amagero bingi. Yesu wuuno, omwana wa Katonda atalina kibi, eyajja ku nsi ng'omuntu eyali taweebuuka n'akatono mu kukkiriza. Era nga mu bulamu bwe temwalimu kubo lya kibi. So nga yakugirwa okukola ebyo bye yali ayinza okukolera abantu abalala olw'obutakkiriza bwa bwe. Kino kigatteko ne Matayo 13:58 we kigamba nti, *"so teyakolayo byamagero biingi olw'obutakkiriza bwabwe"*. Era tulaba nga Yesu ataalina kibi mu bulamu bwe ekyali kiyinza okuwa setaani ebbanga, yakugirwa mu kye yali ayinza okukola nga kiva mu bantu abatakkiriza abaali bamwetoolodde.

Kino kikulu nnyo okukitegeera nti kye ngamba Katonda kwe kwagala kwe buli omu awonyezebwe ekiseera kyonna. Bw'oba ng'okkiriza ekyo, ob'oli awo oyinza okukola ensobi ey'okugenda mu ddwaliro n'ogezaako okuligyamu buli mulwadde kubanga okkiriza nti kwe kwagala Kwa Katonda bawonyezebwa. Kwe kwagala kwa Katonda bawonyezebwe naye tajja kukola nga tebaagadde. Katonda ajja kukuuma eddembe lyabwe ery'okuba abalwadde, eddembe lyabwe ery'obutawonyezebwa. Tewali ayinza kubawaliriza kuwonyezebwa − tebayinza kuwonyezebwa nga basinziira ku kukkiriza kw'omuntu omulala. Okukkiriza kw'abalala kuyinza okubayamba bwe baba nga balafuubana naye tebayinza ku kibakolera. Osobola okusindika emotoka etalimu giya naye togisobola bweba nga eri mu paakingi oba rivansi. Omuntu bw'aba ng'awakanya eby'okuwonyezebwa toyinza kukimuggyamu. N'olw'ensonga eyo, toyinza kumalawo balwadde mu ddwaliro ng'obawonya oba okugenda mu lukungaana mu kkanisa n'olaba nga buli muntu awonyezebwa nga teyenyigiddemu.

Ekyaliyo biingi ebiyinza okwongerwa kukino. Yesu bwe yawonyanga abalwadde oba okuzuukiza abafu, yasookanga kubaako muntu gw'agamba nti "tokaaba" ng'asooka kugamba maama nti tokaaba n'alyoka azuukiza mutabaniwe okuva mu bafu. Okukkiriza kw'omuntu kulina okubaako we kukozesebwa. Ffe tuba tulina okubeera n'okukkiriza era nga waliwo ebintu bingi nnyo ebyenyigira mu kuwonyezebwa. Bitono byenjogeddeko wano leero naye nsuubira nti bijja kubayamba, wabula ekisinga obukulu ky'olina okufuna mu byonna kye kino nti Katonda mwesigwa. Kwe kwagala kwe ggwe okuwonyezebwa naye nga kikwetaagisa okuyiga okukolera awamu naye. Tayinza kukikukolera wabula akikola ng'ayita mu ggwe. Kijja kuva munda mu ggwe.

Kwe kusaba kwange nti mutandike okwewaayo, muleke amaanyi ga Katonda gakulukute okuyita mu mmwe era mutambulire mu bulamu obulungi obwa Katonda.

EBIBUUZO EBY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Matayo 8:17. Kiki Yesu kye yakola okutufunira okuwonyezebwa?----------
   ----
2. Soma Koseya 4:6, Abantu abamu tebawonyezebwa kubanga (a) Si balungi ekimala (b) tebagenda mu kkanisa (c) butamanya (okubulwa okumanya)
3. Soma Yokaana 9:1–3. Kiki abayigirizwa kye baalowooza okuba nga kye kyavaako omusajja ono okuziba amaaso?---------- Endowooza yabwe yali ntuufu?----------
4. Soma Yokaana 5:14. Ekibi kiggulawo oluggi eri obulwadde naye si buli kiseera. Ng'oggyeko obulwadde, kintu ki ekirala ekiyinza okuleetebwa ekibi mu bulamu bw'omuntu?----------
5. Soma Abaruumi 5:12-14. Bwe kiba nti obulwadde tebuleetebwa kibi buli kiseera, kintu ki ekirala ekiyinza okubuleeta?----------
6. Soma Ebikolwa by'Abatume 10:38. Kiki ekiyinza okuleeta obulwadde?----------
   ----
7. Soma Matayo 15:58. Kiki ekiyinza okuziyiza okuwonyezebwa?----------
   ----
8. Soma Yakobo 5:15 Kiki ekiyinza okulokola omulwadde?----------
   ----

Matayo 8:17 – *"Ekigambo kituukkirire ekyayogerwa nnabbi Isaaya, ng'agamba nti ye yennyini yatwala obunafu bwaffe, ne yeetikka endwadde zaffe."*

Kosaya 4:6 – "*Abantu bange bazikiride olw'okubulwa okumanya; kubanga ogaanyi okumanya, nange ndikugaana ggwe, olemenga okubeera kabona gye ndi, kubanga weerabidde amateeka ga Katonda wo, nange ndyerabira abaaana bo."*
Yokaana 9:1–3 – *"[1]Bwe yali ng'ayita, n'alaba omuntu eyazaalibwa nga muzibe wa maaso, [2] Yesu n'addamu nti ono teyayonoona, newankubadde abazadde be, naye emirimu gya Katonda girabikire ku ye."*
Yokaana 5:14 – *"Oluvanyuma lw'ebyo Yesu n'amugamba nti laba, oli mulamu; toyonoonanga nate, ekigambo ekintu ekisinga obubi kireme okukubaako."*
Abaruumi 5:12–14 – "[12]*Olw'ebyo nga ku bw'omuntu omu ekibi kyanyirira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku Bantu bonna, kubanga bona baayonoona. [3] Kubanga okutuusa ku mateeka ekibi kyali mu nsi: naye ekibi tekibalibwa, awataba mateeka. [14] Naye okufa kwafuga okuva ku Adamu okutuusa ku Musa, era ne ku abo abataasobya ng'engeri eyokwonoona kwa Adamu, ye kye kifaananyi kyoyo agenda okujja."*
Ebikolwa 10:38 – "Yesu omunazaalesi Katonda bwe yamufukaako amafuta n'omwoyo Omutukuvu n'amaanyi; eyatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya bonna abaajogebwa setaani, kubanga Katonda yali naye."
Matayo 13:58 – *"So teyakolayo byamagero bingi olw'obutakkiriza bwabwe."*
Yakobo 5:15 – *"Era okusaba kwabwe nga kuweeredwayo n'okukkiriza kugenda kumuwonya kubanga mukama awonya. Singa obulwade bwe bwava ku kibi kyeyakola, mukama agenda kumusonyiwa."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Matayo 8:17. Kiki Yesu kye yakola okutufunira okuwonyezebwa? **Yatwala obunaku bwaffe, ne yetikka endwadde zaffe.**
2. Soma Koseya 4:6, Abantu abamu tebawonyezebwa kubanga **(a) Si balungi ekimala**
3. Soma Yokaana 9:1–3. Kiki abayigirizwa kye baalowooza okuba nga kye kyavaako omusajja ono okuziba amaaso? **Kibi .** Endowooza yabwe yali ntuufu? **Nedda.**
4. Soma Yokaana 5:14. Ekibi kiggulawo oluggi eri obulwadde naye si buli kiseera ng'oggyeko obulwadde, kintu ki ekirala ekiyinza okuleetebwa ekibi mu bulamu bw'omuntu? **Ebintu bingi nyo ebisinga endwadde, era n'okufa. (baruumi 6:23)**
5. Soma Abaruumi 5:12-14. Bwekiba nti obulwadde tebuleetebwa kibi buli kiseera, kintu ki ekirala ekiyinza okubuleeta? **Okugwa (Luberyeberye 3) okuyita mu kwonoona kwa Adam ekibi n'endwadde bayingira mu bulamu bw'omuntu.**
6. Soma Ebikolwa by'Abatume 10:38. Kiki ekiyinza okuleeta obulwadde? **Okunyigirizibwa setaani.**
7. Soma Matayo 15:58. Kiki ekiyinza okuziyiza okuwonyezebwa? **Obutakiriza.**
8. Soma Yakobo 5:15 kiki ekiyinza okulokola omulwadde? **Okusaba okw'okukkiriza.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 9

OKUSONYIWA ABALALA

Bya Don Krow

Olwaleero tugenda kuyiga ku ssomo ely'okusonyiwa, okuvva mu Matayo 18: 21–22. *"Awo Petero najja n'amugamba nti, Mukama wange, muganda wange bw'annyonoonanga, naamusonyiwanga emirundi emeka? Okutuusa emirundi musanvu? Yesu n'amugamba nti sikugamba nti okutuusa emirundi musanvu*." Ndowooza Petero yalowooza nti mugabi (musaasizi) nnyo olw'okubuuza emirundi gy'alina okusonyiwa omuntu amukoze ekibi, "Olowooza emirundi nga musanvu olunaku?" Yesu n'amuddamu nti, "Petero si mirundi musanvu, naye musanvu emirundi nsanvu." Egyo gibeera emirundi 490, naye tekitegeza nti oluvanyuma lw'emirundi 490 oba tolina kusonyiwa. Yesu kye yategeeza, gy'emirundi egitasoboka kunyiza muntu mu lunaku olumu. Yagamba nti okusonyiwa kulina kuba nga tekukoma, kulina okugenda mu maaso obutasalako. Okusonyiwa kulina okubera nga y'endowooza y'omukristaayo. Yesu yagamba mu Lukka 23:34, "*Kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola"*. N'omujulizi Stefano mu Bikolwa by'Abatume 7:60 yagamba, *"Tobabalira kibi kino."* Si buli muntu nti anatwala okusonyibwa naye endowooza y'omutima gw'omukristaayo erina okuba ng'ewaayo okusonyiwa buli kiseera.

Yesu aleeta olugero ku kusonyiwa bwe yeyongera n'agamba mu lunyiriri olwa 23 mu Matayo 18 nti *"Obwakabaka obw'omuggulu kyebuva bufaananyizibwa n'omuntu eyali kabaka, eyayagala okubala omuwendo n'abaddu be. Bwe yasooka okubala ne bamuleetera omu gw'abanja ettalanta akakumi (mutwalo) Living Bible egamba nti zenkana n'akakadde (million) ka doola naye kubanga teyalina kya kusasula, Mukama we n'alagira okumutunda, ne mukaziwe n'abaana be n'ebintu byonna byali nabyo ebbanja liggwe. Aw'omuddu n'agwa wansi namusiinza nga agamba nti, "Mukama wange, mmanja mpola nange ndikusasula byonna."* Kati embeera yiino. Waliwo omusajja Mukama we gw'abanja doola obukadde kumi. Tewali ngeri gy'ayinza kusasula – akimanyi nti tasobola kulisasula ne Mukama we naye akimanyi nti tasobola. Mu biseera ebyo nga toyinza kw'elangirira nti oweddemu nga bwe kiri mu America nga bayinza okukutunda ne mukyalawo n'abaana bo nabuli kyonna ky'olina, bw'otyo n'otwalibwa mu buddu. Ng'osindikibwa mu kkomera okutuusa nga buli sente esasuddwa era nga bwe kitasoboka, ng'obeera mu kkomera obulamu bwo bwona. Omusajja ono yakola ekyo kye yali amanyi okukola, yakkakkana ku mavvivi ge ne yeegayirira asaasirwe, "Mukama wange, mwattu nguminkiriza! Sebo nkwegayiridde, nja kukusasula sente zo zonna naye nguminkiriza buguminkiriza!" Laba ekyatuukawo mu lunyiriri olwa 27, lugamba nti Mukama we yamusaasira n'amusonyiwa ebbanja lye.

Twalina ebbanja lye twali tutayinza kusasula. Bayibuli egamba (Abaruumi 3:23) nti empeera y'ekibi kufa – okwawulibwa ku Katonda emirembe n'emirembe – feeza ne zaabu ebiri mu nsi byali tebiyinza kutununula. Olwo nno Katonda, olw'okutulumirirwa n'olw'ekisa kye n'atuwa omwana we, Yesu Kristo okujja ku nsi asasule ebbanja lye twali tetusobola kusasula. Katonda yatutunuulira nga atulumirirwa n'okusaasira N'agamba nti, "Mbasonyiye ebbanja eryo"

Omusajja ono eyali yaakasonyiyibwa ebbanja ery'obukadde bwa doola kkumi, yali abanja muddu munne doola nga makumi abiri. Yamusanga n'amugamba nti, "nakasonyiyibwa obukadde bwa doola kkumi, kati ate doola amakumi abiri kye kki gyendi? Njagala obeere wa ddembe nga nange bwendi zireke, tewali mutawaana kubanga nange nsonyiyiddwa obukadde bwa doola kkumi!" Ekyo kye kyalibaddewo naye tekyaliwo. Katulabe ekyaliwo mu nyiriri 28–31, *"Naye omuddu oyo n'afuluma, n'asanga muddu munne gwe yali abanja eddinali ekikumi, n'amukwata, n'amugwa mu bulago nga agamba nti sasula ebbanja lyange. Awo muddu munne n'agwa wansi n'amwegayirira ng'agamaba, nti mmanja mpola nange ndikusasula. N'atakkiriza naye n'agenda n'amuteeka mu kkomera amale okkusasula ebbanja. Awo baddu banne bwe baalaba bwe bibadde ne banakuwala nnyo, ne bagenda ne babuulira Mukama waabwe ebigambo byonna ebibaddeyo."* Yateeka omusajja mu kkomera lwa doola amakumi abiri nga yakamala okusonyiyibwa doola obukadde kkumi." Kale teebereza!

Enyiriri 32–34, *"Awo Mukama we n'amuyita n'amugamba nti ggwe omuddu omubi, nakusonyiwa ebbanja liri lyonna, kubanga wa nnegayirira, naawe tekikugwanidde kusaasira muddu munno, nga ze bwe nnakusasira ggwe? Mukama we n'asunguwala, n'amuwa mu bambowa, amale okusasula ebbanja lyonna."* Omusajja ono yasibibwa mu kkomera olw'engeri gye yayisaamu muddu munne bw'atyo ne yeefiriza okusonyiyibwa kwe. Yesu n'agamba mu lunyiriri olw'e 35, *"bw'atyo kitange ali mu ggulu bw'alibakola bwe mutasonyiwa mu mitima gyammwe buli muntu muganda we."* Mazima tekiba kya busiru, oluvanyuma lw'okusonyiwa ebibi byaffe byonna – ng'empeera y'ebibi ebyo kwali kufa n'okwawulibwa okuva ku Katonda emirembe n'emirembe – ne tugaana okusonyiwa? Twegayirira Katonda nga tugamba, "nsonyiwa nsaasira okuyita mu linya lya mukama waffe Yesu Kristo," tufune okusonyiyibwa ng'ate ffe tugaana okusonyiwa abalala olw'akantu akatono ke baba nga batukoze ne tulowoza nti kinene nyo – oluvanyuma lw'okufuna okusonyiyibwa ebintu byonna bye twakola. Katonda agamba okwo kuba kweyisa bubi.

Emabegako nali nina ekkanisa gye nali nsumba, ne wabaawo omuwala eyalina obusobozi obw'okulaba ebintu eby'omumaaso. Olunaku lumu yajja n'ambuuza, "omwoyo omutukuvu yambuulira ebintu ebiba bigenda okubaawo, n'okundaga eby'omu maaso? Mmanya ng'abantu bagenda okufa oba ng'omuntu egenda kutomera mu motoka ye n'ebirala ebiringa ebyo." Namugamba, "kye ngenda okukuddamu tojja ku kyagala, naye sikkiriza nti oyo mwoyo omutukuvu. Ndowooza nti ogwo mwoyo gwa bulaguzi, omwoyo gwe gumu ogwagobereranga omutume Pawulo mu Bikolwa By'Abatume 16, yaguboggolera n'agulagira okuva mu muwala n'aba nga takyasobola kulagula." Neeyongera okumutegeeza nti oyo si Katonda, ne mugamba nti, "njagala ogenda eri Yesu omubuuze nti, 'Mukama wange, kintu ki ekigamba ekintu ne kimpa amawulire ne bwe nali nga sinaba kulokoka? Mwoyo wo omutukuvu oba kintu kirala? Olunaku lumu yakomawo gy'endi n'agamba "ekintu nakigambye mukama era ndowooza kiri bulungi." namuddamu nti, "kyonna Mukama ky'agamba kiba kirungi sinze musumba omukulu".

Kino kyaliwo nga omwaka ogwa 1986 gwakatandika, naye omanyi ekyaliwo mu 1986? Twalina ekizungirizi ekiyitibwa ccalenja (challenger) era abantu munaana be bakirinya. Omu ku bo yali mukyala musomesa. Omuwala bwe yali alaba telefayina (T.V) yalaba omukyala ono nga agamba nti, "Enkya ngenda kulinya ccalenja, era n'agenda mu maaso okukyogera ko. Omwoyo ne gwogera n'omuwala ono nga gumugamba nti, "Oyo agenda kufa, agenda kufa" Enkeera ekizungirizi bwe kyasitula, kya yabika ne kisiriira ng'ensi yonna eraba n'abaarimu bonna ne

basaanawo. Omuwala ono n'akomawo nate gy'endi n'agamba nti, "owoluganda Don, ndowooza nti ekyogera nange ne kimpa amawalire ayinza okuba nga si mwoyo mutukuvu. Oyinza okunsabirako?" oluvanyuma lwa okusaba akawungeezi ako ng'abantu bonna bagenze, namukwata ku mukono nengamba nti, Gwe omwoyo omubi ogwo'obulaguzi, muveeko!" Tewali kyabaawo. Abayigirizwa ba Yesu baagezaako okugoba omwoyo omubi okuva ku mumuvubuka naye ne batayinza, Yesu n'abagamba, "mumundeetere wano" Ne ndyoka ngamba nti, "Mukama wange, mbadde ndowooza nti mmanyi ekigenda mu maaso wano naye ndeeta omukyala ono mu maaso go. Tulage ekigenda mu maaso. "Mukyala wange yali asaba naffe Katonda n'amuwa ekigambo ekyokumanya. N'agamba, "Oyinza okusonyiwa maama wo?" Olwayogera ebigambo ebyo, eddoboozi nerireekana okumuvaamu nga ligamba nti, "NEDDA" Ye yampa ekkubo" Ne nziramu ne ngamba nti, " Gw'omwoyo omubi, nkusiba," Ne nziramu okubuuza omuwala oba ng'ayinza okusonyiwa maama we. N'alyoka asonyiwa n'okusumulula maama we, n'okumuteera ddala olwekisa n'okubeerwa kwa Katonda. Yasobola okubita ng'asalawo okusonyiwa n'alyoka afuna okusumululwa kwe ne'ddembe lye.

Nga Yesu bwe yayogerera mu lugero lwe yagera mu matayo essula 18, ngamba nti bwe tutasonyiwa okuviira ddala mu mitima gyaffe ng'ate kitaffe ow'omu ggulu amaze okutusonyiwa ebbanja eddene bwelityo, tujja kuweebwayo mu mikono gya'abambowa. Abambowa be baliwa? Bayinza okuba ebintu ebyengeri zonna − ebigo eby'amaanyi ebya baddayimooni, okutulugunyizibwa, endwadde, okunyigirizibwa, okulumizibwa n'ebintu ebirala bingi. Ensibuko buba butasonyiwa. Okugaana okusonyiwa ate nga ffe tusonyiyiddwa, kiwa setaani ebbanga mu bulamu bwaffe. Bayibuli egamba nti ffe tulina okusalawo okusonyiwa. Mu ssaala ya Mukama waffe (Matayo 6:9-11) Yesu yatugamba tusonyiwe nga naffe bwe twasonyiyibwa.

Makko 11:25,26 agamba nti bwe tuba tusaba, nga tulina ensonga ku muntu yenna, tulina okusonyiwa. Ekyo kitegeeza ki? Obutasonyiwa mu mitima gyaffe buteekedwa kumalamu bbanga ki? Bwetuba nga tukyasobola okugenda eri Mukama waffe okusaba. Era bwe tuba n'obutasonyiwa eri omuntu yenna, kabubeere butono butya, tuba tulina okubasumulula ne tugamba nti, " Ai Katonda, musumulule leero. Musonyiwa, nsazeewo bwentyo kubanga nange wansonyiwa abbanja eddene ery'enkanidde awo.

Mukama, nsabira omuntu yenna asoma essomo lino ng'alina obutasonyiwa mu mutima gwe omuyambe okusalawo kati okusumulula omuntu oyo, amusonyiwe, k'abe mulamu oba mmufu. Nsaba obayambe okuta obutasonyiwa obwo era n'obulumi nkwebaza mu linnya erya Yesu, Amiina.

EBIBUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Matayo 18:21 Emirundi giri emeka Petro gye yali asuubira okusonyiwa?----------
   ---
2. Soma Matayo 18: 22 Emirundi giri emeka Yesu gye yagamba gye tulina okusonyiwa?----
   ---
3. Soma Matayo18:23, 24 Omuddu ono mukama we yali amubanja sente meka?----------
   ---

4. Soma Matayo 18:25 Ng'omuddu ono bwe yali tayinza kw'elangirira mu mateeka ng'aweddemu oba ng'ayavuwadde ennyo, kiki ekyali kigenda okubaawo?----------
5. Soma Matayo 18:26 Kiki omuddu ono kye yasaba Mukama we? Yalibadde asobola okusasula ebbanja lye?----------
6. Soma Matayo 18:27 Mutima ki ogwalagibwa Mukama w'omuddu ono? Mutima ki Katonda gwe yalaga gyetuli n'ebbanja lyaffe (ekibi)?----------
7. Soma Matayo 18:28 Omunddu eyasonyiyibwa ebbanja yali abanja muddu munne sente meka?----------
8. Soma Matayo 18:28 Mutima ki omuddu ono gwe yalina eri muddu munne?----------
9. Soma Matayo 18:29, 30 Kiki omuddu ono kye yakola muddu munne?----------
10. Soma matayo 18:31, 33 Mukama w'omuddu eyali tasonyiwa kiki kye yamuyita?----------
11. Soma Matayo 18:33 Omuddu ono, kiki Mukama we kye yamugamba kye yaalibadde akola?----------
12. Soma Matayo 18:34 Mukama w'omuddu ono yayisibwa atya olw'ebyo ebyabaawo?----------
13. Soma Matayo 18:34 Ebikolwa (oba okusalawo) kw'omuddu ono atasonyiwa kwa mufiiriza okusonyiyibwa kwe yali afunye?----------
14. Soma Matayo 18:35 lunyiriri ki olukulu oluli mu lugero luno?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Matayo 18:21 – *"Awo Peetero n'ajja n'abuza mukama waffe nti, mukama wange muganda wange bw'ansobyanga musonyiwa emirundi emeka? Emirundi musanvu?"*
Matayo 18:22 – *"Yesu n'amuddamu nti, sikugamba nti emirundi musanvu naye emirundi nsanvu emirundi musanvu."*
Matayo 18:23-24 – *"[23]. Awo Yesu n'agamba nti, obwakabaka obw'omuggulu bufananyizibwa nga kabaka eyayagala okubala ebitabo bye eby'ensimbi n'abaddu be. [24]. Bweyatandika okubikebera na bamuleetera gw'abanja ettalanta omutwalo gumu."*
Matayo 18:25 – *"Naye olw'okuba nga omusajja teyalina nsimbi za kusasula banja eryo mukama we kyeyava alagira batunde omusajja oyo, ne mukaziwe, n'abana be, n'ebintu bye byona olwo ebbanja liggweyo."*
Matayo 18:26 – *"Naye omuddu oyo n'agwa mu maaso ga mukama we n'amwegayirira nti ngumikirizako nja kukusasula ebbanja lyo lyonna."*
Matayo 18:27 – *"mukama we n'asaasira omuddu oyo n'amusonyiwa ebbanja lyonna."*

Matayo 18:28 – *"Omuddu oyo bwe yafuluma n'asanga munne gwe yali abanja eddinaali kikumi, n'amugwa mu bulago nga bw'amugamba nti sasula kyenbanja."*
Matayo 28:29-30 – " [29]. *Naye munne n'agwa wansi n'amwegayirira ng'agamba nti ngumiikiriza naakusasula; [30]. Naye amubanja n'agaana okukkiriza, n'amuteeka mu kkomera akuumirwe eyo okutuusa lw'alisasula ebbanja lyonna."*
Matayo 18:31-33– " *[31] Awo baddu banne bwe baakilaba ne banakuwala nyo ne bagenda ne bategeeza mukama we bye balabye.[32] Awo mukama we n'atumya omuddu gweyali asonyiye n'amugamba nti oli muddu mubi nyo. Nakusonyiye ebbanja eryo lyonna kubanga wannegayiridde.[33] naye gwe kyali tekikugwanira okusaasira muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?"*
Matayo 18:33 – "*naye gwe kyali tekikugwanira okusaasira muddu munno nga nange bwe nakusaasidde?"*
Matayo 18:34 – *"Mukama we kyeyava asunguwala enyo n'mukwasa abaserikale be bamusse mu kkomera okutuusa lw'alisasula ebbanja lyona."*
Matayo 18:35 – *"Kale ne Kitange ali mu ggulu bwatyo bwalibakola singa mwe ab'oluganda temusonyiwa okuva mu mitima gyamwe."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Matayo 18:21Emirundi giri emeka Petro gye yali asuubira okusonyiwa? **Emirundi musanvu.**
2. Soma Matayo 18: 22 Emirundi emeka Yesu gye yagamba gye tulina okusonyiwa? **Emirundi ebikumi bina mu kyenda (oba obutakoma.)**
3. Soma Matayo18:23, 24 Sente meka mukama w'omuddu ono ze yali amubanja? **Talanta omutwalo gumu oba obukadde kkumi obwa doola.**
4. Soma Matayo 18:25 Ng'omuddu ono bwe yali tayinza kw'elangirira mu mateeka ng'aweddemu oba nga ayavuwadde ennyo, kiki eyali kigenda oku baawo? **Yye yenyini, omukyala we, abaaa be, na buli kintu kyona ekikye byali byakutundibwa mu katale k'obuddu ebbanja lilyoke ligwe.**
5. Soma Matayo 18:26 Kiki omuddu ono kye yasaba Mukama we? **Yamusaba amugumikirizeeko nti alisasula abbanjja.** Yalibadde asobola okusasula ebbanja lye? **Silowooza nti yalisobodde.**
6. Soma Matayo 18:27 Mutima ki ogwalagibwa Mukama w'omuddu ono? **Ogusaaira era n'okusonyiwa.** Mutima ki Katonda gwe yalaga gye tuli n'ebbanja lyaffe (ekibi)? **Ogusaasira era ogusonyiwa.**
7. Soma Matayo 18:28 Omunddu eyasonyiyibwa ebbanja yali abanja muddu munne sente meka? **Essekeri kikumi. (musaala gwa lunaku.)**
8. Soma Matayo 18:28 Mutima ki omuddu ono gwe yalina eri muddu munne? **Ogw'obutaguminkiriza, obukaawu, n'obutasonyiwa.**
9. Soma Matayo 18:29, 30 Omuddu ono yakola ki muddu munne? **Yamuteeka mu kkomera okutuusa ebbanja lwe liligwayo.**
10. Soma matayo 18:31, 33 Mukama w'omuddu eyali tasonyiwa kiki kyeya muyita? **Muddu gwe omubi.**

11. Soma Matayo 18:33 Omuddu ono, kiki Mukama we kye yamugamba kye yalibadde akola? **Yalibadde asaasira muddu munne nga mukama wabwe bwe yamusaasira n'amusumulula. Yalisonyiye munne n'amusumulula.**
12. Soma Matayo 18:34 Mukama w'omuddu ono yayisibwa atya ebyo ebyabaawo? **Yanyiga.**
13. Soma Matayo 18:34 Ebikolwa (oba okusalawo) kw'omuddu ono atasonyiwa kwamufiiriza okusonyiyibwa kweyali afunye? **Wewaawo.**
14. Soma Matayo 18:35 lunyiriri ki olukulu oluli mu lugero luno? **Kale ne Kitange ali mu ggulu bwatyo bwalibakola singa mwe ab'oluganda temusonyiwa okuva mu mitima gyamwe**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 10

OBUFUMBO (EKITUNDU EKISOOKA)

Bya Don Krow

Leero tugenda kwogera ku bufumbo. Okusookera ddala, njagala mbawe ku bibalo: ebitundu 75 ku buli kikumi mu maka baba beetaga okubuulirirwa oba okuwabulwa ku by'obufumbo. Ku buli bufumbo obw'emirundi ebiri, obw'omulundi ogumu bwawukana. Mu buli bufumbo ekikumi, ataano kubwo, mu bafumbo obwo wabaawo ayinza obutaba mwesigwa mu myaka etaano egisooka. Ne mu bakristaayo (abalokole) kigambibwa nti abaweereza abawerera ddala ebitundu amakumi asatu ku buli kikumi bakola obwenzi ku omu ku bantu ab'omu makkanisa ge bakulembera. Nze kindabikira nti okubalirira okwo bwe kubeera nga kutuufu, tetunaba kutegeera bulungi nnono eziri mu bayibuli. Tugenda kwogera ku ssomo ery'obufumbo tulabe n'ebimu kw'ebyo Katonda by'abyogerako – engeri gy'oyinza okunywezaamu enkolagana yo mu bufumbo bwo.

Okusookera ddala ka ngambe bwenti: obufumbo kyali kirowoozo kya Katonda, ye yabutegeka, Olubereberye 2:18 agamba nti *"Mukama Katonda n'ayogera nti si kirungi omuntu okubeeranga yekka, n'amukolera omubeezi amusaanira"* ne Lubereberye 1:31 agamba nti "*Katonda n'alaba buli ky'akoze, era laba, nga kirungi nnyo. Ne buba akawuungezi ne buba enkya, olwo lwe lunaku olw'omukaaga"* Oteekwa okukijjukira nti kino kitonde ekituukiridde Katonda yajjanga n'abeera n'okussa ekimu n'omuntu. Buli lunaku yajjanga akawuungezi n'abeera n'okussa ekimu ne Adamu. Oluusi tugenda ne tulowooza nti bwe tuba n'enkolagana etuukiridde ne Katonda, tetubaako kirala kye twetaaga naye ekyo si kituufu. Mu luberyebere 1:31, Katonda yagamba bwati ku bitonde bye yali atonze, "*laba kyali kirungi nyo.*" Ekintu Katonda kye yasooka okugamba, nti " *laba sikirungi*" kiri mu Luberyeberye 2:18, "*si kirungi omuntu okubeeranga yekka"*. N'olwekyo obufumbo kyali kirowoozo kya Katonda okusisinkana ekyetaago omuntu (omusajja) kye yalina, okumuwa omubeezi anamuyamba okuggyawo ekizibu eky'okuwuubaala kye yaali afunye mu bulamu bwe. Obufumbo, singa tuba nga tugoberedde ekitabo ekirimu endagiriro ne tubussamu ebyo Katonda by'ayagala, bwategekebwa kuleeta sanyu so si nnaku.

Mu luberyeberye 2:24 Bayibuli mw'esooka okw'ogera ennyo ku bufumbo. Egamba nti, "*Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukaziwe, nabo banaabanga omubiri gumu.*" Obufumbo kwe kulekawo enkolagana zonna n'abantu abalala, obulamu bwo bwonna n'obwolekeza omuntu omu yekka era nga Katonda bw'atyo bwe yakitegeka. Kiri nga enkolagana ey'abasatu. Simanyi oba nga otegeera kye ntegeeza, naye mu nkolagana ey'obufumbo, Katonda bwe yayita Adamu ne Kaawa okubeera awamu enkolagana teyali wakati wa Adam ne Katonda bokka, oba Kaawa ne Katonda bokka, wabula baali mu bumu obw'ekigendererwa nga bakolagana ne Katonda. Bayibuli egamba mu 1 Petero 3:7 nti, "*bwe mutyo abasajja, mubeerenga ne bakazi bammwe n'amagezi nga mu bassamu ekitiibwa….Okusaba kammwe kulemenga okuziyizibwa."* Oluberyeberye 5:1–2 ekyawandiikibwa ekikulu ennyo kigamba nti, "*kino kye kitabo eky'okuzaalibwa kwa Adamu olunaku Katonda lwe yatonderamu omuntu, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamukolera omusajja n'omukazi. Bwe yabatonda n'abawa omukisa, n'abatuuma abantu.* Kitegeere nti Adamu ye yatuuma mukyalawe erinnya erya Kaawa, naye nga Katonda yayitira wamu Adamu ne Kaawa ng'omuntu omu, Adam.

N’ensonga eyo mu nkolagana ey’obufumba, kiba tekikyali wakati wange ne Katonda kyoka oba Katonda n’oyo omukazi – wazila mbera nze, ne mukyala wange mu bumu, abasika okusinziira ku kisa ekiri mu bulamu bwaffe era abaayitibwa okuweereza Katonda nga tugenderera okutambulira mu bumu era nga tuli omuntu omu.

Mu Luberyeberye 2:24, kye twakasoma, kigamba omusajja ky’anaavanga aleka kitaawe ne nnyina ne yeetaba ne mukazi we nabo banaabanga omubiri gumu, ekigambo “okwetaba” kitegeeza kwegatta, okukkiriziganya era nga buli omu akkiririza mu munne, okubeera omuntu omu, okubeera n’ekigenderrwa nga kye kimu. Bw’oba ng’olina ebizibu mu bufumbo bwo leero, kankubuuze yo ebibuzo bitonotono: Ebintu by’okola, engeri gye weeyisamu eri mukyala wo oba omwami wo, ebigambo by’omugamba bibayamba okweyongera okusembereragana awamu nga omuntu omu? Oba, bireetawo lukoonko oba kwawukana? Ekiragiro ky’ebyawandiikibwa eri obufumbo kya kwetaba, kwegatta wamu, kati ebintu by’okola bizimba nkolagana yammwe oba bigimenya bumenyi? Tulina okulaba ebimu ku bintu bino.

Abantu balowooza nti okwagala y’engeri gy’oba owuliramu mu birowoozo oba olukyamuukiriro, “nalinga nkwagala naye nakoowa – si kyakwagala nate.” Katugambe nti wava mu maka agaali gatali mu mbeera nnungi. N’ogenda mu maaso g’omuweereza oba omulamuzi abagatte, n’omalirira okuwaayo obulamu bwo eri omuntu oyo; ng’oyagala kino kibeere bwekityo okutuusa okufa lwe kuli baawukanya. Naye olw’amaka ge wavaamu agataali mu mbeera nnungi, tolabanga ku kwagala, tokulabangako nga kulagibwa mu maka g’ewammwe, tolabanga ku bazadde bo nga buli omu alaga munne okwagala. Munno ayinza okuba nga yava mu maka agalimu okwagala okungi ennyo, naye nga ggwe tomanyi kulaga kwagala. Yadde nga waliyagadde oyagale omuntu oyo gwowa obulamu bwo, olw’okuba nga ggwe eby’okulaga okwagala tobimanyi era nga tolabangako bantu bateeka mu nkola okwagala, okyayinza okulemererwa. Kisoboka okubeera nti mu myaka mitono ojja kugenda eri omuwabuzi (counselor) ogambe nti, “tetukyakwatagana. Mpulira si kyamwagala n’akatono” weewaawo, nina amawulire amalingi gyoli leero: bwoba ng’olina ebizibu mu bufumbo bwo, waliwo ekiyinza okubutereeza.

Bw’ogula filiigi (refrigerator) empya, n’ogifunamu obuzibu omanyi engeri y’okugenda mu katabo akalaga enkozesa yaayo. Akatabo ako kajja kukutegeeza nti bw’olaba ekola bw’eti, kino kye kiyinza okuba ekikyamu, oba oyinza okugitwala eri abaziddabiriza. Waliwo ekitabo ekisobola okukola ku bufumbo bwo, okubutereeza. Kiyitibwa ekigambo kya Katonda era Bayibuli etugamba mu Tito 2:4 nti okwagala ky’ekintu ekiyinza okusomesebwa, ekintu ekiyinza okuyigibwa. Bw’oba nga wava mu maka agatatambula bulungi era nga tomanyi bw’oyinza kwagala mukyalawo oba mwami wo, obufumbo bwo bwabulukuka mu – waliwo amawulire amalungi. 1 Yokaana 5:3 kigamba nti *“kubanga kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye: era ebiragiro bye tebizitowa.”* okuyita mu biragiro bya Yesu Kristo nga y’atulaga engeri ey’okwagala mu, engeri ey’okulaga mu ekisa n’obugabi, era n’okunoonyamu engeri omuntu oyo omulala bwe muli mu bufumbo bw’ayinza okubeeramu obulungi, Katonda asobola okukuyamba okukyusa embeera.

Eno nnyanjula eri essomo ery’obufumbo. Tujja kweyongerayo n’essomo eddala ku bufumbo era njagala ngambe nti, “Katonda abawe omukisa leero nga mugenda mu maaso n’okuyiga.”

Tukkiriza nti Katonda ayagala okubawa amagezi n'okumanya nga mw'eyongera okwetegereza essomo lino.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Ab'efeeso 5:31, 32, Ab'efeeso 5:31, 32 kiva mu luberyeberye 2:24 Bw'otunuulira Ab'efeeso 5:32, Kiki ky'olowooza Katonda ky'ayogerako mu kyawandiikibwa kino?----------
2. Soma Yakobo 4:4-5 Enyiriri zino ziyigiriza ki?----------
3. Soma 1 Petero 3:7. Lwaki olina okutambulira mu bumu n'okwagala eri mukyalawo oba mwami wo?----------
4. Soma Yokaana 15:5. Obufumbo bwo buyinza okukulakulana nga Kristo si ye Mukama w'obulamu bwo?----------
5. Soma Tito 2:4. Okwagala si kukyamuukirira bukyamuukirizi. Okusinziira ku kyawandiikibwa, okwagala kuyinza----------
6. Soma 1 Yokaana 5:3. Bwetutambulira mu biragiro bya Katonda, tutambulira mu ----------
7. Soma Matayo 7:12 Bwetubeera n'ebizibu mu bufumbo bwaffe, kijja lwakuba nti waliwo omuntu atatambulira mu----------
8. Soma 1 Abakkolinso 13:4 Okwagala (a) kuba kukyamuukirira
   (b) Kuba kuwulira kibuguumirize (c) Kwa kisa

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

Aba'efeeso 5:31-32 – "*[31] Kale omusajja ky'anava aleka kitaawe ne nyina n'agenda neyegatta ne mukaziwe ne bafuuka omuntu omu. [32] ekyama kino kikulu kyoka nnze ndowooza nti kyogera ku Kristo n'ekanisa ye."*

Yakobo 4:4-5 – *"[4] Mmwe abenzi temumanyi ng'okuba mikwano gy'ensi bulabe eri Katonda, n'olwekyo omuntu yenna bw'asalawo okuba mukwano gw'ensi, afuuka mulabe wa Katonda. [5]. Oba mulowoza nti ekyawandiikibwa tekiba na makulubwe kigamba nti omwoyo gwe yassa mu ffe atulabirira n'okwagala okujjude obugya."*

1 Peetere 3:7 – *"nammwe abasajja abafumbo mutegeere nga bakazi bammwe banafu, n'olwekyo mubakwatenga n'obwegendereza. Era mubassengamu ekitiibwa nga mumanyi nti Katonda nabo alibawa wamu nammwe obulamu obutaggwawo. Bwe munaakolanga bwemutyo okusaba kwamwe tekuziyizimwenga."*

Yokaana 15:5 – *" Nze muzabbibu, mmwe matabi buli abeera munze nange mu ye oyo abala ebibala bingi. Kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola."*

Tito 2:4 – *"balyoke basobole okugunjula abakazi abato okwagalanga ba bbabwe awamu n'abaana baabwe."*

1 Yokaana 5:3 – " *Kubanga okwagala kwa Katonda kwe kukola ebyo by'atulagira okukola. Okukola byatulagira si kizibu."*

Matayo 7:12 – "*N'olwekyo ebintu byona bye mwagala abantu babakolerenga namwe mubibakolerenga kubanga ebyo bye biri mu mateeka ne mu bunnabbi."*

1 Bakkolinso 13:4 – *"Okwagala kuguminkiriza era kwa kisa. Okwagala tekulina bugya era tekwenyimiriza wadde okwekuluntaza."*

EBYOKUDDAMU

1. Soma Ab'efeeso 5:31, 32, Ab'efeeso 5:31, 32 kiva mu luberyeberye 2:24 Bw'otunuulira Ab'efeeso 5:32, Kiki ky'olowooza Katonda kyayogerako mu kyawandiikibwa kino? **Enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa ye. (kyekuusa ku bufumbo.)**
2. Soma Yakobo 4:4-5 Enyiriri zino ziyigiriza ki? **Katonda wa bugya gyetuli era ayagala tubeere baamazima gyali.**
3. Soma 1 Petero 3:7. Lwaki olina okutambulira mu bumu n'okwagala eri mukyalawo oba mwami wo? **Essaala zange zireme okuziyizibwa.**
4. Soma Yokaana 15:5. Obufumbo bwo buyinza okukulakulana nga Kristo si ye Mukama w'obulamu bwo? **Nedda.**
5. Soma Tito 2:4. Okwagala si kukyamuukirira bukyamuukirizi. Okusinziira ku kyawandiikibwa, okwagala kuyinza **okusomesebwa.**
6. Soma 1 Yokaana 5:3. Bwetutambulira mu biragiro bya Katonda, tutambulira mu **kwagalea.**
7. Soma Matayo 7:12 Bwetubeera n'ebizibu mu bufumbo bwaffe, kijja lwakuba nti waliwo omuntu atatambulira mu **kwagala.**
8. Soma 1 Abakkolinso 13:4 Okwagala **(c) Kwa kisa.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 11

OBUFUMBO (Ekitundu eky'okubiri)
Bya Don Krow.

Era nate olwaleero tugenda kuddamu okutunuulira essomo ery'obufumbo era ekibuuzo kiri nti, "Obufumbo kye ki? Ekyo wali okirowoozezaako? Okusinziira ku Bayibuli, kyali kirowoozo kya Katonda okutegeka obufumbo. Obufumbo kwe kwegatta awamu, okubeera mu bumu, nga muli wamu. Luberyeberye 2:24 kigamba nti, *"Omusajja ky'anaava aleka kitaawe ne nnyina ne yeetaba ne mukaziwe* (banaagattibwa ne yeegatta ku mukyala we obutaawukana) *nabo banaabanga omubiri gumu."* Obadde okimanyi nti obufumbo busukuluma ku kugattibwa, era busiingawo nyo ku kubeera omuntu omu? Eky'okulabirako 1 Abakkolinso 6:15, kigamba nti singa ngenda, nga ndi mukristaayo, ne neegatta ne ba malaaya, tufuuka omubiri gumu naye, kati ate lowooza ku kyawandiikibwa ekya Luberyeberye 2:24 ekyogera ku bufumbo. Okwegatta ne malaaya tekindeetera kwawukana na mukyala wange oba okunfuula awasizza malaaya olw'okuba n'egasse naye. Kati olwo obufumbo kye ki? Oba nga obufumbo kwe kubeera nga ababiri tuli omuntu omu, kwe kwegatta awamu, bwe kubeera nga kuba kufuuka omubiri gumu, njawulo ki eriwo wakati w'ekyo, n'okugenda ewa malaaya kubanga bw'ogenda ewa malaaya, mufuukira ddala omubiri gumu naye.

Bayibuli egamba nti obufumbo kwe kubeera nga muli bumu, okugattibwa awamu okubeera obumu naye busingawo ku ebyo. Kwe kwegatta awamu okuyita mu ndagaano. Ekigambo "ndagaano" mu lulimi olw'Ebulaniya kiri "*berith*" era kirimu endowooza ey'okusiba awamu. Kwe kw'ewaayo okusembayo okw'omuntu, okw'ewaayo okutuusa okufa lwe kulibaawukanya. Kati, singa ngenda eri malaaya, singa nkola ekibi ekyenkanidde awo, mba sirina kwewaayo kwe nkoze gyali. Ekifuula obufumbo okubeera kye buli ekisookera ddala kwe kulekayo abalala bonna. Bayibuli egamba nti on'oleka kitawo ne maama wo ne weetaba ne mukyalawo? Ezeekeri agamba nti, "*ofuuka wange.*" Kuba kuleka abalala bonna ku lw'ono – okwewaayo eri ono. Kyeraga kyoka nti singa mungeri ey'obwenzi wegatta n'omuntu omulala, ekyo kijja kulwanyisa enono y'obufumbo, obumu obujjira mu ndagaano oba okwewaayo. Ezekeeri 16:8 agiyita endagaano ey'obufumbo. Mu Befeeso 5 tuyiga nti omusajja alina okwagala mukyala we nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, n'olw'ekyo ebeera ndagano ya kwagala. Ensonga lwaki eba ndagaano ya kwagala kubanga, okwagala ye nnono efuga obufumbo. Ng'ogyeko ebirala byonna, okwagala kuteekwa okuba ennono efuga mu bufumbo.

Obufumbo y'endagaano ey'ababiri okufuuka omuntu omu. 1 Petero 3:7 kigamba nti singa sissa kitibwa mu mukyala wange ne mutwala ng'ekibya ekinafu n'okutegeera nti fembi awamu tuli basika ab'ekisa eky'obulamu, okusaba kwaffe kujja kuziyizibwa. Ekyo kirowoozeeko – obulamu bwaffe obw'omwoyo busobola okuziyizibwa singa tetutambulira mu bumu n'okutabagana Katonda bye yategekera okubeera mu nkolagana ey'obufumbo. Engero 2:16 – 17, kyogera ku mukazi omugenyi aleka endagaano ey'obufumbo, erungamya obuvubuka bwe era enkolagana ey'obufumbo, eyo eyitibwa endagaano ya Katonda we. Kino ekintu kikulu nnyo. Y'endagaano gye tukola n'omuntu, naye era y'endagaano gye tukolera mu maaso ga Katonda. Yadde nga njagala nnyo okuweereza eri abantu, Katonda alinayo ekisinga obukulu, kwe kulowooza ku

bufumbo bwaffe. Mu mazima obufumbo kwe kwolekeza obulamu bwo eri omuntu omulala era nga bwe nagambye, ennono efuga kwe kwagala.

Matayo 7:12 egamba nti ekyo kye waliyagadde abantu abalala bakukolera nawe ky'oba obakolera kubanga gano mateeka ne mu bannabi. Eno ye nnono ye nnyini eteekeddwa okufuga obufumbo. Si kintu kya kwefaako wekka, si kya ssekinoomu era tekikwata ku kiki omuntu oyo ky'ayinza okukuwa. Bayibuli egamba mu 1 Bakkolinso 13:4 nti okwagala kwa kisa. Ekyo kitegeeza kwagaliza omuntu omulala okubeera obulungi, okubeera omugabi era ow'ekisa era bulijjo kuba kunoonya ebisinga obulungi ku lw'omuntu oyo omulala. Ensonga lwaki obufumbo bwategekebwa bwe butyo kwe kuba nti bubeera kya kulabirako, ekilagira ddala enkolagana yennyini ne Katonda nga bw'erina okubeera. Yatuteerawo bye tulabirako mu butonde. Atulaze engeri ey'okubaamu n'obufumbo obulungi, obufumbo obuyitirivu kubanga ayagala tubeere ne kye tulabirangako ng'enkolagana yaffe ne Katonda ey'olubeerera bw'erina okubeera. Obufumbo bubeerawo okutuusa okufa lwe kulitwawukanya, kye kintu ekitabeerera. Bayibuli egamba nti mu kuzuukira teriiyo kuwasa oba okugabibwa mu bufumbo. Katonda ayagala tutegeere okubeera n'obufumbo obulungi bwe kubeera – ennono ez'okwagala – ennono eza buli omu okugabira munne nga teyerowoozezaako. Agamba nti kyenjagala mutegeerere ddala kwe kuba nti nabayise okuyingira mu nkolagana ey'obufumbo nange – si nkolagana ey'akaseera akatono, si eyo en'ewangaala emyaka emitono at'eggwewo, naye enkolagana etaggwawo nga mu yo, okwagala kwange kulilabisibwa gye muli emirembe n'emirembe."

Kambaweeyo ennono z'obufumbo ntonotono. Obufumbo kubeera kugattibwa wamu so si kukolera bukolezi awamu. Bayibuli ekw'ogerako mu Luberyeberye 4 nga okumanya at'era ne mu 1 Petero 3:7 nga mwembi okubeera abasika ab'ekisa eky'obulamu. Obufumbo eba ndagaano ekitegeeza nti obufumbo bukusiba (kabiga); waliwo okwewaayo okw'enyigiramu. Ekibi tekyayingirira kkanisa eyasooka; kyayingira bufumbo obwasooka; bwe tutyo tulina okukwata ekitabo ekinnyonnyola enkozesa yaabwo, tufune ebiragiro ebikwata ku bufumbo era tusse mu nkola ennono ez'okwagala mu bulamu bwaffe. Era twebuuza nti, "Okwagala kye ki? Enzivuunula ye'kigambo kwagala bwe buteerowoozako. Isaaya 53:6 agamba nti fenna tulinga endiga, twawaba buli omu n'akyamira mu kubo lye ye, naye mu bufumbo, e ssira tuliteeka ku muntu oyo omulala era nga tunoonya okubeera kwe obulungi wamu n'okuganyulwa.

Bayibuli etutegeeza mu B'efeeso okwagala mukyalawo kufaanagana n'okwagala omubiri gwo gwenyini. Ffe abaami tulina okulabirira n'okussa ekitibwa mu bakyala Katonda b'atuwadde, ekitegeeza okubasiima. Okwagala omubiri gwo tekitegeeza kutuula n'ozinga emikono ne wekubakubako n'ogamba nti, "nga nkwagala" si ky'ekyo n'akatono. Okwagala omubiri gwo kwe kwekuuma, okweliisa obulungi n'okwelabirira. Tetuteekeddwa kutwala bakyala baffe nga eky'okusaaga, togezanga n'oyanika obumu ku bunafu bwe n'obwanika mu lwatu, togezanga n'omufuula eky'okusekerera yadde okukola ebintu ebimulumya. Olina okumwagala nga bweweyagala wekka.

Njagala weyimuse mu maaso ga Katonda mu kusaba era okusookera ddala mwebaze olw'okukwagala. Eky'okubiri kye njagala okole kwe kumwebaza olw'omukyalawo oba omwami wo, omubeezi gwe yakuwa. Ekyo kitundu ku kizibu. Tosiima mubeeziwo, omufeebya (omussa wansi), bayibuli egamba nti ekyo kuba kwerowoozaako wekka era kiba kibi. Abefeeso 5 kigambo nti Yesu yalongoosa ekkanisa nga aginaaza n'amazzi, olw'ekigambo, olw'ebigambo

bye bye yayogera ku kkanisa. Bw'oyogera ebigambo ku mukyala wo oba omwami wo, ajja kuyimuka atuuke ku ddaala ly'ebigambo by'oyogedde. Singa ogamba nti "tolimu karungi n'akamu, oli mubi, ye nga oyitiridde obunene" ojja kunyigiriza obufumbo era mu ngeri eyo oba toleetawo bumu, naye okuwakana n'obulabe. Naye singa oyogera ebigambo eby'ekisa nga, "kabiite, mukwano, kaalala, mwatu nsiima nnyo ebintu byonna by'okola, nkusiima nnyo, nkwagala", era n'oyongerezaako ebikolwa byo, omubeziwo ajja kuyimuka atuukkire ddala ku mutindo gw'ebigambo ebyo.

Tokiraba leero nti biingi ku bizibu by'olina mu nkolagana yo ey'obufumbo bye bigambo bye wayogera? Munno omussizza wansi mu kifo ky'okumuyimusa. Nkuzzamu amaanyi okwogera ebigambo ebirungi ku mubeezi wo leero. Okwagala si ye ngeri gye wewulira mu, okwagala kuba kwagala munno kuba bulungi n'okuganyulwa si nsonga ngeri ki gye weewuliramu. Tandika leero n'ebikolwa eby'ekisa, nga kifanana n'okusiiga langi ku lubaawo emirundi egiwera okulunyiriza. Okwagala bwe kutyo bwe kuzimbibwa – ng'okola ebikolwa ebitonotono eby'ekisa. Omubeeziwo tandika okumussukulumya, okumuwa ekitiibwa, okumutwala nga ow'omugaso era omugambe nga ebigambo eby'okwagala, ojja kulabawo enjawulo. Katonda abawe omukisa nga mussa munkola ennono zino.

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA.

1. Soma Engero 18:22 Obufumbo (a) kintu kirungi (b) bw'akabi (c) Bisanyusa Mukama.
2. Soma Abaebbulaniya 13:4 Ekikolwa eky'okwegatta mu bufumbo (oba ekitanda eky'obufumbo) (a) Kiba kikolwa kibi (b) Kiba kikyafu era kyononnefu (c) kiba kirongoofu.
3. Soma Omubuulizi 9:9. Obufumbo obulimu okutya Katonda kiba kirabo era mpeera ekuweebwa mu bulamu buno nga eva eri Mukama kituufu oba si kituufu?----------
   ---
4. Soma 1Yokaana 3:18, "Omulamuzi Firipo Gilliam yagamba nti ku misango 28,000 egy'abaana abato gye yalamulanga, obutabaawo kwagala wakati wa taata ne maama ye nsibuko y'emisango gy'abato gye yali amanyi" (Together forever, P. 152) okwagala tulina kukulanga tutya?----------
   ---
5. Soma Ab'efeeso 5:28. Mukyala wange sirina kumulagajjalira okusinga bwe ndagajjalira omubiri gwange. Kituufu oba si kituufu?----------
   ---
6. Soma 1Yokaana 3:16. Ebigambo "nkwagala" biyinza okuba ebirungi ennyo singa biwerekerwako ebikolwa. Yesu ebigambo bye yabissaamu amaanyi bwe yawaayo obulamu bwe ku lwaffe. Tuteekedwa okuwaayo obulamu bwaffe ku lw'ababeezi baffe mu ngeri nyingi nga bwe kisoboka. Kituufu oba si kituufu. Waayo engeri ezirabikako ze wali oyagadde okulagibwaamu okwagala.----------
   ---
7. Soma Ab'efeeso 5:25,26. Mukyala wange ebigambo bye mwogerako bye bijja okumufuula kyali. Nze mutuusa ku busobozi obw'ebyo bye mwogerako. Kituufu oba si kituufu.

8. Soma Abruumi 8:38, 39, 1 Yokkana 4:19. Tusendebwa (oba twagalibwa) olwe'bigambo ebirungi ebitugambibwa nga bigobererwa ebikolwa. Katonda yatusendasenda nga ayogera naffe ebigambo ebirungi ebiri mu bbaluwa ze ez'okwagala ezzawandiikibwa nga ebyawandiikibwa (Bayibuli) kituufu oba is kituufu?----------
9. Soma 1Yokaana 5:3 ne Yokaana 6. Ebikwata ku ngeri y'okwagala biragibwa era bimanyiddwa ebiragiro bya Yesu. Tusobola okuyiga ennono z'okwagala okuva mu kigambo kya Katonda. Kituufu oba si kituufu?
10. Soma Yokaana 14:15. Okwagala tekukwatagana na ngeri gye wewuliramu wabula na kusalawo kwo. Buli kiragiro mu byawandiikibwa kiweebwa eri kusalawo kwa muntu so si ngeri gyeyewulira mu. Katonda takubuulira ngeri gyoyinza okwewuliramu wabula engeri gyoyinza okussa ebintu mu nkola. Kituufu oba si kituufu?
11. Soma Abaggalatiya 5:22, 23. Okwagala si kwa buttonde. Tulina kukuyiga buyizi era omwoyo omutukuvu y'akuleetera okuzaalibwa mu muntu. Okwagala kibala kya (a) kulowooza kwa muntu (b) buttonde bwa muntu (c) mwoyo wa Katonda.
12. Soma Ab'efeeso 5:31,32.Kifaananyi kya ngeri ki oba kya kulabirako ki obufumbo obulungi kye butuwa?

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Engero 18:22 – *"Alaba omukazi okumufumbrwa alaba ekirungi, era afuna okuganja eri Mukama."*
Ab'ebbulaniya 13:4 – *"Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, n'ekitanda kilongoofu, kubanga abakaba n'abenzi Katonda alibasarira omusango."*
Omubulizi 9:9 – *"Beeranga n'omukazi gw'oyagala n'essanyu ennaku zonna ez'obulamu bwo, obutariimu bw'akuwadde wansi wenjuba, ennaku zonna ezitaliimu: kubanga ogwo gwe mugabo gwo mu bulamu, ne mu kutegana kwo kw'otegana wansi w'enjuba."*
1 Yokaana 3:18 Abaana abatto tuleme okwagala mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima.
Ab'efeeso 5:28 – *"Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga baka baabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka."*
1 Yokaana 3:16 – *"Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe: naffe kitugwanira okuwangayo obulamu waffe ku lw'aboluganda."*
Ab'efeeso 5:25-26 – *"Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yewaayo ku lwayo. (26) Alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amaazi mu kigambo."*
Abaruumi 8:38-39 – "[38] *Kubamga nkakasizza ddala nga okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo, wadde ebigenda okujja wadde amaanyi [39]wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirara kyona, tewali kiriyinza kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo mukama waffe."*
1Yokaana 4:19 – "*Tulina okwagala kubanga ye ye yasooka okutwagala."*
1Yokaana 5:3 – "*Kubanga okwagala kwa Katonda kwekukola ebyo by'atulagira okukola, okukola by'atulagira si kizibu."*
2Yokaana 1:6 – "*Era kuno kwe kwagala nti tugondere nga ebiragiro bya Katonda. Kubanga okuva ku luberyeberye twategeezebwa nga bwetulina okutambula."*
Yokaana 14:15 – "*Kale oba nga munjagala, mugonderenga ebiragiro byange."*

Bagalatiya 5:22-23 – "*Naye ebibala eby'omwoyo bye bino: okwagala, essenyu, emirembe, obuguminkiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa[23]. Obuwoombeefu, okwefuga awali ebyo tewali tteeka libiwakanya."*
Ab'efeeso 5:31-32 – "[31]*kale omusajja kyanaava aleka kitawe ne nyina n'agenda ne yegatta ne mukazi we, ne bafuuka omuntu omu. [32] Ekyama kino kikulu, kyoka nze ndowooza kyogera ku Kristo n'ekkanisa ye."*

Ebyokuddamu.

1. Soma Engero 18:22 Obufumbo **(a) kintu kirungi ne (c) Bisanyusa Mukama.**
2. Soma Abe'bbulaniya 13:4 Ekikolwa eky'okwegatta mu bufumbo (oba ekitanda eky'obufumbo) . **(c) kiba kirongoofu.**
3. Soma Omubuulizi 9:9. Obufumbo obulimu okutya Katonda kiba kirabo era mpeera ekuweebwa mu bulamu buno nga eva eri Mukama kituufu oba si kituufu? **Kituufu.**
4. Soma 1Yokaana 3:18, "Omulamuzi Firipo Gilliam yagamba nti ku misango 28,000 egy'abaana abato gye yalamulanga, obutabaawo kwagala wakati wa taata ne maama ye nsibuko y'emisango gy'abato gye yali amanyi" (Together forever, P. 152) okwagala tulina kukulanga tutya? **Mu kwagala n'okufa ku banaffe.**
5. Soma Ab'efeeso 5:28. Mukyala wange sirina kumulagajjalira okusinga bwe ndagajjalira omubiri gwange. Kituufu oba si kituufu? **Kituufu.**
6. Soma 1Yokaana 3:16. Ebigambo "nkwagala" biyinza okuba ebirungi ennyo singa biwerekerwako ebikolwa. Yesu ebigambo bye yabissaamu amaanyi bwe yawaayo obulamu bwe ku lwaffe. Tuteekedwa okuwaayo obulamu bwaffe ku lw'ababeezi baffe mu ngeri nyingi nga bwekisoboka. **Kituufu**. Waayo engeri ezirabikako ze wali oyagadde okulagibwaamu okwagala.
7. Soma Ab'efeeso 5:25,26. Mukyala wange ebigambo bye mwogerako byebijja okumufuula kyali. Nze mutuusa ku busobozi obw'ebyo byemwogerako. Kituufu oba si kituufu. **Kituufu. Ekigambo ekyoluyonaani mu beefeso 5:26 kili** *rhema* **ekitegeeza "ebigambo ebyogedwa"**
8. Soma Abruumi 8:38, 39, 1 Yokkana 4:19. Tusendebwa (oba twagalibwa) olwe'bigambo ebirungi ebitugambibwa nga bigobererwa ebikolwa. Katonda yatusendasenda nga ayogera naffe ebigambo ebirungi ebiri mu bbaluwa ze ez'okwagala ezzawandiikibwa nga ebyawandiikibwa (Bayibuli) kituufu oba is kituufu? **Kituufu. Ekigambo kya Katonda kijudde ebigambo eby'okwagala gyetuli.**
9. Soma 1Yokaana 5:3 ne Yokaana 6. Ebikwata ku ngeri y'okwagala biragibwa era bimanyiddwa ebiragiro bya Yesu. Tusobola okuyiga ennono z'okwagala okuva mu kigambo kya Katonda. Kituufu oba si kituufu? **Kituufu.**
10. Soma Yokaana 14:15. Okwagala tekukwatagana na ngeri gye weewuliramu wabula na kusalawo kwo. Buli kiragiro mu byawandiikibwa kiweebwa eri kusalawo kwa muntu so si ngeri gye yeewulira mu. Katonda takubuulira ngeri gy'oyinza okwewuliramu wabula engeri gy'oyinza okussa ebintu mu nkola. Kituufu oba si kituufu? **Kituufu.**
11. Soma Abaggalatiya 5:22, 23. Okwagala si kwa buttonde. Tulina kukuyiga buyizi era omwoyo omutukuvu y'akuleetera okuzaalibwa mu muntu. Okwagala kibala kya **(c) mwoyo wa Katonda.**

12. Soma Ab’efeeso 5:31,32.Kifaananyi kya ngeri ki oba kyakulabirako ki obufumbo obulungi kye butuwa? **Kya Kristo n’ekkanisa ye.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 12

EKIKA KY'OKWAGALA KWA KATONDA
(Ekitundu Ekisooka)

Leero tugenda kwogera ku kika ky'okwagala kwa Katonda. 1 Abakkolinso 13:13 kigamba nti, *"naye kaakana waliwo okkukiriza, okusuubira, okwagala, ebyo byonsatule, naye kw'ebyo ekisinga obukulu kwagala"* ate 1 Abakkolinso 14:1 kigamba nti, *"Mugobererenga* (okwagala) *era* [muluubirirenga] *ebirabo eby'omwoyo naddala ekirabo eky'okwogera eby'obunnabbi"* Bayibuli egamba gobereranga okwagala, kulondoole, kufuule ekiruubirirwa kyo eky'okuntikko. Enzivuunula za Baibuli ezimu zigamba nti kifuule omuyiggo gwo omukulu. Kino kye kintu kyoka kye tufuna mu bulamu ne kiba eky'olubeerera. Tetulitwala motoka zaffe, maka gaffe oba ssente zaffe, naye kye tulitwala kwe kwagala Yesu kw'atadde mu bulamu bwaffe olw'omwoyo omutukuvu. Okwagala kye kintu kyoka ekilina omuwendo ogw'olubeerera.

Ddala okwagala kutegeeza ki? Njogera ne ngamba nti, njagala mukyala wange, njagala ice kriimu, njagala ekibala. Waliwo ekigambo kimu mu lungereza ekinyonyola okwagala. N'ensonga eyo bwe njogera nti njagala mukyala wange, ate ne mmala ne ngamba nti njagala kappa eyo, mukyala wange asanyuka? Yadde n'akatono, kye ngamba okiraba? Bwe tukozesa ekigambo okwagala, abantu abamu balowooza nti kitegeeza bya kwegatta, abalala ne balowooza nti kwe kuwulira okukyamukirira okw'amaanyi − abantu balina engeri ez'enjawulo ze bategeeramu amakulu g'okwagala. Mu lulimi oluyonaani mulimu ebigambo ebikulu bina. Ekimu kubyo ye "*eros*" ekitakozesebwa mu bayibuli era nga kivunulwa nga okusikirizibwa okwegatta oba okwagala okwegatta. Katonda yatongoza okwagala okw'ekika ekyo bwe yagamba nti omusajja ky'anaavanga aleka kitawwe ne nyina ne yeegatta ne mukazi we nabo banaabanga omubiri gumu. Ekitabo mu bayibuli ekiyitibwa oluyimba lwa Sulemaani kyogera ku kwagala okw'okwegatta Katonda kwe yategekera enkolagana ey'obufumbo yokka. Katonda agamba nti, okwagala okw'engeri endala zona, kuyinza okukozesebwa abantu bonna naye kuno yakutegeka kubeera mu nkolagana ya bufumbo bwoka.

Okwagala okw'ekkika ekirala kuyitibwa "*storage*" era nga kuno kwe kwagala okulimu amaanyi ag'obutonde agagatta abafumbo mu nkolagana ey'omu maka. Ate ne wabaawo ne "*phileo*" nga kusibuka mu kigambo "Philia." Ekigambo kino kikozesebwa emirundi egiwera nga nsaanvu mu ebiri mu ndagaano empya era nga kitegeeza okwagala okw'obuguumikiriza okujja era ne kugenda mu bungi. Abantu abasinga aboogera ku kwagala balowooza nti okwagala kuno mu mazima kye kuli kye kino, "bwentyo, nsobola okuyingira mu kwagala era ne nkuvaamu." Obufumbo bwo bwe buba nga buzimbiddwa ku kwagala okw'ekika nga kino, wajja kubaawo ebiseera we munabeerera oburungi ate n'ebiseera ebibi. Oyinza okuyingira mu kwagala n'okuvaamu nga wesigama ku ekyo.

Bayibuli egamba nti tulina okwagalana n'okwagala Kwa Katonda okuyitibwa "agape". Okwagala kwa "agape" kwe kuliwa? Kulabika mu ngeri nnyingi era 1 Abakkolinso 13 etuwa okunnyonyola okujjude kw'ebyo okwala bye kuzingiramu. Yokaana 5:3 kigamba nti, *"kubanga kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye.*" ebiragiro bya Yesu bitulaga

engeri okwagala gye kulagibwamu naye bwemba ow'okubigatta byonna, nkozesa Matayo 7:12, *"kale byonna bye mwagala abantu okubakolanga mmwe, nammwe mubakolenga bo bwe mutyo: kubanga ebyo bye biri mu mateeka era ne mu bannabbi."* Si bya kkuwoza nti abantu bonna ku kkanisa tebanjagala, tebanfaako na bino na biri. Nedda, bayibuli egamba nti buli kye waliyagadde omuntu yenna akukolere, ggw'oba osooka okukimukolera. Okwo kwe kwagala. Kuwakanya omubiri gwaffe ne mbala yaffe, ne kufaayo eri embeera enungi n'okuganyulwa kw'abantu abalala nga ffe twetadde ku bbali. Kyetaagisa Katonda okukuyamba. Tolowooza nti kino kiyinza okulabisibwa awatali Katonda. Bayibuli egamba nti ekirabo eky'omwoyo kwe kwagala era Katonda kwe kwagala. Ye yennyini y'ensibuko y'okwagala era yekka y'ayinza okutulaga bwe tuyinza okwagala nga tuyita mu biragiro bye. Ye yennyini yajja okutuwa amaanyi newaankubadde nga tuli mu mubiri, okusobola okulonda n'okusalawo obulungi n'okutambulira mu nnono entuufu.

Nkolera mu buweereza bwa Andrew Wommack, era lwali lumu, mu myaka mitono egiyise, oluvanyuma lw'okukola nayagala okugenda nsabe nga bwe nnateranga okukola. Nali mu kifo eky'olukale ekiwummulirwamu ne ngamba nti, "Ai Katonda, neetaaga okubaako omuntu gw'empereza." Olunaku lwali lwa bbugumu eriwerako nendaba obwana obuto, akalenzi n'akawala nga butudde ku byessubo. Waaliwo ekyesuubo ekitaalimu muntu bwentyo ne ngenda ne nkituulamu. Nankyukira akawala ne nkabuuza nti, "olunaku lwa leero lulungi, si bweguli? Ne kanziramu nti, "nze sisobola kwogera bulungi lungereza", ne nkabuuza nti, "ova wa? Ne ka ngamba nti nva Romania. Ne mannya nti mu kitundu ekyo mulimu abantu aba Romania era ne ndaba ng'abantu bano bantunulira oba oli awo nga beewuunya lwaki nali njogera n'abaana baabwe. Nagenda we baali ne mbagamba nti, "njagala ku bayamba, ne bambuza nti, "wandyagadde okutuyamba? Lwaki oyagala okutuyamba? Totumanyi na kutumanya" ne mbaddamu nti, "kubanga Katonda ayagala okubayamba". Nnali mmaze okufumintiriza ku nnono ez'okwagala mu 1 Yokaana 3:18 we kigamba nti, "*tulemenga okwagalanga mu kigambo oba mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima.*" Tetulina kwagala na bigambo by'akamwa kaffe byokka naye n'ebikolwa byaffe. Yadde nga sitera kutambula na sente, ku lunaku olwo munsawo yange nalinamu ko entonotono. Nakwata mu nsawo ne mbagamba nti "mukwatire awo', ne mbakwasa sente. Olw'okuba nti nali nsiibye ku lunaku olwo, nalinawokko ne ku mmere ne mbagamba nti, "emmere eno munagirya n'ab'ewammwe". Baakwatibwako nyo ne bambuuza nti, ggw'ani? Ne mbaddamu nti, "Katonda akoze akalagaane ak'obwaKatonda ffe okusisikana leero, era tunaalabagana nate."

Bwe naddayo eka nategeeza mukyala wange nga bwe nsisinkanye aba Romania. Nagenda mu fuliiza (freezer) ne nzigyayo enyama enjokye ne ngifumba. Enkeera nagenda ku dduka nengulayo bbokisi ng'ejjudde amasowaani era ne nzirayo ku kifo ekyo kye kimu ne mukyala wange. Abaromania n'abaana baabwe era baaliyo ne mbagamba nti, "mbaleetedde ebirabo. Bizito n'olwekyo ngenda kuvuga emmotoka mbibatuusize ewammwe singa munandagayo. "Bwe twatuuka mu kayumba kaabwe akaali ak'ekisenge ekimu ekitonotono, ne nkwata amasowaani n'ebijjiko, ne mbijja mu bbokisi nentandika okubibakwasa kimu ku kimu. Nga mbibakwasa, amaziga gaatandika okubakulukuta, omukyala n'agamba nti, "nze mpulira njagala ku kaaba bukaabi, njagala ku kaaba! Ne mbagamba nti, "buli lwa bbalaza (mande) akawungeezi tubeera n'okuyiga bayibuli mu maka gaffe era mbayise mujje". Ne baddamu nti, "tujja kujja" naye nembagamba nti, "saagala mujje olw'okuba mbawadde ebirabo" ne baddamu nti, nedda, twagala tujje tusisinkane mikwano gyo.

Engeri gyebataalina ntambula, nabanonako ne mbatuusa ewange era mu bbanga ttono nnyo, Katonda n'atandika okubakomako. Olungereza baali tebasobola kulwogera bulungi naye era Katonda yabakomako nga tubasabidde. Okwagala kwa Katonda kwalabisibwa gye bali. Nga tewannayita bbanga ddene, twassanga omwami ne mukyala we nga nabo Baromania ne mbuuza bali abasooka nti "munagenda ne munnyambako okusisinkana Abaromania abalala? Bakkiriza era olunaku olumu, bankubira essimu, "mwami Don, baakutugambyeko. Tulina ekiwuubaalo era twagala okubasisinkana. Nabatwalira ebirabo, emmere n'ebintu ebitali bya ngeri zimu. Bwe nagenda mu maaso n'okukola ekyo natandika n'okubakyalira, buli kimu kyali kitambula bulungi okutuusa olunaku olumu omu ku Baromania abasooka lwe yabagamba nti, "kibeetagisa okugendako mu kuyiga bayibuli. Bogere ku Yesu era kiba kirungi nnyo" baddamu nti, "sooka olindeko! Ffe twava mu gwanga erya ba naakalyako ani era tetumanyi oba nga ddala waliyo Katonda. Ebyo ebya Yesu ffe tetubyetaaga".

Nze ne ngamba, "Ka mbeere mukwano gwammwe." Natandika okubatwalanga okwewaamu ku wiikendi ne mbagulira engoye, amakooti n'ebintu bye baali beetaga. Baaswala nnyo naye nga tebafaayo "naye ggwe tewetaaga kooti? "Weewaawo njetaaga, naye…" kati nno, ekooti eno katugikuwe." Nabagamba mu bikolwa naye era ne bagaana okujja mu kuyiga bayibuli okutuusa olunaku lumu lwe nnabagamba nti, "oba oli awo eyo eriyo Abamerica abanabayamba okufuna emirimu." Awo tebaasibamu, bajjirawo mangu ago. Mu kiseera eky'okkuyiga baibuli akawungeezi ako. Waliwo ekintu eky'obusiru kyenagamba Mukama, "Mukama, olw'aleero olina okumpa ekirabo eky'ennimi kubanga tetusobola kuwuliziganya bulungi na bantu bano. "Akawungeezi ako, mu kuyiga baibuli mwalimu ab'America abaawa obujulizi bwabwe. Bwe natandika okwogera, omukyala, omu ku ba Romania ab'omulundi ogw'okubiri yatandika okukyamuukirira ne mmanya nti waliwo ekigenda mu maaso. Oluvanyuma lw'okuyiga bayibuli nagamba nti, "kambasabire", era bwe twali tusaba, amangu ago Katonda n'abakomako era ekifo mwe twali n'akijjuza n'okwagala kwe. Omukyala n'agamba nti, "omanyi, Ab'America bwe baabadde, nga boogera nabadde sitegeera bye boogera, naye ggwe bwewasituse n'otandika okwogera ku Yesu n'okwagala kwe gye tuli, ne byonna bye yakola tulyoke tubeere n'enkolagana naye, natandise okutegeera buli kigambo kye wabadde oyogera! Nga mbitegeerera ddala bulungi! Oyo ateekwa okuba nga Katonda. Ateekwa kuba Katonda! N'ekyavaamu, obulamu bw'abantu bwakyusibwa, ate nga si bwa ba Romania bwoka.

Kambategeeze ebyaddirira, buli lwa mande akawungeezi, amaka gange gaatandika okujjula abantu abaava mu bitundu by'ensi ebitali bimu aba Romania, aba Bulugaira n'abali bava mu Russia Katonda n'akyusa obulamu bwabwe era nga bakimanyi nti tubaagala. Twafuna n'abantu abaava mu Africa. Yadde nga twali tetusobola kwogeranganya mu lulimi kye baamanya kyali nti: Bwe twasabanga, Katonda yabeebikkuliranga. Era baali bakimanyi nti nali nsobola okubakolera ekintu kyonna era nti nnali mbagaala. Katonda yakyusa obulamu bwabwe n'obw'abantu abalala bangi era njagala mbategeeze engeri gye kyabaawo. Kyabaawo olw'ensonga nti lwali lumu, bwe nnali mukifo ekiwummulirwamu, nnalaba abantu aba laangi endala, abava mu gwanga eddala. Saalina kwagala kwa maanyi kwe nnali mpulira gye bali naye nali mmanyi nti okwagala kwe kuno: buli kintu kye waliyagadde omuntu omulala akukolere, ggw'ob'osooka okukimukolera. Nnabaagaliza okubeera obulungi n'okuganyulwa nga sifudeeyo ku ngeri gye nnali newuliramu era ebyaddirira mu bimanyi? Baakisiima nnyo era ekyabaguka mu bbo ku lwange kwe kwagala okwa philia, okwagala okw'epulira era nebatandika n'okugamba nti, "nkwagala", ne bangwa mukifuba awamu n'okunnyegera. Ekyo kye kyakola

mu nze kwe kutandika okuwulira mu ngeri y'emu gye bali. Bw'oba nga oyagala obeere n'okwagala okukuleetera okukomwako mu bulamu bwo, teeka mu nkola okwagala okwa agape. Ffuba okulaba nga abalala babeera bulungi si nsonga ngeri ki gye weewuliramu era kino kijja ku koleeza muggwe okwagala okukuleetera okubaako engeri gy'owuliramu.

EBIBUUZO EBY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma 1Yokaana 5:3 Okwagala kwa Katonda kulagibwa okuyita mu----------
2. Soma Abaruumi 13:9, 10 Nnyonnyola engeri ebiragiro ebiri mu Baruumi 13:9, 10 gyebiragamu okwagala.----------
3. Soma Abaruumi 12:19–21. Tuyiga tutya okwagala abalabe baffe ne bwetuba nga tuwulira tetwalikyagadde?----------
4. Soma Tito 2:4. Ekigambo kino kitulaga ki kukwagala?----------
5. Soma 1 Abakkolinso 13:4 -8. Nnyonyola ennono z'okwagala mu bujjuvu?----------
6. Soma 1 Yokaana 3:18. Okwagala tukussa tutya mu nkola?----------

EBY'AWANDIKIBWA EBY'OKUKOZESA NGA ODDAMU EBIBUUZO

Yokaana 5:3 – *"Kubanga kuno kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye era ebiragiro bye tebizitowa."*
Abaruumi 13:9,10 – *"Kubanga kino toyendanga, tottanga, tobbanga, tewogombanga, n'etteka eddala lyona, ligattidwa mu kino, nit yagalanga omuntu munno nga bwe weyagala wekka. 10, okwagala tekukola bubi muntu munne. Okwagala kyekuva kutuukiriza amateeka."*
Abaruumu 12–19,21 – *"Temuwalananga mwekka ggwenga abagalwa, naye waakiri musegulirenga obusungu, kubanga kyawandiikibwa nti okuwalana kwange, nze ndisasula, bw'ayogera Mukama. Nate omulabe wo bw'alumwanga enjala muliisenga, bw'alumwa ennyonta munnyweesenga; kubanga bw'okola bw'otyo, olimukumira Amanda g'omuliro ku mutwe gwe (21) towangulwenga bubi, naye wangulanga obubi olw'obulungi."*
Tito 2:4 – *"Balyoke beegenderezenga abakazi, abato okwagalana babbabwe, okwagalanga abaana babwe."*
1 Abakkolinso 13:4-8 – *"Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa, tekuba na bugya, tekwekulumbaza, tekwegulumbiza, tekukila bitasaana, tekunoonya byakwo,[5] tekunyiga, tekusiba bubi ku mwoyo, tekusanyukira bitali bya butuukirivu [6]naye kusanyukira wamu n'amazima, kugumikiriza byona, [7]kukkiriza byona, kusuubira byona, kuziibikiriza byonna. [8]Okwagala tekuggwawo emirembe gyona naye oba obunnabbi bulivaawo, oba ennimi zirikoma oba okutegeera kulivaawo."*
1 Yokaaa 3:18 – *"Abaana abato, tuleme okwagalanga mu kigambo ne mu lulimi wabula mu kikolwa ne mu mazima."*

Eby'okuddamu.

1. Soma 1Yokaana 5:3 Okwagala kwa Katonda kulagibwa okuyita mu **bilagiro bye.**
2. Soma Abaruumi 13:9, 10 Nnyonnyola engeri ebiragiro ebiri mu Baruumi 13:9, 10 gyebiragamu okwagala. **Okwagala tekukola bubi. Buli kiragiro kitulaga engeri gye tuyina okuyisa banaffe.**
3. Soma Abaruumi 12:19–21. Tuyiga tutya okwagala abalabe baffe ne bwetuba nga tuwulira tetwalikyagadde? **Omulabe wange bwaba muyala kinkakatako okumuwa eky'okulya; bwaba nga muyonta muwe eky'okunya; tufeeyo kumbeeera yabwe enungi n'okuganyulwa okulungi nga te tufudde ku kiki kye tuwulira.**
4. Soma Tito 2:4. Ekigambo kino kitulaga ki kukwagala? **Okwagala kuyigirizibwa. Si mpulira y mu bulamu bwo.**
5. Soma 1 Abakkolinso 13:4 -8. Nnyonyola ennono z'okwagala mu bujjuvu? **Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa, tekuba na bugya, tekwekulumbaza, tekwegulumbiza, tekukila bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiga, tekusiba bubi ku mwoyo, tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima, kugumikiriza byona, kukkiriza byona, kusuubira byona, kuziibikiriza byonna. Okwagala tekuggwawo emirembe gyona naye oba obunnabbi bulivaawo, oba ennimi zirikoma oba okutegeera kulivaawo.**
6. Soma 1 Yokaana 3:18. Okwagala tukussa tutya mu nkola? **Tuleme okwagala mu bigambo obugambo, naye ne mubikolwa.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 13

EKIKA KY'OKWAGALA KWA KATONDA
(Ekitundu eky'okubiri)
Bya Don Krow.

Mu ssomo ery'ekika ky'okwagala kwa Katonda ekitundu ekisooka, nnabategeeza ku mwami n'omukyala aba Romania be nnassanga mu kifo ekiwummulirwamu. Njagala okwongera okubategeeza ku birala, ebyabaawo ebitonotono, naye nga sinakikola, njagala twejukanye ku bimu ku bye twayogerako ku kwagala kwa Katonda. Yesu Kristo y'engeri ekyasinze okubeera ey'amaanyi eyali ebaddewo ku nsi, okwagala gye kwali kulabisiddwamu naye ate nga okusinziira ku byawandiikibwa mu bayibuli, teyayogerako ku bigambo, "nkwagala nyo." Tekyewuunyisa ekyo? Egeri enkulu okwagala gye kulagibwamu si kwe kugamba, "nkwagala nyo" omanyi lwaki kiri bwekityo? Kubanga okwagala kusinga ku bigambo obugambo, kuli mu bikolwa. Singa ngamba mukyala wange nti, "nkwagala nnyo" naye ate ne ngenda nkola obwenzi, ayinza kukkiriza bigambo byange oba ebikolwa byange? Ajja kukkiriza ebyo bye nkola kubanga ebitundu kyenda mu bitaano ku buli kikumi eby'okwagala tebiri mu bigambo by'oyogera, kuli mu ebyo by'okola.

1 Yokaana 3:18 agamba nti, *"tuleme okwagalanga mu bigambo ne mu lulimi (tuleme kwagala na bigambo eby'emimmwa gyaffe), naye mu bikolwa ne mu mazima"* okwagala kigambo kya bikolwa. Mu Matayo 25:35,36, Yesu annyonnyola ebikolwa eby'okwagala nga agamba nti, "nnali nnumwa enjala, ne mumpa eky'okulya, nnali nnumwa ennyonta, ne mumpa eky'okunywa, nnali bwerere nga sirina kya kwambala, ne mu nnyambaza, nnali mulwadde ne munnambula." Mu lunyiriri olwa 40 naddamu nti, "nga bwe mwakikolera abo baganda bange abasinga obuto, mwakikolera nze." Okiraba? Okwagala bikolwa, bye bintu by'okola. Abaebbulaniya 6:10 " *kubanga Katonda mwenkanya, tayinza kwelabira mulimu gwammwe omunene bwegutyo n'okwagala kwe mwagala erinya lye er'amanyi bwe mwaweereza abantu be era nga bwe mu kyabawereza.* " Mu Matayo 22 Yesu bwe yabuuzibwa etteka erisinga obukulu, yagamba nti lye ly'okwagala Katonda ne Bantu banaffe. Amatteeka gano abiri mu mazima liri limu bwe gaba gategeereddwa obulungi. Bw'olaga okwagala eri baganda bange bano abato Yesu agamba nti, oba okulaze nze kennyini. Bayibuli etuyigiriza nti tulina omukisa ogutagambika ogw'okwagala Yesu mu ngeri ey'ebikolwa nga tuyita mu kwagala abalala.

Mu ssomo lye twakamaliriza, nabategeeza aba Romania be nassanga mu kifo ekiwummulirwamu. Obulamu bwabwe bwakyusibwa kubanga nayagala babeere bulungi era baganyulwe nga sifudeeyo ku ngeri gye naali newuliramu. Baali ba laangi ndala nga bava mu ggwanga ddala naye nali mmanyi nti okwagala kwa Katonda kweyoleka bwe twevaamu ne twagaliza abalala okuba obulungi n'okuganyulwa nga Yesu bwe yakola. Teyawulira nga yaaliyagadde okugenda ku musaalaba. Yagamba nti, "kitange, bwe wabaawo engeri endala yonna, kikolebwe bwe kityo naye si nga nze bwe njagala naye okwagala kwo kwe kuba kukolebwa". Yesu yayagala ffe tubeere bulungi era tuganyulwe nga tafuddeeyo ku ngeri gye yali awuliramu

Olunaku olumu nafuna essimu okuva eri aba Romania. Baali mu maziga. Baali baakamala emyaka musanvu n'ekitundu mu America. Mu kiseera kino baali babeera Kansas era nga balina emirimu gye bakola. Bangamba nti, "twafunye okusalawo kw'omulamuzi ku by'empapula zaffe ezisaba obubudamu." Batuwadde ennaku amakumi asatu okujulira, oluvanyuma lw'ekyo, bagenda kutuzzayo mu ggwanga lyaffe." Ebiseera ebisinga abantu babeera n'emikisa gya bitundu ebiri wakati w'ebibiri n'ebitaano byokka ku buli kikumi obw'okufuna obubudamu mu ggwanga lino nga badduse embeera ez'ebyobufuzi embi mu mawanga gaabwe. Baagenda ewa munnamateeka naye yabagamba nti tebalinaawo mukisa gwa kuyitamu. N'abagamba nti tujja kusaba era tugezeeko okubayamba. Mungeri ki? Naye nga sigimanyi. Nalaba nga tekijja kuba kya bwekanya n'akatono okubazzaayo - naddala nga kati n'abaana baabwe tebakyayinza kwogera bulungi lulimi olu Romania.

Mukwano gwange omu yankubira omukiise ow'ekitundu kyaffe eky'e Colorado mu lukiiko lw'eggwanga naye eyasuubiza okutuukirira Sam Brownback atwala ekitundu eky'e Kansasi kubanga aba Romania kati baali babeera Kansas. Ekyo kyali kya maanyi kubanga nina mukwano gwange ayitibwa Kim nga akolera Brown Back. Natuukirira Kim naye naafuna abantu bana mu Washington DC abaali bakola ku musango guno. Abantu ab'e Sublette Kansa baawagira aba Romania n'ekiwandiiko kye bassaako emikono nga kigamba nti aba Romania bano babeetaaga basigale mu kitundu kino. "bantu balungi, basasula emisolo, era bakakaalukanyi (bakola nnyo) tubeetaaga, basigale wano" ne mu lupapula lw'amawulire mwalimu omuko mulamba nga gwogera ku kyali kiguddewo. Kyali kyamagero era olw'okuba nti waaliwo abakungu mu gavumenti yaffe abaali bategedde ku bigenda mu maaso, aba Romania bano bafuuna ebbaluwa eyali ebategeeza nti ekyali kisaliddwawo kikyusiddwa era nga ba kusigala nga babeera mu America.

Neesitula ne ngenda e Sablette, Kansas. Mikwano gyange baali tebamanyi nti ngenda kubakyalira era wennatuukirayo baali ku ssimu nga beebaza akulira ekitundu ekyo – Brown back olw'okubayamba okusigala mu nsi ng'ababudamu. Mu buntu yali tasobola kubeerawo kubanga lwe lwali olunaku olusembayo mu kuwulira omusango gwa Pulezident Clinton, naye ab'emikutu egy'amawulire aba BBC n'aba NBC baaliwo ne kamera zaabwe. Amangu ddala nga bakasiriikiriramu, badduka mbiro okutuuka we nnali ne bannywegera ne kamera zonna ne zinkyukira. Bambuuza nti, 'gwe ani era abantu bano wabamanya otya? Nembategeeza byonna bwe byali, engeri gye nabasisinkanamu era nenjagala babeere bulungi era baganyulwe olwa Katonda n'ebyo Yesu bye yayogera mu Matayo 7:12.

Bwe twava awo ne tugenda mu kifo ekikolerwamu duyilo, ekyali kitimbiddwa ne baluuni emyufu, enjeru n'eza bbulu okubuna wona era nga tuyimba ennyimba ez'obuwanguzi. Mikwano gyange bwe baayingira, buli muntu n'atandika okuleekanira waggulu naye bbo nga bakaaba maziga. Meeya w'ekibuga n'agamba nti "olwaleero nga 12 February, lujja kubeeranga lunaku olw'amaka nga tujjukira aba Romania bano" Baakwata ebendera ya America, omukungu atwala ekibuga ekikulu eky'e Washington DC gye yawanika okwewuubiranga mu kibuga kino, mu kubassamu ekitiibwa, baagibakwasa ne babawa n'amabaluwa agalaga nti mu America baakubeerayo mu mateeka era nga bayinza okubeererayo ddala obulamu bwabwe bwona. Bombi baawa obujuluzi, bwe baamala ne bangamba nsabe. N'engamba nti, 'olwaleero waliwo gwe tutannaba kwebaza bulungi era ye Katonda, omuyinza w'ebintu byonna. Mu kifo ekiwummulirwamu e Colorado Springs, Co. emyaka musaanvu n'ekitundu egiyise, nali noonya

Katonda nga mugamba nti nali njagala okubaako omuntu gwe nkomako n'okwagala kwe ku lunaku olwo era ye n'annungamya eri aba Romania bano. Ne nziramu okubateegeeza byonna nga bwe byali, ne mbagamba nti, "Katonda ayagala okubayamba – mwanirizibwa mu U.S.A"

Engeri byonna gye bya tuukiriramu yali ya kyamagero. Nnali mmanyi abantu abatuufu, mubifo ebituufu era mu kiseera ekituufu. Mukwano gwange Kim yali ategeka mu bbanga lya mwaka mulamba nga bino byonna tebinabaawo, omukungu ono Brownback okujja okunsisikana ku kitebe ky'obuweereza bwa Andrew Wommack.Yamugamba nti, "wetaaga okusisinkana Don Krow." Saamanya lwaki era tekyampa mirembe. Saakitegeererawo nti Katonda yali akola entegeka ey'okuyamba amaka ge yali yeebikulira awamu n'okwagala kwe, olw'ekiragiro kya Yesu ekigambo nti ekyo ky'oyagala abantu abalala okukukolera ggw'oba osooka okukibakolera. Kye ky'amagero kye batagenda kwerabira era leero bayinza okukugamba nti, "Katonda ye yakikola" Anka, omukyala omu Romania yagamba nti, "okukkiriza kwange kwayuugayuuga (kwatawaanamu) naye Katonda mwesigwa era atusobozeseza okusigala mu America."

Waliwo abantu baanji nnyo wenjogerera bino, abeetaaga okwagalibwa. Engeri yokka gye basobola okukufunamu y'eno, Nze naawe nga tusazeewo okutegeera ennonno z'okwagala okuva mu kigambo kya Katonda. Okwagala kwa kisa, kwagaliza abalala okubeera obulungi – nga Yesu bwe yayagala tubeere bulungi n'agenda ku musalaba. Katonda abawe omukisa leero nga mwogera okwetegereza ennono zino, kye kitegeeza okwagalira ddala n'okwagala kwa Katonda.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Matayo 7:12. Mu bigambo byo, tubuulire etteeka ekkulu.----------
   ----
2. Soma Matayo 7:12. Nga bagezaako okuvumbula okwagala, abantu abasinga bagezaako okufuna omuntu omutuufu. Naawe olina kusooka kuzuula omuntu omutuufu oba ggw'olina kubeera muntu oyo omutuufu?----------
   ----
3. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala y'engeri gy'oba owuliramu oba kibeera ekintu ky'okola?
   ----
4. Soma 1 Yokaana 3:18. Singa ogamba mukyala wo oba omwami wo nti, "nkwagala nnyo' naye ate n'oyenda, anakkiriza bigambo byo oba bikolwa byo?----------
   ----
5. Soma Abaruumi 5:6-8. Olowooza Yesu yawulira nga yaliyagadde okufa? ----------
   ----
6. Soma Abaggalatiya 5:22. Tuyinza okwagala abantu abalala ng'obulamu bwaffe tebwetoloolera ku Katonda? ----------
   ----
7. Soma 1Yokaana 4:8. Kiki Katonda kyali ekituleetera okumwetaaga okutuyamba okwagala abantu abalala mu mazima?----------
   ----
8. Soma 1 Abakkolinso 13:15. Ku bigambo bino wammanga, londako ebitannyonnyola ekyo okwagala kye kutali: kukayuka, kwefaako kwokka, tekusonyiwa.----------
   ----

9. Soma 1 Abakkolinso 13:8. Kintu ki ekimu kyokka ky'oyiza okugenda okussuka entaana oba mu bulamu obuddako?----------
---
10. Soma Engero 10:12. Abakkolinso 13:5 kigamba nti, "okwagala tekusiba bibi kumwoyo" okwagala kubikka ku bibi byenkana wa?----------
---

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Matayo 7:12 – *"Kale byonna bye mwagala abantu okubakolanga mmwe, nammwe mubakolanga bo b we mutyo: kubanga ekyo ge mateeka ne banabbi."*
1 Yokaana 5:3 – *"Kubanga kuno kwe kwagala kwa Katonda ffe okukwatanga ebiragiro bye era ebiragiro bye tebizitowa."*
3. 1 Yokaana 3:18 – *"Abaana abato tuleme kwagalanga mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima."*
4. Abaruumi 5:6-8 – *"Naye oba nga twafiira wamu ne Kristo, era tukirizanga tulibeera balamu wamu naye."*
5. Abaggalatiya 5:22 – *"Naye ebirabo by'omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza."*
6. 1 Yokaana 4:8 – *"Atayagala tategeera Katonda, kubanga Katonda kwagala."*
7. 1 Abakolinso 13:5 – *"Tekukola bitasaana, tekunoonya byaakwo tekunyiiga."*
8. 1 Abakolinso 13:8 – *"Okwagala tekugwaawo emirembe gyona, naye oba bunnabi, bulivaamu oba ennimi, zirikoma, oba okutegeera kulivaawo."*
9. Engero 10:2 – *"Okukyawa kuleeta ennyombo; naye okwagala kubikka ku byonoono byonna."*

Ebyokuddamu.

1. Soma Matayo 7:12. Mu bigambo byo, tubuulire etteeka ekkulu. **Okuyisa abalala nga nze bwenjagala bampise.**
2. Soma Matayo 7:12. Nga bagezaako okuvumbula okwagala, abantu abasinga bagezaako okufuna omuntu omutuufu. Naawe olina kusooka kuzuula omuntu omutuufu oba ggwe olina kubeera muntu oyo omutuufu? **Kubeera oyo omuntu omutuufu.**
3. Soma 1 Yokaana 5:3. Okwagala y'engeri gy'oba owuliramu oba kibeera ekintu ky'okola? **Kue kintu kyetukola nga tutambulira mu nnonno za Katonda.**
4. Soma 1 Yokaana 3:18. Singa ogamba mukyala wo oba omwami wo nti, "nkwagala nnyo' naye ate n'oyenda, anakkiriza bigambo byo oba bikolwa byo? **Bikolwa. Ebikolwa byogera nyo okusinga ebigambo.**
5. Soma Abaruumi 5:6-8. Olowooza Yesu yawulira nga yaliyagadde okufa? **Nedda so nga ate yayagala nyo tubeere bulungi nga tafudde ku mpulira gye yali awuliramu.**
6. Soma Abaggalatiya 5:22. Tuyinza okwagala abantu abalala nga obulamu bwaffe tebwetoloolera ku Katonda? **Nedda.**
7. soma 1Yokaana 4:8. Kiki Katonda kyali ekituleetera okumwetaaga okutuyamba okwagala abantu abalala mu mazima? **Katonda kwagala.**
8. Soma 1 Abakkolinso 13:15. Ku bigambo bino wammanga, londako ebitannyonnyola ekyo okwagala kye kutali: kukayuka, kwefaako kwokka, tekusonyiwa. **Ebigambo bino**

bynna. (obkambwe, obw nakigwanyizi,n'obutasonyiwa) binyonyola okwagala kye kutali.

9. Soma 1 Abakkolinso 13:8. Kintu ki ekimu kyokka ky'oyiza okugenda okussuka entaana oba mu bulamu obuddako? **Okwagala kubeerera emirembe gyona.**
10. Soma Engero 10:12. Abakkolinso 13:5 kigamba nti, "okwagala tekusiba bibi kumwoyo" okwagala kubikka ku bibi byenkana wa? **Ebibi byona.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 14

EBY'ENSIMBI (Ekitundu ekisooka)

Olwaleero njagala kugabana nammwe ku ngeri Yesu gy'ayagala mukulakulane mu by'ensimbi. Kino kya mugaso nnyo eri buli omu. Kyetaagisa sente okuba omulamu, okufuna bye weetaga, n'okubeera omukisa eri abalala. Katonda teyatuleka fekka mu kitundu kino n'agamba nti, "nze ekitundu kyammwe eky'omwoyo kye nafaako, eby'enfuna tebinkwatalo… kw'ekyo muli ku lwammwe, mukafiiremu." Nedda akwagala mu buli ngeri yonna − mu mwoyo, mu mmeeme ne mu mubiri − era yakuteerawo obugabirizi. Abantu abasinga bakkiriza nti okukulaakulana n'obaako w'otuuka mu by'ensimbi kyetaagisa naye eddini ewakanya eky'okubeera mu bujjuvu.

Ekigambo kya Katonda kiyigiriza obutalulunkanira bintu mu ngeri nnyingi naye ate era kitulaga bulungi nnyo nti ensimbi ziba mukisa. Mu 3Yokaana 2, omutume Yokaana yagamba nti, *"abaagalwa, nsaba nti okusinga byonna beeranga bulungi mu bintu byona era mubeere n'obulamu obulungi, nga n'emyoyo gyammwe gibeera bulungi"*. Ebigambo ebyo nga bya maanyi nnyo! Yokaana agamba nti "Okusinga byonna" kyogera ku kuwonyezebwa, ebirowoozo, enkolagana n'ebye nsimbi. Katonda ayagala okulaakulane era obeere n'obulamu obulungi, okusinga byonna. Ayagala okulaakulane mu mwoyo, mu meeme ne mu mubiri. Okwo kwe kwagala kwe gy'oli.

Bannaddini bagi mu butuufu bagamba nti Katonda ayagala obeere mwavu, mbu okubeera omwavu kya bwa Katonda, mbu era gy'okoma okubeera omwavu gy'okoma okubeera omuntu atya Katonda. Nze nakuzibwa mu ndowooza eri bwetyo – nti ababuulizi tebalina kubeera na bintu bingi – mbu omukristaayo ye muntu alina okwerumya – naye ng'ebyo byonna tebirina buwagizi bwa byawandiikibwa. Ibulayimu yali musajja eyali asinga obugagga mu mulembe gwe ne ba kabaka ne batuuka okumusaba abaviire kubanga eby'obugagga bye yalina byali bikosa eby'obugagga by'amawanga gaabwe. Ekintu ky'ekimu ekyo kyattuka ku Isaaka ne ku Yakobo. Yusufu yali omusajja eyakulaakulana era nga yalina ebintu bingi nyo nyo. Dawudi okuva mu tterekero erilye ku bubwe, yawaayo feeza ne zaabu ebiweza obuwumbi bwa doola bubiri n'ekitundu okuzimba yeekalu. Sulemaani, mutabani wa Dawudi ye musajja akyasiinze obugagga kw'abo abaali babadde kunsi. Bw'okitunuulira nga osiinziira mu byawandiikibwa, abantu bonna abaweerezza Katonda abawadde omukisa mu by'ensimbi.

Waliwo eby'okulabirako eby'abantu abalafuubanye era ne beerumya. Mu Bafiripi 4:13, Pawulo yagamba nti nyinzizza byonna okuyita mu Kristo era yali ayinza okubeera omumativu mu mbeera yonna gye yalingamu. Yagamba nti yayiga okubeera n'ebintu ebitono era n'ebizibu naye mu byawandiikibwa toyinza kusangayo kyawandiikibwa kigamba nti gy'okoma okuba omwavu, gy'okoma okubeera omuntu atya Katonda. Ekyo si kituufu era oyinza okugenda wonna n'otalaba bukakafu bw'akyo. Weewaawo, wano waliwo amazima nti okululunkanira ebintu sikirungi. 1Timoseewo 6:10 agamba nti, *"okwagala essente (ebintu) kye kikolo ky'ebibi byonna…"* Abantu abamu babuuka n'ekyo ne bagamba nti sente ky'ekikolo ky'ebibi byonna. Naye kigamba nti okwagala sente y'ensibuko ya buli kibi. Eriyo abantu abagala sente era nga zebakulembeza zokka, abalala balina obugagga bungi naye nga tebabwagala. Sente bakozesa nkozese.

Eky'amateeka 8:18 kitulaga ekigendererwa ekituufu eky'okukulaakulana mu by'ensimbi. Mukama yali ayogera n'abaana ba Isirayiri abaali banatera okuyingira mu nsi ensuubize era nga bagenda okufuna obugagga n'okukulaakulana bye batalabangako. Yabagamba, *"naye ojjukiranga Mukama Katonda wo kubanga oyo y'akuwa obuyinza okufuna obugagga, alyoke anyweze endagaano ye gye yalayirira bajjajja bo, nga bwe kiri leero."* Okusinziira ku kyawandiikibwa kino, ekigendererwa ky'obugagga si kwe kufuna ebintu ebingi olw'ebigendererwa byo ggwe, naye osobole okunyweza endagaano ya Katonda wansi ku nsi.
Mungeri endala, Katonda okuwa omukisa naawe ofuuke omukisa eri abalala. Mu Luberyeberye 12:2 Katonda yagamba Ibulayimu, *"era naakuwanga omukisa, era naakuzanga erinnya lyo era onobeeranga mukisa ggwe."* Nga tonnaba kubeera mukisa eri abalala, olina okusooka okuweebwa omukisa ggwe.

Waliwo ebintu by'oyagala era n'ebyetaago by'olina Katonda by'ayagala okusisinkana naye nga kirina okuba ekintu ekitali kya kwefaako wekka. Ayagala akugaggawaze asobole okuyisa mu ggwe sente ze, obeere omukisa eri abalala. 2 Abakkolinso 9:8 kigamba nti, *"era Katonda ayinza okwaza ekisa kyonna gyemuli mmwe nga mulina ebibamala byona mulyoke musukkirenga mu bikolwa byonna ebirungi"*. Kino kikuwa ensonga lwaki Katonda agenda ku kugaggawaza – osobole okusukkirira mu bikolwa byonna ebirungi. Mu byawandiikibwa, kino kiringa kye kinnyonnyola okukulaakulana. Okukulaakulana kye ki? Kwe kubeera n'amaka amalungi, emmotoka ennungi, engoye ennungi, oba okuba n'emmere ku mmeeza yo? Okusinziira ku kyawandiikibwa kino, kwe ku beera n'ebintu ebimala okusisinkana ebyetaago byo byonna n'okusukkirira mu bikolwa byonna ebirungi. Bwobeera nga tosobola kuwaayo eri ebintu by'owulira nga Katonda akukomyeko oweeyo gyebiri, nga waliyaagadde okubeera omukisa eri omuntu naye notoyinza… kiba kitegeeza nti tokulaakulana mu by'ensimbi nga ebyawandiikibwa bwe bigamba. Katonda agamba nti ajja ku kuwa omukisa okutuuka ku kigera nti abyetaago byo byonna bisisinkanibwa era obeere n'obusobozi obw'okusukkirira mu buli kikolwa ekirungi.

Okukulaakulana okwa Bayibuli okutuufu si kwe kuba nti ebyetaago byo byona bisisinkanibwa kyokka, naye n'okuba nga osobola okubeera omukisa eri abatu abalala. Omuntu eyerowoozaako yekka y'oyo eyefaako yekka. Omuntu singa agamba nti, "nzikiriza Katonda olw'okwongerwako ebintu ebisingako wano," bangi bayinza okulowooza nti wa mululu oba nti yefaako yekka, naye kisinziila ku kigendererwa. Bwoba nga osaba Katonda sente ezisinga kw'ezo z'olina osobola okufuna emotoka enungi, enyumba enene, kati ekyo ekigendererwa si kya mu byawandiikibwa. Naye bwoba nga okkiriza Katonda okukuwa essente, ezisinga ku z'olina kubanga olaba okusukka ku byetaago byo gwe, ng'oyagala okubeera omukisa eri abantu abalala, eyo ye ndowooza Katonda gy'ayagala obeere nayo. Kwe kwagala kwe ggwe okulaakulane.

Matayo 6 ayogera ku bintu bye twetaaga era n'agamba nti singa tusooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebintu ebirala byonna bijja kutwoggerwako. Bw'otandika okukulembeza Katonda mu buli kimu, ajja kutandika okugabirira ebintu ebirala bino byona. Ebyetaago byo byonna bijja kusisinkanibwa era ojja kubeera mukisa eri abantu abalala. Katonda ayagala okulaakulane naye nga kijja kwesigama ku kigendererwa kyo n'ebikolwa byo ku nsonga eno.

Kwe kusaba kwange nti byenjogedde olwaleero bikusoomoozeza era ogenda otandike okukkiriza Katonda olw'ekyo kyalina ekisinga obulungi gyoli, nga ye ggwe okukulaakulana.

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma 2 Abakkolinso 8:7,8. Okuwaayo eri abali mu bwetaavu kuyiza okuba emu ku ngeri gyayinza okukukakasa nti ----------
2. Soma 2 Abakkolinso 8:13. Fenna bwe tweggattira awamu mu kugaba, Katonda ayagala wabeewo ki?----------
3. Soma Abakkolinso 8:13. Ebyetaago bya buli muntu biyinza kusisinkanibwa bitya? --------
4. Soma Ab'efeeso 4:28. Omuntu eyali nga omubbi aleme okuddamu okubba natte, naye akole n'emikono gye afune kyanaalyanga. Kintu ki ekirala Ab'efeeso 4:28 kye kigamba kyayinza okukola?----------
5. Soma oluberyeberye 13:2 ne 12, Katonda yasobola okwesiga Ibulayimu n'amuwa obugagga bungi olw'okuba Ibulayimu yali teyerowoozako yekka naye yali ---------- ---------- eri abalala.
6. Soma 1 Timoseewo 6:17. Bintu ki ebisatu abagagga bye balina okukozesaamu sente zaabwe? ----------
7. Katonda asobola okukwesiga n'essente?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

2 Abakkolinso 8:7-8 – *"[7]Nga bwe musukirira mu byonna mu kukiiriza, ne mu kwogera mu kutegeera, ne mu kufuba kwona, ne mu kwagala kwammwe eri ffe, era musukkirirenga ne mu kisa ekyo. [8]Soogera nga mbalagira bulagizi, wabula olw'okufuba kwabalala nga nkema okwagala kwammwe nga kwa mazima."*
2 Abakolinso 8:13-14 – *"[13] abalala baleme okuyambibwa ate nga mwe munyigirizibiwa walyoke wabeewo okwenkanankana. [14]. Kaakano bye mulina ebingi biyambe abo babali mu kwetaaga nabo ebyabwe bye balina ebingi biribayamba nga muli mu kwetaaga."*
Ab'efeeso 4:28 – *"eyabbanga alemenga okubba nate, naye waakiri afubenga, ng'akola ebirungi nemikono gye, alyoke abeerenga n'ekyokumuwa eyeetaaga."*
Oluberyeberye 13:2 – *"Era Ibulaimu yalina obugagga bungi, ente, ne ffeza, ne zaabu."*
Oluberyeberye 12:2 – "*Nanage ndikufuula eggwanga eddene, era ndikuwa omukisa n'erinya lyo ne ndifuula kkulu,olyoke obeere mukisa."*
1Timoseewo 6:17,18 – *"Okutegeera abagagga ab'omumirembe gya kakano obuteegulumizanga, newankubadde okwesiga obugagga obutali bwa lubeerera, wabula Katonda, atuwa byonna olw'obugagga tulyoke twesanyusenga n'ebyo (18) bakolenga obulungi, babeerenga abagagga mu bikolwa ebirungi, babeerenga baganzi, bassenga kimu."*

Eby'okuddamu.

1. Soma 2 Abakkolinso 8:7,8. Okuwaayo eri abali mu bwetaavu kuyiza okuba emu ku ngeri gy'ayinza okukukakasa nti **okwagala kwo kwa ddala.**
2. Soma 2 Abakkolinso 8:13. Fenna bwe tweggattira awamu mu kugaba, Katonda ayagala wabeewo ki? **Bwenkanya. Nti buli muntu agabe nga bwasobola.**
3. Soma Abakkolinso 8:13. Ebyetaago bya buli muntu biyinza kusisinkanibwa bitya? **Nga tugaba ekyo kyetusobola era wetuba tusoboledde.**
4. Soma Ab'efeeso 4:28. Omuntu eyali nga omubbi aleme okuddamu okubba natte, naye akole n'emikono gye afune kyanaalyanga. Kintu ki ekirala Ab'efeeso 4:28 kye kigamba kyayinza okukola? **Agabire abaavu n'abo abali mu bwetaavu.**
5. Soma oluberyeberye 13:2 ne 12, Katonda yasobola okwesinga Ibulayimu na'muwa obugagga bungi olw'okuba nga Ibulayimu yali teyerowoozako yekka naye yali **mukisa** eri abalala
6. Soma 1 Timoseewo 6:17. Bintu ki ebisatu abagagga bye balina okukozesaamu sente zaabwe? **Kola ebirungi, gabira abatalina, gabana n'abalala ekyo Katonda ky'akuwadde.**
7. Katonda asobola okukwesiga n'essente?

OMUTENDERA 2
ESSOMO 15

EBY'ENSIMBI (Ekituundi eky'okubiri)

Bya Andrew Wemmack

Leero njagala nnyongere okugabana nammwe ku by'ensimbi. Mu ssomo ery'akaggwa, nabannyonnyodde nti kwe kwagala Kwa Katonda ggwe okukulaakulana. Kati njagala kugabana nammwe ku ngeri ekyo gye kiyinza okukolamu Lukka 6:38 egamba nti, *"mugabenga nammwe muliweebwa, ekigera ekirungi ekikkatiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika kye balibaweera mu kifuba. Kubanga ekigera ekyo kye mugera nammwe kye muligererwa."* Waliwo ennono nnyingi ezikirimu naye toyinza kwogera ku kukulaakulana nga toyogedde ku kugaba.

Bw'oyogera ku nkulaakulana y'eby'ensimbi, abantu baangi bagamba nti, "kirungi Katonda ayagala ankulaakulanye naye sirina kusooka kuwaayo." Oyinza okulaba mu Bayibuli Yesu we yayogerera ku nnamwandu eyawaayo ebinusu bye ebibiri ebyali bisigaddewo, mu kibbo ky'ebiwebwato. Yali alabye nga abantu abagagga bateeka ensimbi nnyingi nnyo mu kibbo, naye ate yayita abayigirizwa be n'abagamba nti omukazi ono awaddeyo nnyo okubasinga bonna kubanga bo bawaayo kw'ebyo ebingi bye balina naye ye yaweerayo mu bwavu bwe. Katonda tapima bunene bwa kirabo ky'owaddeyo ng'asinziira ku muwendo gwa sente ogukirimu, naye asinziira ku kipimo ky'oba olina okuwaayo. Singa omuntu agamba nti, 'sirina kye nnyinza kuwaayo" aba tayogedde mazima. Waakiri okwatayo olugoye n'oluwaayo bwe watabawo kiralala kyonna. Buli muntu alina ky'asobola okuwaayo, n'olwekyo wegyemu endowooza egamba nti tolina kintu kyona ky'oyinza kuwaayo. Amazima gali nti, ekiseera w'olabira nti olina ebintu bitono, ky'ekiseera ekipimo ky'olina okuwaayo we kiberera ekinene okusinga ekiseera ekirala kyonna. Omuntu ng'alina omutwalo gumu n'awaayo enkumi taano, abeera awaddeyo ekirabo kinene nnyo okusinga omuntu awaayo emitwalo kkumi naye ng'asigazizaawo buwumbi na buwumbi bwa sente. Katonda yakitegeka bw'atyo buli muntu yenna asobola okuwaayo.

Lwaki Katonda yatugamba okuwaayo? Ensonga nnyingi naye ekigendererwa ekisinga obukulu kwe kuba nti Katonda ayagala omwesige mu buli kitundu eky'obulamu bwo. Ddala bwe kiba nti Katonda taliiyo era nga n'ekigambo kye si kituufu bwe kigamba nti "mugabe nammwe muliweebwa", okukwata ku bintu by'olina n'owaayo kiba ky'ekimu ku bintu ebisinga okuba eky'obusiryu kye wali okoze. Mukifo eky'okweyongerayo n'ekiruubirirwa kyo eky'okubeera nga ebyetaago byo byonna bisisinkanibwa, mubutuufu obeera owabye, Katonda bw'aba nga teyasuubiza nti alikuwa omukisa. Kyetaagisa kukkiriza okusobola okuwaayo nga Katonda bw'agamba era eyo y'ensonga lwaki Katonda okugamba okikole.

Mu Lukka 16 mulimu olugero olw'ogera ku muwanika eyakumpanya ebintu bya Mukama we era eky'enkomerero gye biggwera y'eno: Yesu agamba nti bw'otobeera mwesigwa eri mammona atali mutukiriivu (ayogera ku sente), ani alibateresa obugagga obw'amazima? Bw'oba nga tokkirizza Katonda mubintu ebitono ebikwatagana n'essente, on'otuuka okutya ku bintu ebisinga okuba ebikulu nga eby'omuwendo eby'omwoyo? Ebyawandiikibwa nga kino biteeka sente ku limu ku madala ag'obuwanika agasembayo wansi. Bw'oba nga tosobola kwesiga Katonda mu by'ensimbizo, on'omwesiga otya ku by'ekigo ky'ogenda okubeeramu emirembe n'emirembe? On'oyinza otya okukkiriza nti Yesu yasonyiwa ebibi byo era nti Yesu yasonyiwa

ebibi byo nti ogenda kubeera mu ggulu emirembe gyonna? Bw'oba ogerageranyiza mungeri y'emu, ebintu eby'omwoyo ebituleetera okuteeka okukkiriza kwaffe mu Katonda bya muwendo nnyo okusinga ensimbi. Ensimi kintu kitono nnyo naye ate gwe musingi okutandikirwa okwesiga Katonda.

Engero 11:24 kigamba nti wabaawo alabika nga awaayo okusinga bwe kyetaagisa naye ng'ate akulaakulana; ne wabaawo abakodowalira bye balina naye ate ne beeyongera okuba abaavu munda yabwe.

Bw'osooka okunoonya obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebirala byonna abikwongera ko bwongezi. Bw'ogamba nti oyagala Katonda akuyambe mu by'ensimbi, era nga omusaba obuyambi obwo naye nga tosoose kunoonya bwakabaka bwa Katonda era nga totutte ddala lya kukkiriza, okumwesiga n'omukwasa ensimbizo n'okuwayo − olwo obeera tomwesize.

EBIBUUZO BY'OBUYIGIRIZWA

1. Soma Yokaana 3:16. Kiki eky'akubiriza Katonda okuwaayo?----------
   ----
2. Soma 1 Abakkolinso 13:3. Kiki ekiteekeddwa okukubiriza okuwaayo kwaffe?----------
   ----
3. Soma Yakobo 2:15,16. Nnyonnyola kye kitegeeza.----------
   ----
4. Soma Lukka 6:38. Ekyawandikibwa kino kikugamba ki? ----------
   ----
5. Soma Ab'efeeso 1:7. Katonda yawaayo ku bugagga bwe oba okusinziira ku bugagga bwe? Nnyonyola enjawulo eri mu bigambo ebyo.----------
   ----
6. Soma Engero 19:17. Bw'ogabira abaavu kiki ky'oba okoze?----------
   Katonda akusasula n'akuddizaawo?----------
7. Soma Zabbuli 41:1–3. Tubuulireyo ebintu bitaano (5) Katonda by'akolera abo abagabira abaavu.

Eby'awandiikibwa eby'okukozesa nga oddamu ebibuuzo.

Yokaana 3:16 – *"kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'atyo n'okuwaayo na waayo omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwawo."*
1 Abakkolinso 13:3 – *"era bwe ngabira abaavu bye nnina byonna okubalisanga era bwe mpaayo omubiri gw'ange okwokebwa, naye ne siba na kwagala, nga ssiriko kyengasizza."*
Yakobo 2:15 – *"bwe wabaawo ow'oluganda omusajja oba omukazi nga bali bwerere, ng'emmere eja buli lunaku tebamala. (16) era omu ku mmwe bw'abagamba nti mugende n'emirembe mubugume, mukkute, naye ne mutabawa omubiri bye gwetaaga kigasa kitya?"*
Lukka 6:38 – *"mugabenga, nammwe muligabibwa, ekigera ekirungi, ekikkatiddwa, ekisuukundiddwa, eky'omuyiika, kye balibaweera mu kifuba kubanga ekigera ekyo kye mugera nammwe kye muligererwa."*

Ab’efeso 1:7 – *“eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw’omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng’obugagga obw’ekisa kye bwe buli.”*
Engeri 19:17 – *“asaasira omwavu awola Mukama, era alimusasula nate ekikolwa kye ekirungi.”*
Zabbuli 41:1–3 – *“awwereddwa omukisa oyo ajjukira omwavu. Mukama alimulokola kulunaku olw’akabi (2) Mukama anaamukuumanga, anaamuwonyanga, era anaaweebwanga omukisa munsi, so taamuwengayo eri abalabe be okumukola by’ebagala (13) mukama anaamujjanjabanga ng’ayongobera ku kitanda. Ggwe alongooseza ddala ekitanda kye bw’alwala.”*

Eby’okuddamu.

1. Soma Yokaana 3:16. Kiki eky’akubiriza Katonda okuwaayo? **Kwagala.**
2. Soma 1 Abakkolinso 13:3. Kiki ekiteekeddwa okukubiriza okuwaayo kwaffe? **Kwagala. Kwekugamba, nga tufayo okulaba nga abalala babeera bulungi, nga te tufude ku kiki kye tuwulira.**
3. Soma Yakobo 2:15,16. Nnyonnyola kye kitegeeza. **Okwagala tekuba kwa bigambo bugambo. Tekuli mu byetwogera naye mu bikolwa.**
4. Soma Lukka 6:38. Ekyawandikibwa kino kikugamba ki? **Ekigera ky’ogabiramu, ky’ekigera kye balikugabiramu naawe.**
5. Soma Ab’efeeso 1:7. Katonda yawaayo ku bugagga bwe oba okusinziira ku bugagga bwe? Nnyonyola enjawulo eri mu bigambo ebyo. **Okusinziila ku buggaga bwe. Wawaayo byona asobole okutununula.**
6. Soma Engero 19:17. Bw’ogabira abaavu kiki ky’oba okoze? **Awoze Katonda.** Katonda akusasula n’akuddizaawo? **Wewaawo.**
7. Soma Zabbuli 41:1–3. Tubuulireyo ebintu bitaano (5) Katonda by’akolera abo abagabira abaavu. **Abayamba mu kiseera eky’akabi. Abakuuma. Abakulakulaanya. Abataasa okuva eri abalabe baabwe. Abawonya. Kwekugamba abajjanjaba ne bafuna obulamu.**

OMUTENDERA 2
ESSOMO 16

EKYOKUKOLA NGA ESSAALA ZO ZIRABIKA NGA EZITADDIBWAMU.

Bya Andrew Wommack

Olwaleero njagala kugabana ku ky'oyinza okukola essala zo bwe ziba zirabika nga ezitaddibwamu era nga essira njagala kulissa ku nsonga nti essaala zo "zirabika nga" ezitaddibwamu. Amazima gali nti, bulijjo ebiseera ebisinga obungi, Katonda addamu buli ssaala ebeera esabiddwa okusinziira ku kigambo kye mu kukkiriza. 1 Yokaana 5:14,15 kigamba nti, *"era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira: era bwe tumanya nga atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye."* Obwo obugumu bw'amaanyi nnyo. Buli kiseera Katonda addamu okusaba, naye emirundi egisinga tezirabika nga eziddibwamu. Matayo 8:7,8 agamba nti, "*musabe muliweebwa, munoonye muliraba, mweyanjule (mukonkone) muliggulirwawo: kubanga buli muntu asaba aweebwa, anoonya alaba, eyeeyanjula aliggulirwawo."* Ennyiriri ezo zigamba nti ddala, Katonda addamu okusaba, naye ate buli omu ku ffe ajjukirayo ekiseera mu bulamu bwe, lwe twasaba ekintu nga tukkiriza nti kintu kituufu, kirungi era nga si kya kw'erowoozaako fekka yadde okubeera ebweru w'okwagala kwa Katonda naye nga tetwafuna kya kuddamu.

Ekigambo kya Katonda kitugamba okusaba era onoweebwa naye nga bye tuyissemu bitugamba nti tusaba netutaweebwa. Ekituufu kye kiriwa? Eky'okuddamu kiyinza okukwewuunyisa naye nga ekituufu kiri nti ob'oli awo byombi biyinza okubeera ebituufu. Abantu abasinga bagamba nti, sooka olindeko, ekigambo kya Katonda kigamba nti ajja kuddamu naye sikirabye nga kituukirira". Yokaana 4:24 agamba nti, *"Katonda mwoyo era abo abamusinza kibagwanira okumusinzanga mu mwoyo ne mu mazima."* Okuddamu essalazo, Katonda akolera munsi ey'omwoyo naye kikwetaagisa ggwe okuba n'okukkiriza okusobola okulabisibwa. Okukkiriza kwe kuggya ebintu mu nsi ey'omwoyo ne ku bireeta mu nsi eno ey'obutonde (ebirabika n'amaaso). Kino ab'ebbulaniya 11:1 ky'egamba , "*okukiriza kye kinyweza ebisuubirwa, kye kitegeereza ddala ebigambo ebitalabika."* Tekigambye nti okukkiriza kye kikakasa ebintu ebitaliiyo. Gyebiri naye nga tebirabika mu nsi eno ey'omubiri naye nga birabika munsi ey'omwoyo eterabika. Okukkiriza ku kunnukiriza mu nsi ey'omwoyo ne kuwalulayo ebintu ne kubireeta mu nsi eno ey'omubiri.

Kifaanana nga amayengo ga ladiyo (radio) ne telefayina, biweereza buli kiseera. Oyinza okubeera mu kisenge nga tolaba yadde okuwulira, naye tekitegeeza nti teeriiko. Oteekwa okuteekako laadiyo era ku mukutu gw'owulira gw'oyagala okuwuliliza. Olwo ladiyo (radio) n'eryoka esika amayengo ago okuva mu nsi gy'ototegeera n'egakutuusaako mu nsi mw'oyinza okugawulirira n'amatu go ag'obuntu. Katonda addamu okusaba kwaffe mu ngeri y'emu. Ebintu abituweera mu nsi ey'omwoyo era nga olw'okukkiriza tulina okukkunukiriza ne tubigyayo, ne tubireeta mu nsi eno ey'omubiri. Ensi ey'omwoyo n'ey'omubiri tezikwatagana. Katonda akola n'addamu okusaba kwo naye by'osabye oyinza obutabiraba nga birabisibwa munsi ey'omubiri okujjako nga olese okukkiriza ne kutindira ebbanga eriri wakati w'ensi etarabika ey'omwoyo n'ensi ey'omubiri gye tubeeramu.
Eky'okulabirako, Danyeri omusajja wa Katonda yali asaba Katonda amuwe okw'olesebwa. Olw'obudde ebyabaawo ka mbyogere mu bufunze. Mukama yatuma malayika Gabulyeri

okulabirira Danyeri n'okuddamu okusaba kwe. Danyeri 9:22, 23 egamba, "*n'anjigiriza n'ayogera naange, nangamba nti gwe danyeri, kaakano nfulumye okukugeziwaza mu kutegeera. Bwe wasooka okwegayirira, ekiragiro ne kifuluma, nage nzize okukubuulira kubanga oli mwagalwa nnyo: kale lowooza ekigambo ekyo, otegeere bye wayolesebwa."* Ensonga enkulu yiino: Gabulyeri yagamba nti kuntandikwa y'okusaba kwa Danyeri, ekiragiro kyafuluma okuva eri Katonda nga kilagira Gabulyeri okumuleetera eky'okuddamu. Singa osomayo, ebbanga lye yatwala okuleeta eky'okuddamu, zaali eddakiika nga satu, ebbanga lya dakiika satu wakati w'ekiragiro kya Katonda n'okulabisibwa kw'ekyokuddamu mu buliwo.

Oluusi tuteebereza nnyo nti ddala Katonda bw'aba Katonda era ekintu nga kiri mu kwagala kwe, okutuukirira kubeeranga kukuba ntoli, naye ekyo si kituufu. Ku nsonga eno, katonda yawa ekiragiro ne kitwalira Gabulyeri edakiika nga satu okumalako ebbanga eryo. Sirina nsonga zonna lwaki kino kyali bwekityo ate era nga tekyetaagisa. Ensonga gye ngezaako okugyayo y'eno nti okuva ku kiseera Katonda kye yaweerako ekiragiro, waayitawo ebbanga lya ddakika nga satu eky'okuddamu okulabisibwa. Kati eryo bwe libeera nga ly'ebbanga erisembayo okuba nga lye tulina okkiriririzaamu okufuna eky'okuddamu, ob'oli awo bangi kuffe twaliguminkirizza naye si bwe bitera okubeera.

Mu danyeri 10 tulaba omusajja y'omu ng'asaba essala endala nga ku mulundi guno, kyatwala wiiki satu eky'okuddamu okufunibwa. Abantu bangi ku abo abasoma bino biyinza okwebuuza nti, "lwaki katonda yaddamu emu ku ssala za danyeri mu dakiika satu ate ekyaddako n'agiddamu mu wiiki satu?" Danyeri 10:11-12, egamba, *"nangaba nti ggwe Danieri omusajja wa Katonda omwagalwa enyo, tegeera era osseyo omwoyo ku bigambo bye nkubuulira era yimuka oyimirire kubanga ntumidwa gy'oli. Awo bwe yayogera ebigambo ebyo, ne nyimirira nga nkankana. N'angamba nti totya Danyeri kubanga okuva ku lunaku olwasooka lwe wamalirira okutegeera ne wetoowaza, mu maaso ga Katonda wo ebigambo byo byawulirwa era nzize olw'ebigambo ebyo."* Kino kiraga nti Katonda yalagira omubaka ku lunaku olwasookera ddala danyeri lwe yasaba. Kyatwala wiiki satu okudibwamu kwe ne kuteekebwa mu nkola, naye Katonda mwesigwa. Ekyawandikibwa kigamba nti jjo n'emirembe gyona takyuka. (abaebulaniya 13:8).

Bw'ogatta esuula 9 ne10 nzikiriza nti Katonda essaala zombi yaziddamu mbagirawo. Emu yatwala eddakiika satu endala wiiki satu, naye Katonda si ye yali akyukakyuka.ensonga yiino: Katonda adamu esaala zafe. Ebintu abikola naye waliwo enkyukakyuka eyinza okubaawo wakati nga amaze okuddamu esaala oluvanyuma n'olyoka olaba esaala nga edibwamu. Olina okukkiriza; okukkiriza kulina okutuuka mu nsi ey'omwoyo, kuleete eky'okudamu mu nsi ey'omubiri. N'olwekyo okukkiriza kye kirungo ekikulu mu byona.

Nate era tusobola okusoma olunyirir 13 mu Danyeri 10, *"namala ennaku amakumi abiri mu lumu nga nwana n'omulangira w'ebuperusi naye mikayiri omu ku balangira abakulu n'ajja nanyambako kubanga omulangira w'ebuperusi yali ankwatiddeyo."* Kino tekyogera ku muntu owa bulijjo, naye kyogera ku kuziyizibwa okw'emizimu. Mu nkola yona setaani y'omu ku balwisa oba abakyuusa ebintu. Oluusi Katonda adamu esaala zafe, naye setaani n'aziziyiza nga akozesa abantu abalala. Ekyokulabirako katugambe nti okkiriza Katonda olw'ensimbi, Katonda tagenda kujja akuwe sente. Tagenda kufera doola oba siringisi oba sente zona munsi muno. Taja kukola sente mu ggulu azireke zitonye ng'ekuba okuva mu ggulu zijje mu nsawo yo. Lukka 6:38 agamba, "*Mugabenga namwe munawebwa ekigera ekirungi ekikkatidwa ate nga kya muyiika*

kiribakwasibwa kubanga ekigera kye mugereramu namwe kye muligererwa." Katanda aja bwe baba nga banyivu gyoli nga osanga olina w'obanyiriza, setaani ayinza okubayitamu okuziyiza esaala yo okuteekebwa mu nkola. Bw'oba osaba katugambe nga osabira nsimbi, kimanye nti waliwo abasobola okubeera ekitundu ku kyamagero kyo eky'ensimbi era kiyinza okukwetaagisa okubasabira.

Katonda mwesigwa. Talemererwangako kuddamu saala esinzide mu kigambo kye era nga esabidwa mu kukkiriza. Bulijjo agaba naye oyinza obutabaako ky'olaba okusinziira ku bibaawo ebikyusa enteekateeka. Nkusabira kino kikuyambe okuzimba okukkiiza kwo era okimanye nti Katonda addamu esaala zo.

Ebibuuzo by'obuyigirizwe.

1. Soma Matayo 7:7-8. Bwe tusaba, kiki kye tulina okusuubira okuva eri katonda.----------
2. Soma Matayo 7:7-8. Bwe tunoonya Katonda, kiki kye tulina okusuubira?----------
3. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tulina okusuubira okubaawo singa tukonkona {tweyanjula}?----------
4. Soma Yokaana 10:35. Katonda ayinza okugaba ekintu kyonna ekitatuukana n'ekyo ekigambo kye kye kyasuubiza?----------
5. Somo Yakobo 4:1-3. Lwaki abantu bona baziyizibwa okkufuna okuva eri Katonda?-------
6. Soma 1 Peter 3:7. Kiki ekijja okutuuka ku bulamu bwo obw'okusaba singa oyisa bubi mukyalawo oba omwami wo?----------
7. Soma, Yokaana 5:14. Kiki ekiyinza okusumulua essaala zo okuddibwamu?----------
8. Somo Makko 11:24. Bw'osaba, kiki kyolina okukola?----------
   -

Ebyawandiikibwa ebikuyamba okuddamu ebibuuzo.

Matayo 7:7-8 – *"[7]Musabe, muuweebwe, munoonyo, mweyanjulie, muligguliggulirwawo; [8]kubanga buli muntu asaba aweebwa, anoonya alaba, eyeeyanjula aliggulirwawo."*
Yokaana 10:35 – *"Oba nga yabayita abo bakatonda, abajjirwa ekigambo kya katonda, {so n'ebyawandiikibwe tebiyinza kudiba}"*
Yakobo 4:3 – *"entalo zivawa n"okulwana kuva wa mu mwe? Si muno, mu kwegombo okulwana mu bitundu byammwe/ [2] mwegomba so temulina: mutta, era mwegombo, so temuyiiza kufuna mulwana era mutabaala, temulina kubanga temusaba; [3] musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi, lulyoke mubikozeze okwegombo kwammwe."*

1 Petero 3:7 – *"bwe mutyo, abasajja, mubeeranga ne bakazi bammwe n'amagezi nga mussangamu ekittibwe omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu. Kubanga nano bakika bannammwe ab'eky'obulamu obutagwawo, okusaba kwemmwe kulemenga okuziyizibwa."*
1Yokaana 5:14-15 – *"Era buno bwe bugumu bwetulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala atuwulira buli kye tusabba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye."*
Makko 11: 24 – *"Kyenva mbagamba nti ebigambo byonna bye musaba n'okwegayirira, mu buli kintu mukkiirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Matayo 7:7-8. Bwe tusaba, kiki kye tulina okusuubira okuva eri katonda? **Tusuubira okuweebwa.**
2. Soma Matayo 7:7-8. Bwe tunoonya Katonda, kiki kye tulina okusuubira? **Kuzuula.**
3. Soma Matayo 7:7-8. Kiki kye tulina okusuubira okubaawo singa tukonkona {tweyanjula}? **Tunagulilwawo.**
4. Soma Yokaana 10:35. Katonda ayinza okugaba ekintu kyonna ekitatuukana n'ekyo ekigambo kye kye kyasuubiza? **Nedda.**
5. Somo Yakobo 4:1-3. Lwaki abantu bona baziyizibwa okufuna okuva eri katonda? **Ebigendererwa byabwe n'emitima gyabwe byali bikyamu. Buli kimu kyali ku lwabwe era nga kyabwe. Ekigendrerwa kyabwe kyali kya kwefaako bokka.**
6. Soma 1 Peter 3:7. Kiki ekijja okutuuka ku bulamu bwo obw'okusaba singa oyisa bubi mukyalawo oba omwami wo? **Esaala zo tezija kuddibwamu.**
7. Soma, Yokaana 5:14. Kiki ekiyinza okusumulua essaala zo okuddibwamu? **Bwansabira mu kwagala kwa Katonda.**
8. Somo Makko 11:24. Bw'osaba, kiki kyolina okukola? **Kkiriza nti ofunye era on'ofuna.**

Omutendera 3.

Essomo 1.

OKUKULUKUTA OKW'OBWAKATONDA.

Bya Andrew Wommack.

Njagala okugabana ku bimu ku bintu by'oyinza okutandikirako okuleka Katonda akukulukutire mu ggwe, asobole okuwereza eri abantu abalala. Olina amaanyi n'amafuta ga Katonda mu ggwe, naye ogafulumya otya okutuuka eri abantu abalala? Waliwo ebyawandiikibwa ebiwerako bye tuyinza okutandikirako. Mu Firemooni 1:6, Pawulo asaba, *"okkussa ekimu okw'okukkiriza kulyoke kukolenga omulimu omulungi mukutegeerera ddala buli kintu ekirungi ekiri mu mmwe mu Kristo Yesu."* Eddaala erisookera ddala mu kubeera n'amaanyi ga Katonda nga gakulukuta okuyita mu ggwe okutuuka ku bantu abalala, kwe kusooka okumanya ebintu ebirungi ebiri munda mu ggwe. Tosobola kugaba ky'otolina, naye kasita omanya ky'olina munda mu ggwe, ebintu biba byekola byoka. Ogya kutandika okugabana n'abala essanyu lyo, owe obujulizi obw'ebyo Katonda by'akoze mubulamubwo, era abantu abamu bajja kuyambibwa.

Mu 1 Yokaana 4:7-8 egamba *" Abagalwa twagalanenga kubanga okwagala kwa Katonda, na buli muntu yenna ayagala munne yazaalibwa Katonda era amanyi Katonda kubanga Katonda kwagala."* Ekiseera kyona ky'owuliriramu nga okwagala kukulukuta okuva mu gwe okugenda eri omuntu omulala, oyo abeera Katonda ng'akulukuta okuva mu ggwe okuda gye bali. Mu butuufu waliwo ebigambo bina ebikulu ku 'kwagala'. Mululimi oluyonaani, ekigambo ekyokuntikko "**agape love"** (okwagala kwa Katonda) kwe kwagala kwa Katonda kw'alina okusukkuluma ku kw'abantu. Weetaaga okutegeera enjawulo eri wakati w'okusikirizibwa oba okuyayanira omuntu omu n'okwagala kuno okw'obwa Katonda okutali kwa bulijjo. Buli lwoyawula okwagala kwa Katonda okukulukuta okuva mu ggwe okugenda eri omuntu omulala, tekuba kuweereza kwa bwa nnakigwanyizi. Osobola okukakasa kino okuva mu Bakkolinso ekisooka 13:4-8, ekiwa obukakafu ku kwagala kuno okwa Katonda. Tekuba na bujja, tekwekulumbaza, tekunoonya byakwo, n'ebirala. Wetaaga okwetegereza kyoyita okwagala okakase nti kwe kwagala kwenyini okwa Katonda—okuteyaagaliza oba okutekulumbaza—nti toyagala muntu olw'ekyo ky'ayinza okkukolela. Bwe weyongera okukula mukino era n'otandika okwawula okwagala kwe, n'okuwulira nga kukulukuta okuyita mu ggwe ku lw'omulala, oyo aba Katonda nga atambula. Bw'omala okwawula okwagala kwa Katonda nga kukulukuta okuyita mu ggwe ku lw'omulala, kyolina okukola, kugoberere n'ebigambo ebizzaamu amaanyi oba ebikolwa—baako kyokola.

Waliwo ebiseera byembaddenga mu kusaba ne wabaawo omuntu ajja mu birowoozo byange, nenfuna okwagala kwa Katonda era ne musaasira. Tewaali nsonga lwaki kino kyali kilina okubaawo; kyali kya bwa Katonda. Njize okukubira omuntu essimu, ne mpadiika ebbaluwa oba okuwuliziganya n'omuntu oyo mungeri emu oba endala. Kyenkana buli mulundi omuntu oyo yanggambanga, "munange oyo yabadde Katonda nga ayogera gyendi okuyita muggwe, n'akoma

kubulamu bwange okuyita mu kyo." Omanyi lwaki ekyo kyabaawo? Kyabaawo kubanga nawulila okwagala kwe, okusaasila kuno okw'obwa Katonda nga kukulukuta okuva mu nze nga kugenda eri omuntu oyo. Ekyo bwe nkiwurira ntegeera nti ssi yenze— oyo Katonda. Katonda kwagala, era bwe njagala abantu abalala, abera Katonda yenyini ng'ayagala abantu abalala okuyita munze. Eno y'engeri Yesu gye yawerezaamu. Matayo 14:14 *lugamba, "Awo Yesu n'avayo nalaba ekibiina ekinene n'abasaasira n'awonya endwadde zaabwe."* Engeri amaanyi ga Katonda gye gaakulukuta okuyita mu Yesu, kyava mu kusaasira n'okwagala kwe yawulila eri abantu be yaweerezanga. Mu Matayo 8:2-3, omusajja eyalina ebigenge ataali mulongoofu era eyali takkirizibwa kukwatiibwako ng'amateeka g'Abayudaya bwe gaali (tewali yali ayinza kumusemberera kuba baalikwatidwa obulwadde buno.) Yayimusa eddoboozi rye n'akabirira Yesu okuva ewala, "*mukama, bw'oba ng'oyagala, osobola okunnongoosa. Yesu n'agolola omukonogwe,n'amukomako ng'agamba nti njagala; longooka; amangu ago ebigenge bye ne bilongosebwa."* Yesu yasaasira omusajja eyalina ebigenge, namukwatako. Bweweyongera okuyiga ebyawandikibwa ojakuzuula okusaasira kuno,okwagala kuno okw'obwa Katonda mu bifo binji. Ssi kukyamuukirira naye kusaasira okukulukuta nga kuyita mu ffe.

Yesu bwe yali kumusaalaba yayagala nyo abantu abaali bamwetoolodde n'agamba, "kitange basonyiwe kubanga tebamanyi kye bakola." (Lukka 23:34). Bano benyini be baali baamukomerera, kyoka yabasaasira n'asaba Katonda abasonyiwe. Tumanyi nga teyafuna lutiko− tekwali kukiwulila buwulizi oba okukyamuukirira− kwali kusalawo. Teyakoma awo, yakiwulila n'akisumulula eri abantu abalala. Buli omu kumwe eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, olina Katonda ali munda mu ggwe. Okusinziira ku lunyiriri lwe twatandise nalwo mu 1Yokaana 4:8, Katonda kwagala era ayagala okukulukuta okuyita mu gwe okutuuka eri abantu abalala. Okusobola okukola ekyo, ajja kusumulula okusaasira kwe. Ojja kukuwulila nga kukulukuta okuyita mu gwe okutuuka eri abantu abalala, era bw'okiwulira wetaaga okukolelawo.

Bulijjo teweetaaga kukola kyanjawulo. Tekyetaaga bigambo nti, "bwati bw'ayogera mukama." Oluusi bwoba ofunye eky'okusaasira omuntu, genda bugenzi omutekeko omukono gwo omugambe, "Katonda akwagala era nange bwentyo." Nkimanyi olunaku lumu kino kyaliwo bwe nnali kuludda olufuna, mu mbeera mwe nali nga naatera okudukka okuva mu kkanisa. Abantu baali bampayilizza newabaawo n'omuntu eyantiisatiisa okunzita. Nali mpulila nga mpeddemu amaanyi nengaba, "ayi Katonda, ki kyaki? Tewali muntu asiima na kyengezaako kukola." Nnali nwanyisa setaani mukino, mukwano gwange n'ankubila okuva ewala. Yayogerera eddakiika ntono, neggamba "lwaki okubye essimu?" N'agamba, "nkukubidde okukugamba nti nkwagala. Nabadde nsaba nempulira okwagala kwa Katonda gyoli. Nkusiima." Bye byo byeyayogera. Teyamanya kintu nakimu kikwata kumbeera eno gye nali mpitamu, naye katonda yakozesa ekyo. Nkimanyi yali yye (Katonda) ng'anjagala okuyita mu muntu oyo, era ne kinkuumira mu buweereza era nekikyusa obulamu bwange.

Ekigambo kino tekyetaaga kufuulibwa kinene nyo oba kikulu nyo. Katonda kwagala,era buli lw'oyawula okwagala okwo okukulukuta okuyita munda mugwe, kuba kukulukuta kwa bwa

Katonda…obulamu bwa Katonda obw'obwakatonda. Ekyo bw'okiwulila weetaaga okukigoberera. Genda obeeko kyokola, baako ky'oyogera beera omukisa eri omuntu omu. Katonda ajja kukuwa ebigambo mukamwa ko. Ajja kkukozesa era ajja kuwa abantu eddembe nga bw'okwatibwako n'okusaasira n'owereza eri abakwetoolodde.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

Kino kimanye: Mu ssomo lino tujja kulaba engeri gyetuyinza okuleka Katonda okukulukuta okuyita mu ffe okutuuka eri abalala.

1. Soma Filemooni 6. Ddaala ki erisooka mu kukkiriza Katonda akulukute okuva munda mu ffe?----------
2. Soma Yokaana 4:7-8. Nsibuko ki entuufu eyitibwamu okutuusa okwagala eri abalala?----------
3. Andereya agamba, "ekiseera kyonna ky'owuririramu okwagala nga kukulukuta okuva mu ggwe, oyo aba Katonda nga akulukuta okuva mugwe." Mboozi ki mu 1 Yokaana 4:7 ekakasa ebigambo ebyo?----------
4. Soma 1 Bakkolinso 13:4-8. Ezimu ku mbala z'okwagala okwa Katonda zeeziluwa?----------
5. Soma Matayo 14:14. Yesu yakwatibwako atya mukuwereza eri abantu abalala?----------
6. Soma Matayo 25:37-40. Bwetutuukirira abantu abalala mu kwagala ne mukusaasira, mubutuufu ani gwetuba twagala era ani gwetuba tufaako?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Filemooni 6. *Okussa ekimu okwokukiriza kwo kulyoke kukolenga omulimu omulungi mukutegeera ddala bulikigambo ekirungi ekiri mu mwe mu Kristo Yesu.*

Soma 1Yokaana 4:7-8. *Abagalwa, twagalanenga kubanga okwagala kuva eri Katonda; na buli muntu yenna ayagala yazaalibwa Katonda era ategeera Katonda.*

Soma 1 Bakkolinso 13:4-8. *(4)Okwagagala kugumikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na bugya; okwagala tekwekulumbaza; tekwegulumiza, (5) tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo,tekunyiiga,tekusiba bubi kumwoyo;(6)tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima;(7) kuguminkiriza byonna, kukkiriza byona,kusuubira byonna, kuzibiikiriza byonna. (8) okwagala tekuggwaawo emirembe gyonna; naye oba obunnabbi bulivaawo;oba ennimi zirikoma oba okutegeera kulivaawo.*

Matayo 14:14. *N'avaayo n'alaba ekibiina kinene, n'abasaasira n'awonya obulwadde bwabwe.*

Matayo 25:37-40. *(37) awo abatuukirivu balimuddamu nga bagamba nti, mukama waffe, twakulaba ddi ng'olina ejala ne tukuliisa? Oba ng'olina ennyota netukunywesa? (38) era twakulaba ddi ng'oli mugenyi netukusuza? Oba ng'oli bwerere ne tukwambaza? (39) era twakulaba ddi ng'oli mulwadde* oba *munvuba netujja netukulaba? (40) ne kabaka aliddamu, alibagamba nti nga bwemwakola omu kw'abo baganda bange abasingas obuto, mwakikola nze."*

Abebbulaniya 6:10. "*Katonda mwenkanya, taryerabira mirimu gyamwe n'okwagala kwemumulaze mu kuyamba abantu era mwongere okubayamba."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Filemooni 6. Ddaala ki erisooka mu kukkiriza Katonda akulukute okuva munda mu ffe? **Tutegeere buli kintu ekirungi kyeyateka munda mu ffe okuyita mu Kristo Yesu.**
2. Soma Yokaana 4:7-8. Nsibukoki entuufu eyitibwamu okutuusa okwagala eri abalala? **Katonda, kubanga Katonda kwagala.(1 Yokaana 4:8)**
3. Andereya agamba, "ekiseera kyonna kyowuririramu okwagala nga kukulukuta okuva mu gwe, oyo aba Katonda nga akulukuta okuva mugwe." Mboozi ki mu 1 Yokaana 4:7 ekakasa ebigambo ebyo? **Okwagala kwa Katonda.(yensibuko).**
4. Soma 1 Bakkolinso 13:4-8. Ezimu ku mbala z'okwagala okwa Katonda zeeziluwa? **Okwagala kulwawo okunyiga ate kuguminkiriza. Kwa mu budde obwa kaakati (preezent tense) amakulu nti okwagala kweyongera kweyisa bwekuti buli kiseera.**
   Okwagala kulina ekisa. Kweraga mu ngeri ey'ebikolwa ebyekisa. Kwa buli kiseera amakulu nti bwekuti bwekweyisa.
   Tekuba na buggya. Tekulwanyisa mukisa gwa mulala oba okuyitamu kwe. Tekwekulumbaza. Tekwewana, tekujeregajerega nakwepamka. Tekwegulumiza.
   Tekweyagaliza kwokka. Sikwamalala,oba okwewulira. Tekukola bitasaana. Munkola yaakwo tekuwakanya kituufu. Tekuba na bubi kumutima. Tekunoonya byakwo. Tekweyagaliza kwoka. Tekunyiiga.tekwanguwa kusunguwala oba okuba n'akasunguyila. Tekulowooza bubi. Tekulowooleza bubi ku bantu abalala. Tekukuuma bubi ku mwoyo. Tekusanyikira bubi. Tekwenyumiriza mu butali bwenkanya, oba ekikyamu. Okwagala kusanyukira amazima. Kuguminkiriza byonna. Kuwagira era kulemera kunsonga. Kukiriza byona. Bulijjo okwagala kwesiga. Okwagala tekulemererwa. Kuguminkiriza kweyongerayongerayo era kubeerera emirembe gyonna.
5. Soma Matayo 14:14. Yesu yakwatibwako atya mu kuwereza eri abantu abalala? **Yakwatibwako n'okusaasira eri abalala.**
6. Soma Matayo 25:37-40. Bwe tutuukirira abantu abalala mu kwagala ne mukusaasira, mubutuufu ani gwetuba twagala era ani gwetuba tufaako? **Yesu yenyini. Soma bebulaniya 6:10.**

Omutendera 3

Essomo 2.

OKUKOZESA EBIRABO OKUWEEREZA.

Bya Andrew Wommack.

Olwaleero twagala okwogera ku ngeri gy'onyiza okutwala okwagala kwa Katonda kw'ofunye era n'okugabana n'abantu abalala−engeri gy'oyinza okubeera omuweereza agasa abalala. Mu 1 Peetero 4:11, egamba, "*Ayogera ayogerenga ekigambo kya Katonda."* Ekitegeezebwa mu "ekigambo kya Katonda" bituzaayo mu ndagaano enkadde, we baaberera n'awatukuvu w'awatukuvu ne bateeka ekigambo kya Katonda mu ssanduuko ey'endagaano. Ekyo kye kyayitibwa ekigambo Katonda. N'ensonga eyo bwe kigamba nti yogeranga ekigambo kya Katonda, kitegeeza nti yogera ng'akamwa ka Katonda. Yogera ng'omuntu ayogera okuva eri Katonda. Olunyiriri lweyongerayo, *"omuntu yena bw'aweereza, leka akikole ng'obusobozi Katonda bw'awa. Nti Katonda mu byona agulumizibwe okuyita mu Yesu Kristo agwanira okutendereza era n'obufuzi emirembe n'emirembe. Amiina.*" Amakulu gaakyo nti olina okuweereza eri abantu abalala, nga teweesigamye ku busobozibwo, naye ng'oli mu busobozi bwa Katonda bw'agaba.

Ekimu ku bintu ebikulu mu bulamu obw'ekikristaayo kiri nti si nze oba gwe okwogera eri omuntu n'okugabana ebintu okuva mu busobozi bwafe, naye Katonda yenyini agya n'abeera munda muffe. Atandika okwogererera munda muffe era ng'akulukuta okuyita muffe. Bwe tutandika okugabana n'abantu abalala, twetaaga okujjukira nti kino kye kiyitibwa ebirabo eby'omwoyo era nga gwe mugaso gwakyo. Katonda addira buli muntu ali mu mubiri gwa Kristo, n'abawa ebirabo eby'enjawulo. Mu 1 Bakkolinso 12. Egamba buli omu kuffe yaweebwa ebirabo ebyenjawulo okusinziira ku kwagala kwe. Mu nyiriri 4-6 egamba , "kaakano waliwo ebirabo ebyenjawulo naye omwoyo omu era birimu enjawulo. Eby'enkola ey'emirimu [eby'obuweereza], naye mukama y'omu. Era waliwo ejawulo munkola,naye Katonda y'omu akola mu byonna." Kino kitegeeza nti Katonda akola ebintu bino muffe ffenna ng'olunyiriri olw'omusanvu bwerugamba, "*naye okulabisibwa okw'omwoyo kuweebwa buli munto olw'okugasa."*

Enyiriri zino zigamba nti Katonda atadde obusobozi obussuka ku bwa bulijjo mu buli omu kuffe. Oyinza obutakiwulira, oyinza obutakimanya, naye kino kye kisuubizo ky'ekigambo kya Katonda. Bwoba nga otuuse wala ekyenkanidde wano mu kuyiga amasomo ag'obuyigirizwa, ng'omaze okukkiriza Yesu ng'omulokoziwo, ng'oyize okufuna okuva eri katonda n'otandika okukiteeka mu nkola mu bulamu bwo, nkusuubiza nti awo amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu gakola mu ggwe. Olina ebyamagero bya'abantu abalala mu ggwe. Katonda atadde ensigo ey'ekyamagero muggwe

kulw'omuntu omulala. Kiri gyoli okusobola okukifulumya n'okisumulula eri obulamu bwabwe. Ebyawandiikibwa bigamba nti kino kya tuweebwa omwoyo omutukuvu. Tewali muntu n'omu yalekebwa bbali. Ebiribo mwenda ebyenjawulo eby'Omwoyo Omutukuvu byawandiikibwa mu 1 Bakkolinso 12, gamba ng'ekigambo eky'amagezi, ekigambo eky'okumanya, okwawula emyoyo, okukola ebyamagero, ebirabo eby'okuwonya, n'ebirara. Waliwo ebirabo ebirara ebyawandikibwa mu Baruumi 12, bye sirina budde ku byogerako. Wetaago okubisoma wekka osobole okumanya nti buli omu kumwe yafuna omwoyo omutukuvu; amafuta– obusobozi, okusobola okuwereza abantu abalala. Ssi buli omu nti ajjakuwereza nga nze bwe mpereza. Eky'okulabirako, oyinza obutaba na kirabo kya kusomesa, naye buli muntu yenna ali mu muburi gwa Kristo asobola okusomesa ng'agabana okukkiriza kwe n'omuntu omulala. Waliwo abantu abaayitibwa okusomesa, abaayitibwa okubuulira, ne basumba amakanisa. Ekirabo ekilala ekiri mu Baruumi 12 kigamba nti waliwo abo abalina ekirabo eky'okubudaabuda. Bangi ku mmwe mulina ebirabo nga temukimanyi. Olina bubeezi kuyayaana okusobola okubeera omukisa eri abalala. Oyinza okuba ekika ky'omuntu oyo nga bw'otambula mukizimbe, olondamu abantu abalabika nga balwadde. Weeteeka mu mbeera yaabwe n'omanya kyebayitamu era ng'olina okuyayana okubabudaabuda n'okuwereza gye bali. Wali okimanyi nti ekyo kye kirabo kya Katonda ekitali kya bulijjo?

Baruumi 12 egamba nti abantu abamu baayitibwa mu kirabo ekyokugaba, obusobozi obw'okukola ssente n'okuwagira engiri. Ekyo kye kirabo kyabwe, okuyitibwa kwabwe mu bulamu bwabwe era abamu ku mmwe muyinza okuyitibwa mukintu kye kimu ekyo. Abamu kumwe mulina ekirabo eky'okuzzaamu amaanyi, abalala balina ekirabo ekyokulabirira emirimu, mululimi lw'ekkanisa ekirabo eky'okuyamba. Waliwo ebika by'ebintu bingi ebisobola okukukolebwa, nga si mu nkola ya kkanisa yokka, naye mu nkola eya bulijjo nga tukolagana n'abantu. Abamu ku mmwe mulina obusobozi okuzzaamu amaaanyi abo abaweddemu amaanyi, ekintu kye saalisobodde kukola nga nsomesa ekigambo. Olina bubeezi busobozi okugenda, teeka omukono gwo ku muntu, muwe omukisa era obasobozese. Kyengezaako okunyonyola kiri nti teweetaaga kulaba kino ng'ekya bulijjo, nti bw'entyo bwendi. Oyinza okuba nga weeraba bwotyo, naye munnange obwo busobozi obussukkulumye (obwengyawulo) Katonda bwe yakuteekamu obwakuwa ebirabo, talanta n'ekifananyi ekikusindikiriza mu kukola ekintu ekyo.

Bw'oba oweereza eri abantu, ebyawandiikibwa bigamba nti weetaaga okuweereza ebintu Katonda by'atadde mu ggwe. Ffenna twetaaga okufuuka abaweereza, okuba mu kuweereza obudde bwonna kumirimu gyaffe oba buli wonna wetubeera. Bw'okikola ne balilwana bo oba n'abantu abali ku sitoowa, wetaaga okukikola okuva mubusobozi Katonda bw'akuwa so si kuva mu busobozibwo. Nkuzzaamu amaanyi okuyaayaanira Katonda, ozuule ebirabo Katonda bye yateeka munda mu ggwe era oleme okubyeteekamu bwoba tewayitibwa mubimu kubirabo ebyo eby'obuweereza obwo.

Tegeera nti buli omu eyafuna omwoyo omutukuvu yateekebwamu obusobozi obussukulumye era aweereze eri abantu abalala okuyita mu birabo Katonda bye yamuteekamu.

Kijja kutwaala ebiseera n'okuteeka mu nkola. Tojja kutuukirira kumurundi ogusooka. N'olwekyo totya kuteeka mu nkola. Bw'okola ensobi, tekijja kusuula Katonda kuva kku nnamulondo ye, era n'abalala banaalaba okufaayo kw'omutima gwo. Okwagala kwo kujja kuweereza gye bali newankubadde nga tokozeewo kintu kyona kituukiridde. Tandika okuweereza eri abalala, kimanye nti Katonda yakuwa ekirabo, otandike okugabana ku maanyi ago agassukkulumye n'abalala.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma 1Peetero 4:11. Busobozi bw'ani bweturina okuweererezaamu?----------
2. Soma 1Bakkolinso 12:4. Waliwo ebirabo by'Omwoyo eby'enjawulo bingi, naye ani nsibuko y'abyo?----------
3. Soma 1 Bakkolinso 12:6. Londako ebigambo ebituufu. A. Katonda akola mu kkubo limu lyokka. B. waliwo engeri ez'enjawulo Katonda mw'akolera okuyita mu bantu be. C. Katonda akolera mu mubuurizi yekka.
4. Soma 1Bakkolinso 12:7. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo eby'Omwoyo biweebwa buli omu kuffe ku lw'obulungi bwa bonna. Kituufu oba kikyamu.
5. Soma 1 Bakkolinso 12:8-10. Wandiika era onyonyole ebimu ku bilabo eby'omwoyo Katonda by'awa abantu.----------
6. Soma Baruumi 12:6-8. Nyonyola ebirabo eby'Omwoyo ebiwandikidwa wano, Katonda by'awa abantu.----------
7. Wali otegedde ku bimu kubirabo bino nga bikolera mu bulamu bwo. Bwe kiba nga bwe kiri, kiraboki?----------
8. Soma 1Bakkolinso. 12:7. Ani alina okufuna mu birabo bino?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Peetero ekisooka 4:11- "*omuntu yenna bw'ayogeranga ayogere nga ebigambo bya Katonda bwe biri. Omuntu yenna bw'aweereza k'aweereze nga obusobozi bwa Katonda bw'agaba bwe buli:*

nti Katonda agulumizibwe okuyita mu Yesu Kristo arina ekitiibwa n'buyinza emirembe n'emirembe Amina."

1Bakkolinso 12:4- "*Kaakano waliwo ebirabo ebyenjawulo,naye omwoyo y'omu."*

1Bakkolinso 12:6- *"Waliwo enkola ey'emirimu yanjawulo, naye Katonda akola ali omu akola mu byona."*

1Bakkolinso 12:7-*"Naye okulabisibwa okw'Omwoyo kuweeredwa buli omu olw'okwongera okugasa."*

1Bakkolinso 12:8-10-"*[8] kubanga eri omu aweeredwa ekigambo eky'amagezi; eri omulala ekigambo eky'okumanya nga omwoyo y'omu;[9] eri omulala okukkiriza nga omwoyo y'omu; omulala n'awebwa omwoyo ow'okuwonya nga omwoyo y'omu;[10]eri omulala okukola eby'amagero, eri omulala obunnabbi; eri omulala okwawula emyoyo; eri omulala okwogera munnimi; ate eri omulala okuvvunuula ennimi."*

Ebikolwa by'abatume 27:21-25- "*[21] enjala bweyali enynji awo Pawulo n'ayimirira wakati waabwe naagamba nti bassebo kyabagwanira okumpulirizza ne mutava mu Kkuleete n'obutafuna kwonooneka n'okufiilwa kuno.[22]era kaakano mbazaamu amaanyi okubeera abasanyufu. Kubanga tewaliberawo n'omu afiirwa bulamu bwe mu mmwe, wabula ekyombo.[23] Kubanga mukiro kino malayika wa Katonda yayimiridde nange, oyo nga ndi, ate gwempereza,[24] ng'agamba "totya Pawulo kubanga on'oleetebwa mu maaso ga Kayaafa: era laba Katonda akuwadde abo bonna abasaabala wamu naawe."[25] nensonga eyo bassebo temugwaamu maanyi kubanga nzikiriza Katonda nti kinaabera nga bwe kyanggambiddwa.*

Ebikolwa by'abatume 9:11-12; *"[11] Mukama n'amugamba nti golokoka ogende mu kkubo eriyitibwa eggolokofu, obuuze mu nyumba ya Yuda omusajja ayitibwa Saawulo owe Ttalusa. Kubanga laba asaba, [12] era elabye mu kwolesebwa omusajja ayitibwa ananiya nga ayingira ng'amuteekako omukono gwe asobole okulaba.*

1Bakkolinso 13:2- *"Era newankubadde nga nina ekirabo eky'obunnabbi era nga ntegeera ebyama byonna n'okumanya kwonna; era newankubadde nga nina okukkiriza kwona, nga nsobola okujjawo ensozi, naye nga ssirina kwagala nga sirimu nsa.*

Makko 16:18- *" Banaakwatanga ku misota era bwe banaanyanga ekitta kyona tekiibakole kabi kkona; banaateekanga emikono kubalwadde nabo banaawona."*

Bebbulaniya 2:3-4- *"Tunaawona tutya bwetuba nga tugaanyi obulokozi buno obukulu; obwasooka okwogerwa mukama era ne bukakasibwa gye tuli abo abamuwulira.[4] Nga ne Katonda abajulira mu buboneero n'ebyewunyo n'ebyamagero eby'enjawulo awamu n'ebirabo eby'omwoyo omutukuvu okusinzira ku kwagala kwe ye.*

Bikolwa by'abatume 11:27-28- "[27] *Era mu biro ebyo, newajja bannabbi okuva mu yeerusaalemi okugenda mu antiyokiya. [28] awo ne wayimirilawo omu ku bbo Agabasi ne kimubikkulira omwo nti walibaawookuffa okunne munsi yonna: ekyatuukirira mubilo bya kalawudiyo.*

Bakkolinso ekisooka 14:3- " *naye oyo alagula ayogera eri abantu olw'okulungya,okuzimba n'okubudabuda."*

Bikolwa by'abatume 16:16-18- *"awo olwatuuka, bwe twali tugenda awaasabilwanga, omuwala eyaliko ddayimooni alagula n'atusanga, eyafuniranga bakamaabe ebintu ebingi olw'okulagula.[17]. Oyo yenyini n'agobererra Pawula naffe n'ayogerera waggulu nti abantu bano baddu ba Katonda omukulu ali waggulu enyo, abatulaga ekkubo ery'obulokozi. [18]. Era kino neyeyongeranga okukikola okumala enakku nyingi. Naye Pawulo bwe yanakuwala nakyuka nayogera eri Omwoyo omubi nti nkulagira mu linya lya Yesu muveeko. Ddayimooni n'muvaako amangu ago."*

Bikolwa b'abatume 2:4-11-"*[4]Bonna ne bajjula omwoyo omutukuvu, nebatanula okwogera mu nnimi ng'omwoyo bweyazibawa okuzoogera.[5]. Waaliwo mu yeerusaalemi abayudaaya, abantu abaali abeegendereza okuva mu buli gwanga eriri wansi w'eggulu.[6]. Awo kino bwekyawulirwa ebweru, ekibiina ne kikkunggana naye ne basamaalirira, kubanga buli muntu yabawurira nga boogera mu lurimi lw'ewabwe. Bonna nebawunikirira ne bewunya nga boogera anti laba bano bonna aboogera si Baggalilaaya?[8]. Era lwaki ffe okuwulira buli muntu olurimi lw'ewaffe gyetwazalibwa? [9]. Abapasiya, abameedi, n'abeeramiti n'abatuula mu Mesopotamiya ne mu Buyudaaya, Kapadokiya,mo Ponto ne Asiya.[10]mu Fulugiya, ne mu Pafuliya, mu Misiri ne mu bitundu bya Libiya okulilaana Kkuleeni n'abagwira ab'Rooma, abyudaaya n'abakyufu. [11]. Abakkuleeti. Tubawulira nga boogera mu nnimi zaffe emirimu gya Katonda emirungi."*

Bakkolinso ekisooka 14:13-14- *"[13] Oyo ayogera mu lulimi olutamanyidwa asabe asobole okuluvuunula.[14]. Kubanga bwensaba mu lulimi olutamanyidwa omwoyo gwange gusaba, naye okutegeera kwange tekubala bibala."*

Baruumi 12:6-8- *"Okubeera n'ebirabo nga byawukana okusinzira ku kisa Katonda kye yatuwa, oba bunnabbi, tulagule okusinzira ku kigera eky'okukkiriza; [7] oba kuweereza katulindirire okuweereza kwaffe: oba asomesa ku kuyigiriza;[8] oba oyo azzaamu amaanyi mu kuzzaamu amaanyi; oyo agaba leka agabe n'okwagala; oyo afuga n'obunyiikivu; oyo asaasira asaasairenga n'essanyu."*

2Timosewo 4:11. *" Lukka yekka yaali nange. Twala makko omuleete wamu naawe kubanga angasa olw'okuwereza."*

Bikolwa by'abatume 13:1- *"Awo mukkanisa ye Antiyokiya waliyo bannabbi abamu n'abasomesa nga Balunabba ne Simiyoni eyali ayitibwa nigga ne lukiya ow'ekkuleeni ne maniyeeni abaali bakuzidwa Kkerodde ow'essazza ne Sawulo.*

Bikolwa by'abatume 13:15. *" Awo bwe baamala okusoma amateeka ne bannabbi b'abafuzi abasinagooga, ne babatumira nga bagamba, 'basajja mwe n'abooluganda, bwe muba n'ekigambo kyona eky'okugulumiza ku lw'abantu mukyogere."*

Ngero 22:9- *" Oyo arina eriso erigabaagaba, anaabanga n'omukisa. Kubanga agabira abaavu eky'okulya."*

Bikolwa by'abatume 20:28- *"Mufengayo ku bulamu bwamwe n'eri ekisibo, Omwoyo omutukuvu kye yabawa okulabirira, okuliisa ekkanisa ya Katonda gye yagula n'omusayigwe yenyini."*

Matayo 5:7- *"Balina omukisa abasaasira nabo balisaasirwa."*

1Bakkolinso 12:7- *"Naye okulabisibwa okw'Omwoyo Omutukuvu kwaweebwa buli muntu olw'okugasa."*

Eby'okuddamu.

1. Soma 1Peetero 4:11. Busobozi bw'ani bweturina okuweererezaamu? **Obusobozi bwa Katonda.**
2. Soma 1Bakkolinso 12:4. Waliwo ebirabo eby'omwoyo ebyenjawulo bingi, naye ani nsibuko y'abyo? **Katonda/ Omwoyo Omutukuvu.**
3. Soma 1Bakkolinso 12:6. Londako ebigambo ebituufu. **B. waliwo engeri nyinji ezenjawulo Katonda mw'akolera okuyita mubantube.**
4. Soma bakkolinso ekisookka 12:7. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo eby'omwoyo biweebwa buli omu kuffe olw'obulungi bwa bonna. **Kituufu.**
5. Soma 1Bakkolinso 12:8-10. Wandiika era onyonyore ebimu ku birabo eby'Omwoyo Katonda by'awa abantu.
   Ekigambo eky'amagezi = okubikulirwa okutali kwa bulijjo okuva eri Katonda okw'endowoozaye era n'okugasa. Bikolwa by'abatume 27:21-25.
   Ekigambo eky'okumanya. = okubikkulirwa okutali kwa bulijjo okuva eri Katonda ku kigambo kyonna oba ekikolwa. Bikolwa by'abatume 9:11-12.
   Ekirabo eky'okukkiriza = obusobozi obusukkulumu, okukkiriza Katonda awatali kubuusabuusa oba kulowooza.1 bakkoliso. 13:2.
   Ebirabo eby'okuwonya = obusobozi obw'enjawulo okuwonya awatali buyambi bwa muntu oba eddagala. Makko 16:18.
   Okukola ebyamagero = okuyingirira ekintu mungeri esukkulumye ne kireeta ebyamagero ebikontana n'amateeka g'obutonde mu bulamu.Bebulaaniya 2:3-4.

Obunnabbi = okwatula okw'enjawulu, nga kulungamizidwa Katonda nga ky'ogerwa mululimi olumanydwa. Bikolwa 11:27-28, 1 bakkolinso 14:3.

Okwawula emyoyo = okubikulirwa okw'enjawulo okuva eri Katonda kukubeerawo kw'emyoyo oba ebikolwa byagyo. Bikolwa by'abatume 16:16-18.

Ennimi ez'enjawulu = okwatula okw'enjawulo okulungamizibwa Katonda, mu lulimi olutamanyiddwa.(i.e. alw'ogera talumanyi.) bikolwa by'abatume 2:4-11.

Okuvuunula ennimi = Okwatula okwenjawulo nga kulungamizibwa Katonda, okuvvunuula olulimi olwo.Bakolinso ekisooka 14:13-14.

6. Soma Baruumi 12:6-8. Nyonyola ebirabo eby'mwoyo ebiwandikidwa wano, Katonda by'awa abantu.

   Obunnabbi = Okwatula okw'enjawulu, nga kulungamizidwa Katonda nga kyogerwa mululimi olumanydwa.

   Obuweereza = okuweereza abalala 2Timoseewo 4:11.

   Okusomesa = Kwe kunyonyola okuteeka ebilagiro mu muntu. Bikolwa by'abatume 13:1.

   Okuzaamu amaanyi = kuzzaamu maanyi, kuwa magezi, kwegayirira, kubudabudda, kulabula.

   Okugaba = kugabana awatali bukuusa ebirabo katonda byatuwade, oba abalala. Ngero 22:9.

   Okufuga = okufuga oba obukulembeze. Bikolwa by'abtume 20:28.

   Okusaasira okulagibwa oyo ali mu bubi. matayo 5:17.

7. Wali otegedde kubimu kubirabo bino nga bikolera mu bulamu bwo. Bwekiba bwekiri, kiraboki?
8. Soma Bakkolinso ekisooka. 12:7 ani alina okufuna mu birabo bino? **Buli omu.** Mu kukozesa ebirabo mu kuyamba abalala Katonda abeera akolera mu ggwe.

Eddaala 3

Essomo 3

EBYAMAGERO BIGULUMIZA KATONDA.

Bya Andrew wommack.

Twogedde ku kukolelra mu maanyi ga Katonda n'okuweereza eri abantu abalala okuyita mu birabo by'atuwa. Njagala okugabana ku bintu ebimu, engeri mubutuufu ekintu kino gye kigulumiza Katonda n'engeri gy'atusuubira okukozesaamu obusobozi bwe obusukkulumye bwatuwa. Waliwo ebyawandikibwa bingi nyo ebikwata ku kino nga nsobola ku kwatako bukwasi ebitono ku byo. Mu Matayo 9 waliwo kye tulaba, nga Yesu awonya omusajja omugongobavu, era nja kukwata kw'ekyo mubulambulukufu okuva mu Makko 2. Matayo 9:8 egamba, *"naye ebibiina ebinene bwe byalaba kino,ne b'ewunya, ne bagulumiza Katonda ekyali kiwadde amaanyi bwegatyo eri abantu."* Wali okimanyi nti ebirabo eby'omwoyo − ebyamagero − bigulumiza Katonda, era eyo yensonga lwaki yatuwa obusobozi obw'ebyamagero?

Bwe yatandika okugabana n'abantu abalala, mubutonde waliwo ekikolwa eky'okubuusabuusa n'okutandika okubuuza, "kale manya ntya nti ky'oyogera kituufu?" lumu nawulira T.L. Osborne omubuulizi w'ejiri omututumufu eya leeta ebikumi n'enkumi z'abantu eri Kristo ng'ayogera bye yasisinkana mu nsi endala mu kisaawe ky'obuwereza ku mulundigwe ogwasooka. Yagezaako okujulira eri abantu naye nga tebakkiriza kye yali abagamba. Oluvanyuma, lumu yali ayogera eri omusajja omu ng'agamba, " Naye bayibuli egamba," omusajja n'agamba, " kiki ekifuula ekitabo ekyo ekiddugavu okubeera ekyenjawulo ku birara?" awo T.L.Osborne n'alowooza, "*abantu bano bamanya batya amazima ga bayibuli? Nina okukkiriza nti bayibuli ky'ekigambo kya Katonda, naye mbamatiza ntya?"*

Yava mu kisaawe ky'obuminsani ng'aweddemu amaanyi, n'addayo eka, n'atandika okuzimba enkolaganaye ne Katonda. Obubonero n'ebyewunyo weebiri olw'omugaso ogw'okukakasa ekigambo kya Katonda, ekyo nga ky'ekigenda okukyusa obulamu bw'abantu. Mu 1 Peetero 1:23 kigamba, " *okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri,obutava mu nsigo embi naye nga tuva mu nsigo ennungi olw'ekigambo kya Katonda, ekibeera ekilamu era ekifuga emiremba gyonna."* Ekigambo kya Katonda kye kikyusa obulamu bw'abantu naye obatuusa otya ku kukkiriza nti mazima Katonda y'ayogera. Bwe tubuulila ne tugamba nti omuntu okuwonyezebwa kuba kwagala kwa Katonda, tukikola nga tukyogerako okuyita mu linya lya Yesu. Amaaso gabwe bwe galaba n'amatu g'abwe bwe gagguka ekyo kikakasa nti oyo Katonda. Eby'amagero tebigenda kukyusa bantu, naye bijja kubaleetera okukkiriza nti ekigambo ky'oyogedde kya Katonda.

Ekyawandiikibwa ekituwa eky'okulabirako ekyo kiri mu Makko 2:1-9,awo nga wewali omusajja eyagongobala mu bujjuvu. "*era n'ayingira mu Kaperunawumu oluvanyma lw'enakku; ne kitegeerebwa nti yalimu mu nyumba. Amangu ago ebibiina bingi nebikungaana mu bungi nga talina ngeri ki bw'abakomako n'ababuulira ekigambo. Era laba abasajja bana nga beetisse omulwadde eyali yagongobala ku kitanda. Bwe baalaba nga tebasobola kumusemberera olw'ekibiina ekinene, ne bagyako akasolya weyali atudde, era bwe baamala ne bassa ekitanda omulwadde kwe yali agalamidde. Mutabani ebibi byo bikujjidwako. Naye waaliwo abawandiisi, ne beemulugunya mu mitima gyabwe, lwaki omusajja ono ayogera eby'okuvoola? Ani ayinza okusonyiwa ebibi okujjako Katonda? Amangu ago Yesu bwe yakilaba mu mutima gwe nti beewunaganya mu mitima gyabwe, n'abagamba, lwaki mwemulugunya mu mitima gyamwe? Okugamba omugongobavu nti ebibi byo bikujjidwako oba okugamba nti golokoka weetikke ekitanda kyo otambule."* Amazima gali nti ebintu ebyo byombi tebisoboka kukolebwa. Tekisoboka omuntu okusonyiwa ebibi, era tekisoboka omuntu okuwonya omulala okuva mu bugogobavu. Oba nga Katonda yasobola okukola ekimu n'ebilala yali asobola okubikola.

Mu nyiriri 10-12 Yesu yagamba , "*musobole okumanya nti omwana w'omuntu alina amaanyi kunsi okusonyiwa ebibi.(n'ayogera eri omugongobavu) nkugamba nti, golokoka wetikke ekitanda kyo weegendere mu nyumbayo. Amagu ago n'ayimuka ne yetikka ekitanda kye n'atambula n'agenda mu maaso gaabwe bonna; bonna ne bawuniikirira ne bagulumiza katonda nga bagamba nti tetukirabangako mungeri eno."* Yesu yakilaga bulungi bwe yagamba, "musobole okumanya nti omwana w'omuntu alina amaanyi kunsi okusonyiwa ebibi, (ayogera eri omulwadde w'obugongobavu)." Yawonya abantu, basobole okumanya nti bwaba ng'asobola okukola ebintu ng'ebyo mu nsi ey'omubiri balabe ekigambo kye nga kituukirira. Olwo ebintu eby'Omwoyo ng'okusonyiyibwa kwe bibi kusobole okubeerawo. Yesu yakozesa ebyamagero okukakasa ekigambo kye.

Ekintu kino kyenyini kyogerwako mu Baebbulaniya 2:2-3, "*kubangaga ekigambo ekyayogerwa ba malayika kyali kigasa era na buli kwonoona n'obujeemu biweebwa empeera; tunaddukirawa bwe tugaana obulokozi buno obukulu obwasooka okwogerwa mukama, nebukakasibwa gyetuli abo abamuwulira."* Kitegeeza nti Katonda yakakasa ekigambo kye n'amanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Kati kino kigatte ku Makko 16:20, "*Katonda nga akola nabo n'akakasa ekigambo kye n'obubonero."* Kye nkulaga wano kiri nti Katonda ayagala okukozesa obusobozi bwe obussukkulumu n'amaanyi okuweereza abantu abalala. Akozesa ebyamagero ebbibaawo okuyita mu kirabo eky'omwoyo okukasa abantu nti ye yenyini y'ayogera nabo. Mw'ebyo byonna ayagala abantu babeere baddembe mu mitima gyabwe,naye oluusi ekkubbo erituuka eri omutima gw'omuntu kuba kuyita mu mibiri gyabwe ne mu nnewulira yaabwe. Bwoba nga osobola okukolera mw'ebyo n'olaba nga omuntu afuuka ow'eddembe olwo banaggulawo nebakkiriza okukukoma kubulamu bwabwe olwo nebeewayo eri mukama.

1Bakkolinso 2:1 Pawulo yali awandiikira Abakkolinso, ng'abagamba egeri gye yasooka okubasisinkana: *"Era nze ab'oluganda, bwenagya gyemuli, sajja na magezi oba na bigambo birungi, nga mbabuulira obujulizi bwa Katonda. Kubanga namalirira obutamanya kintu kyonna mu mwe, okugyako Yesu Kristo, oyo eyakomererwa. Era nali wamu namwe mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana. Ebigambo byange n'okubuulira kwange tebyali bigambo bya kusendasenda okw'amagezi ag'omuntu, naye nga biragibwa mu mwoyo ne mu maanyi okukkiriza kwamwe kuleme okuyimirira ku magezi g'abantu, mu maanyi ga Katonda."* Yakilambulula bulungi nti ensonga lwaki teyajja ng'asendasenda era ng'akozesa ebigambo byokka, naye yajja ng'alaga omwoyo n'amanyi, okukkiriza kwabwe kuyimirire mu maanyi ga Katonda so si ku magezi g'omuntu.

Obukrisitaayo bulina okutegeera kw'ekintu kino okukyasinze. Bwomala okulaba amazima wewuunya engeri gye wasubwamu era ne weebuuza lwaki buli omu takyaniriza. Naye obukristaayo si bwa kutegeera butegeezi… kutegeera Katonda yenyini. Mulamu leero era ayagala okweraga mu maanyi mu ngeri y'emu ddala nga bwe yakola mu kigambo kye. Baebbulaniya 13:8. "*Yesu y'omu jjo leero n'emirembe gyonna."* Yesu yajja era yali muntu eyakakasibwa Katonda mu bubonero, ebyewuunyo n'byamagero. Bikolwa by'abatume 10:38 "*Katonda bwe yafukako Yesu omunazaaleesi amafuta n'Omwoyo Omutukuvu era n'amaanyi: eyagendanga ng'akola bulungi era ng'awonya bonna abaali banyigirizibwa setaani kubanga Katonda yali wamu naye."* Ekigambo kye yakikakasa, era n'ebyamagero bivuga ng'ekide okuleeta abantu eri obubaka bwe. Byagulumiza Katonda. Ebyawandikibwa bingi bigamba nti ebyamagero bino byagulumiza Katonda. Era Yesu bwaba nga yarina okukozesa amaanyi ag'omwoyo omutukuvu okuweereza n'okukyusa obulamu bw'abantu, tuyinza tutya okulowooza nti tusobola okukola okusingawo nga bwe yakola ye? Yesu bwaba nga yalemera ku kukola ebyamagero okusobola okusembeza abantu gyali, batoole obubaka bwe tuyinza tutya okulowooza nti tusobola okumatiza ensi olwaleero nga tetukolera mu maanyi ga Katonda agasukkulumye? Amazima gali nti ebyamagero bigulumiza Katonda. Bye bide ebisembeza abantu. Kiringa kukuba kide kya kulya kyaggulo−ye mmere egenda okukkusa, naye ekide kye kikuleetera okufaayo. Ekide bwe kitavuga, abantu abamu tebajja kulya mmere. Awatali maanyi ga Katonda ag'ebyamagero abantu bangi bajja kusubwa amazima nti Katonda wa ddala era nga asobola okukyusa emitima gyabwe n'okusonyiwa ebibi byabwe.

Nkuzzaamu amaanyi otegeere nti Katonda ayagala okukulukuta okuyita mu buli omu kuffe era akole ebyamagero bingi okuyita mu ffe okutuuka mu bulamu bw'abantu abalala. Abamu kummwe muyinza okugamba, "naye ekyo kintiisa. Kiki ekiyinza okubaawo singa nsabira abantu ne batawona? Manya ntya nti kino kinabaawo? Weetaaga okutegeera nti ssi ggwe akola ebyamagero; Katonda y'abikola. Totwala buvunaanyizibwa singa ekyamagero kikola omuntu n'asumululwa, era teweettikka kunenyezebwa bwekitakola. Ky'okola kusaba busabi; Katonda y'awonya, naye alina okukulukuta nga ayita mu ggwe. Katonda ayagala okkukozesa mu ngeri ey'ebyamagero. Wetaaga okubeera mu kigambo kya Katonda, olabe engeri gye

kyakoleramu abantu abalala, ebintu ebyo obikozese mubulamu bwo, oleke amaanyi ga Katonda agassukkulumye gakulukute okuyita mu ggwe leero.

Ebibuuzo eby'obuyirizwa.

1. Ekyamagero kye ki?----------
   ----
2. Soma Makko 2:10-12. Ekyamagero kya Yesu kyalaga alina amaanyi agakola ki?----------
   ----
3. Soma Makko 16:15-18. Ng'abakkiriza tulina kukola ki?----------
   ----
4. Soma Ebikolwa by'abatume 8:5-8. Abantu baalaba ki era, baddamu batya?----------
   ----
5. Soma Ebikolwa by'abatume 3:12. Omutume Peetero yayogera ki ku butukuvu bwe ye mu kukola ebyamagero?----------
   ----
6. Soma Ebikilwa by'abatume 3:16. Ebyamagero bibaawo bitya?----------
   ----
7. Waliwo ebyamagero ebyalabibwa nga bikolebwa mu ndagaano empya ng'abatume si b'ebabikola?----------
   ----
8. Soma 1 Bakkolonso 1:7. Ekirabo eky'ebyamagero kirikoma ddi?----------
   ----

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Makko 2:10-12- "[10] *Naye mmwe okusobola okutegeera nti omwana w'omuntu arina obuyinza okusonyiwa ebibi ku nsi.n'agamba eyali akoozimbye nti[11] situla ekitandakyo oddeyo ewuwo.[12] awo omusajja n'asituka amangu ago ne yetikka ekitanda kye,n'afuluma nga bonna balaba. Bonna ne bawuniikirira era nebagulumiza Katonda nga bagamba nti kino tetukirabangako."*

Makko 16:15-18- *"[15] N'abagamba nti mugenda munsi zonna mubuulire enjiri abantu bonna. [16] Akkiriza yenna n'batizibwa arilokolebwa naye oyo atakkiriza gulimusinga.[17] Era obubonero buno buligenda n'abo abakkiriza, mulinya lyange baligoba emizimu, baliyogera mu nnimi empya,[18]balikwata ku misota era bwe balinywa ekintu kyonna ekita tekiibakole kabi; baliteeka emikono ku balwadde era nabo baliwona."*

Bikolwa by'abatume 8:5-8,12- "[5] *Awo Ffiripo n'laga mukimu ku bibuga bya Samaliya n'abulira abantu enjiri ya Kristo.[6]. Ebibiina ne bimuwuliriza nnyo kubanga abantu bonna baalaba ebyamagero bye yakola.[7]. Baddayimooni bangi ne bava ku bantu nga bwe*

baleekaana ; abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa ; [8] ekibuga ne kijjula essanyu. [12]. Naye bwe bakkiriza obubaka bwa Firipo ng'abuulira ku bwakabaka bwa Katonda n'erinya lya Yesu Kristo abasajja n'abakazi ne babatizibwa."

Bikolwa by'abatume 3:12 – "*Awo Peetero bwe yabalaba n'agamba abantu nti, mwe basajja mwe Abayisirayiri kiki ekibeewunyisa? Era lwaki mututunuulira nga abagamba nti obulungi bwaffe n'obuyinza bwaffe bwe butambuzza omusajja ono?"*

Bikolwa 3:16 – " *Olw'okukkiriza mu linnya lye omusajja ono mwenna gwe mulaba aweredwa amaanyi mu linya lye era okukkiriza okuli mu ye kwekuwade omusajja ono obulamu obutuukiridde nga mwena mulaba."*

Makko 9:38-39 – "[38]*Yokaana n'amugamba nti omuyigiriza twalaba omuntu ng'agoba baddayimooni mulinyo lyo, netumuyimiriza kubanga yali tayita naffe. [39]. Temumuziyizanga kubanga tewali n'omu akola ebikolwa eby'amaanyi mu linya lyange ate amangw'ago n'anjogerako bibi."*

Bikolwa 8:5-7 – "*[5] Awo firipo n'alaga mu kimu ku bibuga bya Samaliya n'buulira abantu enjiri ya Kristo. [6]. Ebibiina ne bimuwuliriza nyo kubanga abantu bonna baalaba ebyamagero bye yakola. [7]. Baddayimooni bangi nebava ku bantu nga bwe baleekaana;abaali bakoozimbye n'abalema bonna ne bawonyezebwa."*

Bikolwa 9:10-18 – *"[10] Mu Ddamasiko mwalimu omuyigirizwa eya yitibwa nga Ananiya. Mukama n'ayogera naye mu kwolesebwa n'amuyita nti, genda ku luguuda oluyitibwa olutereevu onoonye enyumba y'omuntu omu ayitibwa Yuda, omubuuze Sawulo ow'e Talusa. Ali eyo kaakano asaba kubanga[12] mulaze mu kwolesebwa omuntu ayitibwa Ananiya ng'ajja gy'ali era ng'amusaako emikono ng'amusabira amaaso ge galabe. [13]. Ananiya n'agamba nti naye mukama wange nga mpulidde ebintu ebitali birungi bingi nyo omuntu oyo by'akoze abakkiriza abali mu Yeelusaalemi.[14] era tuwulila nti yafuna ebbaluwa okuva eri kabona asinga obukulu ng'amuwa obuyiinza okukwata buli mukkiriza yenna ali mu Damasiko![15] Naye mukama n'amugamba nti ggwe genda okole kye nkugaambye kubanga Sawulo mmulonze okutwala erinya lyange eri ab'amawanga ne bakabaka era n'eri Yisilayiri.[16] era namulaga nga bw'atekwa okubobona ku lw'erinya lyange. [17]. Bw'atyo Anananiya n'agenda n'ayingira mu nyumba Saulo mwe yali n'amusaako emikono n'amugamba nti ow'oluganda Sawulo mukama waffe Yesu eyakulabikira mu kkubo ng'ojja antumye oddemu okulaba era ojjuzibwe n'Omwyo Omutukuvu.[18]. Amangu ago ebintu ebyali nga amagirigimba ne biva ku maasoge nebigwa okuva ku maaso ga Sawulo n'asobola okulaba, n'ayimirira n'abatizibwa."*

Eby'okuddamu.

1. Ekyamagero kye ki? **Kye kintu ekitali kya bulijjo ekitwalibwa okuba nga kiraga amaanyi ag'obwakatonda. Ge maanyi ga Katonda amasukkulumu agayingirira e teeka ly'obutonde.**
2. Soma Makko 2:10-12. Ekyamagero kya Yesu kyalaga alina amaanyi agakola ki? **Agasonyiwa ebibi.**
3. Soma Makko 16:15-18. Ng'abakkiriza tulina kukola ki? **Mu buulire enjiri, mubatize abalokose, mugobe emizimu, mwogere mu nnimi n'abalwade mubawonye.**
4. Soma Ebikolwa by'abatume 8:5-8. Abantu baalaba ki era, baddamu batya? **Baalaba ebyamagero (olunyiriri 7), bakiriza Yesu ne babatizibwa mu mazzi amangi. (olunyiriri 12)**
5. Soma Ebikolwa by'abatume 3:12. Omutume Peetero yayogera ki ku butukuvu bwe ye mu kukola ebyamagero? **Te gaali maanyi ge oba obutuukirivu bwe naye byali bya Katonda.**
6. Soma Ebikilwa by'abatume 3:16. Ebyamagero bibaawo bitya? **Mu linya lya Yesu ne mu kumukiriza.**
7. Waliwo ebyamagero ebyalabibwa nga bikolebwa mu ndagaano empya ng'abatume si b'ebabikola? **Weewawo. Omugoberezi wa Kristo atamanyidwa.(makko 9:38-39) (bafiripi 8:5-7), Ananiya (bikolwa 9:10-18)**
8. Soma 1 Bakkolonso 1:7. Ekirabo eky'ebyamagero kilikoma ddi? **Ku kudda kwa Yesu Kristo.**

Omutendera 3.

Essomo 4

AMAANYI AGALI MU NKOLAGANA EZ'OBWAKATONDA.

Bya Don Krow.

Leero twogera ku maanyi agali mu nkolagana ez'obwakatonda. Bw'okilowoozaako, bayibuli yona eyogera ku mutwe guno. Eky'okulabirako ekigambo kino "ekkanisa" kigambo kya luyonaani ekitegeeza "**ekeleziya**", era kitegeeza "**ekibinja ekyayitibwa.**" Bwe weeyongera okusoma okuva mu kigambo kya Katonda, olaba nga ekkanisa oba abantu ba Katonda bakubirizibwa okukungaanira awamu. Bakubirizibwa okusabira awamu era n'okuzzinganamu amaanyi. Baddamu amaanyi olw'enkolagana ez'obwa Katonda nga batambulira wamu. N'ekigambo "omukadde" bw'okilowoozaako, kikozesedwa emirundi mingi mu bayiburi, era kikozesebwa okulaga omuntu asinga obukulu, omuntu omukulu, omuntu atambulidde mu bulamu obwa Kristo era ng'awangudde mu makaage era ne mu bufumbo bwe. Bwemba nga nalina obuzibu mu bufumbo bwange, naliyagadde kusisinkana musajja alina Katonda, afunye amagezi ga Katonda okumala emyaka.

Tulina okukitegeera nate nti ebyawandiikibwa binyonyola omubiri gwa Kristo ng'ogulabwako (ogwa bulijjo). Gulina amaaso, amatu, emikono n'ebitundu ebirala eby'enjawulo. Nga bwetuli ebitundu bya bannaffe, tugabana amaanyi. Buli nyingo, buli kitundu kya mubiri kirina ekirabo kyakyo, talanta yakyo, engeri yakyo ey'okuwa amanyi n'okumanya.

Mu Yakobo 5:16, *"Mwatuliraganenga ebibi byammwe mweka na mweka era musabiraganenga mulyoke muwone. Kubanga okusaba kw'omutuukirivu kukola nyo."* Kino kye kimu ku by'okulabirako mu bayibuli ekikwata ku maanyi agali mu nkolagana ez'obwa Katonda. Omanyi waliwo ekintu mu mubiri gwa Kristo ekibulawo. Ndowooza bwentyo kubanga tutadde nyo essira ku bwa kabona bw'omukiriza, okugenda eri Katonda nga bwebali (okuyimirira obulungi ne Katonda), ne batagenda mu banaabwe. Waliwo ebituwabyeko. Bayibuli eyogera ku kwatulilagana ebibi byaffe fekka na fekka. Nina mukwano gwange amanya ge ye Dr. Loren Lewis. Musajja mukulu era tumaze akabanga nga tuli fenna. Muyizi Muyonaani era asomera ddala okuva mu Luyonaani. Bwe wabaawo ekintu kye sitegeera bulungi mu bayibuli ngenda gyali ne ndaba Oluyonaani kye lukyogerako. Neyongera ne mubuuza ku biseera bwe byogera, era anyamba nyo mu masomo gange aga bayibuli. Mala esaawa ne ssaawa n'omwami ono. Musajja wa magezi, alina Katonda, obufumbo bwe buli bulungi. Amaka ge nago gali bulungi. Era waliwo ekiseera fenna we twagalira okwatuliragana ebyonoono byaffe. Kaakati manyi bayibuli w'egambira nti twatulenga ebibi byaffe eri Katonda, era sikugamba kugenda oyatule bibi byo eri muntu gyoli nti anabikusonyiwa, kubaga twetaaga kugenda eri Katonda butereevu. Naye turina okubeera n'embalirila y'obulamu bwaffe.

Amanyi agali mu nkolagana ez'obwakatonda g'emaanyi ge twetaaga okubalirila n,okufuna omuntu anatuyamba okwekenneenya Katonda. Mu Baebbulaniya bayibuli etulagira okuzzinganamu amaanyi, buli lunaku, obutalekangayo kukungaana, ekuzzinganamu amaanyi, n'okulabulangana, waleme okubaawo n'omu agwa mu kulimbibwa kw'ekibi. Bino byona byogera ku mugaso gw'okubeera n'enkolagana ez'obwakatonda. Ku ludda olubi bayibuli etulabula emirundi mingi ku nkolagana ezitali za bwa Katonda, engeri ekolagana ezitali za bwa Katonda bwe ziyinza okukosa endowoza n'ebirowozo byaffe. Nga tetunaba kukimanya tuyinza okutwalibwa mu bintu bye tutateekedwa kubaamu, kubanga te twekuumye era te twetolozza bulamu bwaffe na kubuulirirwa kwa bwakatonda. (ngero 11:14,13:20,ne 1 bakkolinso15:33). Bayibuli egamba,"*kubanga kussa kimu ki okulina enkolagana n'obutali butuukirivu."* (2Bakkolonso 6:14.)

Ng'otambulira mu bulamu buno obw'ekikristaayo nkukubiriza okwetoolooza obulamubwo n'ekolagana ez'obwakatonda era odduke okuva eri abo abayinza okukusikiriza mu makubo amabi. Kikulu nyo ffe okubeera n'abakkiriza abalina Katonda mu bulamu bwaffe mw'abo nga mwetusobolera okuwagalira obulamu bwaffe. (Ngero 27:17). Tulyoke tube nga tubalibwa ku Katonda. Katonda akwongere omukisa nga bwe weeyongera okufumintiriza ku bintu bino.

Ebibuuzo eby' obuyigirizwa.

1. Soma 1 Bakkolinso 15:13. Olunyiriri luno lutuyigirizaaki mu nkolagana?----------
   ---
2. Soma 1 Bakkolinso 12:12. Olunyiriri lutulaga ki ku bulamu bwaffe obw'ekikristaayo?----
   ---
3. Soma Bebulaniya 10:24. Okuva mu Baebbulaniya 10:24, kiki kyetuyinza okuyiga ku bulamu obw'enkolagana ez'obwakatonda?----------
   ---
4. Soma Baebbulaniya 10:25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu lunyiriri luno?----------
   ---
   --
5. Soma Ngero 5:22-23. Lwaki tuteekedwa okukuuma emitima gyaffe okuva eri enkolagana ezitali za bwakatonda?----------
   ---
6. Soma 2 Timoseewo 2:22. Tulina okufuna obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, n'emirembe nga tuli n'ani?----------
   ---
7. Soma Bebbulaniya 13:7. Baani abalina okujjukira n'okukwatagana n'obulamu bwaffe oluvanyima?----------
   ---

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

1 Bakkolinso 15:33 – *"Temulimbibwalimbibwanga kubanga emikwano emibi gyonoona empisa ennungi.*

1 Bakkolinso 12:12 – "*Kuba omubiri nga bweguli ogumu ne guba n'ebitundu bingi,ate ebitundu bynna ne by'egatta ne biba omubiri gumu, kale ne Kristo bwali bwatyo."*

Bebbulaniya 10:24 – "*Era tussengayo omwoyo buli omu eri munne nga twekubiriza mu kwagala nga tukola ebikolwa ebirungi."*

Bebbulaniya 10:25 – *"Tuleme kulekayo kukungaana nga abamu bwe bakola naye buli muntu agumye munne na ddala nga bwe mulaba nti olunaku lw'okudda kwa mukama waffe lusembedde."*

Ngero 5:22-23 – "[22] *Ebikolwa by'omukozi w'ebibi bimufuukira omutego, era emiguwa gy'ebikolwa bye giri musibira ddala.[23] Alifa kubanga yagaana okwekuuma, era alizikirira olw'obusirusiru bwe obungi."*

2 Timoseewo 2:22 – "*Naye ddukanga okwegomba okubi okw'ekivubuka, ogobererenga obutuukirivu n'okukkiriza, n'okwagalananga era n'emirembe awamu n'abo abasaba mukama n'omutima omulongoofu."*

Bebbulaniya 13:7 – "*Mujjukirenga abakulembeze bamwe abaababuulira ekigambo kya Katonda nga mutunuulira empisa zaabwe, nga mugobereranga okukkiriza.*

Eby'okuddamu.

1. Soma 1 Bakkolinso 15:13. Olunyiriri luno lutuyigiriza ki mu nkolagana? **Emikwano emibi gyonoona embala ennungi.**
2. Soma 1 bakkolinso 12:12. Olunyiriri lutulaga ki ku bulamu bwaffe obw'ekikristaayo? **Ng'omubiri ogulabwako ffenna twetaaga banaffe abalala ab'omubiri gwa Kristo.**
3. Soma Baebbulaniya 10:24. Okuva mu Baebbulaniya 10:24, kiki kyetuyinza okuyiga ku bulamu obw'enkolagana ez'obwakatonda? **Abo abali mu nkolagana ey'obwakatonda bakubiriza abalala okwagala era n'okukola ebirungi.**
4. Soma Bebbulaniya 10:25. Kiki kye tuyinza okuyiga okuva mu lunyiriri luno? **Twetaaga okukungaana, okussa ekimu era n'okuzinganamu amaanyi.**
5. Soma Ngero 5:22-23. Lwaki tuteekedwa okukuuma emitima gyaffe okuva eri enkolagana ezitali za bwakatonda? **Tuleme okuwaba olw'obusirusiru.**
6. Soma 2 Timoseewo 2:22. Tulina okufuna obutuukirivu, okukkiriza, okwagala, n'emirembe nga tuli n'ani? **Eri abo abasaba Katonda n'omutima omulongoofu.**
7. Soma Bebbulaniya 13:7. Baani abalina okujjukira n'okukwatagana n'obulamu bwaffe oluvanyima? **Abakulembeze bamwe abababuulidde ekigambo kya Katonda.**

Omutendera 3.

Essomo 5.

OKUYIGGANYIZIBWA.

Bya Don Krow.

Olwaleero tugenda kutunuulira ku ssomo erikwata ku kuyiganyizibwa n'ebigambo bya Yesu mu Matayo 10:16-23. Yayagala okuteekateeka abayigirizwa be olw'okuwakanyizibwa; yayagala bamannye nti okuwakanyizibwa kulijja. Abo bonna ababeera mu bulamu obw'obwakatonda, abayimiridde mu bukristaayo b'akulega ku kuyigganyizibwa. (2 Timoseewo.3:12). Si kye kintu ky'osobola okukomya. Omulabe ayinza okuba emabega waakyo, naye kitundu ku kuyimirira mu butuukirivu. Bayibuli egamba abo abayimirira ku lwa Katonda mu Kristo baliyigganyizibwa. Yesu ateekateeka abayigirizwa be ng'abagamba "*laba mbasindika mu misege ng'endiga."* (Matayo 10:16). Ekigambo "laba" "Kitegeeza mufeeyo mumpulirize. Njagala mufune kino. Ngenda kubasindika ng'endiga mu misege." Endiga z'ensolo ze mmanyi eziteelwanirira ate ezi teetengerara. Endiga terina manyo gaabusagwa yadde obusagwa ng'omusota- terina bukuumi yadde kki. Obukuumi bw'erina bwa musumba w'ayo.

Omulimu gw'omusumba kwe kulaba ng'emisege tegiyingira mu kisibo kya ndiga, naye Yesu by'ayogera by'awukana kw'ekyo: "mbatuma ng'endiga wakati mu misege." Ekyo tekyewunyisa? Esonga eri nti abateekerateekera okuwakanyizibwa. Befeeso 6:12 egamba, "*kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi wabula n'abamasaza, n'amanyi, n'abafuzi abafugira mu kizikiza eky'ensi eno, n'emyoyo egiri mu bbanga."* Walina okubaawo okuwakanyizibwa. Ekitundu ku bulamu obw'ekikristaayo kuwakanyizibwa, era Yesu ayagala okimanye. Ayagala okyetegekereze ng'agamba "*mubeere bagezigezi ng'abana b'emisota."* (Matayo 10:16). Ekigambo "bagezigezi" kitegeeza nti mu buli mbeera, tojja kubeera nga weetaaga okweretera ebizibu, naye ojjakuba nga olina amagezi. Mubeere bagezigezi nga emisota ate baamirembe ng'amayuba.

Era agamba, "*naye mwegendereze abantu."* Omulabe agenda kukozesa bantu. Beefeeso 2:2 egamba nti waliwo "*omulangira akolera mu bbanga, omwoyo akolera kati mu baana ab'okubula."* Setaani agenda kukozesa bantu okutuwakanya, okuwakanya emigaso gya Yesu Kristo, era n'okuwakanya ekigambo kya katonda. "*Mwegendereze abantu kubanga bajja kubawaayo eri ab'amateeka era bababonereze mu masinagooga gaabwe."* (Matayo 10:17). Pawulo yagamba " *emirundi etaano bambonereza, emirundi etaano ne bankuba ebooko amakumi asatu mu taano olwa Yesu kristo, olw'obubaka bwa Yesu Kristo era n'olw'obubaka obulli mu njiri."* (2 Bakkolinso 11:23-24). Yesu yagamba balibaleeta mu maaso g'abakulembeze − oluusi n'abobuyinza oluusi bajja kukozesebwa okuwakanya omugaso gwa Yesu Kristo. Mulireetebwa mu maaso g'abakulembeze ne ba kabaka ku lwa Yesu olw'okubajulira ebibakwatako oba ebibavunaana.

Ndi musomesa mu Charis Bible College. Nali nsomesa ku kubuulira enjiri, era nali ndaga abayizi engeri gye bayinza okukozesa ebbaluwa y'enjiri era n'obujulizi obwa ssekinoomu okutuuka eri abaabula. N'ekolerayo emu ne njiweereza eri amakumi ataano n'eri ekikumi. Oluva nyuma lw'ennaku eziwerako nafuna esimu eyankubirwa okuva eri omukazi ayitibwa Ana Mariya. Yangamba, "togenda kuvaawo nakyo; tosobola kungaba ku Yesu Kristo; kale sisobola kuleka ku kino. Ye banange erinya lyange walijjeewa?" ne mugamba " wewaawo naligye mu kitabo ky'amasimu" n'agamba, "oli mulimba! "erinya lyange n'ebinkwatako te birimu mu kitabo ky'amasimu!" ne mugamba "wewaawo nze omwo mwe nabigye." N'agamba, "enkya ppoliisi egya kukulaba." Muli nendowooza nti, *ddala ddala bayibuli ntuufu?* Ne ppoliisi yansalako enkeera, era baamala essawa bbiri nga bagezaako okujokya kajjojijjoji w'ebibuuzo.

Olaba kye nkugamba? Nga waaliwo abakozi b'ebikolobero ku nguudo ppoliisi yamala essaawa zaayo bbiri. Lwaki? Lwa Yesu Kristo. Ku lw'enjiri. Ekigambo kya Katonda ddala kituufu? Bw'oyimirira ku kigambo kya Katonda, bw'oyimirira okujulira, bw'ovaayo n'olangirira Yesu, bwoba nga oli muvumu okuyimirira mu butuukirivu mu maaso g'abantu, walina okubeerawo okuwakanyizibwa. Waliwo amaanyi g'ekibi, ate waliwo amaanyi g'ebirungi. Yesu yayagala abayigirizwa be babeere beetegefu.

Yesu yagamba mu Matayo 10:19. "*Bwe muweebwangayo temweraliikirira kye munawoza kubanga kinaabaweebwanga mu kiseera ekyo."* Ng'olina omwoyo wa Katonda ojja kuba n'amagezi nga Sitenfano ow'edda. Abantu baali tebasobola kukwata magezi mwe yayogereranga. Yesu agamba mu nyiriri 22-23, *"era mulikyayibwa abantu bonna ku lw'erinya lyange , naye oyo aguminkiriza okutuuka ku nkomerero, alilokolebwa. Naye bwe babayigganya mu kibuga kino muveemu mugende mu kilala."* Okuwakanya obutuukirivu bwa Yesu Kristo era n'ekigendererwa kye weebiri bwoba ng'oli mukozi wa kigambo so si muwulizi buwulizi.

Naliko mu kifo awawumulirwa, ne ndaba omukazi omukulu ng'atudde mu kyesuubo. Ne ndowoza nti *talina bulabe; tasobola kuntuusako bulabe!* Namubuza oba ayinza okunzikiriza okutuula naye mu kyesuubo, ne ntuula ne ntandika okunyumya naye. Nakizuula nga erinya lye ye Jane. Ne ngamba, "Owange Jane, okolaki?" n'agamba "oh ndi mukazi mukadde; sikyakola nnawummula." Era n'agamba "Ye gwe okola ki?" ne mugamba, "nkolera mu buwereza bwa parachurch, ekitongole eky parachurch." Nagenda okulaba nga obwenyi bwe bukyuse. N'angamba, "togezaako kungamba ku Katonda! Tombuulira Yesu wo oyo!" Nengamba, " yiyi Jane tewaliyogedde bwotyo," n'agamba, "singa Yesu abeera mu maaso gange, naalimuwandulidde amalusu mu maaso!" ne mugamba, "Jane tewaliyogedde bigambo bw'ebityo! Otekedwa okuba ng'olina abantu bangi abakulumya mu makanisa ky'ovudde obeera ng'oyogera bwotyo. Jane tewaliyogedde bwotyo! Kankubuulireko ku bikwata ku ffamire yange. N'agamba, "Nedda! Nakugambye tosobola kwogera gyendi. Ogenda kumbuulira ku Yesu Kristo ne Katonda bye yakola mu maka go, era sigenda kkukkiriza era tosobola kwogera." Ne mugamba, "Jane mukwano ntekedwa okukubuulira ku Yesu Kristo." N'agamba, " Nedda! Nkugambye nti **BUNIRA!**"

Yalina akabwa akato ku luguwa, n'akasika ne kasembera era ne bagenda. Omukazi wuuno, ava mumbeera kubanga omwoyo gwasituka munda mu ye, omwoyo ogw'obugyemu. Yali afugibwa omulabe. Nalowoza munda yange, "*saamanyira kuboggolelwa bantu. Saamanyira bantu kuva mu maaso gange batyo batyo."* Naye saarina kya kukola okujjako okubeera n'okusaasira. Tewaali okujjako okwagala Jane. Yava mu mbeera naye ate nze nasigala mu mbeera. Naddayo eka nengamba, "Omanyi Mukama? Ekyamagero ekisinga kiri nti nze nabadde nvuga ekintu. Omuntu weyabeerebadde mu maaso gange, nabadde sirina kilala okujjako okwagala n'okusaasira."

Okuyigganyizibwa n'okuwakanyizibwa bijja kujja ng'ofulumye mu linya lya Yesu. Omwoyo y,omu awa obuvumu okw'ogera ku Yesu newankubadde nga tuganidwa ku lwe linya lye, omwoyo oyo y'omu yajja okutukumakuma era y'atuzzaamu amaanyi mu mbeera yonna.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma 2Timoseewo 3:12. Kiki ekirituuka kw'abo ababeera mu nkolagana ez'obwakatonda?----------
   ----
2. Okuyigganyizibwa oyinza kukunyonyola otya?----------
   ----
3. Soma Makko 4:16-17. Okuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa bigya lwa nsonga ki?----------
4. Soma Bikolwa 8:1,4. Okuyigganyizibwa okw'omu Yerusaalemi kwavaamu ki?----------
   ----
5. Soma Matayo 5:10-12. Waliwo omukisa kw'abo abayigganyizibwa ku lwa? ----------
   ----
6. Soma Matayo 5:12. Abakkiriza bwe bayigganyizibwa ku lw'obutuukirivu , kiki kyebayina okusuubira mu biseera eby'omumaaso?----------
   ----
7. Soma Bikolwa 9:4-5. Sawula yali ayigganya ani?----------
   ----
8. Soma Bagalaatiya 6:12. Abayudaaya mu bagalatiya baagezaako okugatta etteeka ry'eddini ku njiri.n'okukola bwe batyo baaziyizaaki? ----------
   ----

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

2 Timoseewo 3:12 – "*Era kituyigiriza tuleke obutatya Katonda n'okwegomba kw'ensi, tulyoke tube beegendereza, abatuukirivu abatya Katonda nga tuli mu mulembe gwa kaakano;"*

Makko 4:16-17 – "[16] *Ate ensigo ezaagwa ku lwazi gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo amangu ago ne bakyaniriza n'essanyu [17]naye tebalina mirandira baguminkiriza okusooka naye ebizibu bwe bijja , okuyigganyizibwa olwekigambo amangu ago nga babivaako.*

Bikolwa 8:1,4 – "[1] *Sawulo yali omu kw'abo abawagira okutibwa kwa Sitenfano. Era kulunaku olwo okuyigganya ekkanisa ne kutandika n'amanyi mangi nyo mu Yeerusaalemi.abakkiriza bonna okuggyako abatume ne basaasaanira mu buyudaya ne mu Samariya."* [4] *naye abakkiriza abadduka mu Yeelusaaremi ne bagenda mu buli kifo nga babuulira enjiri ya Yesu."*

Matayo 5:10-12 – "[10] *Balina omukisa abo abyigganyzibwa kubanga abo obwakabaka obw'omuggulu bwe bwabwe. [11] mulina omukisa mwe bwe banabavumanga ne babayigganya, neba boogerera ebibi ebya buli ngeri, na babawaayiriza nga babalanga nze. [12] Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yamwe nene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwe batyo."*

Matayo 5:12 – "*Musanyuke era mujaguze kubanga empeera yamwe nene mu ggulu, ne bannabbi ab'edda bwe baayigganyizibwa bwebatyo."*

Bikolwa 9:4-5 – "[4] *N'agwa wansi n'awulira eddoboozi nga limugamba nti Sawulo,Sawulo onjigganyizaaki? [5]Sawulo n'abuuza nti, ggwe ani mukama wange? Eddoboozi nerimuddamu nti nze Yesu gw'oyiganya!"*

Bikolwa 9:1 – "*Mukiseera ekyo Sawulo yali aswaakidde nga ayigganya abyigirizwa ba mukama waffe nga abatiisatiisa okubatta, n'atuukirira kabona omukulu."*

Bagalatiya 6:12 – " *Abo abanoonya okweraga mu mubiri be babawaliriza okukomolebwa mu mubiri balemenga okuyiganyizibwanga olw'omusaalaba gwa Kristobalyoke beenyumirize olw'omubiri ggwammwe."*

Ekisumuluzo ky'ebyoddamu

1. Soma 2 Timoseewo 3:12. Kiki ekirituuka kw'abo ababeera mu nkolagana ez'obwakatonda? **Kuyigganyizibwa .**
2. Okuyigganyizibwa oyinza kukunyonyola otya? **Kubonyaboonya. Okuleeta okubonaabona olw'okukkiriza.**
3. Soma Makko 4:16-17. Okuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa bigya lwa nsonga ki? **Ku lw'ekigambo kwe kugamba okujjawo ekigambo.**
4. Soma Bikolwa 8:1,4. Okuyigganyizibwa okw'omuyerusaalemi kwavaamu ki? **Ku lw'obutuukirivu.**
5. Soma Matayo 5:10-12. Waliwo omukisa kw'abo abayigganyizibwa ku lwa? **Bayigirizwa (abakuristaayo).**
6. Soma Matayo 5:12. Abakkiriza bwe bayigganyizibwa ku lw'obutuukirivu , kiki kyebayina okusuubira mu biseera eby'omumaaso? **Empeera ennene mu ggulu.**

7. Soma Bikolwa 9:4-5. Sawula yali ayigganya ani? **Yesu.**
8. Soma Bikolwa 9:1. Mubutuufu Sawulo yali ayigganya ani? **Bayigirizwa (bakulistaayo) ba Yesu**
9. Soma Bagalaatiya 6:12. Abayudaaya mu bagalatiya baagezaako okugatta etteeka ry'eddini ku njiri.nukukola bwebatyo baaziyizaa ki? **Okuboonboona okw'okuyigganyizibwa ku lw'omusaalaba. Mungeri endala, b'ewal okuyigganyizibwa okwava mu kubuulira nti obulokozi buliwo lwa kisaokuyita mu kkukkirizkristo yyekka.**

Omutendera 3.

Essomo 6

KABAKA N'OBWAKABAKA BWE.

Bya Don Krow.

Mu ndagaano enkadde ekyafuula Isirayiri eyengyawulo okuva ku mawanga amalala kwe kuba nti yali ku mateeka ga Katonda, mu ngeri endala yali efugibwa Katonda.(Isaaya 43:15). Oluva nyuma mu byafaayo bya Isilayiri baayagala okubeera nga amawanga amalala mu nsi okubeera nga bafugibwa kabaka ow'ensi.(1 sam. 8:5-19). Katonda yakkiriza okusaba kwabwe n'abalondera kabaka ayitibwa Sawulo (1sam. 10:24-25). Oluvanyuma olw'obujeemu bwa Sawulo, Katonda n'ayimusa Dawudi abeere kabaka omusajja arina omutima gwa Katonda. (bikolwa 13:21-22 ne 1Bassekabaka 15:3).

Kabaka ye yali alabika nga akiikirira Katonda atalabika (Eky'amateeka 17:14-20). Kabaka bwe yagobereranga Katonda olwo ye n'obwakabakabwe bakulakulananga. Kabaka bwe yalemererwanga okugoberera Katonda ye n'obwakabaka bwe baagendanga mu bunyage ne bafugwa. (1 sam 15:22-23).

Katonda bwe yalondanga kabaka, ng'asindika nnabbi amufukeko amafuta. Kino kya kakasanga Omwoyo Omutukuvu eyajjanga okumuwa amaanyi n'okumuwa amafuta okufuga. Mu kiseera kino omwoyo wa Katonda yamukkanga ko n'akyusa omutima gwe asobole okufuga mu butuukirivu, kubanga Katonda yabeeranga naye. (1sam 10:1,6-7, ne 9). Amafuta gano ag'okufuga oba (ag'obwa kabaka) ekirowozo ky'obwa kabaka we kyava. Ekigambo "eyafukibwako amafuta" mu lw'Ebulaniya kiri *Mashiac (*masiya) ne kivvunulwa *chritos* (Kristo) mu Luyonaani. Mu ndagaano ekadde bannabbi baalagula nti mubiseera eby'omu maaso Masiya oba (eyafukibwako amafuta) alijja era Katonda ow'eggulu alikola obwakabaka obutalisaanyizibwawo (Danyeri 2:44, 7:14, ne 27). Mu byawandiikibwa bw'ogenderera, Yesu te yanyonyola Bayudaaya kye yali ategeeza bwe yayogeranga ku bwa kabaka. Yali ndowooza ey'omundagaano enkadde gye baali baamanyira era gye baali baanonya (Isaaya 9:6-7, 11:1-6; Danyeri 2:44, 7:13-14 ne 27).

Tekisoboka kutegeera bubaka bwa Yesu nga totandikidde ku kutegeera makulu ga bwakabaka bwe. Obwakabaka bwe bubaka Yesu bwe yayogerako era bwe yalagira abayigirizwa be okubuulira (Makko 1:14-15, Lukka 9: 1-2, Bikolwa 23-31, Lukka 16:16 ne Matayo24:14). Obubaka era bwali bumanyidwa nga "Obulokozi" oba ekirabo "eky'obulamu obutagwawo." (Baebullaniya 2:3, Matayo 19:16 cp., 19:23, Bikolwa 28:23-24, 28 ne 30-31). Mu bigambo bino, "obwakabaka bwa Katonda ye ndowooza y'ekibiina ky'abantu nga kifugibwa Katonda. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, waliwo obukwakkulizo bwe walina okusisinkana. Okukyuka kw'omutima kwali kulina okubaawo. Okukyuka kw'omutima kuno bayibuli kw'eyita okwenenya. Kwali okukyuka mu mutima okudda eri Katonda; kwe kugamba

kwali okukyuka n'ova ewa setaani, okuva mu kibi n'amakubo gaakyo , nodda eri Katonda, Kristo n'amakubo ge. Omuntu bw'akyuka Katonda amuwa (ng'ekirabo okuyita mu musaayi gwa Yesu ogwayiika) okusonyiyibwa kw'ebibi n'obulamu obutagwawo (baruumi. 6:23). "Amawulire gano amalungi" ge gayitibwa "enjiri ey'ekisa" oba okubuulira ku "bwakabaka bwa Katonda" (Bikolwa 20:24-25).

Obwakabaka bwa Katonda bulabiwa ku mbala ey'ekisa (Matayo 20:1-16) era mu kasirise, era mu kyama buzze mu buweereza bwa mukama waffe Yesu (Matayo 20:24-25). Olunaku lumu mu maaso eyo kijja kulabwako nga kiwedde mu kitiibwa. (Matayo 13:36-43)

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Danyeri 2:44. Banabbi ob'omundagaano enkadde balagula nti mu biseera eby'omumaaso Masiya (oba eyafukibwako amafuta) alijja, era Katonda w'eggulu alikola obwakabaka obu. A. bulibeerawo emyaka 1000. B. obutalisaanyizibwawo. C. obulimala akaseera.
2. Soma Matayo 4:17, 23. Obubaka bwa Yesu bwali ki?----------
   ----
3. Soma Makko 1:14-15. Yesu yabuulira bubaka bwa----------
   ----
4. Soma Lukka 4:43. Esonga eyasindisa Yesu okuva eri Katonda yali----------
   ----
5. Soma Yokaana 4:25. Mu byawandikibwa, yesu teyanyonyola bayigirizwa kye yali ategeeza nga ayogera ku bwakabaka. Yali ndowoza ya ndagaano nkadde nti A. yagimanyako kitono. B. yalowoza tekirituuka. C. baali baakinoonya dda.
6. Soma Lukka 9:1-2. Ebintu ebisatu abayigirizwa bye baakola bye biruwa? ----------
   ----
7. Soma Lukka 10:1-2, 8-9. Bubaka ki Yesu bwe yalagira ensanvu okubuulira.----------
   ----
8. Soma lukka 23:2. Okusinziira ku nyinyonyola ey'Abayudaaya ekigambo Kristo kiteegeeza ki? ----------
   ----
9. Soma Bikolwa 17:7. Okukontana n'etteeka ly'Abaruumi, Abayudaaya baagamba nti Pawulo yasomesa nti waaliwo omuntu omulala ----------
   ----
10. Soma Ebikolwa 19:8-10. Pawulo yayogera n'obuvumu mu Efeeso ng'awakanya era nga asendasenda ku kikwata----------
    ----
11. Soma Bikolwa 28:23-31. Mu lunyiriri 31, omutume Pawulo kiki kye yali abuulira?--------
    ----

12. Soma Matayo 24:14. Bubaka ki obuteekedwa okubuulirwa mu nsi yonna?----------
    ----
13. Soma Bikolwa 20:24-25. Oluusi enjiri y'obwakaba eyitibwa njiri ya----------
    ----
14. Soma Lukka 16:16. Tekisoboka kutegeera bubaka bwa yesu Kristo nga totandikiddde ku bwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwe bubaka Yesu bwe yayogera era bwe bwokka bwe yalagira oku. A. oku buulira. B obuta butabufaako. C okufaako enyo.
15. Soma Matayo 6:10. Ekisinga obukulu obwakabaka bwa Katonda bwe bufuzi bwa Katonda. Kino kiragibwa kitya mu luyiriri lunu?----------
    ----
16. Soma Bakolosaayi 1:13-14 ne Baruumi 14:9. Mu bigambo binno"obwakabaka bwa Katonda" ye ndowoza ey'ekibina ky'abantu abaaribadde: A. abasaba Yesu ayingire mu mitima gyabwe. B. nga bakkiriza obufuzi bwa Katonda (ne bagaana setaani) ne basonyiyibwa. C. nga begatta ku kkanisa.
17. Soma Matayo 4:17. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, okukyusa omutima kyetaagisa. Okukyusa omutima kuno bayibuli ky'eyita . A. kwejjusa. B. Emirimu gy'amateeka. C. Okwenenya.
18. Soma Ebikolwa 26:18. Wakyuka okuva ---------- eri omusana,okuva mu----------setaani okudda----------
    ---------- okufuna okusonyiyibwa okw'ebibibyo?
19. Soma Ezekeeri 36:26-27 ne Bikolwa 11:15-18. Waweebwa omutima omupya n'omwoyo omupya ebikuleetera okutambulira mu makubo ga Katonda?----------
    ----
20. Lukka 18:13-14. Wali osabye Katonda ku lw'okusonyiyibwa kw'ebibi byo?

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Dannyeri 2:44 – *"Mu biseera ebya bakabaka bano Katonda ow'eggulu alitandika obwakabaka obutalizikirizibwa: n'obwakabaka tebulirekebwa bantu balala, naye buli menyamenya era ne bumalawo obwakabaka obulala era bulibeerawo emirembe n'emirembe."*

Matayo 4:17,23 – " [17] *Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira ng'agamba nti mwenenye: kubanga obwakabaka obw'omuggulu bunaatera okutuuka.[23] Awo Yesu n'agenda mu Ggaliraaya yonna, ng'ayigiriza mu makungaaniro gaabwe era ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, era ng'awonya buli kika kya ndwadde na buli lumbe mu bantu."*

Makko 1:14-15 – " [14] *Awo oluvanyuma Yokaana ng'asibiddwa mu kkomera, Yesu n'ajja mu Ggaliraaya ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda, [15] ng'agamba ebiro*

ekiseera kituuse, era obwakabaka bwa Katonda bunaatera okutuuka, mwenenye mwe, mukkirize enjiri."

Lukka 4:43 – *"Nabagamba nti nina okubuulira enjiri y'obwakabaka bwa Katonda mu bibuga ebirala kuba olwensonga eyo kyenava ntumibwa."*

Yokaana 4:25 – " *Omukazi n'amugamba, nkimanyi nti Masiya ajja ayitibwa Kristo: bw'alijja, alitubuulira byonna."*

Lukka 9:1-2 – "[1] *Awo n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abawa amaanyi n'obuyinza ku ba ddayimooni n'okuwonya enddwadde. [2] n'abatuma okubuulira enjiri e'yobwakabak bwa Katonda n'okuwonya abalwadde."*

Lukka 10:1-2, 8-9 –"[1] *Oluvanyuma lw'ebyo Yesu n'alonda abalala ensanvu, n'abatuma babiri babiri mu maaso ge okugenda mu bibuga ne mubyalo, naye gye yali agenda. [2] awo n'abagamba nti amakungula mangi, naye abakozi batono: n'olwekyo musabe Katonda owamakungula awereze abakozi be mu makungula ge.[8] Era na mu buli kibuga kye munayingirangamu, ne babaaniriza mulyenga buli kyebanaabateekanga mu maaso gamwe. [9] Era muwonyenga abalwadde abakirimu, nga mubagamba obwakabaka bwa Katonda busembedde gyemuli.*

Lukka 23:2 – "*Ne batandika okumusalira omusango nga bagamba, twamusanze abuzabuza ensi yonna era nga agaana okuwa kayisaari omusolo gwe, era ng'agamba nti ye yenyini ye Kristo Kabaka."*

Bikolwa by'abatume 19:8-10 – *"[8] Era n'ayingira mu sinagooga n'ayogera n'obuvumu okumala ebbanga lya myezi esatu, nga abawakanya era nga ababuulira ku bikwata ku bwakabaka bwa Katonda. [9] Naye abantu ab'ejawulo bwe bakakanyaza emitima gyabwe, ne batakkiriza, naye ne bakyogerera bubi mu ngeri eyo mu maaso g'ekibiina, naava we bali, n'ayawula abayigirizwa, nga bakubabaganya ebiroozo buli lunaku mu ssomera lya Tayiranasi.[10] era kino ne kyeyongera okumala emyaka ebiri; abo bona abaali batuula mu asiya ne bawulira ekigambo kya mukama waffe Yesu, bona abayudaaya n'abayonaani."*

Bikolwa by'abatume 28:23-31 – *"[23] Era bwe baamulondera olunaku, banji nebajja we yali asula; be yalambulurila era n'ajulira obwakabaka bwa Katonda ng'ababuulira ebikwata ku Yesu, ng'ababuulira bino byombi, okuva mumateeka ga Musa n'okuva mu bannabbi okuva kumakya okutuuka akawungeezi.[24] Abamu ne bakkiriza ebyogerwa ate abalala ne batakkiriza. [25] Awo bwe batakkiriza bokkanabokka, ne bayawukana, oluvanyuma Pawulo yali ayogedde ekigambo kimu, wewaawo omwoyo omutukuvu yayogera okuyita mu nabbi Isaaya eri ba kitaffe, [26] ng'agamba nti genda eri abantu bano obagambe, okuwulira muliwulira naye temulitegeera, okulaba mulilaba naye temulitegeera [27] kubanga omutima gw'abantu bano gwakakanyala, n'amatu gaabwe nne gaba nga tegakyawulira, n'amaso gabwe nga tegakyalaba; basobole okulaba n'amaso gaabwe,*

bawulire n'amatu gaabwe, bategeere n'omutima gwabwe, bakyusibwe era nsobole okubawonya.[28] Ekyo kimanyibwe gye muli nti obulokozi bwa Katonda bwatumibwa eri ba nnamawanga, era basobole okukiwulira. [29] Bweyamala okwogera ebigambo bino, Abayudaaya ne bavaawo ne baba n'okukubaganya nyo ebiroozo bokkanabokka [30]. Awo Pawulo n'amala emyaka ebiri mu nyumba ye gye yepangisiriza, n'ayaniriza bonna abajja gyali, [31] ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda, era ng'ayigiriza ebintu ebikwata ku mukama waffe Yesu Kristo, n'obugumu bwonna nga tewali amuwakanya."

Matayo 24:14 – *"Era enjiri eno ey'obwakaba en'ebulirwanga mu nsi yonna olw'okujirira eri amawanga gonna olwo enkomerero elyoke etuuke."*

Bikolwa 20:24-25 – "[24] *Naye obulamu bwange si butwala nga kya muwendo gye ndi ndyoke ntuukirize omulimu gwange n'obuwereza bwe nnawebwa mukama waffe Yesu okutegeezanga enjiri ey'ekisa kya mukama waffe. [25] Ne kaakano manyi nga temukyaddayo kundaba nate mwena be natambulamu nga mbabuulira obwakabaka.*

Lukka 16:16 – *" Amateeka ne ba nabbi byaliwo okutuuka ku Yokaana: okuva mu kiseera ekyo obwakabaka bwa Katonda bubuulirwa, na buli muntu abugyamu."*

Matayo 6:10 – *" Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe nga bwebikolebwa mu ggulu."*

Bakolosaayi 1:13-14 – " [13] *Eya tusumulula okuva mu maanyi ag'ekizikiza, era n'atuzza mu bwakabaka bw'omwanawe omwgalwa.[14]. Mu yye mwe twaweebwa okununulibwa okuyita mu musaayi gwe n'okusonyiyibwa kw'ebibi."*

Baruumi 14:9. – *" Kubanga okutuuka ku kino Kristo yafa, n'azukira, n'azibwa bugya asobole okubeera mukama w'abafu n'abalamu.*

Matayo 4:17 –*" Okuva mu biro ebyo Yesu n'atandika okubuulira ng'agamba nti mwenenye kubanga obwakabaka obw'omugulu bunaatera okutuuka."*

Bikolwa by'abatume 26:18 – *" Okuzibula amaaso gaabwe, n'okubakyusa okuva mu kizikiza okudda eri omusana, n'okuva mu maanyi ga setaani okudda eri Katonda, basobole okufuna okusonyiyibwa kw'ebibi, n'obusika mw'abo abaatukurizibwa olw'okukkiriza okuli munze."*

Ezeekeri 36:26-27 – " *[26] Era ndibawa omutima omugya, era ndi bateekamu omwoyo omujja: era ndibagyamu omutima ogw'ejjinja okuva mu mibiri gyamwe, era ndibawa omutima ogw'enyama. [27]. Era nditeeka omwoyo gwange mumwe, ne mbaleetera okutambulira mu biragiro byange, era muli kuuma emisango gyange n'okugikola."*

Bikolwa 11:15-18 – *"[15] Bwe nnali naakatandika okw'ogera, omwoyo omutukuvu n'abagwako, nga bwe kyali ku ffe ku ntadikwa. [16]. Ne nzijukira ekigambo kya mukama, engeri gye yagamba nti Yokaana yabatizanga na mazzi, naye mulibatizibwa n'omwoyo*

omutukuvu. [17]. Kubanga nga Katonda bwe yabawa ekirabo nga bwe yatuwa ffe, abkkiriza mukama Yesu Kristo; nz'ani eyali ayinza okuziyiza Katonda? [18]. Bwe ba wulira bino ne bakuuma emirembe gyabwe, ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti era Katonda awadde banamawanga okwenenya okudda eri obulamu?"

Lukka 18:13-14 – "[13]. *Era n'omuwooza nga ayimiridde ewala ko, n'atasobola kuyimusa maasoge eri eggulu, naye neyeekuba mu kifuba,ng'agamba, Katonda beera musaasizi gyendi nze omwonoonyi. [14]. Mbagamba nti omusajja ono yaddayo ewuwe nga ajjiddwako ebibi okusinga omulala: kubanga buli muntu eyegulumiza alitoowazibwa, era n'oyo eyetoowaza eligulumizibwa."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Danyeri 2:44. Banabbi ob'omundagaano enkadde balagula nti mu biseera eby'omumaaso Masiya (oba eyafukibwako amafuta) alijja, era katonda w'eggulu alikola obwakabaka. **B. Obutalisaanyizibwawo.**
2. Soma Matayo 4:17, 23. Obubaka bwa Yesu bwali ki? **Mwenenye kuba obwakabaka bwa Katonda busembedde.**
3. Soma Makko 1:14-15. Yesu yabuulira bubaka bwa **bwakabaka bwa Katonda.**
4. Soma Lukka 4:43. Esonga eyasindisa Yesu okuva eri Katonda yali **kubuulira bwakabaka bwa Katonda.**
5. Soma Yokaana 4:25. Mu byawandiikibwa, yesu teyanyonyola bayigirizwa kye yali ategeeza nga ayogera ku bwa kabaka. Yali ndowoza ya ndagaano nkadde nti **.C. baali baakinoonya dda.**
6. Soma Lukka 9:1-2. Ebintu ebisatu abayigirizwa bye baakola byebiruwa? **Okugoba ba ddayimooni, okuwonya endwadde, n'okubuulira enjiri ey'obwakabaka.**
7. Soma Lukka 10:1-2, 8-9. Bubaka ki Yesu bwe yalagira ensanvu okubuulira. **Obwakabaka bwa Katonda.**
8. Soma lukka 23:2. Okusinziira ku nyinyonyola ey'Abayudaaya ekigambo Kristo kiteegeeza omuntu ayitibwa **kabaka.**
9. Soma Bikolwa 17:7. Okukontana n'etteeka ly'Abaruumi, Abayudaaya baagamba nti Pawulo yasomesa nti waaliwo omuntu omulala **kabaka omu Yesu.**
10. Soma Ebikolwa 19:8-10. Pawulo yayogera n'obuvumu mu Efeeso ng'awakanya era ng'asendasenda ku kikwata **obwakabaka bwa Katonda.**
11. Soma Bikolwa 28:23-31. Mu lunyiriri 31, omutume Pawulo kiki kye yali abuulira? **Obwakabaka bwa Katonda n'okuyigiriza ebintu ebikwata ku mukama waffe Yesu Kristo.**
12. Soma Matayo 24:14. Bubaka ki obuteekedwa okubuulirwa mu nsi yonna? **Enjiri ey'obwakabaka.**
13. Soma Bikolwa 20:24-25. Oluusi enjiri y'obwakaba eyitibwa njiri ya **kisa kya Katonda.**

14. Soma Lukka 16:16. Tekisoboka kutegeera bubaka bwa yesu Kristo nga totandikiddde ku bwakabaka bwa Katonda. Obwakabaka bwe bubaka Yesu bwe yayogera era bwe bwokka bwe yalagira. A. **Okubuulira.**
15. Soma Matayo 6:10. Ekisinga obukulu obwakabaka bwa Katonda bwe bufuzi bwa Katonda. Kino kiragibwa kitya mu luyiriri luno. **Okwagala kwa Katonda kukolebwa mu nsi nga bwekukolebwa mu ggulu.**
16. Soma Bakolosaayi 1:13-14 ne Baruumi 14:9. Mu bigambobinno"obwakabaka bwa Katonda" ye ndowoza ey'ekibina ky'abantu abaribadde: **B. bakkiriza obufuzi bwa Katonda (ne bagaana setaani) ne basonyiyibwa ebibi byabwe.**
17. Soma Matayo 4:17. Okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda, okukyusa omutima kyetaagisa. Okukyusa omutima kuno Bbayibuli kyeyita . **C. Okwenenya.**
18. Soma Ebikolwa 26:18. Wakyuka okuva **mu kizikiza okudda** eri omusana, okuva **mu buyinza bwa** setaani okudda **eri Katonda** okufuna okusonyiyibwa okw'ebibi byo?
19. Soma Ezekeeri 36:26-27 ne Bikolwa 11:15-18. Waweebwa omutima omupya n'omwoyo omupya ebikuleetera okutambulira mu makubo ga Katonda? **Wewaawo.**
20. Lukka 18:13-14. Wali okowodde Katonda ku lw'okusonyiyibwa kw'ebibi byo? **Wewaawo.**

Omutendera 3

Essomo 7

EKINYUSI EKIRI MU KUKKIRIZA OKULOKOLA.

Bya Don Krow.

Singa omusajja omu ku lunaku lw'embaga ye nga ayimiridda mu maaso g'omusumba, n'atandika okugamba, "otwala omukazi ono okuba omufumbi wo, okulongosa enyumba yo, n'okwoza amasowaani go? Omutwala okuva leero okusiimula eyumba yo, n'okulongoosa entebe zo bwe munaaba nga mwembi muli balamu?" Amangu ago omukazi gw'awasa agamba, "KOMA AWO!" Oba ng'ojagala ng'omuntu agenda okukukolera emirimu gyo egy'awaka, awo funa omukozi. Njagala onjagale era ontwale nga bwendi. Bwontwala nga bwendi ebintu ebyo nja kubikukolera, naye njagala ontwale nga bwe ndi. Saagala otwale kugasa kwange kwokka wabula otwale nze. "

A.W. Tozer yayogera ekigambo kino, "kirabika nga si kya bulijjo nti abasomesa abamu bamanyi nti ekinyusi kyeniyini ekiri mu kukkiriza okulokola si mulala naye Kristo mwene; si 'maanyi ga Kristo agalokola' oba obwamukama bwe, naye Kristo ye yenyini. Katonda tawa bulokozi muntu akkiriza obukiriza emirimu egimu egya Kristo, newankubadde emirimu gya Kristo, tegyanjulwa ng'ekinyusi eky'okukkiriza. Tetuyimusibwa lwa kukkiriza mutango, newankubadde omusaalaba, newankubadde obwakabona bw'omulokozi. Bino byonna byateekebwa mu Kristo, naye tebiyawulibwanga newankubadde ekimu okuva ku birala. Era tetukkirizibwa kukkirizaako ogumu ku mirimu gya Kristo Yesu, ne tugaana emirala. Enzikiriza gye tukiriza leero eyawukana, era buli njawukana ezaala obubi mu ba kristaayo.

Okifuna? Lwaki essira oliteeka ku kitundu kya Kristo oba emigaso gye gyokka,n'otaliteeka ku Kristo yenyini? Ekyo kiringa bw'otwala omukazi mu bufumbo ng'omufumbi wo oba omukozi w'emirimu gyo, naye n'otamutwala nga mukazi wo owa ddala.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Yokaana 1:12. "Bonna abaamukkiriza. A. Yye (mukama Yesu Kristo), B. Yesu ng'omulokozi, C. Yesu nga mukama, D. Yesu nga kabona , yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda."
2. Soma Bikolwa 16:31. Tulina kukkiriza (kwe kugamba kwesiga) ani?----------
   ---
3. Soma Lukka. 6:46. Ekigambo mukama kitegeeza ki?----------
   ---
4. Soma Matayo. 1:21. Ekigambo Yesu kitegeeza ki?----------
   ---

5. Soma Lukka 23:2. Ekigambo Kristo kitegeeza ki? ----------
6. Soma Baruumi 1:16. Okusinziira ku lunyiriri luno enjiri oba amawulire amalungi kye ki?----------
7. Soma Baruumi 1:1-3. Enjiri ya Katonda yeekulungulungulira oba ekwata ku anni?------
8. Omwana wa katonda tumukirizaako kitundu oba ye yenna?----------
9. Soma Yokaana 6:54. Bw'olya ekintu, ofuuka ki? ----------
10. Soma Baggalaatiya 3:27. Omuntu bw'abatizibwa mu Kristo, ayambala ---------- ---------- kitundu ki ekya Kristo ky'ayambala?----------
11. Soma Bikolwa 9:5-6. Sawulo bwe ya kyusibwa, bibuuzo ki ebibiri bye yabuuza Yesu?----------
12. Soma Baruumi 7:4. Tulina kufumbirwa ani?---------- Tufumbirwa ki ku ye?----------
13. Onyumirwa obufumbo obulungi ne Kristo?---------- Mwogerezeganya, muwuliziganya, mwagalana era omusinza.

Ebyawandikibwa ebyo ku kozesa mu bibuuzo.

Yokaana 1:12 – " *Naye bona abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; beebo abakkiriza erinya lye.*"

Bikolwa by'abatume 16:31 –" *Nebamugamba nti kkiriza mukama waffe Yesu on'olokolebwa, gwe n'enyumba yo yona."*

Lukka 6:46 –*"Lwaki munpita nti mukama mukama waffe. So nga bye ngamba ssi bye mukola."*

Matayo 1:21 –" *Era alizaala omwana wa bulenzi, olimutuuma erinya Yesu, (amakulu nti omulokozi) kubanga y'alilokola abantu bonna mu bibi byabwe."*

Lukka 23:2 –"*Nebatandika okumuwawabira nti, omuntu ono ajagalaza eggwanga lyaffe nga atuziyiza okuwa Kayisaali omusolo, nga yeeyita Kristo, Kabaka."*

Baruumi 1:16 – "*Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga g'emaanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri omuyudaaya n'eri omunnamawanga."*

Baruumi 1:1-3 – "[1] *Nze Pawulo, omuddu wa Yesu Kristo, mukama waffe Kristo, nayitibwa okuba omutume, eyayawulibwa okubuulira Enjiri ya Katonda, [2] gyeyasuubiriza mu ba nnabbi be mu byawandikibwa ebitukuvu,[3] ebyogera ku mwana we, eyava mu zzadde lya Dawudi mu mubiri."*

Yokaana 6:54 –“ *Buli alya omubiri gwange n’nywa omusaayi gwange, y’afuna obulamu obutagwawo era ndi muzuukiza ku lunaku olw’enkomerero.”*

Bagalatiya 3:27 –“*Kubanga abaabatizibwa bonna mu Kristo baayambala Kristo.”*

Bikolwa 9:5-6 – “ *Sawulo n’abuuza nti gw’ani mukama wange? Eddoboozi ne rimuddamu nti, nze Yesu gw’oyigganya! Kale golokoka ogende mu kibuga, on’otegezebwa ky’osaanidde okukola okukola.”*

Baruumi 7:4 –*“ Nammwe baganda bange mwafa eri amateeka, muli ba mubiri gwa Kristo. Mwegatta ku Kristo, eyazuukizibwa okuva mu bafu, tulyoke yubale ebibala ebisanyusa Katonda.*

Eby’okuddamu.

1. Soma Yokaana 1:12. “Bonna abaamukkiriza, **Ye (Mukama waffe Yesu Kristo)** yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda.
2. Soma Bikolwa 16:31. Tulina kukkiriza (kwe kugamba kwesiga) ani? **Mukama waffe Yesu Kristo.**
3. Soma Lukka. 6:46. Ekigambo mukama kitegeeza ki? **Mukama, omufuzi, bboosi alina obuyinza okufuga obulamu bwaffe.**
4. Soma Matayo. 1:21. Ekigambo Yesu kitegeeza ki? **Omulokozi.**
5. Soma Lukka 23:2. Ekigambo Kristo kitegeeza ki? **Kabaka oba Masiya Eyafukibawako amafuta.**
6. Soma Baruumi 1:16. Okusinziira ku lunyiriri luno enjiri oba amawulire amalungi kye ki? **G,emaanyi ga Katonda. (Ye Kristo yenyini wamu emigaso gye gyonna.)**
7. Soma Baruumi 1:1-3. Enjiri ya Katonda yeekulungulungulira oba ekwata **ku mwana wa Katonda Yesu Kristo mukama waffe**
8. Omwana wa Katonda tumukkirizaako kitundu oba ye yenna? **Ye yenna.**
9. Soma Yokaana 6:54. Bw’olya ekintu, ofuuka ki? **Ofuuka ekyo ky’olidde.**
10. Soma Baggalaatiya 3:27. Omuntu bw’abatizibwa mu Kristo, ayambala ki ? **Ayambala Kristo.** Kitundu ki ekya Kristo ky’ayambala? **Yenna.**
11. Soma Bikolwa 9:5-6. Sawulo bwe ya kyusibwa, bibuuzo ki ebibiri bye yabuuza Yesu? **Gwe ani mukama wange? Oyagala nkole ki?**
12. Soma Baruumi 7:4. Tulina kufumbirwa ani? **Mukama waffe Yesu.** Tufumbirwa ki ku ye? **Yenna.**
13. Onyumirwa obufumbo obulungi ne Kristo? **Ye** Mwogerezeganya, muwuliziganya, mwagalana era omusinza? **Ye.**

Omutendera 3.

Essommo 8

ENKOZESA ENTUUFU EY'ETTEEKA LYA KATONDA.

Bya Don Krow.

Lumu Joe nange, twali twogera eri Bill ne Steve nga tuli ku Nyanja. Ekibuuzo ne kireetebwa, "kiyinzika kitya abantu okuvunaanibwa mu maaso ga Katonda, abatawulira nga ku Katonda oba Yesu Kristo?" ne ngamba, "Bill singa ogenda okukyalira Steve ewuwe, n'osanga nga taliiyo, naye nga mukyalawe gyali, n'omala ogwa mu bwenzi naye, oyinza okwesalira omusango olw'okukozesa mukazi wa monno? Newankubadde nga towuliranga ko ku mateeka ekkumi oba okusoma bayibuli? Ekilowoozo ekyo eky'okwesalira omusango, n'okuwulira nga ovunaanyizibwa kw'ekyo ky'okoze bivaawa?"

Omanyi, Katonda yawa buli muntu, okuyita mu mateeka ne mu birowozo, obusobozi okumanya ekituufu n'okuwulira okulumirizibwa omusango olw'ekibi ky'oba okoze. Etteeka n'ebiroozo byo bye bikusalira gwe kenyini omusango oba oku kwejjeereza okusinziira kw'ekyo ky'omanyi. (Baruumi 2:14-15.)

Okutuuka awo Bill yali angamba nga bwe yali omuntu omulungi. Mu butuufu yali talaba bwetaavu bwa mulokozi. Ne mbikula mu Kuva 20 ne ntadika okusomera Bill amateeka ekkumi. " Bill, obadde okulembeza Katonda mu bulamu bwo, era obadde omwagala okusinga ekintu kyona mu nsi? Oba nga si bwe kiri etteeka erisooka olimenye. Kuva 20:3. Wali ogulumizza ekintu kyona mu maaso ga Katonda? Oba nga bwekiri, omenye etteeka ery'okubiri." Kuva 20:4. " wali okozesa erinya lya Yesu nga ekigambo eky'enukuta enya? Olina omusango ogw'okumenya e tteeka ery'okusatu" (Kuva 20:7). "Wali owaddeyo olunaku okuwa Katonda ekitiibwa n'okumusinza? Omenye etteeka ery'okuna." (Kuva 20:8). " Kitaawo ne nyoko wabawanga ekitiibwa mu buvubukaa bwo? Omenye etteeka ery'okutaano. Kuva (20:12.) "Wali onyiigidde omuntu yenna? Omenye etteeka ery'omukaaga. Geraageranya Kuva 20:13 ne Matayo 5:21-22." "Wali weegombyeko omukazi yenna n'oyaka? Omenye etteeka ery'omusanvu. (Geraageranya Kuva 20:14 ne Matayo 5:27-28)." "Wali otutte ekintu kyona ekitari kikyo? Omenye etteeka ery'omunana." (Kuva 20:15). "Oyogeddenga amazima? Bwekiba ssi kyekyo omenye etteeka." Kuva 20:16. "wali weegombye ekintu ky'omuntu omulala yenna? Omenye etteeka ery'ekkumi." (Kuva 20:17). "olaba ensonga lwaki Yesu yagamba nti yajja kulokola boonoonyi? (Makko 2:16-17).

Obuzibu bw'okulowooza nti tuli balungi ekimala oba okugeezaako okubeera abalungi ekimala okugenda mu ggulu, ge mazima nti tumenye amateeka ekkumi. Yakobo 2:10 etugamba buli akuuma amateeka gonna naye n'amenyako limu aba **AZZIZZA OMUSANGO** gwa gonna. Amateeka tegaagenderera kukufuula mutuukirivu naye okukulaga ekibi.(Baruumi 3:19-20).

Fenna twetaaga omulokozi. Ekigambo "Omulokozi" kitegeeza **omuntu asobola okkununula okuva mu kibonerezo eky'ekibi.** Yesu anunula abazikirila basobole okufuna obulamu obutaggwawo. (Matayo 1:21).

Okubeera abalungi ekimala okugenda mu ggulu, tulina okubeera n'obutuukirivu obwenkanankana obwa Katonda. (2 Bakkolinso 5:21.) Amawulire amalungi ag'enjiri gali nti Yesu tagenda kusonyiwa busonyiyi bibi byo, naye akuwa buwa ekirabo eky'obutuukirivu. (Baruumi 5:17.) *"Oba nga olw'okwonoona kw'omuntu omu okufa kwa buna, abaliweebwa ekisa kya Katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebalisinga nyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo."*

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Makko 2:16-17. Yesu yajja kulokola ani?----------
2. Soma Baruumi 2:1. Bwetusalila abalala omusango, tuba twekola ki?----------Era lwaki?----------
3. Soma Yakobo 2:10. Bwetukuuma amateeka ga Katonda agasinga naye ne tusoobyako limu tuba tuzzizza musango ki?----------
4. Saoma Baggalatiya 3:10. Bwetuba tunaabeera batuukirivu olw'okukuuma amateeka ga Katonda turina kugakuuma kyenkanawa? ----------Era tugakuume kumala bbanga ki?---------- Olaba ensoga lwaki tetusobola kulokoka nga tugezaako okubeera abalungi ekimala?----------
5. Bagalatiya 2:16. Okujjibwako omusango ky'ekirabo eky'obutuukirivu , nga kyatuweebwa Katonda ne kireetera omuntu okuyimirira obulungi ne Katonda n'okubeera n'enkolagana ne Katonda. Aboonoonyi okujjibwako omusango kibaweebwa olw'okukkiriza Yesu Kristo era kyatuukirizibwa omulundi gumu okuyita mu kufaakwe n'okuzuukira kwe. (1 Bakkolinso 15:3-4 ne Baruumi 4:25). Omuntu kiki ekitamujaako musango?---------- Omuntu alokoka atya?---------- Bantu bameka abalijjibwako omusango olw'amateeka?----------
6. Soma Baruumi 6:14. Ng'omukristaayo oli? A. wansi w'amateeka, B. wansi w'ekisa.
7. Soma Ezeekeeri 18:20. Singa wali wansi w'amateeka, kibonerezo ki kye wandifunye ku lw'ebibi byo.?----------
8. Soma Baruumi 4:6-8. Wansi w'ekisa, bintu ki ebisatu Katonda by'akolera ebibi byaffe?----------
9. Soma Baruumi5:1. Kati olw'okuba twajjibwako omusango, mugaso ki gwe tufunamu?----------
10. Soma Baruumi 5:9. Kati olw'okuba twalokolebwa omusaayi gwa Yesu, twalokolebwa kuva mu ki?----------

11. Soma Baruumi 10:4. Kristo yamaliriza amatteeka ffe tulyoke tufune ---------- mu maaso ga Katonda.
12. Soma 1 Bakkolinso 1:30. Katonda yafuula Yesu Kristo okubeera----------,----------,----------, era----------
13. Soma Bafiripi 3:9. Bw'ogoberera amateeka ga Musa obeera ofuna ki?----------
14. Soma 1 Bakkolinso 11:1. Ng'abakristaayo tuli wansi w'amateeka ga Kristo. Amateeka ga Kristo si lukalala lwa biragiro bye tulina okugondera; kwe kubeera mu bulamu nga tulabira ku muntu. Omuntu oyo y'ani?----------
15. Soma Baruumi 8:3. Amateeka gaali tegasobola kutulokola, , kubanga gaali manafu olw'---------- kuba twali tetusobola ku gakuuma

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Makko 2:16-17 – "*[16] Abannyonnyozi b'amateeka n'Abafalisaayo ne balaba Yesu nga alya n'abalina ebibi n'abawooza, ne bagmba abayigirizwa be nti, lwaki alya n'abawooza n'abalina ebibi?[17] Yesu bwe yakiwulira, n'abagamba nti abalamu tebeetaaga musawo, wabula abalwadde! Ssajja kuyita batuukirivu wabula abalina ebibi."*

Baruumi 2:1 – "*Gwe anenya omuntu omulala okola ebibi bye bimu n'omuntu oyo . ky'onova olema okubeera n'ekyokuwoza kubanga bw'okola bwotyo weesalira wekka omusango."*

Yakobo 2:10 – "*Era omuntu akwata amateeka gonna naye n'asobyako erimu omusango gumusinga mungeri y'emu ng'oli asobezza gonna."*

Bagalatiya 3:10 – "*Naye abo abafugibwa ebikolwa eb'amateeka, bafugibwa kikolimo; kubanga kyawandikibwa nti buli atagoberela ebyo ebyawandiikibwa mu kitabo kino eky'amateeka akolimidwa."*

Baggalatiya 2:16 – "*Kyoka tukimanyi bulungi nti omuntu taweeba butuukirivu lwa kugondera mateeka,wabula abufuna lwa kukkiriza Yesu Kristo, era naffe kyetwava tukkiriza Yesu Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza so si lwa kugondera mateeka. Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa eby'amateeka."*

Bruumi 6:14 – " *Temukkiriza kibi kwongera kubafuga, kubanga temukyafugibwa mateeka wabula ekisa kya Katonda."*

Ezeekeeri 18:20 – "*Emmeeme eyonoona y'erifa.omwana taribonaabona lwa bibi bya kitaawe so ne kitaawe talibonaabona olw'ebibi by'omwana we. Obutuukirivu bw'omuntu omutuukirivu bulibalirwa ku ye, n'obutali butuukirivu bw'oyo atali mutuukirivu bulibalirwa ku ye."*

Baruumi 4:6-8 – "[6] *Kabaka Dawudi naye yayogera kye kimu ku muntu ono Katonda gw'awa obutuukirivu obutavudde mu bikolwa bye ng'agamba nti,[7] baweeredwa omukisa abasonyiyidwa ebyonoono byabwe, ne bajjibwako ebibi byabwe.[8] Aweeredwa omukisa omuntu mukama gw'atalibalira kibi."*

Baruumi 5:1 – " *Kale nga bwe twajjibwako omusango olw'okuriza,tulina emirembe ne Katonda okuyita mu mukama waffe Yesu Kristo."*

Baruumi 5:9 – *"Kale oba nga twajjibwako omusango olw'omusayi gwa Yesu Kristo, tulilokolebwe okuva mu kiruyi kya Katonda."*

Baruumi 10:4 – *" Kubanga Kristo ye nkomerero y'amateeka ku lw'obutuukirivu eri buli omu akkiriza."*

1 Bakkolinso 1:30 – *"Kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri mukama Katonda, bwe butuukirivu, n'okutukuzibwa, n'okununulibwa."*

Bafiripi 3:9 – *"Ndabikire mu yye nga sirina butuukirivu bwange ku bwange, obuva mu kukwata amateeka wabula nga nina obutuukirivu obuva mu kukkiriza Kristo era obuva eri Katonda obwesigamye ku kukkiriza."*

1 Bakkolinso 11:1 –*" Mubeere bagoberezi bange nga bwendi eri kitange."*

Baruumi 8:3 – *" Amateeka kye gataayinza kukola olw'okunafuyizibwa omubiri, Katonda yakikola okuyita mu mwana we yenyini bweyamutuma mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi n'asalira ekibi omusango mu mubiri."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Makko 2:16-17. Yesu yajja kulokola ani? **Boonoonyi.**
2. Soma baruumi 2:1. Bwetusalila abalala omusango, tuba twekola ki? **Twesalila omusango, ekitegeeza nti tuba tulangirira omusango gwaffe fekka.** era lwaki? **Kubanga newankubadde nga tusalira abalala omusango bye bakola naffe bye tukola.**
3. Soma Yakobo 2:10. Bwetukuuma amateeka ga Katonda agasinga naye ne tusoobyako limu tuba tuzzizza musango ki? **Gonna tuba tugamenye.**
4. Saoma Baggalatiya 3:10. Bwetuba tunaabeera batuukirivu olw'okukuuma amateeka ga Katonda turina kugakuuma kyenkanawa? **Gonna** Era tugakuume kumala bbanga ki? **Ekisera kyna.** Olaba ensoga lwaki tetusobola kulokoka nga tugezaako okubeera abalungi ekimala? **Wewaawo.**
5. Bagalatiya 2:16. Okujjibwako omusango ky'ekirabo eky'obutuukirivu , nga kyatuweebwa Katonda ekireetera omuntu okuyimirira obulungi ne Katonda n'okubeera

n’enkolagana ne Katonda. Aboonoonyi okujjibwako omusango kibaweebwa olw’okukkiriza Yesu Kristo era kyatuukirizibwa omulundi gumu okuyita mu kufaakwe n’okuzuukira kwe. (1 Bakkolinso 15:3-4 ne Baruumi 4:25). Omuntu kiki ekitamujjako musango? **Mateeka.** Omuntu alokoka atya? **Olw’okukkiriza Yesu Kristo.** Bantu bameka ablijjibwako omusango olw’amateeka? **Tewali n’omu.**

6. Soma Baruumi 6:14. Ng’omukristaayo oli? **B. wansi w’ekisa.**
7. Soma Ezeekeeri 18:20. Singa wali wansi w’amateeka, kibonerezo ki kye wandifunye ku lw’ebibibyo.? **Kuffa.**
8. Soma baruumi 4:6-8. Wansi w’ekisa, bintu ki ebisatu Katonda by’akolera ebibi byaffe? **Asonyiwa ebibi byaffe. Abitujjako. Era tabitubalirako.**
9. Soma Baruumi 5:1. Nga bwe twajjibwako omusango, kiki kye tulina? **Tulina emirembe ne Katonda.**
10. Soma Baruumi 5:9. Nga bwe twalokolebwa olw’omusaayi gwa Yesu, tugenda kulokolebwa kuva mu ki? **Busungu bwa Katonda.**
11. Soma Baruumi 10:4. Kristo yamaliriza amatteeka ffe tulyoke tufune **obutuukirivu** mu maaso ga Katonda.
12. Soma 1 Bakkolinso 1:30. Katonda yafuula Yesu Kristo okubeera **amagezi gye tuli**, **obutuukirivu**, **okutukuzibwa** era **n’okununulibwa.**
13. Soma Bafiripi 3:9. Bwogoberera amateeka ga Musa obeera ofuna ki? **Obeera ofuna obutuukirivu obuva mu mateeka.**
14. Soma 1 Bakkolinso 11:1. Ng’abakulistaayo tuli wansi w’amateeka ga Kristo. Amateeka ga Kristo ssi lukalal lwa biragiru bye tulina okugondera; kwe kubeera mu bulamu nga tulabira ku muntu. Omuntu oyo y’ani? **Ye Kristo.**
15. Soma Baruumi 8:3. Amateeka gaali tegasobola kutulokola, kubanga gaali manafu olw’**omubiri** nga tetusobola ku gakuuma.

Omutendera 3

Essommo 9

TETULI WANSI WA TTEEKA WABULA WANSI W'EKISA

Bya Don Krow.

Luli ekiro naloota omukazi eyabonerezebwanga olwn'esobi ze yakolanga (ebibi bye). Omusajja yamugoberelanga era buli lwe yakolanga ensobi, ng'anyeenya omutwe gwe mungeri ey'okwetamwa, n'asumulula omusipi gwe n'amukuba. Bwe yayogeranga ekigambo ekikyamu oba n'akola ensobi, yalina okumubonereza. Yalinga akongojja, nga agezaako okumwenya oba okuseka n'okufuna endowooza ennungi, naye yeyoongeranga kukola bintu ebya mutuusanga mu buzibu. Tebyalinga bintu binene, naye buli kintu ekitono omusajja ono kye yalabanga ng'omukazi ono akoze, nga amukuba. Kyalabika nga tekiriimu ssuubi. Yali tasobola kwekuuma butakola kintu kimusuula mu buzibu. Nzijukira nga namusaasira. Nayagala okumuyamba oku mugya ku musajja ono omukopi eyamukubanga buli kiseera. Awo we nasisimukira.

Natandika okulowooza ku kisa kya Katonda, ekitakolelerwa, kwe kuganja okutatusaanira era bwe busobozi bwe. Omutima bwe gunyweezebwa mu kisa, tuba tetukyakolerera kufuna kukkirizibwa mu maaso ga Katonda, okuyita mu bikolwa byaffe oba nga tugezaako okukuuma amateeka mu maanyi gaffe ne mu busobozi bwaffe. Oluvanyuma tuba tusobola okuwona okubonerezebwa kwe tufuna okuva mu kumenya amateeka. Yesu yatununula.

Lowooza ku kuganja. Kitegeeza kufuna okukakasibwa kw'omuntu omu, obuwagizi oba omukisa. Bw'oba nga oyagala okuganja eri omuntu, okola ki? Ogezaako okukola n'okwogera ebimusanyusa era n'obutakola bimunyiiza. Kuba kukola bulungi buli kiseera. Mu mazima ekyo kisobola okutuukirizibwa? Kuba nga kulemesa tteeka lya buttonde erisika ekintu okuva mu bbanga.(ggulavite) Osobola okukikola okumala akabanga, naye oluvanyuma, ojja kulemererwa. Likusinge amaanyi.

Eky nakikwasaganya n'omukazi gwe naloota mu kirooto. Bwentyo bwe mpuliddenga, nga bwengezaako okukola buli kintu mu butuufu bwakyo, ne ssikifuna olwo ne nemererwa. Nalowooza nti ssinga nfuba okuyita mu lunaku nga ssiremeredwa olwo n'alibadde ninna kyentukirizza. Naye nedda, ensobi zaange zandeteranga bulijjo okubeera omuntu atatuukiridde. Nalowoza nti saasobya busobya kitange ali mu ggulu, naye neesaliranga omusango ne neebonereza. Neewangula nze kenyini. Natunuuliranga obusobozi bwange n'obunafu bwange. Nali ssipima, nga siri mulungi kimala okutuuka ku mutindo ogusaanidde, nali neetaga omuntu annunula!

Katonda mu kusaasira kwe ya tuweereza omuyambi; erinya lye ye Yesu. Katonda yamuweereza okutusumulula okuva mu maanyi gaffe ge tufubiramu okutuukiriza amateeka ge. Yesu yatwala ekibonerezo ky'amateeka ge twali tetusobola kukuuma, tuleme okufa, naye tubeere ba ddembe

era tube n'obulamu obutagwawo. Yesu yatuwa ekirabo eky'obutuukirivu tubeere batuukirivu era batukuvu mu maaso ga Katonda kitaffe era tusobole okuwangula buli ekyetaagisa amateeka. Tulina emirembe ne katonda okuyita mw'ekyo kye yatukolera mu kufa kwe, mukuzikibwa ne mu kuzuukira kwe. Tulina okuganja mu maaso ga Katonda kwe tutakoleredde, era okutatugwanira. Kye kisa.

Mu kukkiriza kino omutima gwo gulina okukkakkana awatali kubuusabuusa, ng'omanyi nti yakola kino kubanga akwagala. Kakkanya omutima gwo, gukuume nga tegusagasagana mu kisaakye; kwe kugamba, nywezebwa awatali kubuuza, oba kubuusabuusa nti Katonda yatuwa buli kimu kye twetaaga okutusobozesa okubeera mu bulamu obujjuvu okuyita mu Yesu.

Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi mukifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi era nga y'enkomerelo y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijja kunakuwala era gibulwe amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Tukkiriza na mutima, netufuna obutuukirivu bwa Katonda, n'ekisakye.

"*ekisinga byonna, nyiikiranga okukuuma omutima gwo kubanga mu ggwo muvaamu ensulo ez'obulamu." (Ngero 4:23)*

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Ekisa kya nyonyolwa kitya mu ssomo lino? ----------
   ----
2. Omutima bweguba gunywezedwa mu kisa, tuba tetukyalafuubana kufuna kukkirizibwa mu maaso ga Katonda kuyita mu----------
3. Soma Baebbulaniya 10:14. Ensobi za Don zaamuletera okubeera omuntu atatuukiridde bulijjo. Okusinziira ku lunyiriri luno, tutukirizibwa tutya?----------
   ----
4. Soma Baruumi 5:17. Yesu yatuwa---------- eky'obutuukirivu , tusobole okubeera abatuukirivu, er'abatuukuvu mu maaso ga Katonda kitaffe era tusobole okusisinkana byonna ebyetagisa amateeka.
5. Soma Isaaya 26:3. Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi mukifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi era nga y'enkomerelo y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijja kunakuwala era gibulwe amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Kiki kye tulina okukuumirako emitima gyaffe?----------
   ----
6. Soma Befeeso 3:17. Kristo bw'abeera mu mitima gyaffe olwo ffe tubeera tutya?----------
   ----
7. Soma Baruumi 4:5. Obulokozi mpeera gye tukolelera obukolerezi oba kirabo kya kisa kya Katonda?----------

8. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu (okuyimirira obulungi ne Katonda.) kye kirabo. Oteekedwa okukolelera ekirabo?----------. Ekirabo okifuna otya?----------
9. Soma Baruumi 6:23. Ekirabo kya Katonda mu lunyiriri luno kye ki?----------
10. Soma Ttito 3:5. Emirimu gyo emirungi n'ebikolwa byo ebyakulokola byenkana wa?----------
11. Soma Baruumi 6:14. Nyonyola mu bigambo byo okubeera wansi w'ekisa kye kitegeeza.----------
12. Soma Baruumi 11:6. Omukisa gwa Katonda bwe guba nga gutuweebwa olw'ekisa, tetugufuna lwa----------
13. Soma Baruumi 3:24. Nyonyola mu bigambo byo amakulu g'olunyiriri luno.----------
14. Soma Beefeso 1:7. Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe kwasinziira ku ki?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa.

Baebulaaniya. 10:14 –*"Kubanga olw'ekiweebwayo ekimu yatuukiriza emirembe gyonna abo abaatukuzibwa."*

Baruumi 5:17 – " *Oba nga olw'okwonoona kw'omuntu omuo okufa kwafuga olw'omu, abaliweebwa ekisa kya katonda n'ekirabo eky'obutuukirivu, tebarisinga nyo okufugira mu bulamu olw'omuntu omu Yesu Kristo?"*

Yisaaya 26:3 –"*Mukama alimukuumira mu mirembe egituukiridde oyo amutaddeko ebilowoozo bye n'okumwesiga mu mutima gwe."*

Befeeso 3:17 –"*Kristo alyoke aberenga mu mitima gyamwe olw'okukiriza, mubeere nga n'emirandira era munywezebwenga mu kwagala."*

Baruumi 4:5 –"*Naye eri oyo atakola naye n'akiriza oyo ajja omusango kw'abo abatatya Katonda, okukkiriza kwe kubalilwa okuba obutuukirivu."*

Baruumi 6:23 –*"Empeera y'ekibi kwe kufa, naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutagwawo okuyita mu mukama waffe Yesu Kristo."*

Ttito 3:5 –" *N'atulokola si lwabikolwa ebyo ebyobutuukirivu bwe twakola,wabula olwokusaasira kwe mu kunaazibwa olw'okuzaalibwa omurundi ogw'okubiri, n'okufuulibwa abagya ku lw'omwoyo omutukuvu."*

Baruumi 6:14 –*"Kubanga ekibi tekiibafugenga, kubanga temuli wansi wa mateeka, wabula wansi w'ekisa."*

Baruumi 11:6 –"*Naye oba nga lwa kisa, si lwa bikolwa nate kubanga ekisa kyalibadde tekikyali kisa."*

Baruumi 3:24 –*"Nga tujjibwako omusango olw'ekisa okuyita mu kununulibwa okuli mu kristo Yesu."*

Befeeso 1:7 –"*Mu oyo mwe tununulibwa olw'omusaayi gwe ne tusonyiyibwa ebibi olw'obuggagga bw'ekisaakye bwebuli."*

Eby'okuddamu.

1. Ekisa kya Katonda kyanyonyolwa kitya mu ssomo lino? **Ekisa kye tutakoleredde, okuganja okutatugwanira era n'obusobozi bwa Katonda.**
2. Omutima bweguba gunywezedwa mu kisa, tuba tetukyalafubana kufuna kukkirizibwa mu maaso ga Katonda kuyita mu **bikolwa.**
3. Soma Bebulaniya 10:14. Ensobi za Don zaamuletera okubeera omuntu atatuukiridde bulijjo. Okusinziira ku lunyiriri luno, tutukirizibwa tutya? **Olw'ekiweebwayo kya yesu emirembe gyonna.**
4. Soma Baruumi 5:17. Yesu yatuwa **ekirabo** eky'obutuukirivu , tusobole okubeera abatuukirivu, era abatukuvu mu maaso ga Katonda kitaffe era tusobole okusisinkana byonna ebyetagisa amateeka.
5. Soma Isaaya 26:3. Bwe tweyongera okuteeka ebirowoozo ku nsobi ze tukola n'ebibi mukifo ky'okulowooza ku Yesu omutandisi era nga y'enkomerelo y'okukkiriza kwaffe, emitima gyaffe gijja kunakuwala era gibulwe amaanyi okukkiriza nti tusobola okufuna okuva eri Katonda. Kiki kye tulina okukuumirako endowooza gyaffe? **Endowooza zaffe ziteekedwa okubeera ku mukama.**
6. Soma Befeeso 3:17. Kristo bw'abeera mu mitima gyaffe olwo ffe tubeera tutya? **Tubeera n'emirandira netunywezebwa mu kwagala kwe.**
7. Soma Baruumi 4:5. Obulokozi mpeera gye tukolerera obukolerezi oba kirabo kya kisa kya Katonda? **Kirabo kya Katonda.**
8. Soma Baruumi 5:17. Obutuukirivu (okuyimirira obulungi ne Katonda.) kye kirabo. Oteekedwa okukolelera ekirabo? **Nedda** . Ekirabo okifuna otya? **Okitwala butwazi.**
9. Soma Baruumi 6:23. Ekirabo kya Katonda mu lunyiriri luno kye ki? **Bwe bulamu obutagwawo.**
10. Soma Ttito 3:5. Emirimu gyo emirungi n'ebikolwa byo ebyakulokola byenkanawa? **Tewali.**
11. Soma Baruumi 6:14. Nyonyola mu bigambo byo okubeera wansi w'ekisa kyekitegeeza.

12. Soma Baruumi 11:6. Omukisa gwa Katonda bwe guba nga gutuweebwa olw'ekisa, tetugufuna lwa **kugukolerera.**
13. Soma Baruumi3:24. Nyonyola mu bigambo byo amakulu g'olunyiriri luno.
14. Soma Beefeso 1:7. Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe kwasinziira ku **buggagga obuli mu kisaakye.**

Omutendera 3

Essomo 10

TEWAKYALI KULOWOOZA KIBI.

Bya Don Krow.

Lwali lumu omusajja omu omutamiivu yayingira mu mmotoka ye naatandika okugivuga ng'adda ku ludda olukyamu, n'atomeregana n'emotoka y'omuntu omulala naye eyali avuga ku kkubo. Mu kabenje kano mwafiiramu omuwala omuto eyalina emyaka kkumi na munaana. Abantu b'omugenzi ne batwala omusajja ono mu kooti, kooti n'emutanza akakadde 1.5 aka doola.

Mukifo ky'okutwala sente, abantu b'omugenzi bairiziganya ku doola 936. Ensonga yali nti baayagala omusajja ono asasule ssente zino mu ngeri eyenjawulo. Yali alina okuwandiika ceeke ya ddoola emu buli wiiki, nga eri mu manya g'omuwala eyattibwa agiweereze abantu be. Wandilowoozezza nti eky'okusasula ddoola 936 kyalibadde kirungi nga kyangu okusinga okusasula akakadde 1.5 aka ddoola. Okusooka okusasula ddoola emu buli wiiki kyali kyangu, naye oluvanyuma eky'okuwandiika ceeke mu manya g'omuwala gwe yatta kyatandika okumutawaanya mu birowoozo bye. Buli wiiki yenyikanga, buli lwe yalowoozanga ku muwala gwe yatta.

Oluvanyuma lw'emyaka ng'ali mu kino, yava ku ky'okusasula ebbanja. Abantu b'omuwala bamuzzaayo mu kooti ne bamulagira okweyongera okusasula. Mu myaka omukaaga oba omusanvu egyari giyise naaba nga takyasasula sente okumala emirundi ena oba etaano. Buli lwe yazzibwangayo mu kooti baamugambanga okweyongera okusasula.

Abantu b'omugenzi baagamba nti baali tebaagala ku musasuza wabula baali baagala kumujjukiza kye yali yakola.

Kino bw'okilowoozako abantu b'omuwala bali mubusibe, wamu n'omusajja gwe basasuza. Buli wiiki bafuna ceeke ebajjukiza muwala wabwe eyafa, mu kino, tebasobola kweteekako kufa kwa muwala waabwe.

Omusajja kati naye awabila abafiilwa olw'ekyo ky'ayita " ekibonerezo ekikambwe ate ekitali kya bulijjo." Agamba "kino kinzita! Kimalawo obulamu bwange! Ebyayita sisobola kubivaako ne neyongerayo n'obulamu."

Okwekuusa ku lugero luno, ndabye abakristaayo bangi abawulira nga bakyali wansi w'okusalilwa omusango nga kuno. Baagambibwa " Yesu yasasula byonna," naye nga bawulira bakyalina okusasulira amateeka g'eddiini, oba si kyo tebajja kukkirizibwa Katonda.

Ebibuuzo eby'obuyigiriza.

1. Nkolagana kikaaki omusajja ono gy'ayinza okuba nayo ne ffamire eno ng'ekintu kino kigenda mu maaso?----------
2. Soma Baebbulaniya 10:1. Etteeka kiki kye litaayinza kukola?----------
3. Soma Baebbulaniya 10:1.Olunyiri luno lwogera ku ki ekitulaga nti saddaaka ez'endagaano enkadde zaali tezimala ku tutuukiriza?----------
4. Soma Bebbulaniya 10:2. Oba nga saddaaka eyali esobola okukola ku kibi yajja, kiki kye yali esobola okukolera abasinza?----------
5. Omuvuzi w'emmotoka omutamivu yakakibwa kukola ki?----------
6. Soma Baebbulaniya 10:14. Katonda atuukiriza atya abantube? : A. mirimu mirungi. B. kugenda ku kanisa. C. kukuuma mateeka kkumi. D. kiweebwayo (Saddaaka) Yesu .
7. Soma Baebbulaniya 10:14. Ekiweebwayo ekya Yesu (kye tufuna olw'okukkiriza) kituukiriza kitya abakkiriza? ----------
8. Soma Luberyeberye 20:1-18. Abasajja ababiri aboogerwaako be baani?----------
9. Soma Luberyeberye 20:2,5. Omusajja eyalimba mu lugero luno yali ani?----------
10. Soma Luberyeberye 20: 7. Nkikakasa nti Katonda teyakakasa Ibulayimu bye yakola. Naye Katonda yadda ku ludda lwani, lwa Ibulayimu oba lwa Abimeleki? ---------- Lwaki? Soma luberyeberye 15:1,18 ne Yakobo 2:23.----------
11. Soma Luberyeberye 20:7,17-18. Newankubadde Ibulayimu yali musobya, Katonda yagamba ani okusabila mune? A. Yibulamu ye yali alina okusabira Abimeleki. B. abimeleki ye yali alina okusabira Yibulayimu. C. Baali balina okusabiragana.
12. Soma Baruumi 8:31. Newankubadde ng'oluusi tulemererwa, ani ali ku ludda lwaffe?----------
13. Soma Baruumi 4:8. Newankubadde tusobya kiki Katonda kye yagamba kyatalikola?----------
14. Soma Baebbulaniya 8:12-13. Mu ndagaano empya Katonda kiki kye yasuubiza ky'atalikola?----------
15. Soma Beefeso 2:5,8-9. Tulokolebwa tutya?----------
16. Soma Tito 3:5. Ngeri ki gye tutalokolwa?---------- Tulokolwa tutya? ----------
17. Soma Beefeso 1:6. Tulitendereza mukama emirembe n'emirembe olw'okutulokola olwe----------. Kubanga yatufuula ---------- mu mwagalwa.(Yesu Kristo.)

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Bebulaniya 10:1 – "*Amateeka kisiikirize busiikirize eky'ebirungi ebigenda okujja, ggo ku bwago tegamala, kubanga ssaddaaka ezo ze zimu ezabuli mwaka ze baawayo obutayosa ezitaayinza kutukuza abo abaziwaayo."*

Abaebbulaniya 10:2 – "*Ssaddaaka ezo zandibadde tezikyaweebwayo kubanga abaaziwaayo omulundi ogumu gwandibamaze okubatukuza, ne bataddayo kwerariikirira olw'ebibi byabwe."*

Abaebbulaniya 10:14 – "*Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu abaatukirizibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyonna."*

Luberyeberye 1-18 – "[1]*Ibulayimu bwe yava eyo n'atambula okwolekera Negevu, n'abeera wakati wa Kadesi ne Ssuuli;n'agenda mu Gerali.[2] Ibulayimu n'ayogera ku mukazi we Saala nti 'mwanyinaze' Abimeleki Kabaka we Gerali n'atumya n'atwala Saala. [3]Naye Katonda najja eri Abimereki mu kirooto ekiro n'amugamba nti 'laba oli mufu kubanga omukazi gw'otute muka musajja.'[4] Naye Abimereki yali tannaba kwebaka naye, n'alyoka agamba nti 'on'otta abantu abataliiko musango.[5] Si ye yangambye nti mwanyinaze?' Era ne Saala nangamba nti mwanyinna, 'kino nkikoze mu mutima omutuukirivu n'emikono gyange tegiriiko muusango. [6] Awo Katonda n'ayogera naye mu kirooto nti ddala manyi nti okoze kino mumutima omutuukirivu, era nze nakukuuma oreme okwoonoona gyendi nenkuziyiza okumukwatako.[7] Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja kubanga nnabbi,era anaakusabira naawe on'oba mulamu. Naye bw'otomuzzeyo manya nga ojja kufa, ggwe ne byolina byona [8]. Awo Abimeleki n'agolokoka kumakya enyo, n'ayita abakungu be bonna n'abategeeza ebintu bino byonna; abasajja ne batya nnyo. [9] Awo Abimereki n'ayita Ibulayimu n'amugamba nti Otukoze ki? Era nsobi ki gye nkukoze n'ondeetera nze n'bwakabaka bwange ekibi ekinene ekyenkana awo? Byonkoze tebisaana kukolebwa muntu. [10] Era Abimereki n'gamba Ibulayimu nti waloolowooza ki okukola ekintu kino? [11]Ibulayimu naddamu nti nakikola kubanga nalowooza nti mukifo kino temuliimu kutya Katonda n'akamu, era balinzita olwa mukazi wange. [12] Naze, ebyo nga biri awo ,ddala oyo mwanyinaze, muwala wa kitange naye ssi muwala wa mmange; yafuuka mukazi wange. [13] Katonda bwe yandeeta okuva mu nyumba ya kitange, ne mugamba nti eky'ekisa ky'oyinza okunkolera kye kino, buli kifo kyetutuukamu njogeraako nti ndi mwannyoko. [14] Awo Abimereki n'atwala endiga n'ente, abaddu, n'abazaana, n'abiwa Ibulayimu, n'amuddiza Saala mukaziwe. [15] Era Abimereki n'amugamba nti, laba ensi yange eri mu maaso go beera w'oyagala.[16] N'agamba ne Saala nti laba mpadde mwanyoko ebitundu bya feeza lukumi, okukumalako ensonyi mu maaso g'abo bonna abali nammwe.[17] Awo Ibulayimu n'asabira Abimereki eri Katonda, ne Katonda n'awonya Abimereki era n'awonya ne mukazi we; n'abazaana be nebalyoka bazaala abaana. [18]. Kubanga mukama yali aggalidde embuto z'abo'omunyumba ya Abimereki olw Saala mukazi wa Ibulayimu."*

Luberyeberye 20:2, 5 – "*.[2] Ibulayimu n'ayogera ku mukazi we Saala nti 'mwanyinaze' Abimeleki Kabaka we Gerali n'atumya n'atwala Saala. .[5] Si ye yangambye nti mwanyinaze?' Ela ne Saala nangamba nti mwanyinna, 'kino nkikoze mu mutima omutuukirivu n'emikono gyange tegiriiko muusango."*

Luberyeberye 20:7 – "*Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja kubanga nnabbi, era anaakusabira naawe on'oba mulamu. Naye bw'otomuzzeyo manya nga ojja kufa, ggwe ne byolina byona"*

Luberyeberye 15: 1,8 – *"[1] Ebyo nga biwedde ekigambo kya Katonda ne kijjira Ibulaamu mu kwolesebwa nti totya ibulaamu, nze mpeerayo era engabo yo ennene ennyo.[8] Ibulaamu naddamu nti ayi mukama , nnaamanya ntya nti eriba yange?"*

Yakobo 2:23 – *"Era ekyawandiikibwa ne kituukirira ekigamba nti Ibulaamu yakkiriza Katonta ne kimubalilwa okuba omutuukirivu era n'ayitibwa mukwano gwa Katonda."*

Luberyeberye 20:7,17-18 – "*"[7] Kale kaakano zzaayo mukazi w'omusajja kubanga nnabbi,era anaakusabira naawe on'oba mulamu. Naye bw'otomuzzeyo manya nga ojja kufa, ggwe ne byolina byona" .[17] Awo Ibulayimu n'asabira Abimereki eri Katonda, ne Katonda n'awonya Abimereki era n'awonya ne mukazi we; n'abazaana be nebalyoka bazaala abaana. [18]. Kubanga mukama yali aggalidde embuto z'abo'omunyumba ya Abimereki olwa Saala mukazi wa Ibulayimu."*

Baruumi 8:31 – *"Kale tunaagambaki, Katonda bwaba ku lwaffe omulabe waffe y'ani?"*

Baruumi 4:8 – "*Alina omukisa oyo omuntu Katonda gwa'atabalilako kibi."*

Abaebbulaniya 8:12-13 – "[12]. *Era ndi basaasira n'ebibi byabwe siri bijjukira nate, [13]Katonda bw'ayogera ku ndagaano empya olwo ng'adibizza ey'edda n'eyo gy'adibizza n'okukaddiwa n'ekaddiwa eriggwawo."*

Tito 3:5 – "*N'atulokola si lwa bikolwa eby'obutuukirivu bwaffe wabula olw'okusaasira kwe mu kuzaalibwa okwomulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya olw'omwoyo omutukuvu."*

Beefeso 1:6 – "*tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa okuyita mu mwana gwayagala enyo."*

Eby'okuddamu.

1. Nkolagana kikaaki omusajja ono gy'ayinza okuba nayo ne ffamire eno nga ekintu kino kigenda mu maaso? **Enkolagana yaabwe eyinza okuba mu obutasonyiwa, obusungu n'obukaawu.**
2. Soma Baebbulaniya 10:1. Etteeka kiki kyeritayinza kukola? **Teryayinza kutuukiriza basinza.**
3. Soma Baebbulaniya 10:1.Olunyiri luno lwogera ku ki ekitulaga nti saddaaka ez'endagaano enkadde zaali tezimala ku tutuukiriza? **Byaweebwwanga buli mwaka n'olwensonga eyo byali tebisobola kukoma ku kibi buli kiseera.**
4. Soma Baebbulaniya 10:2. Oba nga saddaaka eyali esobola okukola ku kibi yajja, kiki kye yali esobola okukolera abasinza? **Yali tekyasobola kubaleetera kweraliikirira kibi.**
5. Omuvuzi w'emmotoka omutamivu yakakibwa kukola ki? **Yakakibwa okulowooza ku kibi kye buli kiseera.**
6. Soma Baebbulaniya 10:14 Katonda atuukiriza atya abantu be? .**D. okuyita mu kiweebwayo (Saddaaka) Yesu .**

7. Soma Baebbulaniya 10:14. Ekiweebwayo ekya Yesu (kye tufuna olw'okukkiriza) kituukiriza kitya abakkiriza? **Emirembe gyonna.**
8. Soma Luberyeberye 20:1-18. Abasajja ababiri aboogerwaako be baani? **Ibulayimu ne Abimereki.**
9. Soma Luberyeberye 20:2,5. Omusajja eyalimba mu lugero luno yali ani? **Ibulayimu.**
10. Soma Luberyeberye 20: 7. Nkikakasa nti Katonda teyakakasa Ibulayimu bye yakola. Naye Katonda yadda ku ludda lw'ani, lwa Ibulayimu oba lwa Abimeleki? **Ibulayimu.** Lwaki? Soma Luberyeberye 15:1,18 ne Yakobo 2:23. **Kubanga ibulayimu yalina endagaano ne mukama ate era yali mukwano gwa Katonda.**
11. Soma Luberyeberye 20:7,17-18. Newankubadde Ibulayimu yali musobya, Katonda yagamba ani okusabila mune? **A. Yibulamu ye yali alina okusabira Abimeleki.**
12. Soma Baruumi 8:31. Newankubadde nga oluusi tulemererwa, ani ali ku ludda lwaffe? **Katonda.**
13. Soma Baruumi 4:8. Newankubadde tusobya kiki Katonda kye yagamba ky'atalikola? **Talitubalilako kibi kyaffe kwekugamba, ebibi byaffe talibituteeka ko.**
14. Soma Baebbulaniya 8:12-13. Mu ndagaano empya Katonda yasuubiza kiki kyatalikola? **Katonda talijjukira bibi byaffe nate.**
15. Soma Beefeso 2:5,8-9. Tulokolebwa tutya? **Lwa kisa kye kwe kugamba, okuganja okwali tekutugwanila kwe yatuwa.**
16. Soma Tito 3:5. Ngeri ki gye tutalokolwa? **Olw'emirimu egy'obutuukirivu gye tukola.** Tulokolwa tutya? **Okusinziira ku kusaasira kwe. yatunaaza n'okuzalibwa okujja, n'atufuula abajja olw'omwoyo we omutukuvu.**
17. Soma Beefeso 1:6. Tulitendereza mukama emirembe n'emirembe olw'okutulokola olw'**ekisa**. Kubanga yatufuula **abakkirizibwa** mu mwagalwa.(Yesu Kristo.)

Omutendera 3

Essommo 11

NJAGALWA, NDI MUBALAGAVU.

Bya Don Krow.

Lumu Micheal yajja mu yafeesi yange okumbuulira ku bubaka obw'ekyama obwali bukwata ku muyizi mune. Bwe nali nga nsomesa mu Charis Bible College, kyalabika nga Patricia yali yewandikira nootisi ku kapapula ke. Bino bye yali awandiika, "njagalwa, ndi mubalagavu." N'ebirala. Patricia era yali ekika ky'omuntu eyayambalanga mu nyambala eyamusanyunga ye. Amazima amatuufu gali nti Patricia yawandiika bino kubanga yali takkiriza nti ayagalwa era nti mubalagavu, naye yawulilanga ng'eyagaanibwa era eyali tayagalwa.

Ng'abantu ffena tulina ebyetaago bye bimu − okuyaayaanirwa okwagalwa, okukkirizibwa, n'okutuwa ekitiibwa, wamu n'okubeera nga twekiririzaamu, n'okumanya nti tuli buluungi ne Katonda. Eddiini enyingi olwaleelo etuleetera okuwulira nga tetwagalwa, nga tetussibwamu kitiibwa era nga tetukkirizibwa. Ekimu ku by'okulwanyisa eby'amanyi setaani by'akozesa eri abakkiriza kwe kuwuulira ng'oliko omusango, okwesalira omusango, ate nga ekyo tukiwulira nga kya mwoyo mu ffe.

Wano wembuuliza, bameka ku mmwe kumulundi gwamwe ogusooka okujja eri Yesu mwagambibwa nti teyakwagala bwagazi, naye olw'okumukkiriza nti anaafuuka obutuukirivu bwo obutuukiridde? Mu butuufu obutuukirivu bwe yandikuwadde bwe butuukirivu bwonna bwe walyetaaze. (1 bakkolinso1:30 egamba " *kyokka ku bw'oyo muli mu Kristo Yesu eyafuuka amagezi okuva eri Katonda, bwe butuukirivu n'okutukuzibwa, n'okununulibwa.)* Gano ge mawulire amalungi ag'enjiri: "*kubanga enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga g'emaanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusookera ku muyudaaya n'eri omunnamawanga 17 kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikulilwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka nga bwe kyawandiikibwa nti Katonda akkiriza abantu olw'okukkiriza kwabwe, era ekyo kye kiribaweesa obulamu."* (Baruumi 1:16-17) *" Naye atakola ,naye oyo akkiriza oyo agyawo omusango abatali ba Katonda, okukkiriza kwe kubalirwa okuba obutuukirivu."* (Baruumi 4:5).

Katonda takyayongera kukwagala okusinga bwe yakwagala. Okwagala kwe (omukwano gwe) 1 Yokaana 4:8. Naye osobola okweyongera okukufuna, okukuwulira, era n'okukweyagaliramu. Gy'okoma okukkiriza gy'okoma okwesanga ng'oyagala Katonda. Ekyawandikibwa kigamba nti " *tumwagala kubanga ye yasooka okutwagala."* (1 Yokaana 4:19). Lowoza ku kino, kikkirize olokoke.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Kiki ekyamatiza Pawula? ----------
   ----

2. Bwe nali mu Bible College, nalina kakensa (polofeesa) e yampereza ekiwandiiko ekyali kigamba: " okujjibwako omusango kye kikolwa eky'amateeka Katonda w'alangirira obutuukirivu eri buli akkiriza so si **akola** obutuukirivu." Bwe n'esomera ekyawandikibwa, namatizibwa nti **okujjibwako omusango kirabo kya butuukirivu ekikufuula omutuukirivu mu maaso ga Katonda.** Soma Baruumi 5:19 okuyita mu buwulize bwa Yesu Kristo (eky'okukuuma amateeka n'okugenda ku musaalaba). Bangi balibeera. A. yalangirirwa okuba omutuukirivu. B. yalowoozebwa okuba omutuukirivu. C. yakola obutuukirivu.
3. Soma 2Bakkolinso 5:21. "Kubanga ya mufuula okubeera ekibi ku lwaffe oyo ataamanya kibi, tusobole ----------
4. Soma Bakolosaayi. 1:21-22. Yesu Kristo yajja kunsi n'afa ku lw'ebibi byaffe. Ku lwa kino tuyimirira mu kubeerawo kwa Katonda ng'abantu abatukuvu, abatalina nsobi, era abatalina musango mu: A. maaso ga mukyala wo. B. maaso ga mukwano gwo. C. maaso ga Katonda.
5. Beefeso 1:6. Tunaatendereza Katonda emirembe n'emirembe ku lw'ekisaakye kubanga yatuufuula----------
6. Soma Abaebbulaniya 10:14. Okuyita mu Yesu ne ssaddaaka ye eyo ku musaalaba twatuukirizibwa kutuusa ddi? A. okutuusa lw'oyonoona omulundi omulala. B. okutuusa lw'ogenda ku kkanisa. C. emirembe gyonna.
7. Soma Abaebbulaniya 10:15-17. Mu ndagaano empya Katonda asubiza kukolera ki ebibi byaffe?----------
8. Baruumi 6:1-2. Ekisa kya Katonda kisinga ebibi byaffe byonna. Olwo tweyongere okukola ebibi ekisa kiryoke kyeyongerenga okulabisiwa mu maanyi?----------
   ----
9. Soma Abaebbulaniya 9:12. Kununulwa kwa kika ki Yesu kwe ya tufunira? A. Kwa kaseera. B. Kwa kitundu. C. kwa lubeerera.
10. Soma Baruumi 8:33. Wandiika omuntu asobola okuleeta enkyukakyuka eri abalonde ba Katonda.----------
11. Soma Baruumi 8:34. Wandiika omuntu asobola okunenya abantu ba Katonda.----------
    ----
12. Soma Baruumi 8:35. Wandiika omuntu asobola okwawula omukristaayo ku kwagala okwa Katonda.----------
13. Soma Baruumi 8:31. Essommo lino ery'obuyigirizwa olimaliliza otya?----------
    ----

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Baruumi 8:38-39 – *"[38]Kubanga nkakasizza ddala nga newankubadde okufa, wadde obulamu, wadde bamalayika, wadde abafuzi, wadde ebiriwo,wadde ebigenda okujja, wadde amaanyi,[39] wadde obugulumivu, wadde okukka wansi, wadde ekitonde ekirala kyona tewali kiriyinza kutwawukanya n'okwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu mukama waffe."*

Baruumi 5:19 – " *Obujeemu bw'omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n'obuwulize bw'omuntu omu Yesu bulifuula abantu abangi okuba abatuukirivu."*

2 Bakkolinso 5:21 – *" Kubanga oyo ataamanya kibi, yamufuula okuba ekibi kulwaffe, ffe tulyoke tufune obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu Kristu Yesu."*

Bakolosayi 1:21-22 – "[21] *Edda temwali kumpi ne Katonda era ebilowoozo byammwe era n'ebikolwa byamwe ebibi bye bya bakyayisa Katonda. [22]. Naye kaakano mutabaganye ne Kristo olw'okufa kwe, abanjule yo mu maaso ga Katonda nga muli batukuvu era abataliiko bbala wadde eky'okunenyezebwa."*

Beefeso 1:6 – " *Katonda tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu mwana we omwagalwa (Yesu Kristo.)"*

Abaebbulaniya 10:14 – " *Olw'okuwayo okumu , yatuukiriza abo abatukuzibwa, emirmbe n'emirembe."*

Abaebbulaniya 10:15-17 – "*[15] Mwoyo mutukuvu naye akikakasa bwayogera nti, [16] eno y'endagaano gyendikola nabo oluvvanyuma lw'ennaku ezo bw'ayogera mukama. Nditeeka amateeka gange ku mitima gyabwe era ndiwandiika amateeka gange ku myoyo gyabwe. [17]Ayongerako kino nti sirijjukira bibi byabwe newankubadde obujeemu bwabwe.*

Baruumi 6:1-2 – "[1] *Kale tunaagamba tutya? tweyongere okwonoona olwo ekisa kya Katonda kiryoke kyeyongere?[2] Ekyo kikafuuwe, kubanga ffe abaafa eri ekibi tuyinza tutya okweyongera okukikola."*

Abaebbulaniya 9:12 – " *Teyayingira na musaayi gwa mbuzi yadde ogw'enyana naye yayingira awatukuvu w'awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusayi gwe, bwatyo yye yenyini n'atufunira obulokozi obutagwawo."*

Baruumi 8:33 – " *Ani aliloopa abalonde ba Katonda? Katonda ya gyawo omusango."*

Baruumi 8:34 – "*Ani asala omusango? Yesu yafa kyoka okusinga byona yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogw Katonda, ng'atwegayirira."*

Baruumi 8:35 – *" Ani ayinza okutwawula okuva ku Kwagala kwa Kristo? Kubonaabonaabona,* kulaba nnaku, kuyigganyizibwa, njala oba bwerere, kabi oba kitala?"

Baruumi 8:31 – " *Kale tunaayogera tutya kubintu bino? Katonda bw'abeera kulwaffe omulabe waffe y'ani."*

Eby'okuddamu.

1. Kiki ekyamatiza Pawula? **Yamatizibwa nti tewali kiyinza ku twawula ku kwagala kwa Katonda – si bulamu oba kufa, bamalayika oba emyoyo, ekiseera eky kaakati oba ekirijja, amaanyi agawaggulu oba aga wansi. Tewali kiyinza kutwawula kuva ku kwagala kwa Katonda okusangibwa mu Kristo Yesu.**
2. Bwe nali mu Bible College, nalina kakensa (polofeesa) e yampereza ekiwandiiko ekyali kigamba: " okujjibwako omusango kye kikolwa eky'amateeka Katonda w'alangirira obutuukirivu eri buli akkiriza so si **akola** obutuukirivu." Bwe n'esomera ekyawandikibwa, namatizibwa nti **okujjibwako omusango kirabo kya butuukirivu**

ekikufuula omutuukirivu mu maaso ga Katonda. Soma Baruumi 5:19 okuyita mu buwulize bwa Yesu Kristo (eky'okukuuma amateeka n'okugenda ku musaalaba). Bangi balibeera. **C. yakola obutuukirivu.**

3. Soma 2Bakkolinso 5:21. "Kubanga ya mufuula okubeera ekibi ku lwaffe oyo ataamanya kibi, tusobole **okubeera obutuukirivu bwa Katonda mu Kristo Yesu.**
4. Soma Bakolosaayi. 1:21-22. Yesu Kristo yajja kunsi n'afa ku lw'ebibi byaffe. Ku lwa kino tuyimirira mu kubeerawo kwa Katonda ng'abantu abatukuvu, abatalina nsobi, era abatalina musango mu:. **C. mu maaso ga Katonda.**
5. Beefeso 1:6. Tunaatendereza Katonda emirembe n'emirembe ku lw'ekisa kye kubanga yatuufuula **abakirizzibwa mu mwagalwa. (Yesu Kristo)**
6. Soma Abaebbulaniya 10:14. Okuyita mu Yesu ne ssaddaaka ye ey'okumusaalaba twatuukirizibwa kutuusa ddi? **C. emirembe gyonna.**
7. Soma Abaebbulaaniya 10:15-17. Mu ndagaano empya Katonda asubiza kukola ki? **Asubiiza nti talijjukira bibi byaffe nate.**
8. Baruumi 6:1-2. Ekisa kya Katonda kisinga ebibi byaffe byonna. Olwo tweyongere okukola ebibi ekisa kiryoke kyeyongerenga okulabisibwa mu maanyi? **Nedda.**
9. Soma Abaebulaniya 9:12. Kununulwa kwa kika ki Yesu kwe ya tufunira? **C. kwa lubeerera.**
10. Soma Baruumi 8:33. Ani ayinza okuloopa abalonde ba mukama? **Tewali**
11. Soma Baruumi 8:34. Wandiika omuntu asobola okunenya abantu ba Katonda. **Tewali.**
12. Soma Baruumi 8:35. Wandiika omuntu asobola okwawula omukulistaayo ku kwagala okwa Katonda. **Tewali.**
13. Soma Baruumi 8:31. Essommo lino ery'obuyigirizwa olimaliliza otya? **Katonda ali ku lwaffe.**

Omutendera 3

Essomo 12

EKIBALA EKY'OBULOKOZI. (Ekitundu ekisooka)

Bya Don Krow.

Ekikolwa eky'okukkiriza eky'omulundi ogumu kisobola "okulokola" bwekiba nga te kyeyongeddeyo? Kisobola okukendeera nekifuna ekisuubizo? Ibulaymu yakkiriza Katonda ne kimubalilwa okuba omutuukirivu. (Luberyeberye 15:6). Singa okukkiriza kwa Ibulayimu kwakoma, okumubalilako obutuukirivu kwandikomye?

Okuva mu byawandiikibwa, tukimanyi nti "okukkiriza" kutandika ng'ekikolwa eky'omulundi ogumu ekkiwedde. (*aorist tense)* naye kyeyongerayo mu bulamu obw'ekikristaayo nga bwe kilagibwa mu luyonaani *mu kiseera ekya kaakano*. Ebilagiro ebiweebwa *mu kiseera ekya kaakano* bisuubirwa okuba nga byeyongerayo, oba nga biddinganibwa, nga biteekebwa mu nkola. Singa tukozesa ebigambo *eby'ekiseera eky kakaakano,* ne tubiwa omusomi wa bayibuli, tuba tumuyamba okubeera nga agaziya okutegeera kwe okw'engero oba eboozi eza bayibuli. Ebigambo bino bye bino: **okuddingana, okweyongerayongera, ng'omuze oba empisa nga tewali kiremesa.**

Faayo nyo ku ngeri emboozi zino wamanga bwe zaakozesebwa mu lulimi Oluyonaani mu kiseera ekya kaakano.

Yokaana 3:16. **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi n'okuwaayo n'awayo omwana we omu yekka, oyo yenna amukkirizza (*ekiseera ekiriwo: akkirizza n'agenda mu maaso nga akkiriza)* mu ye aleme okuzikirira, naye abeere n'obulamu obutaggwawo.**

Abaebbulaniya 10:14 – Kubanga olw'ekiweebwayo ekyo ekimu, abaatukuzibwa yabawa obutuukirivu obw'emirembe gyona *(**ekiseera ekiriwo. Abo abaawuliddwa era ne beeyongera okwawulibwa, kuba ekiweebwayo ekimu kibatuukirizza emirembe gyonna)***

1 Yokaana 3:9. Buli azaalibwa Katonda tayonoona *(* *mukiseera ekiriwo: teyeeyongera kukola kibi ng'empisa ye, nga alaga omutima oguteenenya.)* **kubanga ensigo ya Katonda ebeerera mu ye.** (*ekiriwo: ensigo ya Katonda ebeera mu ye era neyongera okubeera mu ye) era ***tasobola kwonoona kubanga yazalibwa Katonda. (****mukiseeara ekiriwo: ng'empisa ye)*

Makko 1:15 – **Ng'agamba nti, ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda butuuse: mwenenye era mukkirize. (***ekiriwo. Kwekugamba mwenenye era mweyongerenga okwenenya bulijjo.)*

Yokaana 5:24. Ddala, ddala, mbagamba nti, oyo awulira ebigambo byange, n'akkiriza oyo eyantuma, ayina obulamu obutagwawo, era talisalirwa musango, kubanga aliba avudde mu kuzikirira ng'atuuse mu bulamu. (*mu buliwo: neyeyongeranga okukkiriza.)*

Lukka 15:7 Mu ngeri y'emu mbagamba nti mu ggulu eribayo esanyu lingi nyo ol'omwonoonyi omu eyenenyezza, okusinga ekyenda mu omwenda abatuukirivu abateetaga kwenenya. (*ekyabuliwo: neyeyongeranga mu kwenenya.)*

Bikolwa by'abatume 17:30. Edda mu biseera ebyayita Katonda yaguminkiriza obutamanya bw'omuntu ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna abali wonna okwenenya. (*ekiseera ekyakaakano, ayongera okulagira. Tweyongere okwenenya)*

Yokaana 6:47. Ddala, ddala mbagamba nti, oyo akkiriza nze alina obulamu obutaggwawo. *(ekiseera ekya kaakano: weeyongere okukkiriza.)*

Baruumi 4:5. Katonda tayinza kukusembeza olw'ebikolwa byo, Katonda aseembeza aboonoonyi olw'okukkiriza kwabwe. (*kaakano: era ab'eyongera okukkiriza).*

Bikowa by'abatume 26:20. Naye nensokera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya mwonna, n'eri ab'amawanga, nga mbategeeza beenenye bakyukire Katonda, era bakolenga ebikolwa eby'okwenenya ebisaanira. (*kaakano: beyongerenga okwenenya, beyongerenga okukyuka, beyongere okukola ebiraga okwenenya kwabwe.).*

Okumaliriza: Ekisreera ekya kaakano kikozesedwa emirundi egiwerako mu byawandiikibwa. Si kigendererwa kyange okulaga ebyawandikibwa byona ebyekusa ku ssomo lino. Amazima aga kwata ku kukkiriza okulokola gali nti kikolwa kya lutentezi oba kyeyongera yongera era nga kisomesebwa mu njigiriza eya Aminiyamu ne Kalivaani newankubadde bano bombi bava mu bifaananyi byanjawulo.

Enjigiriza ey'eki kaluviini nga y'ekakasa obukuumi obw'olubeerera, eyigiriza nti abakkiriza abeesigwa, bayinza okutagala oba okugwa, naye newankubadde kiri bwekityo banayimiriranga ne baguma mu kukkiriza okw'ekikristaayo. (1 Bakkolinso 1:8). Abo abakiririza mu bukuumi obw'olubeerera, era bakkiriza nti abakristaayo abatuufu bayita mu bulamu obw'okufa eri ekibi era ne bateeyongera mu kibi. (baruumi 6:1-3). Abo ababa baviiridde ddala ku kristo, mumazima baba balaga nti tebalokokanga. **(** 1 Yokaakana 2:19).

Enjigiriza eya Aminiyaani (**Arminian)** esomesa nti abakkiriza abesigwa, basobola okugwa okuva mu kukkiriza. Bakkiriza era ne basomesa nti abo abagwa, bafiirwa obulokozi bwabwe. Enkola yabwe tewa muntu oyo ayitibwa omukristaayo mwagaanya, kubeera mu kweyongera mu bugyemu oba okukola ebibi mu bugenderevu nga tewali na kibala kyona kiraga nti omuntu oyo asobola okwenenya.

Omutume Yokaana yagamba (*bwe tugamba nti tetulina kibi, tuba twerimba ffekka.)* (1 Yokaana 1:8), naye ate era n'agamba (*buli ekizaalibwa Katonda tekyonoona.)* (1Yokaana 3:9). Wano tulinamu okukontana, naye nga tekweyongerayo mu byawandiikibwa. Abakristaayo bonna boonoona (1 Yokaana 1:8), naye ate abakristaayo bonna bawulize (1 Yokaana 2:3). Ekibi n'omubiri bikyali mu bakristaayo, naye ekibi tekisobola kubeera mukama wabwe oba embala ey'okuweebwa ekitiibwa. (1 Yokaana 3:9). Kya mazima ekyetagisa mu kwenenya n'okukkiriza kuba kukyusa ndowooza, oba kukyuka mu mutima, kukyusa mugendo newankubadde si kutuukirizibwa. (Bikolwa by'abatume 26:18, ne 1 Yokaana 1:8). "Ekibala " kye kigezesa amazima agali mu ku kkiriza. Okukkirizza kwe kufuga empisa y'omukkiriza omutuufu, ne kuzaala ebikolwa ebikugoberera. Kino tukirabira ku by'okulabirako ebiri mu Baebbulaniya essuula 11. Mungeri endala, bye tukola biva mu byetukkiriza. Ekitabo kya Yakobo 2:18 kigamba "*ndaga okukkiriza okutaliiko bikolwa, nange na kulaga okukkiriza nga kuliko n'ebikolwa.* "

Abatume bwe boogera mungeri embi ku bikolwa, baba bategeeza “ebikolwa by’amateeka,” gamba ekintu kyonna omuntu kyakolerera okusobola okufuna obulokozi.

Ebyawandiikibwa nabyo byogera ku kibala eky’obulokozi nga bye bikolwa ebirungi oba ebikolwa eby’okukkiriza. Ebyo bye bikolwa ebiva mu kwenenya n’okukkiriza. (Bikolwa by’abatume 26:20, Matayo 3:7-10, 1 Basesolonika 1:3, Yakobo 2:14-26) bilaga ekikakasa obulokozi. Obumu obulagibwa wakati w’okwenenya n’okukkiriza buli nti byombi birina ekibala kyekimu oba ekikakasa: ebikolwa ebirungi. Tetulokolebwa lwa bikolwa birungi, naye tulokolebwa tulyoke tukole ebikolwa ebirungi, (ebizaalibwa okukkiriza). (Befeeso 2:8-10 olw’okugerageranya kw’okulokolebwa **olwa** ne **ku lwa.)** Ebikolwa bye bigezesa amazima g’okukkiriza, era ekisa ekitakoma ku bulamu bwa muntu, era ne ku bikolwa bye, tekisobola kutwalibwa kubeera kisa kya Katonda ekituufu. (Tito 2:11-12). Yesu asomesa nti abakkiriza abatuufu banaategerebwa ku bibala byabwe. (Matayo 3:8, 7:16-20,25:34-40,Yokaana 13:35, 14:23, bikolwa by’abatume 26:20, Baruumi 2:6-11, Yakobo 2:14-18, 1Yokaana 3:10)

Ebibuuzo eby’obuyigirizwa.

1. Ebiragiro ebiweebwa mu budde obwa kaakano bisuubilwa kuba naki?----------
2. Soma Yokaana 3:16. Okusinziira mu kiseera ekya kaakano mu luyonaani, Yokaana 3:16 eyogera etya?----------
3. Soma 1 Yokaana 3:9. Buli azaalibwa Katonda takola kibi. Kino kitegeeza ki? ----------
4. Lukka 15:7. Mu ggulu wabayo ki singa omwonoonyi omu yenenya?----------
5. Soma Bikolwa by’abatume 17:30. Okusinziira ku lunyiriri luno, Katonda kiki ky’alagira buli muntu yena okukola?----------
6. Soma Bikolwa by’abatume 26:20. Olunyiriri luno lwogera ki?----------
7. Soma 1 Yokaana 2:3. Kiki ekiva mu kubeera n’enkolagana ne Katonda?----------
8. Soma Yakobo 2:18. Yakobo agamba ndaga okukkiriza okutaliiko bikolwa, nange nkulage okukkiriza okuliko ki? ----------
9. Soma 1 Basesolonika 1:3. Ebikolwa ebiva mu kukkiriza bimanyidwa nga ki?----------
10. Soma bagalatiya 2:16,21. Ebikolwa eby’amateeka bye bikolwa abantu bye bakola okuso bola okufuna obulokozi, oba---------- (oluniriri 20) tebasobola kulokola.----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Yokaana 3:16 – "*Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bwatyo n'awayo omwana we omu yeka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwawo."*

1 Yokaana 3:9 – "*N'olwekyo tewali afuuka mwana wa Katonda ate ne yeyongera okukola ekibi, kubanga ensigo ya Katonda ebeera mu ye, so tayinza kukola kibi, kubanga yazaalibwa Katonda."*

Lukka 15:7 – "*Mungeri y'emu mbagamba nti mu ggulu eribaayo essanyu lingi nyo, olw'omwonoonyi omu eyenenyeza okusinga ekyenda mu omwenda abatuukirivu abateetaga kwenenya.*

Bikolwa by'abatume 17:30 –"*Edda mu biseera ebyayita, Katonda yagulumiza obutamanya bw'omuntu, ku bintu ng'ebyo, naye kaakano alagira abantu bonna buli muntu okwenenya."*

Bikolwa by'abatume 26:20 – *"Naye ne nsookera ku b'omu Damasiko, ne nzizaako ab'omu Yeerusaalemi, ne mu Buyudaya mwonna, n'eri abamawanga, nga mbategeeza beenenya bakyukire Katonda, era bakolenga ebikiolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

1 Yokaana 2:3 – *"Bwe tugondera ebilagiro bye,kye kikakasa nti tumutegeera."*

Yakobo 2:18 – *" Naye omuntu ayinza okugamba nti, gwe olina okukkiriza nange nina ebikolwa; ndaga okukkiriza kwo okutaliiko bikolwa nange nkulage okukiriza kwange okuliko ebikolwa."*

1 Basesolonika 1:3 – *" Nga tujjukiranga omulimu gwammwe ogw'okukkiriza n'okufuba okw'okwagala ,n'okuguminkiriza okw'esuubi mu mukama waffe Yesu Kristo mu maaso ga Katonda era kitaffe."*

Bagalatiya 2:16, 21 ; "*[16] Nga tukimanyi bulungi nti omuntu taweebwa butuukirivu lwa kugondera mateeka, wabula abufuna lwa kukkiriza Yesu kristo, era naffe kyetwava tukiriza Yesu Kristo tulyoke tuweebwe obutuukirivu olw'okumukkiriza so si lwa kugondera mateeka. Kubanga tewali n'omu aliweebwa obutuukirivu olw'ebikolwa eby'amateeka. [21]. Sidibya kisa kya Katonda naye oba, nga obutuukirivu buva mu mateeka, nga Kristo yafiira bwerere."*

Baruumi 2:7-10 – *" Naye oba nga obulimba bwammwe bweyongera okugulumiza Katonda, nga kiraga Katonda bwali ow'amazima, oyinza okwebuuza lwaki okyasalirwa omusango ng'omwonoonyi? [8]. Era okyayinza okwongerako nakino nti tukolenga ebibi mulyoke muveemu ebirungi, ng'abamu bwe bakuwayiriza nti, bwe tugamba. Kyoka Katonda mwenkanya, era aribasalira nga bwe kibagwanira.[9]. Bino byona bitegeeza ki? Kitegeeza nti ffe abayudaya tuli bulungi nyo okusinga abantu abalala bonna? Nedda, n'akatono. Ffenna tufugibwa kibi, nebwebaba abayudaya oba banamawanga. [10]. Ng'ebyawandikibwa bwe bigamba tewali mutuukirivu n'omu."*

Okuddamu.

1. Ebiragiro ebiweebwa mu budde obwa kaakano bisuubilwa kuba bitya? **Ekikolwa eky'okweyongera yongera.**
2. Soma Yokaana 3:16. Okusinziira mu kiseera ekya kaakano mu luyonaani, Yokaana 3:16 eyogera etya? **Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bwatyo n'awayo omu yeka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwawo. (ekiseera ekya kaakano: *akiriza nga yeyongera okukkiriza)***
3. Soma 1 Yokaana 3:9. Buli azaalibwa Katonda takola kibi. Kino kitegeeza ki? **buli azaalibwa katonda tayonoona. (*ekiseera ekya kaakano: teyeyongera kwonoona nga agifula empisa ye yye.)***
4. Lukka 15:7. Mu ggulu wabayo ki singa omwonoonyi omu yenenya? **Wabayo esanyu lingi nyo.**
5. Soma Bikolwa by'abatume 17:30. Okusinziira ku lunyiriri luno, Katonda kiki ky'alagira buli muntu yena okukola? **Buli muntu Katonda amulagira okwenenya n,okweyongeranga mu kwenenya.**
6. Soma Bikolwa by'abatume 26:20. Olunyiriri luno lwogera ki? **Naye nensookera ku b'omu Damasiko, nenzizaako ab'omu Yeerusaalemi, ne mu Buyudaya mwonna, n'er abamawanga, nga mbategeeza benenya bakyukire Katonda, era bakolenga ebikiolwa eby'okwenenya ebisaanira.**
7. Soma 1 Yokaana 2:3. Kiki ekiva mu kubeera n'enkolagana ne Katonda? **Okukola kyangamba okukola.**
8. Soma Yakobo 2:18. Yakobo agamba ndaga okukkiriza okutaliiko bikolwa, nange nkulage okukkiriza okuliko? **Ebikolwa.**
9. Soma 1 Basesolonika 1:3. Ebikolwa ebiva mu kukkiriza bimanyidwa nga ki? **Ebikolwa eby'okukkiriza.**
10. Soma bagalatiya 2:16,21. Ebikolwa eby'amateeka bye bikolwa abantu bye bakola okuso bola okufuna obulokozi, oba **obutuukirivu** (oluniriri 20) tebasobola kulokola.

Omutendra 3.

Essomo 13

EKIBALA EKY'OBULOKOZI (Ekiyundu 2)

Bya Don Krow

Genderela ekyawandiikibwa kino: "*Ku kino abaana ba Katonda n'aba setaani kwe bategeererwa. Buli akola ebitali bya butuukirivu si wa Katonda, era na buli atayagala muganda we si wa Katonda.*(1 Yokaana 3:10.) *Kuno* ***kwe tulabira*** *abaana ba Katonda…"*

Yesu yakyogera bwati *"****mulibalabira ku*** *bibala byabwe."* (Matayo 7:20). Mu byawandikibwa, Katonda ayogera ku bulokozi mu ngeri bbiri. (1) Nti obulokozi tubufuna lwa kisa okuyita mu kukkiriza. (Beefeso 2:8-9). (2) mu bikolwa ebirungi buli muntu omulokole by'alikola (Beefeso 2:10). Lwaki tutya okwogera ku kibala ky'omukkiriza? Bayibuli tekwatibwa nsonyi ku nsonga eyo. **Engeri gye tuyinza okumanya** nti tuli mu bwakabaka bwa Katonda era nti tutwalibwa ye, y'eno.

1 Yokaana 2:3-5 – [3]. *Bwe tugondera* ***ebiragiro bye, kye kikakasa nti tumutegeera. [4]. Kyoka oyo agamba nti amutegeera n'atakuuma biragiro bye, aba mulimba era si wamazima. [5]. Naye buli agondera ekiragiro kye, ddala ng'okwagala kwa Katonda kutuukiridde mu muntu oyo.*** *Era ekyo kye kitukkakasa* ***nti tuli mu ye.***

Bwoba omanyi nti mutuukirivu, **omanya nti** buli akola ekituufu, yazaalibwa ye. (1 Yokaana 2:29). (kino tekikola makulu? Embala ya Katonda ne Kristo butuukirivu, na buli muntu agabana obutuukirivu aba alaga ekikakasa embala ye (Katonda), nga Yokaana bw'agamba nti yazaalibwa ye).

1Yokaana 3:5-10 – [5]. Naye mumanyi nti yajja atwale ebibi byaffe. Era mu ye temuli kibi. [6]. Tewali n'omu abeera mu ye ayongera kwonoona. (*mu Luyonaani, kino kiri mu kiseera kya kaakano;* ***kino kitegeeza kweyongeranga, oba ekikolwa nga kya mpisa yo.*** *Omusomi wa bayibuli asobola okugaziya okutegeera kwe mu mboozi eno ng'akozesa ebigambo bino:* ***mu kweyongera yongeranga, okuddingana, n'ela n'ela, awatali kukoma, w'eyongereyo, nga okimanyidde, nga kitundu ku bulamu bwo. Tewali yeyongera kwonoona (buli kiseera) amulabye oba amumanyi. [7]. Baana bange abagalwa temukkiriza muntu yenna ku babuza. Oy'akola (****nga yeeyongeranga, nga kya lutentezi tekikoma)* ***ekituufu, mutuukirivu, nga ye bwali omutuukirivu. [8]. Oyo ey'eyongera okukola ekibi, (*** *nga muze gwe era nga ye mbala ye buli kiseera).* ***wa setaani kubanga setaani abadde ng'ayonoona okuva ku luberyeberye. Esonga lwaki omwana wa Katonda yalabisibwa , asobole okusaanyaawo emirimu gya setaani. [9]. Tewali n'omu kw'abo eya zaalibwa Katonda ayinza okweyongera okwonoona. (*** *mu kiseera kino era buli iseera: kwe kugamba nga empisa yabwe bweri, nga balaga omutima ogut'enenya.),* ***kubanga ensigo ya Katonda esigala mu ye; tasobola kweyongera kwonoona, kubanga yazalibwa Katonda. [10]. Ku kino kwe tulabira abaana ba Katonda mu ngeri y'emu n'abaana ba setaani: Buli atakola kituufu, si mwana wa Katonda; newankubadde omuntu atayagala muganda we. (****Yokaana agamba, "Kuno kwe tumanyira abaana ba Katonda mungeri y'emu n'abaana ba setaani bwe tutyo bwe tubamanya." Abo abatakola butuukirivu era abatalina kwagala baraga nti tebalina mbala ya Katonda kitaffe. Ekikakasa okuzaalibwa okujja si kikulu?"*

1 Yokaana 3:14 – "*Kubanga ffe tukimanyi* ***nti*** *twava mu kufa,* ***ne tuyingira mu bulamu kubanga twagala ab'oluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa."***

1 Yokaana 4:6 – "Ffe twava mu Katonda na buli amanyi Katonda atuwuliriza; naye buli atali wa Katonda tatuwuliriza. Wano we tutegeerera omwoyo ow'amazima n'omwoyo ow'obulimba."

1 Yokkana 4:8 – "Naye buli atalina kwagala, talina Katonda kubanga Katonda kwagala. *(okwagala ke kabonero k'omukkiriza kubanga embala ya Katonda kwagala.)"*

1 Yokaana 5:2 – "Kw'ekyo kwe tutegerera abaana ba Katonda, bwe twagala Katonda ne tukola by'atulagira okukola. *(nga tweyongera okwagala, nga tweyongera okukuuma ebilagiro bye.)"*

1 Yokaana 5:18-19 – [18]. Tumanyi nga buli muntu yenna azaalibwa Katonda, te yeeyongera kukola bubi, (*bulijjo: nga empisa ye si ya buteenenya)* **kubanga Katonda amukuuma setaani n'atamukola kabi. (***mukiseera kyona: Katonda yeeyongera yongera okumukuuma.)* [19]. **Tumanyi nga tuli mu mikono gya Katonda, n'ensi eri mu mikono gya setaani.**

LWAKI OMUTUME YOKAANA YAGABANA NAFFE EBINTU BINO BYONNA? Ebyo mbibawandikidde mmwe abakkiriza erinya ly'omwana wa Katonda, ***mulyoke mumanye*** nti mulina obulamu obutaggwawo.(1 Yokaana 5:13).

Okuwumbawumba: Obutuukirivu, obutukuvu, okwagala, ekibala eky'omwoyo wa Katonda bye bikakasa okuzaalibwa kwaffe okujja. Gwe mwene tolina bugumu nti oli wa Katonda ng'okyakola ebitali bya bwakatonda. Okiwulira nga kigukusalira, era tewali bukakafu nti oli wa Katonda. Omutume Peetero akukubiriza okukakasa okuyitibwa kwo. (2 Peetero 1:10); kakasa omutima gwo nti oli wa Katonda ddala era ng'empisa yo ekwatagana n'ejiri ey'ekitiibwa. Sigambye nti eno yengeri gye tulokoka. Ngambye kuno kwe tulabira nti tuli baana ba Katonda.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Soma Bikolwa by'abatume 8:13, 18-22. Yokaana ekisooka ayogera ku "kibala" oba ekikakasa omukkiriza omutuufu. Bino byona bikulukuta kuva ku mutima. Omutima gw'omukkiriza bwe gusangibwa nga si mutuufu, (ng'ogwa Simooni) omukkiriza akole atya?----------
2. Soma 2 Peetero 1:5-11. Kiki ekikakasa nti omuntu ali omu ku balonde ba Katonda?----------
3. Soma Matayo 25: 34-40. Birungi ki bye tulaba nga bikolebwa omukkiriza mu nyiriri zino.----------
4. Soma Yokaana 13:35. Abayigirizwa ba Yesu balabibwa ku ki?----------
5. Soma Matayo 7:21-23. Lwaki abantu bano baakyuka okuva mu bwakabaka bwa Katonda?----------
6. Soma Yokaana 14:23. Omuntu bw'aba nga ayagala Yesu, akola ki?----------

7. Soma Bikolwa by'abatume. 26:20. Olunyiriri luno lwogera ku ki?----------
---
8. Soma Yakobo 2:17. Okukkiriza kwo bwe kuba nga te kugoberedwa bikolwa birungi, olw'okwo kukkiriza nabaki?----------

Ebyawandikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Bikolwa by'abatume 8:18-22 – "[13] *Simooni, omufumu, bwe yalaba ng'abantu bafunye omwoyo omutukuvu, oluvanyuma lw'abatume okubasaako emikono,n'akwata ensimbi aziwe abatume bamuguze ku buyinza obwo.[19]. N'abagaba nti mumpe ku buyinza obwo buli gwe nnassangako emikono gyange afune Omwoyo Omutukuvu! [20]. Naye Peetero n'amugamba nti, ensimbi zo zizikirire naawe, olw'okulowooza nti ekirabo kya Katonda kiyinza okugulibwa obugulibwa n'ensimbi. [21]. Mu nsonga eno tolinamu mugabo kubanga omutima gwo si mulongoofu mu maaso ga Katonda. [22]. N'olwekyo wenenye ekikolwa ekyo ekibi, wegayirire mukama, oba oli awo Katonda ayinza okkusonyiwa ebirowoozo byo eby'obubi."*

2 Peetero 1:5-11 – "[5]. *N'olwekyo mufubenga nyo okukkiriza kwamwe mukwongerengako obulungi, ne kubulungi mwongereko okutegeera, [6] ne ku kutegeera mwongereko okw'efuganga, ne ku kwefuganga mwongereko obuguminkiriza, ne ku buguminkiriza mwongereko okutya Katonda, [7] ne ku kutya Katonda mwongereko okufaayo ku b'oluganda abalala bonna, ne ku kufaayo ku b'oluganda bonna abalala, mwongereko okwagalananga. [8]. Kubanga bwe muba n'ebyo ne byeyongera obungi, nga bibafuula baamugaso eri abalala, era ababala ebibala olw'okutegera mukama waffe Yesu Kristo. [9]. Oyo atalina ebyo muzibe wa maaso, era awunaawuna, era yelabidde bwe yanaazibwako ebibibye eby'edda [10]. Kale ab'oluganda mweyongere nga okunywerera mu kulondebwa kwamwe ne mu kuyitibwa kwamwe, kubanga bwe munakolanga bwemutyo temwesittala n'omulundi n'ogomu. [11]. Era muliyanirizibwa n'essanyu lingi nyo,mu bwakabaka bwa mukama waffe."*

Matayo 25:34-40 – "*[34] Awo kabaka n'alyoka agamba abali ku mukono gwe ogwa ddyo nti, mujje mwe kitange be yawa omukisa musikire obwakabaka obwabateekerwateekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.[35]. Kubanga nali muyala ne mundiisa, nali muyonta ne munpa eky'okunywa, nali mugenyi ne mu nyaniriza, [36] nali bwerere ne munyambaza, nali mulwadde ne munnambula, nali mu kkomera ne mujja okundaba [37] Abatuukirivu ne bamubuuza nti, mukama wafe, twakulaba ddi ng'oli muyala ne tukuliisa? Oba ng'olina enyonta ne tukuwa eky'okunywa? [38] Oba nga oli mugenyi ne tukwaniriza? Oba nga oli bwerere, ne tukwambaza?[39]. Twakulaba ddi ng'oli mulwadde oba ng'oli mu kkomera ne tukulambula? [40]. Kabaka alibaddamu nti ddala ddala mbagamba nti, bwe mwabikolera baganda bange bano, abasembayo wansi kyekimu mwabikolera nze."*

Yokaana 13:35. – *"Bwemunaayagalananga abantu bonna kwe banaabategereranga nti muli bayigirizwa bange."*

Matayo 7:21-23 – " *[21] Si bonna abampita nti mukama waffe, mukama waffe, be baliyingira obwakabaka obw'omu ggulu, wabula abo bokka abakola ebyo kitange ali mu ggulu bya yagala[22]. Ku lunaku luli bangi balingamba nti, mukama waffe mukama waffe, twayogera nga eby'obunabbi mu linya ryo, ne tugoba ne ba ddayimooni mu linya ryo,ne tukola eby'amager*

bingi mu linya ryo. [23]. Ndi bagamba nti sibamanyi, muve mu maaso gange mwe abaakolanga eby'obujeemu."

Yokaana 14:23 –" *Yesu n'addamu nti omuntu yenna ajagala an'agonderanga ekigambo kyange, era nze ne kitange tunaabera mu ye era tuna tuulanga mu ye."*

Bikolwa by'abatume 26:20 –*"Naye nensookera ku b'omu Damasiko, nenzizaako ab'omu Yeerusaalemi, ne mu Buyudaya mwonna, n'er abamawanga, nga mbategeeza benenya bakyukire Katonda, era bakolenga ebikiolwa eby'okwenenya ebisaanira."*

Yakobo 2:17 – *"N'olwekyo, n'okukkiriza bwekutyo; bwe kutabaako bikolwa kuba kufu."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Bikolwa by'abatume 8:13, 18-22. Yokaana ekisooka ayogera ku "kibala" oba ekikakasa omukkiriza omutuufu. Bino byona bikulukuta kuva ku mutima. Omutima gw'omukkiriza bwe gusangibwa nga si mutuufu, (ng'ogwa simooni) omukkiriza akole atya? **Yenenye ebibibye asabe Katonda ekilowoozo ky'omutima gwe kisonyiyibwe.**
2. Soma 2 Peetero 1:5-11. Kiki ekikakasa nti omuntu ali omu ku balonde ba Katonda? **Okukkiriza kwabwe ba kugobereza n'ebikolwa eby'omwoyo, ye mbala ey'omwoyo.**
3. Soma Matayo 25: 34-40. Birungi ki bye tulaba nga bikolebwa omukkiriza mu nyiriri zino? **Ebikolwa ebizaalibwa okukkiriza, nga okuwa emmere abayala, okufa ku bantu abalala,abatalina kya kwambala ne tubawa, okufa ku balwadde, okukyalira abasibe mu kkomera, n'ebirara.**
4. Soma Yokaana 13:35. Abayigirizwa ba Yesu balabibwa ku ki? **Balabibwa ku kwagala kwe balaga abalala.**
5. Soma Matayo 7:21-23. Lwaki abantu bano baakyuka okuva mu bwakabaka bwa Katonda? **Baali bakozi ba bibi. Mu luyonaana mu kiseera ekya kaakano kiraga nti kyali mu mpisa yabwe okwonoona. Yesu yagamba teyabamanya. Baali abantu banaddiini abataalina mutima gukyuka, endowooza ekyuka eba kyusa okudda eri Katonda.**
6. Soma Yokaana 14:23. Omuntu bw'aba nga ayagala Yesu, akola ki? **Akuuma ebigambo bye oba akola by'agamba.**
7. Soma Bikolwa by'abatume. 26:20. Olunyiriri luno lwogera ku ki? **kakasa okwenenya kwo n'ebikolwa.**
8. Soma Yakobo 2:17. Okukkiriza kwo bwe kuba nga tekuliiko bikolwa birungi, olw'okwo kukkiriza nabaki? **Kuba kufu, okutalokola.**

Omutendera 3
Essomo 14

OKUYITIBWA ERI OBUYIGIRIZWA.

Bya Andrew Wommack.

Olwaleero tugenda kwogera ku kubeera omuyigirizwa n'egeri y'okufuula mu abantu abalala abayigirizwa. Njagala okkujjukiza nti ekiragiro mukama kye yatuwa si kukyusa bukyusa, si kugamba bantu kwatula bwatuzi nti Yesu ye Mukama wabwe, era n'okusonyibwa ebibi, naye ku bafuula bayigirizwa. Newankubadde nga ebyo ebibiri ebisoose bikulu, era si binyooma n'akatono. Ekigendererwa kyenyini kirina okusukkuluma ku kulokoka obulokosi ne kigendera ddala paka ku kukula. Ekigendererwa ky'omukristaayo, afuuse omuyigirizwa, alina okugenda naye afuule abantu abalala abayigirizwa.

Yesu yatugamba, tugende tufuule abantu abayigirizwa, bakule, nabo basobole okufuula abantu abalala abayigirizwa. Ekkanisa yaffe eya leero kino tekikoze. Obuvunaanyizibwa obw'okufuula abantu abayigirizwa tubuwadde be tuyita abaawule oba abawereza. Tulina ababuulizi b'enjiri abatambula nga bakola enkugaana ez'enjiri ez'amanyi, ne tulaba enkumi z'aantu nga baatula obulokozi. Newankubadde ng'abamu mu butuufu tebalokose, naye nga bakyamuukiridde bukyamuukirizi, nkikakasa nti waliwo abantu ababa balokokedde ddala era nga balina enkolagana ne mukama. Ebiseera ebisinga eky'okufuula abantu bano abayigirizwa tekiteekeddwako sira, ng'ate eyo si y'engeri Katonda gye yagenderera.

Kino nkigeraageranya ku muntu ayagala abaana abato. Tekiba kya buvunaanyizibwa n'akatono omuntu okubeera n'omwana omuto, n'akyamuka nyo kuba amulina, naye nga ky'ayagala kwe kulaba ng,azadde. Bw'ozaala omwana, olina okulaba nti omulabirira, twala obuvunaanyizibwa okumutendeka n'okumukuza. Tugamba abantu, "ekintu ekikulu kwe kulaba ng'abantu balokoka, nga baatula Yesu nga mukama w'obulamu bwabwe." Ekyo bwe kimala okubaawo ne tubaatuuza ne tubagamba, " Kati oli mulokore, kkiriza Katonda, soma bayibuli, era buli kimu kijja kuba bulungi." Ekyo Katonda si ky'assaako essira.

Olwa kino, tuzadde abantu bangi, nga bangi ku bbo balina mu mitima gyabwe kye bawulira nga baliyagadde okubaako kye bakolera Katonda, naye nga bato. (nga ba kibboggwe.) tebasobola kuzaaza kukkiriza kwabwe kubanga tebalina bwino abayamba. Mu kifo ky'okubeera abajulirwa ba Yesu abalungi, bafuuka bajulirwa babi. Ekigendererwa kye kwe kulaba nga tugenda eri abantu, tubafuule abayigirizwa abakuziddwa obulungi era mu bujjuvu, nga basobola okuzaaza okukkiriza kwabwe mu balala.

Singa obaako omuntu omu gw'oleeta eri Kristo buli luvanyuma lwa myezi mukaaga, ne mweyawula , n'obayigiriza okutuuka ku ssa ery'okubeera abakristaayo abakuze, abasobola okuzaaza okukkiriza kwabwe, oluvanyuma lw'emyezi mukaga wajja kubaawo

abakristaayo babiri bokka. Kati singa buli omu ku mwe aleetayo omuntu omu eri Kristo, ne mweyawula ne mubayigiriza okumala emyezi mukaaga, mujja kuba n'abakristayo bana oluvanyuma lw'omwaka. Kino toyinza kukigeraageranya ku muntu abulira enjiri abantu lukumi ne balokokera ku likungaana lw'ejiri. Abantu abasinga bayinza okugamba, "wewaawo enkola eno ey'obuyigirizwa ereese abantu bana bokka okumala omwaka mulamba, so ng'ate enkola eri endala (eya kkuluseedi) ereese abalokose lukumi. Tulina kugenda n'eri ereese abangi." Omuntu ono aleese abantu olukumi eri Kristu, ayinza okuba nga aleese 35,000 eri Kristu. Ekyo kilungi era tewali n'omu asobola ku kigaya, naye lilinga tondo lya mazzi mu kalobo okusinziira ku muwendo gw'abantu abali munsi yonna. Ekkanisa olwaleero bwetyo bw'ebadde ekola.

Bwe tu teeka essira ku buyigirizwa, omuntu aleeta omuntu omu eri Kristo buli luva nyuma lwa myezi mukaaga, ababiri abo ne bakola kye kimu, ekitono mu myaka nga kumi n'ebiri baba babuulidde ejiri eri abantu abasing omuwendo gw'abantu oguli munsi yonna. Abantu abamu balowooza nti ekyo tekisoboka, kankusoomooze nawe gezaako okukibalabalamu. Nze nkikubisizzaamu ne nkizuula nga ekitono mu myaka nga kumi n'ebiri kitundu ,nga omuntu omu ayigiriza omulala, buli mmyezi mukaaga, nga babafuula abantu ba Kristo abazaala abayigirizwa, bayinza okubuulira enjiri eri abantu obuwumbi butaano n'ekitundu okusinga bali e kkumi n'ababiri n'ekitundu ekikozesa enkola eri endala.

Singa tukusanga mu kifo w'otaafunira buwanguzi na kukula weka, naye nga walina okuyayana okugenda okuleeta abalala eri Kristo, n'omala ofuuka omutendesi mukifo ky'okutendekebwa, bino bye bimu ku bintu ebiyinza okubaawo singa omuntu asalawo okutambulira kw'ekyo ky'afunye mu ndowooza ye, n'agoberera mukama okutuusa nga akuze,n'atandika okuyigiriza abalala. Kino singa okikola ku muntu omu buli mwaka, kitegeeza nti oluvanyma lw'omwaka muja kuba ggwe n'oyo gwe wayigiriza − babiri. Oluvanyuma lw'emyaka ebiri, muja kuba bana.naye bwe weyongera okukigoberera oluva nyuma lw'emyaka kkumi muja kuba abantu 1024 abayigirizibwa ne muzaala abakristaayo abalala. Bwe mweyongerayo n'enkola eno, buli omu ku mmwe akola bwati, mu myaka kkumi n'ebiri mujja kuba mu kakadde kamu ak'abantu. Ekyo kya manyi. Eno ye nkola ey'okukubisaamu mukama waffe gye yanyweza − kugenda tufuule abalala abayigirizwa, so si kukyusa bukyusa bantu. Eyo y'enkola ekyasingidde ddala mu kugaziya obwakabaka, nga tutuukirira abantu, naye endowoza zaffe ziri ku kwanguyiriza.

Bantu bameka abagenda ku nkugaana z'ejiri ggaggadde, ne bakola obweyamo, ne baatula nti bakristaayo, naye nga bakyalina obusungu, obukaawu n'obujja ne bafuuka abajulizi ababi? Bwe tuba twagala okukola ebibalo by'abantu bameka abakyuse ne bava ku njiri, oluva nyuma lw'okubaako gwe balaba eyayatula nti mukristaayo, ne bagamba nti, *nze nenkananka n'oyo omunnanfuusi gwendaba mu kkanisa. Seetaga bulokozi.*

Ensonga enkulu eri nti obuyigirizwa ye nkola Katonda gye yateekawo mwe tulina okubuulirira enjiri mu nsi yona. Amazima tegakuwa ddembe okutuusa nga weeyongedde okwenyika mu kigambo. (Yokaana 8:31-32). Ekyo Katonda kyayagaza buli muntu, basobole okulaba obujjuvu bwe, naye era ye nkola ey'okubuulira enjiri gye yateekawo.

Buli eyasalawo nti eyo si y'ekola ey'okukikola mu, olwo nga awanyisizzaamu eri enkola endala wabula tekoze.
Kwekusaba kwange leero Katonda ayogere naawe ebigambo bino mu mutima gwo, akulage obukulu bw'obuyigirizwa. Nkukubiriza ogende mu maaso, ofuuke omuyigirizwa w'abantu abalala.

Ebibuuzo eby'obuyigirizwa.

1. Kiyinza okwewuunysa okuwulira nti Yesu teyayita muntu n'omu kubeera "mukristaayo" naye okuyita kwe kwali kwa bantu kufuuka "bayigirizwa." Kebera okuva mu byawandiikibwa (Matayo, Makko,Lukka ne mu Yokaana.), era ku lupapula olw'ejawulo, zuula era owandiike olukalala lw'ebyawandikibwa nga bwosobola ebilaga nga abantu bayiitibwa kuyigiriza.

2. Mu kitabo kya Bikolwa by'abatume, abantu tebayitibwa kwaniriza "bakulistaayo," naye okuyitibwa kwabwe kwali kwa kufuuka "bayigirizwa". Kebera mu kitabo ky'e bikolwa by'abatume owandiike olukalala lw'ebyawandikibwa ebilaga abantu abaayitibwa mu buyigirizwa.

3. Mu byawandikibwa ekigambo "bayigirizwa" kikozesebwa emirundi egiwera 273. Mu bayibuli yona ekigambo "bakristaayo" ki kozesebwa emirundi 3. Wandiika emirundi gino esatu gye kiwandiikiddwa ku lupapula.

4. Soma Matayo 10:25. Okusinziila ku lunyiriri luno omuyigirizwa yani?

5. Soma Lukka 14:26. Okubeera omuyigirizwa wa Yesu kitegeeza kwewaayo awatali kakwakulizo kona ku lw'obulamu bw'omuntu omu. Kituufu oba kikyamu.

6. Soma Lukka 14:33. Mu mbeera ezimu, okubeera omuyigirizwa wa Yesu kyali kitegeeza kulekawo bibyo n'obuulira Yesu yekka okusooka. Kituufu oba si kituufu?

7. Soma Matayo 19:29. Buli muntu alese enyumba ye, maama we, muganda we, mwanyina, omwana we, ettaka lye ku lwa Yesu , anaafuna kikumi ku kikumi obungi era an'asikira obwa kabaka bwa Katonda. Kituufu oba kikyamu?

8. Soma Bikolwa by'abatume 14:22. Abayigirizwa baalina okweyongeranga mu kukkiriza. Kituufu oba kikyamu.

9. Soma Abaebbulaniya 10:14. Okusoomoozebwa abantu abamu kwe basanga mu byawandiikibwa ebikakasa obuyigirizwa kwe kuno nti okubeera "omukristaayo" tekyetaaga kufuba (kifunibwa lwa kisa), naye okubeera "omuyigirizwa" kyetaagisa saddaaka era n'okwewayo. Ekituufu kiri nti okununulibwa Kristo kyali tekitwetagisa

kufuba; kyatuukirizibwa era tekyetaagisa kufuba kwaffe, naye okuyitibwa kwaffe eri Kristo kwali kwabulamu bwaffe bwonna. Kituufu oba nedda?

10. Soma Bikolwa by'abatume. Kristo bwe ya yita abakkiriza, okuyitibwa kwabwe kwali kwa ngeri biri, abamu okubeera abakristaayo basigale mu mubiri, ate abalala okubeera abayigirizwa. Mu butuufu abakristaayo baali batekedwa kuba kye kimu. Kituufu oba kikyamu?

11. Soma Matayo 28:19. Omulimu Yesu gwe yatuma abakiriza gwali A. kufuula bayigiriza. B. kubakyusa bonna.

12. Soma Matayo 28:20. Abakiriza balina okuyigiriza abalala buli kilagiro Yesu kye yabawa. Kituufu oba kikyamu?

13. Soma Yokaana 1:12. Yesu yawayo ebirungi bye byonna (okusonyiyibwa, okujjibwako omusango, n'ebirara), naye n'atagyawo mutu we. Kituufu oba kikyamu?

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa.

Matayo 10:25 – "*Kirungi omuyigirizwa okubeera nga amuyigiriza, n'omuddu okubeera nga mukama we. Oba nga nanyinimu ayitibwa beeruzabuli, tekisingawo nyo ku b'omu nju ye."*

Lukka 14:26 – *"Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe, oba nyina oba mukyala we n'abana be oba baganda be oba banyina, tayinzenga kuba muyigirizwa wange."*

Lukka 14:33 – *"Kale buli muntu ku mmwe ateefiiriza byona byalina, tayinza kuba muyigirizwa wange.*"

Matayo 19:29 – *"Na buli muntu yenna eyaleka ennyumba ye oba baganda be, oba ttaka lye olw'erinya lyange aliweebwa okwenkana emirundi kikumi, era alisikira obulamu obutaggwawo."*

Bikolwa by'abatume. 14:22. – *" Ne babuulirira abakkiriza nga babakubiriza banywerere mu kukkiriza, era ne babagamba nti, kitugwanidde okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda nga tuyita mu bibonoobono ebingi"*

Abaebulaniya 10:14. – *"Kubanga olw'ekiweewayo ekimu yabatuukiriza abo abatukuzibwa emirembe n'emirembe."*

Bikolwa by'abatume 11:26 – *"Bwe yamulaba n'amuleeta mu Antiyokiya okumala omwaka mulamba nga bakolera wamu n'ekkanisayaayo, ne bayigiriza abantu banji nyo. Wano mu Antiyokiya abayigirizwa we baasokera okuyitibwa abkristaayo."*

Matayo 28:19 – *"Kale mugende mufuule abantu bonna munsi yonna abayigirizwa, nga mubabatiza mu linya lya Kitaffe, n'Omwana era n'Omwoyo omutukuvu.*
Matayo 28:20. – "*Era mubayigirize okugondera byona bye nabalagira mmwe era laba ndi wamu nammwe okutuusa emirembe gino lwe giriggwawo."*

Yokaana 1:12 – *"Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda; abo be bakkiriza erinya lye."*

Eby'okuddamu

1. Kiyinza okwewuunysa okuwulira nti Yesu te yayita muntu n'omu kubeera "mukulistaayo" naye okuyita kwe kwali kwa bantu kufuuka "bayigirizwa." Kebera okuva mu byawandikibwa (Matayo, Makko,Lukka ne mu Yokaana.), era ku lupapula olw'ejawulo, zuula era owandiike olukalala lw'ebyawandikibwa nga bwosobola ebilaga nga abantu bayiitibwa kuyigiriza.

2. Mu kitabo kya Bikolwa by'abatume, abantu tebaayitibwa kwaniriza "bakristaayo," naye okuyitibwa kwabwe kwali kwa kufuuka "bayigirizwa". Kebera mu kitabo ky'e bikolwa by'abatume owandiike olukalala lw'ebyawandikibwa ebilaga abantu abaayitibwa mu buyigirizwa.

3. Mu byawandiikibwa ekigambo "bayigirizwa" kikozesebwa emirundi egiwera 273. Mu bayibuli yona ekigambo "bakristaayo" ki kozesebwa emirundi 3. Wandiika emirundi gino esatu ku lupapula emirundi esatu gye kiwandiikiddwa. **Bikolwa by'abatume 11:26, bikolwa by'abatume 26:28, 1 Peetero 4:16.**

4. Soma Matayo 10:25. Okusinziila ku lunyiriri luno omuyigirizwa yani? **Omuyigirizwa ye muntu afuuka ng'omusomesa we bwali.**

5. Soma Lukka 14:26. Okubeera omuyigirizwa wa Yesu kitegeeza kwewaayo awatali kakwakulizo kona ku lw'obulamu bw'omuntu omu. Kituufu oba kikyamu.
   Kituufu.
6. Soma Lukka 14:33. Mu mbeera ezimu, okubeera omuyigirizwa wa Yesu kyali kitegeeza kulekawo bibyo n,obuulira Yesu yekka okusooka. Kiyuufu oba si kituufu?
   Kituufu.
7. Soma Matayo 19:29. Buli muntu alese enyumba ye, maama we, muganda we, mwanyina, omwana we, ettaka lye ku lwa Yesu , anaafuna kikumi ku kikumi obungi era an'asikira obwakabaka bwa Katonda. Kituufu oba kikyamu? **Kituufu.**

8. Soma Bikolwa by'abatume 14:22. Abayigirizwa balina okweyongeranga mu kukkiriza. Kituufu oba kikyamu. **Kituufu.**

9. Soma Abaebulaniya 10:14. Okusoomoozebwa abantu abamu kwe basanga mu byawandiikibwa ebikakasa obuyigirizwa kwe kuno nti okubeera “omukristaayo” te kyetaaga kufuba (kifunibwa lwa kisa), naye okubeera “omuyigirizwa” kyetaagisa saddaaka era n’okwewayo. Ekituufu kiri nti okununulibwa Kristo kyali te kitwetagisa kufuba; kyatuukirizibwa era te kyetaagisa kufuba kwaffe, naye okuyitibwa kwaffe eri Kristo kwali kwabulamu bwaffe bwonna. Kituufu oba nedda? **Kituufu.**

10. Soma Bikolwa by’abatume. Kristo bwe ya yita abakkriza, okuyitibwa kwabwe kwali kwa ngeri biri, abamu okubeera abakristaayo basigale mu mubiri, ate abalala okubeera abayigirizwa. Mu butuufu abakristaayo baali batekedwa kuba kye kimu. Kituufu oba kikyamu? **Kituufu.**

11. Soma Matayo 28:19. Omulimu Yesu gwe yatuma abakiriza gwali **A. kufuula bayigiriza.**

12. Soma Matayo 28:20. Abakkiriza balina okuyigiriza abalala buli kilagiro Yesu kye yabawa. Kituufu oba kikyamu? **Kituufu.**

13. Soma Yokaana 1:12. Yesu yawayo ebirungi bye byonna (okusonyiyibwa, okujjibwako omusango, n’ebirara), naye n’atagyawo mutu we. Kituufu oba kikyamu? **Kituufu.**

Omutendera 3

Essomo15

ENGERI GY'OKOZESAAMU OBUJULIZI BWO.

Bya Don Krow.

Olwaleero njagala kwogera gyoli ku nkozesa y'obujulizi bwo. Bikolwa by'abatume 5:42 egamba, "*Awo ne bayigirizanga mu yeekaalu buli lunaku, ne mu maka g'abantu , nga bayigiriza era nga babuulira Yesu Kristo."* Kimanye nti abayigirizwa b'ekkanisa eyasooka baasisinkaniranga mu yekaalu buli lunaku, era nga bava nyumba ku nyumba, nga beeyongeranga okuyigiriza n'okubuulira ku Yesu Kristo. Abantu bangi bakiwulira nga si kya bulijjo, oba si kya buntu okugenda okusisinkana abantu mu nkola eya nju ku nju. Njagala okugabana ku bimu ku bintu bye tuyize okuva mu kufuluma ng'enziji z'obuyigirizwa zigguddwawo, era nga tulaba abantu nga balokoka, nga badda eri Kristo.

Si kikalubo nyo nga gwe bw'ozze owulila nga bakugamba, era ekimu ku bintu bye neetegerezza mu byawandikibwa kiri nti Omutume Pawulo yakozesa obujulizi obumukwatako emirundi esatu nga ayogera n'abatanaba kulokoka. Mu Bikolwa by'abatume 9:22 ne 26, yawa obujulizi bwe, obumanyirivu bwe n'ebyamutuukako nga ayogera eri abatanaba kulokoka. Emu ku nkola gye tuzudde mu kutuusa obubaka obukwata ku Yesu Kristo eri abantu abalala eyitibwa "omugendo gw'okusaba." Tugenda ku lujji, ne tukonkona ne tubagamba, "tuli mu kitundu kino, tusabira bantu. Tukkiriza nti Katonda awulira era addamu essaala era tetumanyi oba mulina ebizibu mu maka gammwe — oba mu bulamu bwamwe, oba ebizibu eby'ejawulo − nga mwaliyagadde tubasabireko." Olumu nga bagamba "kale wewaawo, nina ekizibu" emirundi emilala nga tebakiwulilamu mirembe oba nebakyaniriza nga bagamba, "nedda tetulina kye twetaaga kusabira ssawa eno." Olwo ne tutandika okubawa obujulizi obutukwatako.

Mbagamba bwenti," ndaba mulina abaana. Nange nina abana basatu era bange. Nga 14 omwezi ogwekkumi n'ebiri,1981, abaana bange abawala abalongo lwe baazalibwa. Omulongo ow'okubiri n'abuuka (n'afa)." Ne baddamu, " bambi nga kitalo, mawulire mabi." Ne mbaddamu, "si kyamanyi. Kambabuulire kiki ekyabawo." Nentadika okubabuulira olugero lwona. Omulongo owokubiri eyali alina okuzaalibwa yali kasowole kwe kugamba yazaalibwa nga ebigere bye bisoose okufuluma. Omukka gw'assa naye ne gumuggwako bwatyo naye nabuuka kwe kugamba naye yazaalibwa afudde.

Omuzaalisa yamukwata, n'amukuba nyo empi nga bweyasobola, n'amunyiga nyiga amawugwe oba oli awo yandibaamu n'amazi mu mawuggwe, n'akola buli kye yakola naye n'alemererwa. Natunula nga taata omulala yenna bwe yalitunudde. Muwala wange afudde − kati ngenda kukola ntya? Mukiseera kino ngamba abantu abali ku mulyango, " njagala okubabuuza waliwo omuntu mu mwe eyali asomye enyo bayibuli?" ne bagamba " kale nali njisomyeko akatono" oba oluusi "nedda si nyo." Ne nyinyola, "ensonga lwaki mbuuza, kubanga Bayibuli egamba mu Bikolwa

by'abatume 10:38 nti Yesu yatambulanga ng'akola bulungi, ng'awonya buli muntu omulwadde, na buli abaali banyigirizibwa setaani, kubanga Katonda yali naye. Ngenda kubabuulira ekyatuukawo. Osobola okukitwala oba okukileka nga bwe kiba kizze gyoli, naye omwana wange yali afudde era nga kye ndowoozaako z'enteekateeka z'okumuziika enkeera." Nalowooza munda mu nze *nkyayagala okumuwambaatira.* Bwe nali nga ngenda okumunona, waaliwo okuwuuma kw'omubi ku mwana wange, bayibuli ky'eyita omwyo omubi. Gwannumba ne gunsanyalaza nga sikyasobola kutambula. Amangu ago ekyo bwe kyabawo, ne ngamba, "mu linya lya Yesu Kristo, nkulagira gwe omwoyo omubi, nti vva ku mwana ono, era ndagira obulamu okujja mu mwana ono mu linya lya Yesu." Omwana oy'omu eyali tassa, yadde omuka ogwasooka nga yali tanagussa, nassa omulundi gumu n'alekerawo okussa. Nenziramu ne ngamba , "mu linya lya Yesu Kristo, gwe omwoyo omubi vva ku mwana ono kati kati, era obulamubwe bukomewo!" ku mulundi guno n'abaka omukka emirundi egiwera era teyakoma paka na kati.

Ne mpita erinya ly'omuntu gwe njogera naye ne mugamba, "omanyi, oluvanyuma lw'akaseera ka ddakiika nga ssatu ng'omuntu talina mukka gwa bulamu ku bwongo, aba ng'alina ekikyamu ku bwongo. Muwala wange mu buli ngeri mulamu bulungi. Twamutuuma Vita nga mu Lulattini kitegeeza "Bulamu," kubanga twayagala okwogera kw'ekyo Katonda kye yali akoze mu bulamu bwe. Yakomyawo obulamu bwe. Neeyongera okusoma Bayibuli okuva kw'olwo paka na kati era ne neeyongera okukizuula: Ng'omwoyo omubi bwe gwali ku mwana wange, waliyo obwakabaka bw'ekizikiza, obuyinza bwa setaani n'obu fuzi bwe, era waliwo obwakabaka bw'omwana wa Katonda omwagalwa.

"Yesu bwe yajja ku nsi, yatandika okukoowoola abantu bave mu kizikiza bayingire mu bwakabaka bwe nga bayita mu kwenenya era ne mu kumukkiriza− basonyiyibwe ebibi byabwe era bamugoberere. Simanyi kyokkiriza naye nkubuulira kiki ekyatuuka mu maka gange ne ku bulamu bwange. Njagala ku kugambira ddala ensonga etuleese wano ku luggi lwo. Yesu yatugamba tubafuule abayigirizwa. Nkizudde nti abantu bangi tebafuna budde kugenda mu kkanisa, abamu baba tebaagala kugenda yo. Bwoba olina ekibuuzo eyo tososbola kuwanika mukono n'ogamba, ' musumba, (oba Kabona) ky'oyogedde kitegeeza ki?' Kale no eno y'ensonga lwaki tujja awakaawo. Mu ddakiika kkumi tuba tulina ekigambo kya Katonda ekijjuvu kyetuba tugabanye. Olwo netudda mu byawandiikibwa ne tubuuza ebibuuzo okukakasa nti fenna tutegedde. Mu butuufu tuba tuwanyisiganya bulungi ebigambo. Tuba tetubuulira njiri eri bantu bano oba okubagamba bayibuli ky'egamba, naye tuba tubayamba basobole okuzuula kiki kye kigamba mu ngeri ey'okubuza ebibuuzo.

"Ekyo kyalikunyumidde? Kale tugenda kuteekateeka ekiseera gwe kyosobola okubeerawo, tujje wano awakawo, twogere nawe, tubeeko n'essomo lye tukuwa. Bwotabako ky'oyiga mu ssomo erisooka, nga terikuyambye, terikuzimbye, era nga terikwongerayo, togenda kuddamu kutulabako. Tetuli wano kukuteganya, osobole okwegatta ku kkanisa oba ku kitongole oba ekifaananako ng'ebyo. Tuli wano okkugamba kiki Yesu kye yakukolera, era n'okukuyamba osobole okutuuka ku kwetegeerera ekigambo kya Katonda. Waliwo ebintu bingi nyo mu Bayibuli bye tutamanyi oba bye tutategeerera ddala, naye tuzze wano okukuwa essomo

etonotono. Ekyo walikyagadde?" abantu bangi bagabye, "wewaawo, naalikyagadde." Kati olwo tuteekateeka ekiseera ne tugenda mu maka gaabwe ne tubasomesa amasomo g'obuyigirizwa. Tetugendayo kukola kyebayita "okubuulira enjiri ey'okubakyamuukiriza" nti tubakwate, tubadiseemu esaala ey'amangu awo, nga tebamanyi na kyebakola. Tugoberera amasomo g'obuyigirizwa, ne tubayamba okutegeera Kristo era n'okukomererwa kwe.

Nagamba omusumba ku masomo gaffe ag'obuyigirizwa, n'ambuuza "Don kiki ekibaawo oluvanyuma lw'essomo erisooka?" Oluvanyuma lw'essomo erisooka omuntu ategeera kiki kyalina okukola okusobola okwewayo eri Yesu era n'okufuna okusaasirwa n'okusonyiyibwa kw'agaba. Tetuli ku waasiwaasi (akakyamuukiriro) wa ba kitunzi. Eyo si yengeri gye tutuukiriramu abantu,wabula tusooka ne tuyita mu ssomo erisooka, olwo ne balyoka bategeera kyebalina okukola okuva ku mutima gwabwe. N'addamu n'abuza, " Kale kiki ekibaawo oluvanyuma lw'okuyita mu ssomo ery'ekkumi n'ettaano?" ne mugamba, "oluvanyuma lw'essomo 15, ng'omuntu asigadde naffe, aba yeenenyeza ebibi bye, n'abatizibwa mu mazzi amangi, n'abatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kino tukiraba nga kibaawo nga tukyali ku ssomo lya 6 nga tetunaba na kutuuka ku lya 15."

Mu Matayo 28, Yesu yatugamba tugende mu mawanga gonna tubafuule abayigirizwa, wakati awo tubabatize mu linya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Wakati mu kuyigiriza, abantu tubaleetera okutegeera Yesu Kristo eyakomererelwa ku musaalaba ku lw'abo abamukkiriza. Mu ku batuusa ku kutegeera buli wiiki, tuzimba enkolagana nabo, era ne tuba baamukwano gyebali. Batandika okutwagala era ne batwesiga. Tubatuusaako ekigambo kya Katonda, so si kujja kubabuulira bubuulizi njiri. Tusoma ebyawandikibwa, era ne tuubaleka nabo ne beesomera ekigamba kya Katonda, era ne tubabuuza ebibuuzo nga tubakkiriza okuzuula eby'okuddamu nga babijja mu kigambo kya Katonda ku lwabwe. Wiiki ku wiiki tuzze tulaba ng'abantu batuuka ku ssa ery'okubeera nti baatula Kristo kubanga baba bamanyi kiki kyekiteegeza , okumukkiriza, okumugoberera, era n'okwewayo gyali. Kino kyawukana nyo n'embulira y'ejiri abantu abasinga gye babuuliramu olwaleero.

Engeri gye tutuukirira abantu abaabula okusooka tuyita mu kubawa bujulizi. Era buli omu kuffe alina obujulizi. Emirundi mingi tuwandiika obutabo obutukwatako. Nze nawandiika, "Okufa kwa muwala wange." Nga kino kyembera ngamba abantu bensisinkana mu maka gaabwe. Abantu abalala betubeera nabo mu kuyigiriza, bawandiise obutabo nga "omuddu eyaweebwa eddembe" aka Joe Rose, eyali yasibwa mu kunywa omwenge n'ebilagalalagala. "Okufa kw'omwoyo gw'enjaga," aka Rocky Forry, eyali yasibwa mu kunywa enjaga naye Yesu n'amusumulula okuva mw'ekyo. Obujulizi buno tubuwa abantu be tusisinkana mu maka gaabwe.

Abantu abamu bagamba, " Naye nze sirina bujulizi bwa maanyi. Saalaba ku mwana azuukira oluvanyuma lw'eddakiika munaana." Nkizudde nti abantu bangi tebalina bujulizi bulinga nga obwo. Oyinza okuba n'obujulizi nga obwa Andrew Wommack eyalina amaanyi ga Katonda agaamubeezawo okuva nga muto, agamukuuma nga tayonoona, nga akkiriza, ate nga abantu

basinga kutawana na kya butatya Katonda. Bwe twatandika ekibiina kyaffe eky'obuyigirizwa, ne tutandika okutuukirira abantu, Joe Rose yakozesa obujulizi bwange. Oluvanyuma yabuwa n'okusinga nze, kale nali siyinza kugamba nti owange, Joe, genda mu maaso obagambe ekyantuukako.

Pawulo omutume bw'aba nga yakozesa obujulizi emirundi esatu mu ndagaano empya ng'atuukirira abaabula, nawe okisobola. Tulina ebyuma bi kalimagezi olwaleero nga kuliko pologulaamu nyingi: Wadi Pafekit, mayikulo sofuti waadi n'ebirara. Kiba kyangu okukola akatabo k'obujulizi bwo mu bwangu. Kikubeerera kyangu okugamba, "kino saakigula mu dduuka lya Bayibuli. Kyengabana namwe kyantuukako era nakilaba."

Bwoba oyagala okweyongera okulaba omutwe guno, genda ku mutimbagano, okebere ku www.krowtracts.com olabe obubaka obuliko. "ebikwata ku kugabana okukkiriza kwo." Wandiika obujulizi obukukwaatako, bera nga obwogerako mu bantu ate osome. " ebikwata ku kugabana okukkiriza kwo," kikulu nyo okukisoma ko – si kusomamu busomi – nga bw'ofuluma okubuulira enjiri mu mawanga, ng'obulira muntu ku muntu. Katonda abawe omukisa.

Ebibuuzo by'obuyigirizwa.

1. Soma Makko 16:15. Ani alina okubuulirwa enjiri?----------
   ----
2. Soma Matayo 28:19-20. Ani arina okuyigirizibwa?----------
   ----
3. Soma Bikolwa by'abatume 8:5, 16:13-15,23, 20:20-21. Okubuulira enjiri kwali ludda wa?----------
4. Soma Makko 4:11-12. Okulokoka okutuufu bwe kuba nga tekunabaawo omuntu atekedwa A. kulaba. B. kufuna, C. kuwulira, D. kutegeera E. kukola byona ebiri wagulu.
5. Soma Bikolwa by'abtume 28:23-24. Pawulo bwe yayogera eri abantu n'abawa obujulizi obukwata ku Yesu Kristo, ekyo yakikola emirundi emeka okusobola okukakasa abantu ku biki Yesu by'ayagala bakole. ----------
6. Soma Bikolwa by'abatume 16:14. Omuntu bw'addira ddala eri Kristo kiki ekirina okubaawo?----------
7. Soma Bikolwa by'abatume 2:37. Kiki ekibaawo singa omutima gw'omuntu guguddwawo era n'amatizibwa?----------
8. Soma Bikolwa by'abatume, 16: 31, 2:38. Olwo omuntu alina kukola atya?----------
   ----
9. Soma Bikolwa by'abatume2:42 ne yokaana 8:31-32. Olwo omuntu alina kukola atya?----
   ----
10. Soma Baruumi 10:14-15. Mu byawandiikibwa bisatu, omuntu ajja atya eri Kristo?---------
    ----

Ebyawandiikibwa eby'okukozesa mu bibuuzo.

Makko 16:15 – " *N'abagamba nti mugende munsi yona mubuulire enjiri eri abantu bonna."*

Matayo 28:19-20 – " *[19] Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza okuyita mu linya lya Kitaffe, n'Omwana era n'Omwoyo Omutukuvu.[20] Nga mubayigiriza okugoberera ebyo bye nabalagira : era laba , ndi wamu namwe okutuusa ensi lw'eliggwawo."*

Bikolwa by'abatume 8:5,26 – " *[5] Awo Firipo n'agenda mu kimu ku bibuga kya Samaliya n'abulira abantu Kristo. [26]. Awo malayika wa mukama n'agamba Firipo nti kwata ekkubo eriraga mu bukiika dyo eriva mu Yeerusaalemi nga liyita mu ddungu okugenda e Ggaaza."*

Biikolwa by'abatume 20:20-21 – *"[20] Naye saalekayo kubabuulira bituufu, eby'okubayamba, bwetwabanga tukungaanye oba bwe najja nga mu maka gamwe. [21] Nga ntegeeza Abayudaaya, n'abayonaani, okwenenya bade eri Katonda, n'okuba n'okukkiriza mukama waffe Yesu Kristo."*

Makko 4:11-12 – *" [11] Yesu n'abagamba nti mmwe muweeredwa omukisa okumanya ekifa ku bwakabaka bwa Katonda, ekyakisibwa abantu abalala abali ebweru wabwo. [12]. Balababulabi naye nga tebeetegereza era n'okuwulira bawulira naye tebategeera. Si kulwa nga bakyuka ne basonyiyibwa."*

Bikolwa by'abatume 28:23-24 – *"[23]. Awo ne bategeka olunaku era k'olwo abantu ne bajja banji mu kifo we yasulanga. N'abanyonyola nga ajulira obwakabaka bwa Katonda, n'abategeezaku Yesu nga byona ebyesigamye ku mateeka ga Musa ne ku bannabbi. Yatandika kunkya n'amala akawungezi. [24]. Abamu ne bakkiriza bye yayogera, naye abalala ne batakkirza."*

Bikolwa by'abatume 16:14 – *" Omu ku bakazi abo erinya lye nga ye Lidiya yali musuubuzi wa ngoye ez'effulungu nga abeera mu kibuga ekya Suwatira."*

Bikolwa by'abatume 2:37 – *" Awo bwe baawulira ebigambo ebyo, emitima ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti aboluganda kiki kye tusaanidde okukola?"*

Bikolwa by'abatume 16:31 – *" Ne bamugamba nti kiriza mukama waffe Yesu olokolebwe gwe n'abomunyumbayo bonna."*

Bikolwa by'abatume 2:38 – *"Peetero n'abagamba nti, mwenenye buli omu ku mwe abatizibwe mu linya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo namwe mujja kufuna ekirabo eky'omwoyo omutukuvu."*

Bikolwa by'abatume 2:42 – *" Nebanyiikiranga okuyigirizibwa kw'abatume ne mu kussa ekimu, ne mukumenya omugaati era ne mu kusaba."*

Yokaana 8:31-32 – "[31*] Awo Yesu n'agamba abayudaaya abaamukkiriza nti bwe munywerera ku kigambo kyange, muba bayigirizwa banga ddala.[32] Era mulimanya amazima era n'amazima galibafuula ba ddembe."*

Baruumi 10:14-15 – *" [14] Kale balikoowola batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali ababuulira? [15] Era balibuulira batya nga tewali abatumye? Ekyawandikibwa nga bwe kigamba nti ebigere by'abo ababuulira amawulira amalungi nga birungi."*

Eby'okuddamu.

1. Soma Makko 16:15. Ani alina okubuulirwa enjiri? **Buli kitonde, buli muntu.**
2. Soma Matayo 28:19-20. Ani arina okuyigirizibwa? **Abantu ba amawanga gonna.**
3. Soma Bikolwa by'abatume 8:5, 16:13-15,23, 20:20-21. Okubuulira enjiri kwali ludda wa? **Mu bibuga, mu malungu, ku mbalama z'emiga, mu lujjudde lw'abantu, era ne nju ku nju.**
4. Soma Makko 4:11-12. Okulokoka okutuufu bwe kuba nga tekunabaawo omuntu alina kukola. **E. Kukola byona ebiri wagulu.**
5. Soma Bikolwa by'abtume 28:23-24. Pawulo bwe ya yogera eri abantu n'abawa obujulizi obukwata ku Yesu Kristo, ekyo yakikola emirundi emeka okusobola okukakasa abantu ku biki Yesu by'ayagala bakole.? **Okuva kumakya okutuuka ekawungeezi, ze ssaawa nga mukaaga paka ku munaana.**
6. Soma Bikolwa by'abatume 16:14. Omuntu bw'addira ddala eri Kristo kiki ekirina okubaawo? **Omutimagwe gwona aguwa mukama.**
7. Soma Bikolwa by'abatume 2:37. Kiki ekibaawo singa omutima gw'omuntu guguddwawo era n'amatizibwa? **Bwe bafaayo beebuza tunaakola tutya?**
8. Soma Bikolwa by'abatume, 16: 31, 2:38. Olwo omuntu alina kukola atya? **Mwenenye mukirize mukama Yesu Kristo era obatizibwe.**
9. Soma Bikolwa by'abatume2:42 ne yokaana 8:31-32. Olwo omuntu alina kukola atya? **Weyongere mu njigiriza y'omutume. Weyongere okyiga ebigambo bya Yesu era obikole.**
10. Soma Baruumi 10:14-15. Mu byawandiikibwa bisatu, omuntu ajja atya eri Kristo? **Waliwo atumibwa,waliwo abuulirwa, kubanga bawulira enjiri ya Yesu, basobola okukkiriza. Kubanga bakkiriza bakoowoola erinya lya Yesu balokolebwe.**

Omutendera 3

Essomo 16

OKUKOZESA EBIRABO BYA BULI MUNTU OKUYIGIRIZA.

Bya Don Krow.

Olwaleero twagala okwogera ku kukozesa ebirabo bya buli muntu okuyigiriza. Bisobola okukozesebwa. Tumaze emyezi mingi nga tukozesa enteekateeka eno ey'obuyigirizwa era ne kitukolera nyo nga tulaba obulamu bw'abantu bukyusibwa nga balokoka, nga babatizibwa mu mwoyo omutukuvu era ne mu mazzi. Lumu nali njogera ne mukwano gwange ne mugamba, " tulina byetusubwa − byonooneka." N'agamba, " Mbadde ndowooza nti buli kimu kitambula bulungi. Kiki ky'otegeeza?"

Kyengenda okugabana naawe ye ngeri y'okufuula ekkanisa ey'omunda − abantu mwe batuula obutuuzi, ne bawuliriza omusumba, ne bamala ne bagenda eka − okufuuka e kkanisa ey'ebweru we batuukira okusukkuluma ku bisenge ebina ekizimbe ky'ekanisa bye kirina. Kino kye kibalo kyenyini: abakristaayo bali 95% abataleeta nga muntu n'omu eri Kristo ate 90% ye njiri ey'obulokozi ebuulirwa abalokole. Mu kizimbe eky'ekkanisa mwe musinga okubeera enjiri eyobulokozi. Tubuulira enjiri mu masomo ga sande ne mu bifo ebitukuvu. Engeri gye tubuuliramu ebizimbe enjiri oyinza okulowoza ekanisa yeetaga okukyuka.

Kyagendera ddala okutuusa mu kyasa eky'okusatu, wansi wa Konstantine, amakanisa ne gatandikibwa. Okuva olwo, nga okunoonya abaabula kugenda mumaaso, ekanisa yeekwese emabega w'ebizimbe by'ekanisa. Kati twagala okwogera ku kufuluma okusukka ku bisenge ebyo, tufuule ekkanisa ey'omunda okuba ekkanisa ey'ebweru. Mu bibalo, waliwo abantu 0.5 ku kikumi abafuluma ebweru w'ekkanisa oba ebizimbe. Olwaleero mu Amerika tewaliwo kifo kirina nteekateeka ya kufuluma kunoonya baabula. Okufuluma okuva ne tuyigiriza era ne tubuulira abantu abali ebweru w'ebizimbe by'amakanisa gaffe, kitundu ku bukristaayo ekyetagisa okuzuula.

Awo mu nkyukakyuka ezo, Martin Luther yaleeta okubikulirwa kw'okujjibwako omusango okuyita mu kukkiriza eri ekkanisa. Mu myaka gya 1800 okubuulila ebibinja by'abantu kwaleetebwa omubuulizi w'ejiri ayitibwa John Wesley. Naye kilabika nga eky'okubulira muntu-ku-muntu era n'okuyigiriza tekizeemu kuzuulibwa okuva ku mulemba gw'abatume. Oyinza okugamba, " simanyi ngeriki." Okuyita mu nteekateeka eno tujja kukulaga engeri gye kikolebwa − kyangu nyo. Tugenda kukulaga engeri gye kiri ekyangu okukola n'abantu ate era n'okusisinkana abantu abapya mu maka gabwe nga oyita mu bujulizi. Kino kyenjagala okutunuulira kati. Gano gemawulire amalungi.

Oyinza otya okwagala okukola obukozi ky'oyagala okukola, so si omulala ky'ayagala okole (nga mu mazima toyagala kukikola) naye nga kyoyagala okukola? Ekyo kyetwogerako kati.

Bwendaga abantu engeri okubuulira enjiri okw'ekiyigirizwa bwe kukola, nga ngamba, "labayo kino kye tuli mu kukola: Tukoma ku bulamu bwa bantu. Balokolebwa, bazaalibwa omulundi ogw'okubiri, bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era babatizibwa mu mazzi amangi." Abantu bagmba, " Ekyo kyamanyi!" naye singa ngamba " Kaakati ani ku mmwe ayagala okugenda nange," wayinza okubaawo abantu nga basatu mu mmwe ku bibiri, kubanga abalala batya oba tebamanyi ngeriki gye kikolebwamu. Oba singa ngamba, "Kati mukyelabire. Temukyelaliikirira; temwetaaga kutya. Tugenda kufuluma tuteeketeeke amasomo ga Bayibuli, tubategekere amasomo g'obuyigirizwa." Bameka abaliyagadde okusomesa? Wasobola okubaawo abasukka mu kkumi oba kumi na babiri abagamba, "wewaawo, njagala okusomesa." Naye tekiyinza kusukkawo awo.

Kye twagala okukulaga y'engeri buli kirabo ekiri ku mubiri gwa Kristo gye kiyinza okukozesbwa, okutuukirira abaabula, okubaagala era n'okubayigiriza. Kitwala buli kirabo ate ebirabo ebyo bisangibwa mu mubiri gwa Kristo, nga ye kkanisa eya bulijjo. Abamu ku mwe mugamba, "Njagala kunsabira okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu, okuwona, n'ebintu ebiringa ebyo." Wewaawo mu buyigirizwa bwaffe waliwo ekiseera mwe tuyinza okuyitira olw'omugaso ogwo. Abalala bagamba, "Nze ekyo sikisobola," naye osobola okuteekateeka ekyokulya? Osobola okusidika kaadi? Osobola okubaako gw'okubira essimu? Osobola okusiiga langi ku kisenge? Osobola okulabilira omwana w'oyo gwetugenze okuyigiriza mu ssawa emu ng'atuwuliriza wabweru we nyumba ye? Olina ebintu by'osobola okukola? Ate okubaako gw'osabira? Abamu ku mwe mwayitibwa okusaba. Tugenda ku kulaga abantu be tuweerezaamu, tukuwe amanya gaabwe obeere nga obawaayo mu kusaba, ng'oli wekka oba ng'oli ne banno, obasabire era osabire ne banaffe abafuluma okugenda okuyigiriza buli wiiki.

Waliwo omwaganya eri buli muntu okusobola okutuukirira abantu abalala, okubayigiriza. Tulina enteekateeka y'okulaba nga buli muntu abaako kyakola. Tuzimbye tiimu y'abasomesa n'ababaddirira obafuluma okugenda okukola obuyigirizwa mungeri oyo nga baweereza. Ate newabaawo abantu abalala abayimirira mu buweereza obw'okuyamba, ne babavaako emabega okubaako bye bakola ebikwatibwako nga okugabula emmere, okufuumba, oba okukuba essimu okulaba ebintu nga bwe bitambula. Ate tulina n'abantu abatusabira nga tuli mu buweereza.

Omanyi kye tulaba wano? Tulaba Katonda ng'akyusa obulamu bw'abantu, kubanga balabirirwa era bafiibwako, kubanga okwagala kwe kubalagidwa. Omanyi omuntu akola omulimu guno ogw'obuwereza? Kikolebwa abo abateekedwa okukikola − abantu. Beefeso 4:11 egamba, omutume, omusumba, omubuulizi era n'omusomesa baawebwa olw'okutuukiriza abatukuvu basobole okukola omulimu gw'obuweereza. Ekkanisa ekola omulimu gw'obuwereza, nga si oyo yekka ali mu maaso ayitibwa "omusumba." Omusumba bw'asomesa abantu n'abawa emirimu egy'okukola, ne bafuluma ne bagikola, okwo kuba kusenvula.

Kambeeko kyenkulaga. Singa tuggulawo olutalo ku ggwanga eddala, omukulembeze wafe n'agamba, "tufiiridwa abasajja baffe bangi, n'ensonga eyo nze olutalo nduvuddemu, nsindise abasirikale bange abakulu basobole okulwana." Abantu abalala mu nsi baja kutusekerera era

ekyo kyekiriwo. Setaani atusekerera kubanga tusindise bali abakulu mu ddwaniro, obuweereza obutaano bu bikole byona. “Ka babikole− tubasabira babikole.” Tulemeredwa okuyimusa egye. Katonda ayagala okukuza egye eryo, era buli muntu n’ekirabo kye asobola okubaako kyakola mu kubuulira enjiri eno ey’ekiyigirizwa.

Twageda okuyamba mu kuzimba egye, nga tulina buli kyakulwanyisa eky’obuyigirizwa − si wano woka mu kibuga kyaffe − naye nga tugenda mu nsi yonna. Kisobola okukolebwa okuyita mw’abo be tutendese, mu masomo g’obuyigirizewa getutegese, nabuli nteekateeka Katonda gyaba atuwadde.

Mukama abawe omukisa nga buli omu avayo okukozesa ekirabo kye okusobola okutuuka eri ababula, eri abakkiriza abato, n’okukuuma ebiragiro bya Yesu na ddala okuyigiriza amawanga gonna.

Ebibuuzo by’obuyigirizwa.

1. Bino wamanga by’ebilaga engeri gye tuteeka abantu awamu ne bagenda okubuulira, okuyigiriza, era n’okutuukirira abo abaabula. Ekibiina ky’ekkanisayo kisobola okwaniriza abantu bano. Singa weeyongera okufaayo, okukozesa ebirabo byo mu buweereza, ososbola okubaako gw’oleeta mu bwakabaka era ne basobola okukula amangu. Luno lwe lukalala lw’ebibuuzo wamanga, lw’osobola okubuuza banakkanisa. Awo otegeke ebibinja ebisobola okufaayo.

   Kino kyenyumirwa okukola:

   - Okusisinkana abantu abajja mu maka gaabwe.
   - Okusomesa amasomo g’obuyigirizwa.
   - Okusaba: nga nsabira abantu abaabula n’ekibinja ekibuulira enjiri era n’okuyigiriza.
   - Okuwa emmere n’ebintu ebilala eri abeetaaga.
   - Okukyalila abantu abalala mungeri ey’okubakubira ku ssimu.
   - Okubuulira enjiri ey’okusaasira oba ey’ekisa: okuteekateeka eky’okulya, okuwereza kaada, okuyamba mu ngeri yonna gy’ossobola.
   - Okukolera awamu ne ba maama abali bokka n’abana babwe.
   - Okuteekawo entambula egenda ku kkanisa, n’ebilala.
   - Ekilala: njagala ----------
2. Laba ekyokulabirako wa manga ekiraga ekiwandiiko ekikozesebwa oluvanyuma lw’okusomesa omuntu amasomo g’obuyigirizwa. Enteekateeka eno elaga abasumba oba omuntu yenna ali mu buyinza, amasomo bwegenkana omuntu g’aba asomye, n’ebivuddemu oluvanyuma lw’okusoma.

Ekiwandiiko ekilondoola ebivudde mu masomo g'obuyigirizwa.

Enaku z'omwezi ez'okukyalilamu oba essomo.

Abantu abasomesa essomo:

Amanya g'abantu abakyalidwa:

Ekifo awakoledwa omulimu:

Essmo elisomesedwa:

Ngeri ki okuyigirizibwa kuna gye kwatambudde.----------

---

3. Soma Bikolwa by'abatume 1:22. Bwe tuwulira obuwulizi ekigambo kya Katonda naye ne tutakikola tuba tukozeeki?----------
4. Soma Matayo 7:24-27. Okusobola okubeera omusajja omugezi, toteekedwa kuwulila buwulizi bigambo bya Yesu, naye kiki kye tuteekedwa okukola?----------
---
5. Soma Beefeso 4:11-14. Ani alina okukola omulimu gw'obuweereza?----------
---
6. Soma Bikolwa by'abatume 8:1,4. Ani yagenda buli wamu ng'abulira ekigambo?----------
---
7. Soma Bikolwa by'abatume 8: 1,4. Ani ataagenda buli wamu ng'abuulira ekigambo?-------
---
8. Soma Bikolwa by'abatume 11: 19-22. Mu kanisa eyasooka ey'endagaano empya, abakkiriza baakola omulimu gw'obuwereza, era gwalondoolwa obuwereza obw'abatume era n'ebiragiro. Mu kkanisa ya leero obukulembeze bwe butandika ebintu awo abakkiriza ne bagoberera. Bikolwa by'abatume 11:19-22. Ekakasa etya esonga eno?------
---
---
9. Soma Bakkolinso 12:14-18. Buli kitundu ku mubiri gwa Kristo kya mugaso. Tetulina kwegerageranya ku balala. Naye wabula okweweerayo ddala eri Kristo, si kukola buli kimu naye kukola ekyo Katonda ky'akuwadde okukola. Obubaka bw'ofunye mu ssomo lino ogenda kubukolera ki?----------
---

Ebyawandikibwa eb'okukozesa mu bibuuzo.

Yakobo 1:22 – *"Mubeerenga abakozi b'ekigambo so si abakiwulira ne batakikola nga mwerimbarimba."*

Matayo 7:24-27 – "*[24] N'olwekyo buli awulira ebigambo byange, n'abikola alifaananyizibwa nga omusajja ow'amagezi eyazimba enyumbaye ku lwazi.[25] enkuba n'etonya, emmiga negikulukuta, omuyaga negujja nebikuba enju eyo naye n'etegwa kubanga yazimbibwa ku lwazi.[26] Naye buli awulila ebigambo byange n'atabikola, alifaananyizibwa ng'omusajja omusisiru eyazimba aju ye mu musenyu.[27]. Enkuba n'etonya, emigga ne gikulukuta, omuyaga ne gujja nebikuba enyumba eyo n'egwa n'okugwa kwayo kwali Kunene."*

Beefeso 4:11-12 – "*[11]. Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba abbuulizi b'ejiri, n'abalala okuba abasumba. [12]. Ekyo yakikola olw'okutuukiriza abatukuvu ba Katonda, olw'omulimu gw'obuwereza, okuzimba omubiri gwa Kristo."*

Bikolwa by'abatume 8:1,4 – "[1]. *Sawuulo yali omu kw'abo abaawagira okutibwa kwa Siteefano. Era ku lunaku olwo okuyigganya ekkanisa nekutandika n'amaanyi mangi nyo mu Yeerusalemi. Abakkiriza bonna okujjako abatume ne basasanira mu Buyudaaya ne mu Samaliya. [4]. Naye abakkiriza abaddukira mu Yeerusaalemi ne bagenda nga babuulira enjiri ya Yesu Kristo."*

Bikolwa by'abatume 11:19-22 – "*Awo abakkiriza abadduka okuva mu Yeerusaalemi mu kuyiganyizibwa okwaddirira okuttibwa kwa Siteefano, ne basaasaana ne batuuka ne mu bifo nga Foyiniiko ne Kupulo, ne Antiyookiya, ne babuulira enjiri, naye nga babuulira bayudaaya bokka.[20]. Naye abamu ku bakkiriza abaagenda mu Antiyokiya nga bava e Kupulo,n'eKuleene ne babuulira abayonaani ku mukama waffe Yesu. [21]. Awo omukono gwa mukama ne gubeera wamu nabo, Abaamawanga baji ne bakkiriza nebakyuka okudda eri mukama. [22]. Awo ab'omu kkanisa y'omu Yeerusaalemi bwe baawulira ebyo nebatuma Balunabba mu antiyookiya ayambe abakkiriza.*

1 Bakkolinso 12:14-18 – "*[14]. Kubanga omubiri tegulina kitundu kimu, naye gulina ebitundu bingi. [15]. Singa ekigere kigamba nti nze siri mukono, n'olwekyo siri kitundu kya mubiri, ekyo tekikifuula butaba kitundu kya mubiri.[16]. Era singa okutu kugamba nti nze siri liiso, n'olwekyo siri kitundu kya mubiri, ekyo kikigyako okubeera ekitundu eky'omubiri? [17]. Kale singa omubiri gwona gwali liiso, olwo okuwulira kwalibadde wa? Era singa omubiri gwnna gwali matu olwo okuwunyiriza kwandibaddewa?[18]. Naye kaakano, Katonda yakola ebitundu bingi eby'ejawulo n'alyoka abifuula omubiri gwaffe nga bweyagala."*

Eby'okuddamu.

1. Bino wamanga by'ebilaga engeri gye tuteeka abantu awamu ne bagenda okubuulira, okuyigiriza, era n'okutuukirira abo abaabula. Ekibiina ky'ekkanisayo kisobola okwaniriza abantu bano. Singa weeyongera okufaayo, okukozesa ebirabobyo mu buweereza, ososbola okubaako gw'oleeta mu bwakabaka era ne basobola okukula amangu. Luno lwe lukalala lw'ebibuuzo wamanga, lw'osobola okubuuza banakkanisa. Awo otegeke ebibinja ebisobola okufaayo.

Kino kyenyumirwa okukola:

- Okusisinkana abantu abapya mu maka gaabwe.
- Okusomesa amasomo g'obuyigirizwa.
- Okusaba: nga nsabira abantu abaabula n'ekibinja ekibuulira enjiri era n'okuyigiriza.
- Okuwa emmere n'ebintu ebilala eri abeetaaga.
- Okukyalila abantu abalala mungeri ey'okubakubila essimu.
- Okubuulira enjiri ey'okusaasila oba ey'ekisa: okuteekateeka eky'okulya, okuwereza kaada, okuyamba mu ngeri yonna gy'ossobola.
- Okukolela awamu ne ba maama abali bokka n'abana babwe.
- Okuteekawo entambula egenda ku kkanisa, n'ebilala.
- Ekilala: njagala ----------

2. Laba ekyokulabirako wa manga ekiraga ekiwandiiko ekikozesebwa oluvanyuma lw'okusomesa omuntu amasomo g'obuyigirizwa. Enteekateeka eno elaga abasumba oba omuntu yenna ali mu buyinza, amasomo bwegenkana omuntu g'aba asomye, n'ebivuddemu oluvanyuma lw'okusoma.

Ekiwandiiko ekilondoola ebivudde mu masomo g'obuyigirizwa.

Enaku z'omwezi ez'okukyalilamu oba essomo.

Abantu abasomesa essomo:

Amanya g'abantu abakyalidwa:

Ekifo awakoledwa omulimu:

Essmo elisomesedwa:

Ngeri ki okuyigirizibwa kuna bwe kwatambudde.----------

---

3. Soma Bikolwa by'abatume 1:22. Bwe tuwulira obuwulizi ekigambo kya Katonda naye ne tutakikola tuba tukozeeki? **Twerinbye ffekka.**

4. Soma Matayo 7:24-27. Okusobola okubeera omusajja omugezi, toteekedwa kuwulila buwulizi bigambo bya Yesu, naye kiki kye tuteekedwa okukola? **Tuteekwa okubikola.**

5. Soma Beefeso 4:11-14. Ani alina okukola omulimu gw'obuweereza? **Abatukuvu so si akabinja k'abantu abamu abayitibwa abawule.**

6. Soma Bikolwa by'abatume 8:1,4. Ani yagenda buli wamu ng'abulira ekigambo? **Abakkiriza abaali basaasaanye.**

7. Soma Bikolwa by'abatume 8: 1,4. Ani ataagenda buli wamu ng'abuulira ekigambo? **Abatume. Ku kino kwetulabira nti ekkanisa eyasooka mu ndagaano empya, beebaali bavunanyizibwa ku kubuulira enjiri era n'okuyigiriza.**

8. Soma Bikolwa by'abatume 11: 19-22. Mu kkanisa eyasooka ey'endagaano empya, abakkiriza baakola omulimu gw'obuwereza, era gwalondoolwa obuwereza obw'abatume era n'ebiragiro. Mu kkanisa ya leero obukulembeze bwe butandika ebintu awo abakkiriza ne bagoberera. Bikolwa by'abatume 11:19-22. Ekakasa etya esonga eno? **Ekkanisa yawulira ku mboozi y'abakiriza abapya, ne basindika Balunabba abayambe. (olw 22.)**

9. Soma Bakkolinso 12:14-18. Buli kitundu ku mubiri gwa Kristo kya mugaso. Tetulina kwegerageranya ku balala. Naye wabula okweweerayo ddala eri Kristo, si kukola buli kimu naye kukola ekyo katonda ky'akuwadde okukola. Obubaka bw'ofunye mu ssomo lino ogenda kubukolera ki? **nga nkiteeka mu nkola ,ne ngenda nenkozesa ekilabo kyange okuyamba abala.**